

# Okukola Yesu Byeyakola

Okuwerereza Mu Maanyi ag'Omwoyo Omutukuvu

John ne Sonja Decker

# OKUKOLA YESU BYEYAKOLA

## Okuwerereza Mu Maanyi ag'Omwoyo Omutukuvu

JOHN NE SONJA DECKER
OKUKOLA YESU BYEYAKOLA

# OKUKOLA
# YESU
# BYEYAKOLA

Okukola Yesu Byeyakola ekya John ne Sonja Decker
Kyafuluzimiibwa Foursquare Missions Press

Ekitabo kino oba ekitundu kukyo tebirina kukopebwa mungeri yonna, okufulumizibwa, oba okusasanyizibwa mungeri yonna okuyita ku mikutu—egy'ebyuuma bikalimagezi, ebikuba ebitabo, okw'okebwaamu, okukwatibwa ku katambi, oba mungeri endala yonna—nga tofunye lukusa okuva ku yakifulumya okujjako nga amateeka ga America agafuga obwananyini.

Okujjako nga kiragiddwa ebyawandikibwa byonna bijjiddwa mu Baibuli ey'olulimi oluganda, Obwananyini © 1968, United Bible Societies.

Ekitabo kino mu lungereza kyasooka kufulumizibwa Christ's Ambassadors International mu Bend Oregon, USA, abakirinako obwananyini mu © 2003, 2005, ISBN 0-9728621-0-2.

Ekitabo kivunuddwa Moses Lubega
Ne kigatibwagatibwa Brent Earwicker
Ekisabika kyayiyizibwa  Caleb Brown

Okukivunula n'okukigatagata byakolebwa twegase ne Bold Ventures (www.boldventures.global) wamu ne Island Leadership Network (www.islandleadership.net)

Christ's Ambassadors International ab'omu Bend Oregon, USA be bananyi kyo. Obwananyini © 2017. Obwananyini babwesigaliza.

Kyalira ekibanja kyaabwe ku www.ministrytraining.org

Wade nga omuwandiisi agezezaako okukuwa endagiriro entuufu ey'ssimu n'emikutu ku yintanet ekitabo kino nga kifulumizibwa, omuwandiisi wamu ne kakifulumya tebavunanyizibwa ku nsobi yonna oba enkyukakyuuka eyinza okuvamu nga kimaze okukubibwa.

Kyasooka kukubibwa mu United States of America.

# *Ebirimunda:*

Okwanirizibwa
Ebigambo Ebikwaniriza
Ennyanjula
1. Okukulembera abantu okutuuka ku Kristo
2. Okukulembera abalokole mu kubatizibwa mu Mwoyo Omutukuvu
3. Okuyiga okuwonya abalwadde
4. Okuwulira eddoboozi lya Katonda
5. Okuwonya abalwadde nga bw'okibikkuliddwa
6. Okwaŋŋaŋŋa Dayimooni
7. Bwetuva wano tuddawa wa?
Akasembayo A: Engeri y'okutandikamu ekifo awatendekerwa abawereza
Akasembayo B: Tuteeke mu nkola Yesu bye yakola
Abawereza bye balina okukola ko
Ebiwandiiko

# *Okwanirizibwa*

EKITABO KINO kyaniriza abakristayo bonna okuyiga okutambulira ku daala ery'ebitali byabulijjo Yesu bye yagamba byetulina okutambuliramu. Kitegeeza okuyiga enkola mukaaga ezo'buwereza, Yesu zeyalaga okusobola okutekawo okuyigirizibwa okutuufu. Yagamba tulina okukola byeyakola okusobola okulaba byeyakola. Twaniriza abakiriza munsi yonna okwegata ku ggye erikyagaziwa ery'abawereza abavumu abewaddeyo okukiriza okulaba eby'amagero ebinalabisibwa. Tukubiriza abakristaayo okuyiga okuteeka ebintu mu nkola y'obuwereza nga bbo ssikinoomu ebinabayamba okubayingiza ku ntiko y'okukungaanya abantu okusembayo wamu n'okudda kwa Yesu Kristo okw'okubiri. Okukuguka kwetujja okwogerako okw'emirundi omukaaga kwe kuno:

- Okukulembera abantu okutuuka ku Kristo
- Okukulembera abalokole mu kubatizibwa mu Mwoyo Omutukuvu
- Okuyiga okuwonya abalwadde
- Okuwulira eddoboozi lya Katonda
- Okuwonya abantu nga bw'okibikkuliddwa
- Okugoba dayimooni

Ekitabo kino kigenderedwaamu okuyamba abakristaayo okukola ebyo Yesu byeyagamba nti balikola, nga ogasseeko n'ebyamagero. Ennono zaffe, amagezi, ne bye twakutirwa byonna tubizingidde mu by'awandikibwa ebiyitirivu. Oluvanyuma lwa buli kyawandikiibwa, waliwo okusabibwa okusa mu nkola ekigambo kya Katonda. Bino bigenderedwa okutuyamba okukola Yesu kyayagala tukole. Abawandiisi banokoddeyo ebintu ebikuku okukatiriza engeririna okwekebejjebwaamu n'obwegendereza.

> Naye mubeerenga bakozi ba kigambo, so si bawulizi buwulizi, nga mwerimbalimba. Kubanga omuntu yenna bw'aba omuwulizi w'ekigambo, so nga si mukozi, oyo afaanana ng'omuntu eyeeraba amaaso ag'obuzaaliranwa bwe mu ndabirwamu: kubanga yeeraba n'agenda, amangu ago ne yeerabira bw'afaananye. Naye atunula mu mateeka amatuukirivu ag'eddembe n'anyiikiriramu, nga si muwulizi eyeerabira naye mukozi akola, oyo anaaweebwanga omukisa mu kukola kwe.
>
> —YAKOBO 1:22-25

Obutumwa bwabuli mukristaayo bulina kubeera kuteeka mu nkola ebyo ebyawandikibwa bye bimugamba okukola. Eky'awandikibwa kino kigamba tujja kuweebwa omukisa bwe tukola ekyo ekigambo kya Katonda kyekitugamba. Omulimu gwaffe mu kitabo kino kwe kukubiriza abakiriza obutawulira kigambo kyokka, wabula n'okukikola bakikole.

—John ne Sonja Decker
Bend, Oregon

# *Ebigambo Ebikwaniriza*

NDUNDDE okusoma ekitabo bwekiti--- kino kiseeseza mu bujumbize bwange mu ngeri biri. Ekisooka, okwagala ennyo Yesu okugenda ebuziba n'ekyokubiri, okuwereza obulamu bwe, okumwagala, n'amaanyi mungeri ensukulumu. Bwokakwata mu ngalo zo kalabika nga akatabo akasunsule ake nonno z'obulamu bwe ndagaano empya, wabula nga ate ye manduso ekuyingiza mu kutambulira mu bulamu obwo - okubeera mu bulamu obujjuvu Kristo bwe yajja okukubisa muffe: sosi okubutuletere obuletezi.

Waliwo ebintu bisatu ebifuula ekitabo kino okubeera nga kirina okusomebwa buli muntu atwala ekirabo ky'okwagala Katonda kyeyatuweera mu Kristo nga kikulu. Kikwata ku nsibuko, omutima, wamu n'ekigendelerwa ky'Omulokozi n'entekateeka ye eri ababe – entekateeka y'okubunya ekyo kyeyakola mu bantu okubasobozeseza okukola ebintu nga ye bye yakola. Mu bimpimpi, ekitabo kikino kilubilira okutukiriza okwekubisibwaamu kwa Yesu Kristo mu meeme yo, okuyita mu mikono gyo era n'edoboozi lyo. Kikwata ku Kigambo okufuuka omubiri – sosi mu Mwana wa Katonda mwokka, ebyaasa amakumi abiri ebiyise byokka, wabula ne mu bulamu obw'abulijjo obw'abaana ab'obulenzi n'abobuwala abazaliddwa mu kyaasa ky'abiri mu ekimu. Ku nsibuko ya byonna, ekiri mu njiri bwe bulokozi obujjuvu – amaanyi agalokola agataandikira mu kirabo eky'okusonyiyibwa wamu n'obulamu obutagwaawo – amaanyi agakulukuta bulijjo agasumululwa okuyita mu kuffa kwa Yesu Kristo ku musalaba, kye tugulumiza awatali kukwatibwa nsonyi (laba Abaruumi 1:6) Ge maanyi agakyuusa omuntu, agakulukusa obulamu mu mubiri gw'omuntu, ne gazaaza ebirowoozo n'okuwulira okutuufu okujjuvu negalyooka gakoleeza amaanyi okufuuka ekyo kyonna buli omu kuffe "kyeyayina okubeera" ku luberyeberye. Amaanyi gano gasobozesa okukolera ddala ekyo Yesu kyeyakola (Laba Yokaana 14:12).

Mu mutima gw'enjiri mulimu omugga gw'okwagala – ensulo erina ensibuko mu Ggulu era ekulukutta ekintu ekituufu ekiri mu kwagala – okugaba, okuwereza, okufaayo, okuwanirira, okuyimusa, wamu n'okusigala nga wewaddeyo olw'abalala. Kwali kwagala okutayogerera ku musalaba gwokka, ne kugaba obulamu n'okusonyiyibwa, naye okwagala "okwagala….kufukiddwa ddala mu mitima gyaffe, ku bw'Omwoyo Omutukuvu gwe twaweebwa. (Abaruumi 5:5). Okwagala kuno kutusiza omukka ogutusindikiriza okukola ebyo Yesu bye yakola (2 Abakkolinso 5:14).

Ekisembayo, ekigendererwa mu njiri kiri nti buli muntu yenna omulamu anamanya obukulu bwa Katonda ow'amaanyi, Omwana we Yesu Kristo bwali omulamu, era n'Omwoyo we omwagalwa bwali ow'obuntu. Katonda ayagala tumumanye − singa ekintu ekitategerekeka oba enjigiriza y'eddini, naye nga omulamu, asumulula, Omuwonnya, Omununuzi eyetegese okutusisinkana yonna gyetuli ara ayanukule eri obwetaavu bwonna bwetulina eri okwagala kwe n'amannyi ge. Kino akikola ng'ayita mu bantu ye bajjuziza, n'abawa amaanyi "okumujulira" − ekitegeeza abajurirwa abatayogera bwogezi ku Yesu wabula abo abakubisaamu Yesu byeyakola!

Ekikulu kya byonna obuyigirizwa buno kwe butambulira. Butandika na Kigambo kya Katonda, naye buba tebunajula okujjako nga tuyize okukola Omwana byeyakola. Tukwaniriza ku Katabo k'Abayigirizwa benyini, era oyanirizibwa okusisisnkana ababiri bano abazukusa okukiriza, John ne Sonja Decker. Bakulembeze abesigwa, abawereza abesimbu abakakasiddwa, abalina ekitone ky'okuyigiriza era abogezi abakulukuta obulungi okulaga nti obulamu obujjudde Omwoyo, obwamazima, obubumbujja busoboka. Ekintu ekijja okukuletera okwagala okubaako kyokola ku kwagala kwolina eri Kristo. "Ekintu ekyo" kwekukola kyeyakola bulijjo oba mu bulamu bwo obwabulijjo; mu kusomoozebwa kw'embera gyolimu enzibu; awaka w'obera, amaka go ne gyokolera era okuyita mu kisa n'amaanyi g'oyo aze okutuula mu gwe.

Erinnya lye ye Yesu. Abantu ababiri abawandiika akatabo kano bagenda kukuyamba okumwagala okusinga bwe wali omwagadde nga bwoyongera okuvumbula obusobozi Bwe okukusobozesa okumukikilira okusukuluma engeri zonna zewali olowooza nti zisoboka." Kale oyo ayinza okukola ennyo okusingira ddala byonna bye tusaba oba bye tulowooza, ng'amaanyi bwe gali agakolera mu ffe" (Abaefeeso 3:20).

—JACK W. HAYFORD
Pulezidenti wa, International Foursquare Churches Akulira,
The King's College and Seminary
Pasita eyatandika, The Church On The Way

# Ani akikola?

OKUTANDIKA OKWOGERA ku Yesu mu America eri abatali bakiriza kye kintu ekisinga okutiisa. Ekirowoozo ky'okubuliira enjiri eri mikwano, be bakola nabo oba ab'engaanda kiretera okutya okw'okubolebwa embagirawo, enkayana oba okutya okuyitibwa Pasita. Bebuuza, "Ani ayagala ebyo byonna?" Tubiveeko. Tumuleke omusumba abikole anti kyekimusasuza."

Tujukira abantu betwasooka okukulembera okumanya Kristo. Twayita mu kutya okwo kwonna: Okutya okulemererwa, obutamanya by'awandikibwa, ne twegomba singa twali twetegese bulungi mu byetugenda okwogera. Eky'ewunyisa y'engeri Omwoyo Omutukuvu bwe yafuga amangu mbeera zonna mwetwayita. Okwogera obwogezi ku kubeera n'enkolagana ne Katonda omulamu kyamuletera okweyoleka mu masekati gaffe. Bye tweyongera okwogera byonna byajja mu ngeri etali ya bulijo. Oluvanyuma, essanyu n'okubugumilira byajjula emitima gyaffe. Ne tusigalira kwogera kimu nti "Katonda oli muyitirivu!"

Okuviira ddala mu kiseera ekyo twawambibwa okukola ekyo Yesu kyeyakola. Gye twakomanga okubulira enjiri ya Mukama waffe n'okwewaayo okusabira abantu Mukama gye yakoma okweyoleka wakati waffe. Twatandika okusabira abalwadde era Katonda nabawonya! Emirundi gye twasooka okukikola gyali gikwasa ennaku − nga gibulako katono nyo Ffe n'okwenenya twenenye. Naye, twakizuula nti Katonda asobola okukozesa abatalina bumanyirivu. Nga asobole okukozesa abatali batendeke, wabula abayigirizwa abewaddeyo okusabira abantu balabe kiki Katonda ky'anakola.

Bangi abasoma ekitabo kino tebakolanga ku bintu bino. Abantu bangi abayatula nti Yesu ye mulokozi wabwe bagala naye lwakuba si bavumu. Eno y'ensonga enkulu lwaki twawandiika ekitabo kino. Esaala yaffe eri nti wakiri abakristayo abasoma ekitabo kino banalowooza ku ky'okukola ebimu ku bintu Yesu byeyakola ebitekeddwa mu ssuula ezijja okudilira. Wamu n'okutendekebwa okuvudde mu bintu ebirungi byetuyiseemu, abalokole ba leero basobola okufuuka abajulirwa ba Kristo abajjuvu. Olwo ne bategekebwa okutukiriza mu buwanguzi ekitundu ky'abwe ekyo obutumwa obukulu. Kwe kulumizibwa kwaffe nti ebiragiro bino ebisembayo eby'atuweebwa Yesu Kristo, ebiwandikiidwa wano bya buli muntu yenna ayitibwa nti mugoberezi we.

> Kale mugende, mufuule amawanga gonna abayigirizwa, nga mubabatiza okuyingira mu linnya lya Kitaffe n'Omwana n'Omwoyo Omutukuvu; nga mubayigiriza okukwata byonna bye nnabalagira mmwe: era, laba, nze ndi wamu nammwe ennaku zonna, okutuusa emirembe gino lwe giriggwaawo.
>
> —MATAYO 28:19–20

Nga tuyingirra mu nkomelero y'omulembe, Abakristayo bonna batumiddwa okugenga bafuule abalala abayigirizwa. Nga tumaze okuyiga ebintu Yesu bye yatulagira, tulina okubikola era tusomese n'abalala ebyo bye tuyize.

Abatume bakikola. Aba Kristayo bangi bakiriza nti kino kyali ky'Abatume abasooka. Noonya ekigambo "mu" wagulu mu nnyiriri ezo wagulu. Ffe tukiriza nti ekyo kitegeeza "ffe." Tuli kitundu ku "bayigirizwa munsi zonna." Tuli kitundu ku "abo" abafuliddwa abayigirizwa okuva Yesu lweyawa ekiragiro kino. Yatuma omulembe ogw'asooka ogw'abayigirizwa okufuula abalala abayigirizwa. Bagondera ekiragiro kye. Kino kibadde kyeyongera yo okuviira ddala mu kyasa ekyasooka nga tekitataganyiziddwa nyo.

Abayigirizwa bangi bafuuliddwa mu myaaka ekikumi egiyise okusinga emwaka lukuumi mu lwenda agy'asooka. Nga bwe twetekeraterera amakungula agasembayo, tulina okutekawo enkola nga buli mukiriza asobola okuzenyigiramu ennyo era ayanirize n'okudda kwa Yesu okw'omulundi ogw'okubiri.

## Kikyeyongera okubaawo

Okuwonyezebwa n'ebyamagero ebikakasiddwa bikyalabika ennaku zino mu bibinja by'abalokole okwetoloola ensi yonna. Ddala ddala kino ky'ekintu ekikakasiddwa. Ekibuuzo kyetulina okugezaako okuddamu kye kino: Amazima ddala Yesu yali ayagala tukole ebintu nga byeyakola era tubere n'ebibivaamu bye bimu? Waliwo eby'awandikibwa ebikakattu e biddamu ekibuuzo kino. Bye bino Matayo 10:1, 7-8; Lukka 9:1-2, 6 era naddala Yokaana 14:11-14.

> Munzikirize nga nze ndi mu Kitange, ne Kitange mu nze: oba munzikirize olw'emirimu gyokka. Ddala ddala mbagamba nti Akkiriza nze emirimu gye nkola nze, naye aligikola; era alikola egisinga egyo obunene; kubanga nze ŋŋenda eri Kitange. Na buli kye munaasabanga mu linnya lyange, ekyo nnaakikolanga, Kitange

agulumirizibwenga mu Mwana. Bwe munansabanga ekigambo mu linnya lyange, ekyo nnaakikolanga.

—YOKAANA 14:11-14

Yesu agamba nti buli mukiriza yenna eyewaddeyo okumukiririzaamu ajja kukola nga Yesu byeyakola, omwo mulimu n'ebyamagero. Yesu awadde abayigirizwaabe amaanyi okukola ye byeyakola.

Ekyo Yesu ddala yali akitegeeza? Obuyinza yabuwa 12 bokka? Ekisubiizo kino kyagwaawo? Abamu ku bakenkufu, abasomesa, n'abasumba basomesa nti eky'awandikibwa kino kyali kya batume abasooka era mu biseera biri eby'ayita. Naye lwaki Yesu yandisubiiza bwaati okujjako nga yali asubiiza abayigiriza bonna? Ffe ekisubiizo kino kitusuula bbali? Yali ddala akitegeeza nti naffe tulikola emirimu nga bweyagikola? Bwekiba bwekityo, Ekisuubizo kino tukitukiriza tutya? Kiki kye twetaaga okumanya?

## Genda webiri

Okwenyigira mu kutegeeza kw'amaanyi g'Omwoyo Omutukuvu ly'eddagala erijjanjjaba obutakiriza erisingayo. Ensonga lwaaki eby'amagero bingi munsi ezitanakula nyangu nnyo: Abakristayo ababerayo babiyayanira. Tebalina tekinologoya mungi, era bangi tebalina ky'akuddamu okujjako okukiriza eky'amagero eky'okuwonyezebwa. Yokaana 14:11-14 lukola amakulu gyebali era luba lulamu bw'elubulirwa mu bantu bano abalurinamu obw'etaavu. Basuubira eby'amagero buli enjiri enzijjuvu lwebulirwa mu bibuga n'ebyaalo bwabwe. Abasinga bakiririza mu kiki Baibuli ky'egamba – byonna byeyogera, ekitali bulaya.

## Mukwano gwaffe omusawo yagenda mu Thailand

Abakiriza betagisiza ddala okubafuula abayigirizwa n'okubalera mu buwereza nga buno. Wetutendekera abawereza (MTCs), tutwala ekiseera okubangula abantu mu bikolebwa mu buwereza era nga ekyo kye kimu ku ebyo byetukola buli wiki. Bwe tumala okubabangula n'obagezesa ennyo, abayizi baba bategekeddwa okugenda okuwereza yonna gye baba bagenze. Essuula eziddirira zilambulula ebitendekebwa mu buwereza.

Omu ku bayizi baffe, Dr. Carl Berner, omusawo alongoosa abantu, yajja gy'etuli n'atugamba "mazima nzikiriza ebitu bino byonna eby'amagero, okuwonyezebwa embagirawo wamu n'abantu okusumululwa dayimoni ne zibavaako, kubanga sikiwulidde kumwe ababiri mweka, naye nkiraba nga ne Yesu akikola mu Baibuli. Wabula sikirabangako n'amaaso gange, n'olwekyo mukyala wange [Nansi ayamba omusawo nga alongoosa abantu] wamu

nange twagala tugenda namwe ku lugendo lwamwe olunaddako e Thailand." Twagenda nabo, wamu n'abakugu abalala abali bamaliriza emisomo gino nebatikirwa. Tebakoma ku kulaba by'amagero by'abawonyezebwa naye ate nga babiraba bikolebwa okuyita mu bo benyini.

### Dayimooni z'eyanjula

Dr. Berner yalindirira alabe okusumululwa okwanamadala, era okuyayana okwo kwatukirizibwa mu lukungaana olw'okuwonyezebwa okwali e Chang Mai. Lumu mu kaseera ak'obuwereza, Dr. Berner yajja eri John namwegayirira ajje alabe ekyali kituuse ku mukazi eyali oludda olulala mu Kkanisa. John bwe yali atambula natunulira omukazi ono, eyali wansi nga alabikira ddala nga aliko dayimoni. Kino ye, yakimanya mangu kubanga Omwoyo Omutukuvu yali akimubikulidde okuyita mu kirabo eky'okwawula emyoyo.

Dr. Berner agamba nti omukazi ono yali aleteddwa abayambi be babiri asabirwe olw'omutima ogwali gumuluma guwone. Bwe batandika okumusabira, yaggwa ku takka nga alinga azirise. Abayambi be ne balowooza nti akutuse omutima. Wabula Dr. Berner bweyamwekebejja yakizuula nti entununsi ze zali zikuba bulungi. Okusinziira ku kyeyali ayize mu kibiina, n'atebereza nti eyo yali dayimooni yennyini, yensonga lwaki yasaba John ajje yetegereze embeera.

Kisesa n'okusesa bw'ofumitiriza ebyatukawo. Dr. Berner, omusajja omuwaguuffu fuuti mukaaga n'obutundu busatu, yali mabega wa John nga akotakoota bwalingiriza waleme okubaawo n'ekintu ekimu kyasubwa mu buwereza bunno. John oluvanyuma yagamba nti n'ebirevu bya Dr. berner yali abiwulira bimukoona ku tama lye ye!

### Omukyala yasiba emitaafu mu kyenyi

Okusumululwa kuno kulinga okulala kwe twali tulabye. John yasaba abayambi b'omukyala ono bayimirize omukyala ku magulu ge. Olwo nga amozoola amaaso takyasobola kutunula bulungi. Nasiba emitaafu nga bw'akaakaba nga kappa. John nagoberera eky'okulabirako kya Yesu ekiri mu njiri nalagira emizimu nga bwagamba nti "gwe omwoyo w'obunafu, nkulagira okuva ku mukazi ono mu linnya lya Yesu!" Wayitawo eddakiika ntono nyo omuzimu ne gumuvaako era omukazi ono naddamu okutegeera era n'akaseko ne kamujjula amatama. Yasumululwa era n'awonyezebwa. Kyali kiyitirivu. Dr. Berner yali alabidde ddala ku kusumululwa okw'Omwoyo. Kyasanyu okuwulira omusajja ow'ekitiibwa ono, omusawo omukugu, nga awa obujjulizi kubyalabwe Katonda nga akola.

**Naffe tulina okubilabako.**

Yesu yennyini yeyawa obuyinza obw'okukolera abalala ebintu bino. Yalangirira ekisuubizo kino eri "Akkiriza nze" (Yokaana 14:12) kino kizingiramu buli mulokole. Tewaliyo linnya oba buyinza kunsi buli wagulu wa linnya lya Yesu Kristo Mukama weffe. Yagamba buli kye tunasabanga mu linnya lye kinakolebwanga. Yagamba nti alissa ekinkumu kye eky'obuyinza eri ebintu ebyo byetukolera abalala bwe tulibikolera mu Linnya lye. Ekigendererwa ky'ekitabo kino kwe kumatiza abakristaayo bakirize Yesu kye yagamba nti basobola okukikola. Era twagala abakiriza okuyita mu bulamu bw'okubeerawa kwa Katonda okukola era nga bakyusibwa okuyita mu kukola Yesu byeyakola.

*Omusingi gw'ekitabo kono*

**Yesu yajja kunsi nga omuntu**

Tumanyi nti Adamu ne Kawa na buli muntu bagibwaako obuyinza olw'okuba nga basalawo okujjemera Katonda. Sitaani nafuuka ka katonda k'ensi eno. Wabula, enteekateeka ya Katonda ey'obununuzi yetololeera ku Mwana we, Yesu Kristo, okujja kunsi, nga azaliddwa omuwala atamanyi musajja. Newankubadde Yesu yali Katonda ayambadde omubiri, yejjako ekitiibwa n'afuuka omuntu. Yesu, ye Adamu ow'oluvannyuma, yali Katonda mu byonna era omuntu mu buli kimu.

> Era bwe kityo kyawandiikibwa nti Omuntu ow'olubereberye Adamu yafuuka mukka mulamu. Adamu ow'oluvannyuma yafuuka mwoyo oguleeta obulamu.
>
> —1 ABAKKOLINSO 15:45

> Kubanga amateeka kye gatayinza, kubanga manafu olw'omubiri, Katonda, bwe yatuma Omwana we ye mu kifaananyi ky'omubiri ogw'ekibi era olw'ekibi, n'asalira omusango ekibi mu mubiri.
>
> —ABARUUMI 8:3

> Kubanga tetulina kabona asinga obukulu atayinza kulumirwa wamu naffe mu bunafu bwaffe; naye eyakemebwa mu byonna bumu nga ffe, so nga ye talina kibi.
>
> —ABAEBULANIYA 4:15

> Mmwe mubeerengamu okulowooza kuli, era okwali mu Kristo Yesu; oyo bwe yasooka, okubeera mu kifaananyi kya Katonda, teyalowooza kintu ekyegombebwa okwenkanankana ne Katonda, naye yeggyako ekitiibwa, bwe yatwala engeri y'omuddu, n'abeera mu kifaananyi

> ky'abantu; era bwe yalabikira mu mutindo ogw'obuntu, ne yeetoowaza, nga muwulize okutuusa okufa, era okufa okw'oku musalaba.
>
> —ABAFIRIPI 2:5–8

Ebintu byonna Yesu byeyakola yabikola nga omuntu ajjudde amaanyi amangi ag'Omwoyo Omutukuvu. N'olwekyo, asobola okusuubiza abo abamugoberera, abajjuziddwa Omwoyo Omutukuvu y'omu, okusobola okukola kyeyakola. Mu butonde Yesu ky'akulabirako kyaffe nga omuntu, omutandisi era omumaririrza w'okukiriza kwaffe.

**Yesu buli kintu yakikola nga omuntu**

Tewaliyo byamagero bimanyiddwa mu mmyaka asatu egya Yesu egyasooka. Obuwereza yabutandika oluvanyuma lw'okujjuzibwa Omwoyo Omutukuvu. Kunsi kuno yawererezaako nga Adamu; Katonda gweyali asoose okutonda. Okubeera omuntu nga yengeri yokka gyasobola okufuuka Omulokozi waffe. Okuwangula sitaani yalina okuba mu kikula ky'omuntu nga agondera Kitaawe mu Gulu nga bwajjuziddwa amaanyi ag'Omwoyo Omutukuvu. Yesu yeyasooka okubeera omuntu atukiridde okuva ku Adamu. Bwatyo n'akomyaawo obuyinza sitaani bweyali abbye ku Adamu eyasooka.

**Yesu obuyinza bwe yabusigira omukiriza**

Yesu bwe yaffa, n'azukira mu bulamu obutagwaawo, era n'ayimusibwa mu ggulu, entekateeka y'okununula omuntu yali ewedde. Yagamba abagoberezi be bagende munsi yonna. Yagamba nti tusobola okukola kyonna kye yakola kubanga obuyinza bwe bwali butuwereddwa, era nga ali naffe. Yatugamba okukozesa Erinnya lye okukola bye yakola.

> Yesu n'ajja n'ayogera nabo, n'agamba nti Mpeereddwa obuyinza bwonna mu ggulu ne ku nsi. Kale mugende, mufuule amawanga gonna abayigirizwa, nga mubabatiza okuyingira mu linnya lya Kitaffe n'Omwana n'Omwoyo Omutukuvu; nga mubayigiriza okukwata byonna bye nnabalagira mmwe: era, laba, nze ndi wamu nammwe ennaku zonna, okutuusa emirembe gino lwe giriggwaawo.
>
> —Matayo 28:18-20

> n'ateeka byonna wansi w'ebigere bye, n'amuteekawo okuba omutwe ku byonna eri ekkanisa, gwe mubiri gwe, okutuukirira ku oyo atuukiriza byonna mu byonna.
>
> —ABAEFEESO 1:22-23

Yesu yawangula okuffa ne geyeena era n'aweebwa obuyinza bwonna mu ggulu ne kunsi. Buli kintu kyonna nekitekebwa wansi w'ebigere bye namutekawo okuba omutwe ku byonna eri Ekkanisa nga gwe mubiri gwe kunsi. Obuyinza bwe yabusigira Ekkanisa era n'atulagira okugenda tukole ebyo byeyakola.

## Kakati kiri eri ffe, Ekkanisa!

Abaefeeso esuula 1 egamba nti Yesu yakola byonna olw'okuganyulwa kwe Kkanisa. Ekkanisa erina kutukiriza obutumwa obukulu nga ekola ebintu bye bimu nga Yesu byeyakola. Yatuwa amaanyi n'Omwoyo Omutukuvu tulyoke tugende munsi yonna tufuule abalala abayigirizwa. Entekateeka ye yakubanga tufuula abalala abayigirizwa nga ye bweyakola. Ebisigaddeyo mu kitabo kino bilambulula ebintu mu buwereza eby'etagisa okutukiriza obutumwa obukulu. Tujja kuvumbula ebintu bino byebiruwa era n'engeri gye tuyinza okubikola.

## Yesu ye yabikola atya?

Nga tetunagenda wala twagala okunyweeza engeri Yesu gye yawerezangamu eri abantu, kubanga naffe tulina okukola ebintu byebimu.

> Awo Yesu n'addamu n'abagamba nti Ddala ddala mbagamba nti Omwana tayinza yekka kukola kintu, bw'atalabira ku Kitaawe ng'akola: kubanga ye by'akola byonna, n'Omwana by'akola bw'atyo. Kubanga Kitange ayagala Omwana, amulaga byonna by'akola yennyini; era alimulaga emirimu eminene egisinga egyo mmwe mwewuunye.
>
> —YOKAANA 5:19

Bwetuyiga okuwulira eddobooozi lya Katonda okuyita mu kulaba bintu ki byayagala bikolebwe, tujja kuba tukolera mu mbeera ey'ebyamagero, efanana eya Yesu bweyabikolanga. Tukiriza nti ekyaama ku ngeri Yesu gye yatukirizangamu obuwereza obutukiridde obw'okuwonya era n'okufuula abalala ab'edembe kyali lwakuba nti byonna yabikolanga abibikuliddwa ek'yokukola.

Yokaana 5:19-20 egamba nti Yesu yakola ebyo byokka byeyalaba Kitaawe akola. Bwe wekeneenya obulungi, ekyawandikibwa kino kiraga omukristayo owaleero ekyaama ekyaali mungeri Yesu gyeyatukirira nga akola byonna byeyakola mu buwereza obw'okunsi. Nga Kitaffe bweyamulagira naye bweyakolanga.

## Yesu kiki kye yalaba?

Omuyizi yenna ow'oluyonaani bweyekebejja ebigambo ebiri mu kyawandikibwa kino ajja kutuuka ku nkomerero yemu eno. Okugeza: ekigambo *okulaba* (*blepo*) mu lunnyiriri 19, kirabika nnyo naye nga ate kigambo kikulu nnyo omuwandiisi w'enjiri kyakozesa okulaga ekikolwa ekyeyongerayo era eky'omudiringanwa eky'engeri Yesu gyeyakolaganangamu ne Kitaawe. Yokaana yali mujulirwa ku ngeri Yesu gye yakolaganangamu ne Kitaawe buli lunaku. Era yalaba ebibala ebyaava mu kikolwa kino eky'okugonda. Kilabika nga kyewunyisa ne Yokaana okulaba nga Yesu awereza okuyita mu kugondera ekyo "kyeyalaba" Kitaawe amubikulira.

Ebigambo byonna byeyabulira ku bwakabaka bwa Katonda, okuwonyezebwa kwonna, ebikolwa byonna,wamu n'ebyamagero byonna byaava mu kulaba era n'okuwulira eddoboozi lya Kitaawe buli mulundi.

Abakenkufu bakiriziganya nti eky'awandikibwa kino kiraga engeri Yesu gyeyewerayo ddala eri Kitaawe. Yesu teyakola kintu kyonna nga kyetwaala wabula yakolanga kwagala wamu n'ekigendererwa kya Kitaawe. Ekitabo kya Yokaana kikaatiriza nti omulimu gwa Kristo gwali kukola kwagala kwa Kitaawe – ssi nga omuddu, wabula nga Omwana. Yagondera ddala ebigendererwa eby'obwakatonda ebya Kitaawe eby'okubikurirwa okwagalakwe eri omuntu.

Obuyinza obw'enkomeredde wamu n'okwagala kwa Kitaawe kwali mu Yesu okuva ku ntandikwa. Ate era, twagala okunokolayo engeri kino gye kyelaga mu buwereza bwa Yesu obw'okunsi. Yokaana 5:19-20 asaba okutulaga nti okwagala kwa Kitaawe kwakolebwanga kiseera-ku-kiseera ekyabangawo okuyita mu Yesu Kristo. Ebigambo bye n'ebikolwa bye byalinga bya kugasa abagoberezi be okubijjukira era n'okubiwandiika. Nga Kitaawe we yamubikuliranga bwayagala byogerwe era bikolebwe, ne Yesu bwe yagondanga nakola byatyo. Mu buli kikolwa kyonna, kigambo era ebyakolebwa byonna byaava mu kwanukula Kitaawe kye yali abikudde mu kiseera ekyo.

## Tusobola okulaba ebintu byebimu?

Yesu yemutandisi era omumaliriza w'okukiriza kwaffe. Okukiriza kwaffe bwe kwesigamizibwa ku bisuubizo ebiri mu Kigambo, wamu n'okubikulirwa okw'obwakatonda okuva eri Omwoyo Omutukuvu, tutandika okukola nga Yesu. Yesu Kristo ye yayanjula ebirabo eby'obwakatonda eby'ekigambo eky'amagezi, ekigambo ky'okutegeera era n'okwawula emyoyo. Yatulaga engeri gye bakozesa ebirabo bino mu ngeri gye yatambuzangamu obulamu obwa bulijjo n'abayigirizwa na buli muntu yenna eyari yetaaga okuwerezebwa. Mu kusaba, Kitaffe nga abikuliira Yesu kyeyali ayagala kikolebwe olunaku olwo. Nga Yesu atandika olunaku, Kitaawe nga agenda

yeyongera okumulaga ebintu byayagala byogerwe era bikolebwe. Yesu nga bwe yalabanga Kitaawe byayagala bikolebwe naye bwatyo bweyagondanga.

Yesu alaga abagoberezi be engeri y'okutambulira mu birabo bisatu ebyokubikulirwa Paulo byayogerako mu 1 Abakkolinso:

> Naye buli muntu aweebwa okulagibwa kw'Omwoyo olw'okugasa. Kubanga omulala Omwoyo amuweesa ekigambo eky'amagezi; n'omulala aweebwa ekigambo eky'okutegeeranga, ku bw'Omwoyo oyo: omulala okukkiriza, ku bw'Omwoyo oyo; n'omulala ebirabo eby'okuwonyanga, ku bw'Omwoyo omu; n'omulala okukolanga eby'amagero; n'omulala okubuuliranga; n'omulala okwawulanga emyoyo: omulala engeri z'ennimi; n'omulala okuvvuunuzanga ennimi: naye ebyo byonna Omwoyo oyo omu ye abikola, ng'agabira buli muntu kinnoomu nga ye bw'ayagala.
>
> 1 ABAKKOLINSO 12:7-11

> Omwoyo Omutukuvu yagabanya ebirabo eby'okubikulirwa tulyoke tuwereze eri abalala nga Yesu bweyakola.

Omwoyo omutukuvu ayagala tulabe. Okubikulirwa kuno kujja nga bigambo by'amagezi, okutegeera, wamu n'okwawula emyoyo. Olw'okuba tulina ebirabo byebimu munnaku zino, tuli baddembe okugamba nti tusobola okulaba ebintu byebimu nga Yesu byeyalabanga ne Kitaaffe. Tewajja kubeera kubikulirwa kulala kugenda kujja okukwata ku bulokozi, okununulibwa, ennono z'obwakabaka, wadde ekigambo ekiwandiike. Naye wajjja kubaawo ebintu ebikulu Omwoyo Omutukuvu byajja okutubikulira singa tukakana wansi w'obukulembezebwe era netugondera byonna byayagala "tulabe." Okukola obulungi emirimu gyetubeera ennaku zino, tulina okuyiga okuwerereza mu kwagala, nga twesigamye kukulungamizibwa wamu n'okubikulilwa kw'Omwoyo Omutukuvu. Olwo no tujja kuba tuwereza nga Yesu bweyakolera ddala.

Okukola Yesu byeyakola kitegeeza okukwata obukodyo bw'obuwereza obwokugezaako okugondera ekyo Omwoyo Omutukuvu kyatubikulidde. Okukola obuwereza nga Yesu bweyabukola, tulina obutawuliriza kiki doboozi lya Katonda lyokka, wabula era n'okugondera ekyo ky'atubikulira. Okunyonyola obulungi ku ngeri gyotambulamu n'amagezi ag'obikulirwa bijja kw'ogerwaako mu suula 5 wamu ne 6. Kisanyusa okumanya nti Katonda alina entekateeka n'ekigendererwa eri buli mukiriza. Entekateeka eyo ebikuliddwa mu Kigambo kya Katonda era ne kyatulwa entakera mu bigambo ebiviira ddala ew' Omwoyo Omutukuvu.

*Omusingi ogw'okukola ebyo Yesu byeyakolanga.*

**Kisumuluzo ki ekigula obuwereza obwobwakatonda?**

Katutunuriire Yokaana 14:11-14. Okuva mu kyawandikiibwa kino obuwereza bwaffe esiila libusa ku kiki Yesu kyeyagamba kyetulina okukola. Ye yatugamba nti tusobola okukola ebyo byeyakola. Obuwereza tulina ku bwesigamya ku kiki Yesu kye yagamba kye tusobola okukola wamu ne kye tulina okukola. Teyatuwa kiki kyenyini kye tulina kugoberera okujjako olunwe okulusa ku kujjuliza eby'amagero. Bwe twekebejja byeyakola ne byeyatuukiriza, tusigala twewunya. Olwo no natugamba nti tusobola okukola ebintu byebimu. Okubikulirwa kuno nga kwewunyisa! Yokaana 5:19-20 bwetumugatakko Yokaana 14:11-14, tutandikirawo okunyweeza engeri kino bwekiyinza okutukirizibwa.

> Munzikirize nga nze ndi mu Kitange, ne Kitange mu nze: oba munzikirize olw'emirimu gyokka.
>
> —YOKAANA 14:11

Ekyaama ky'okukola Yesu byeyakola kitwetagisa okukiririza wamu n'okukolera ku kisuubizo nti tusobola okukola Yesu byeyakola. Bwaba yagamba nti tulibikola, awo tusobola okubikola! Kino kirimu okuyita mu biseera eby'okuyiga engeri gy'owerezaamu nga Yesu bweyakola nga wesigamwe ku Mwoyo Omutukuvu nekyo ky'akubikulidde

**Bintu ki Yesu bye yagamba nti tusobola okubikola?**

Bwe twetantala okukiriza tusobola okukola byonna Yesu byeyakola, kakati ka tutunulire ebimu ku bintu Yesu byeyakola. Ka twekebejje ebintu Yesu byeyatukiriza era n'alagira abayigirizwa be okukola nga bwe biwandikidwa mu byawandikibwa bino. Kirabika lwatu nti ayagala abagoberezibe bawerereze mu bukugu bw'obuwereza okutuusa lw'alidda. Obukugu buno bukolera buli yenna ajja eri Mukama nga ayagala obuyambi, n'atalokokanga nga mw'omutwalidde. Bwetutambulira mu kuwonya n'okufuula abantu ab'eddembe, kiko kilaga lwatu nti Yesu Kristo mulamu nnyo. Kino ne kijja kiretawo omukisa ogw'okubulira enjiri eri ab'abula ne balokoka.

> N'ayita abayigirizwa be ekkumi n'ababiri, n'abawa obuyinza ku dayimooni omubi, okumugobanga, n'okuwonyanga endwadde zonna n'obunafu bwonna. Bwe mubanga mutambula mubuulirenga nga

mugamba nti Obwakabaka obw'omu ggulu bunaatera okutuuka. Muwonyenga abalwadde, muzuukizenga abafu, mulongoosenga abagenge, mugobenga dayimooni: mwaweebwa buwa, nammwe muwenga buwa.

—MATAYO 10:1, 7-8

Na buli kibuga kye mutuukangamu, ne babasembeza, mulyanga buli bye bassanga mu maaso gammwe; muwonyenga abalwadde abalimu, mubagambenga nti "Obwakabaka bwa Katonda bubasemberedde kumpi"…Laba, mbawadde obuyinza obw'okulinnyanga ku misota n'enjaba ez'obusagwa, n'amaanyi gonna ag'omulabe: so tewali kintu ekinaabakolanga obubi n'akatono. Naye ekyo temukisanyukira, kubanga badayimooni babawulira; naye musanyuke kubanga amannya gammwe gawandiikiddwa mu ggulu.

—LUKKA 10:8-9, 19-20

Yesu n'ajja n'ayogera nabo, n'agamba nti Mpeereddwa obuyinza bwonna mu ggulu ne ku nsi. Kale mugende, mufuule amawanga gonna abayigirizwa, nga mubabatiza okuyingira mu linnya lya Kitaffe n'Omwana n'Omwoyo Omutukuvu; nga mubayigiriza okukwata byonna bye nnabalagira mmwe: era, laba, nze ndi wamu nammwe ennaku zonna, okutuusa emirembe gino lwe giriggwaawo.

—MATAYO 28:18-20

Awo bwe yakuŋŋaana nabo n'abalagira baleme okuva mu Yerusaalemi, naye balindirire okusuubiza kwa Kitaawe kwe baawulira gy'ali: kubanga Yokaana yabatiza n'amazzi; naye mmwe mulibatizibwa n'Omwoyo Omutukuvu mu nnaku si nnyingi…. Naye muliweebwa amaanyi, Omwoyo Omutukuvu bw'alimala okujja ku mmwe, nammwe munaabanga bajulirwa bange mu Yerusaalemi ne mu Buyudaaya bwonna ne mu Samaliya, n'okutuusa ku nkomerero y'ensi.

—EBIKOLWA 1:4-5, 8

Eby'awandikibwa ebyo wagulu bisuubizo by'amaanyi. Birimu "ebintu" bingi Yesu byeyakola ate era naffe bye yatusubiza nti tuli bikola. Olukalala luluno lwe lw'ebintu Yesu byeyagamba nti tusobola okukola:

- Okugoba emizimu.
- Okuwonya buli ndwadde nabuli bulemu.
- Okubuliira enjiri ejjudde ey'obwakabaka.
- Okuzukiza abafu.
- Okulongoosa abagenge.
- Okuwangula amaanyi gonna aga sitaani.

- Okulagila emizimu okutugondera.
- Okugenda tufuule abalala abayigirizwa.
- Okubatiza abakalokoka.
- Okuyigiriza abayigirizwa okugondera byonna Yesu bye yalagira.
- Okubatizibwa n'Omwoyo Omutukuvu.
- Okufuna amaanyi ag'Omwoyo Omutukuvu.
- Okubeera abajulirwa be okutuuka ku nkomerero y'ensi.

**Tusobola okukola ebintu bino byonna?**

Yee! Yesu kye yayogera yali akitegeeza. Tuyinza obutabikola byonna nga bwe biri ku lukalala. Tuyinza okulaba ebiwerako obungi. Wabula, tulina okusasula omutango gwonna ogy'etaagisa n'olwekyo tutandikire wona wetuli. Kiyinza okututwalira akaseera, okutendekebwa, wamu n'okukyuusa endowooza, naye kijja kuba kisanidde. Ebyo nno byebiri mu kitabo kino. Esiira tujja kulisa ku bintu mukaaga Yesu byeyagamba nti tubikole. Tujja kubiyita "okubungulwa mu buwereza" bye bino:

- Okukulembera abantu okutuuka ku Kristo
- Okukulembera abalokole mu kubatizibwa mu Mwoyo Omutukuvu
- Okuyiga okuwonya abalwadde
- Okuwulira eddoboozi lya Katonda
- Okuwonya abantu nga bw'okibikkuliddwa
- Okugoba dayimooni

**Edaala erisooka – okulokoka.**

Entekateeka zaffe tuzitandikira mu suula 1 nga twogera ku engeri gyoyinza okukulemberamu abalala okubatuusa ku Kristo. Kino kye kiragiro ekisinga obukulu okuva ewa Mukama waffe Yesu Kristo. Yatugamba nti "mugende mufuule abalala abayigirizwa" (Matayo 28:19). Eno ntekateeka ey'obwakatonda ey'obulokozi eyakolebwa Katonda yennyini. Awatali kutandika kuzalibwa bujja okw'omwoyo w'omuntu, entekateeka endala zonna ez'amakungula tezisobola kutegerekeka oba okutukibwaako, zonna zigwa butaka.

Okukulembeera abantu okutuuka ku kulokoka okw'obwakatonda okuyita mu musaayi gwa Yesu Kristo tekisobola kutegerebwa mu birowoozo bya muntu. Kisobola kutegerebwa era n'okuyitibwaamu nga omulimu gw'obwakatonda ogw'Omwoyo Omutukuvu. Byetuddako bigezaako okunyonyola ekyaama ky'obulokozi okuyita mu Yesu Kristo.

Bwetumala okwatula ebibi byaffe (okwenenyeza ddala) ne tukiriza Mukama waffe Yesu Kristo mu bulamu bwaffe, ekyewunyisa era nga

munagiro ogw'Omwoyo gutusibwaako (laba Lukka 13:5). Ekigambo kuzalibwa bujja kinyonyola bulungi ekintu ekiberawo (laba Yokaana 3:3). Emyoyo gyaffe gikomebwaako, negidda engulu olw'Omwoyo Omutikuvu wa Katonda, era netufuna obulamu muffe okuva ewa Katonda. Tugibwa mu bwakabaka obw'ekizikiza okudda mu bwakabaka bw'ekitangaala obw'ekitiibwa (laba Abakkolosaayi 1:13). Olwo ne tutandika okutegeera Baibuli ky'etugamba. Ne tutandika okufuna okubikulirwa ku bintu by'omwoyo.

Eky'ewunyisa, ffe mu kukiriza, tuletebwa mu nkolagana ne Katonda ali mu busatu. Tunyonyola enkolagana ne Yesu Kristo nga omulokozi waffe, Kitaffe ow'omugulu wamu n'Omwoyo Omutukuvu. Nkolagana yaffe ne Yesu ekola omusingi gw'obulokozi bwaffe. Ekigambo kya Katonda kitugamba nti tewali Linnya ddala mwetuyinza kulokolebwa (laba Ebikolwa 4:12), era nti tewali ayinza kujja eri kitaffe okujjako nga ayise muye (laba Yokaana 14:6) Enkolagana eno gwe musingi gw'okukula kwonna mu by'omwoyo.

Bwetwanukula ne tutwalira ddala ekirabo kya Katonda eky'obulokozi, tuyingira mu ndagaano ey'enkolagana wamu naye. Endagaano eno empya (obutafanana endagano enkadde eyasibibwa n'omusayi gw'ensolo) yasibibwa n'enwyezebwa omusayi, n'omubiri gwe gwenyini. Yenkolagana eno ey'obuliwo ne Yesu Kristo muffe, esuubi ely'ekitiibwa, etuwa amaanyi mu byetukiriza era n'okuyayana okugondera ebiragiro bya Katonda. Okubeerawo kw'Omwoyo Omutukuvu okulamu muffe era kuffe okubotola ebirowoozo byaffe nekutuletera okukola bye tukola buli lunaku.

Ebyo nga biwedde okwogerwa, katugende ku suula 1 twogere ku kubangulwa okusooka okw'obuwereza – okukulembera abantu okubatuusa ku Kristo.

## *Ka tuteeke munkola*

- Yakobo 1:22 atugamba okukola bye tuwulidde (byetusomye)
- Lowooza ku kukola ekyo ekikugambiddwa mu suula eno nga webuuza ku katundu "tuteeke munkola" akali mukitabo kino akasembaayo B.
- Kola ekigezo ky'akakodyo k'obuwereza akaliko omutwe ogugamba nti "gabana ekyo kyolowooza ku by'amagero."

# *1. Okubangulwa mu buwereza okusooka*

## Okukulembera abantu okutuuka ku Kristo

Mu suula eno, ogenda kuyiga engeri gy'oyinza okubulira enjiri mungeri eya bulijjo nga obulira abalala obujulirwa bwo bw'ofumitirizaako ku ngeri gye wakirizaamu Yesu Kristo nga omulokozi wo era n'enkyukakyuka z'akoze mu bulamu bwo. Okwogera ennyo ku Baibuli, obupapula bw'enjiri, wamu n'okubulira tebyetagisa.

ABASINGA TUSOBOLA okujjukira ddi lwe twalokoka. Twayagalanga nnyo okubulira buli muntu ekyali kitutuseeko. Twakyamukirira nnyo tetwafangayo oba twali nga tutokana n'omulembe mu maaso g'abalala. Katonda yekka gwe twayogerangako. "Katonda yakoze kino. Katonda yakoze kiri. Yakinkoledde nawe asobola okukikukolera!" Twakiriza netuwa ebeetu Omwoyo Omutukuvu okutukozesa nga bweyayagalanga. Katonda yateeka obwetaavu mu mitima gyaffe okulangirira kye yali akola. Tetwalina musango wadde okwesalira omusango. Kyali kyewunyisa nnyo nga tulina okubaako gwe tubulira! Akakodyo akasooka kali keraga mu lwaatu nga tetukirowozeza nako. Twali tugondera "mugende" ekiri mu Matayo 28 kubanga twali tufuuse "kitonde kijjja" ekiri mu 2 Akakkolinso 5.

> Yesu n'ajja n'ayogera nabo, n'agamba nti Mpeereddwa obuyinza bwonna mu ggulu ne ku nsi. Kale mugende, mufuule amawanga gonna abayigirizwa, nga mubabatiza okuyingira mu linnya lya Kitaffe n'Omwana n'Omwoyo Omutukuvu; nga mubayigiriza okukwata byonna bye nnabalagira mmwe: era, laba, nze ndi wamu nammwe ennaku zonna, okutuusa emirembe gino lwe giriggwaawo.
>
> —MATAYO 28:18-20

> Omuntu yenna bw'aba mu Kristo kyava abeera ekitonde ekiggya: eby'edda nga biweddewo; laba, nga bifuuse biggya. Naye byonna biva eri Katonda, eyatutabaganya naye yekka ku bwa Kristo, n'atuwa ffe

> okuweereza okw'okutabaganya; nti Katonda yali mu Kristo ng'atabaganya ensi naye yennyini, nga tababalira byonoono byabwe, era nga yatuteresa ffe ekigambo eky'okutabaganya. Kyetuva tubeera ababaka mu kifo kya Kristo, Katonda ng'afaanana ng'abeegayirira mu ffe: tubeegayirira mu kifo kya Kristo mutabagane ne Katonda.
>
> —ABAKKOLINSO 5:17-20

Yesu yali ategeeza abayigirizaabe okugenda bafuule abalala abayigiriza yonna gye banaaba basobola. Abalokole bonna bawereddwa obuwereza - okutabaganya famire, ab'emikwaano, wamu ne bamuliranwa okudda eri Kristo. Tutumiddwa nga ababaka ab'okutabaganya.

**Buli mulokole yatumibwa**

Buli mukristayo yatumibwa okwenyigira mu butumwa obukulu nga omujjurirwa wa Kristo. Ekifo buli omu kuffe kyaberamu kisinziira ku birabo Katonda byeyamuwa. Buli omu alina ebirabo byanjawulo. Ekitundu kitono nnyo ku buli kikumi eky'abakristayo abalina okuyayana n'ekirabo eky'amaanyi eky'okubulira enjiri. Abasigaddeyo tebalina. Wabula kino tekiwa mukiriza kyakwekwasa n'alema okubulira enjiri obulungi. Yesu yatuma buli omu kuffe nga abagoberezi be okugenda era tufuule amawanga abayigirizwa. Kino kitegeeza nti tulina okufuna engeri gye twenyigira mu buwereza buno obw'okutabaganya. Tetulina kwebalama buvunanyizibwa bwaffe obw'okutukiriza ekyo Katonda kyeyawa buli mukiriza okukola.

**Babulire bubulizi kiki ekyakutukako**

Essomo elisooka mu byetugenda okuyiga omukaaga, gy'emitendera omukaaga egy'ababaka, mwe tukubiriza abawereza abayizi okuyiga engeri gye babulilamu enjiri. Tuwaayo wiiki mukaaga okutuuka ku kuminabiri okubasobozesa okutereza obujurirwa obwabwe obwo bwenyini babukozese okutuukiriza akakodyo kano akasooka ate nga kakulu nnyo. Mu kubakubiriza wamu n'okulungamya okutono-tono, omuyigirizwa eyewaddeyo aba yetegese okwanukula oyo abuuza lwaki tukola kyetukola.

> Naye mutukuzenga Kristo mu mitima gyammwe okubeera Mukama wammwe; nga mweteekateeka bulijjo okuddamu buli muntu ababuuzanga ensonga ey'okusuubira okuli mu mmwe, naye n'obuwombeefu n'okutya.
>
> —1 PEETERO 3:15

- Omuntu yenna bw'atubuuza ensonga olw'esuubi lye tulina mu Kristo, tulina okubeera n'ekyokumuddamu embagirawo.

- Okwanukula kwaffe kulina okubeeramu obujjulirwa bwaffe ku kiki Kristo ky'akoze okutuwa esuubi ely'ekitibwa.
- Tulina okumanya engeri gye tumalirizaamu obujjulirwa bwaffe nga tubuuza ebibuuzo ebijja okuleetera omuntu okulokoka nga ayita mu Yesu Kristo.

**Engeri ensi bwejja okubulirwaamu enjiri**

Okubulira enjiri okutuufu era okulina ebibala byabayigirizwa abanwyevu kukolebwa muntu ku muntu. Kino kitegeeza nti abakristayo batendekebwa engeri gyebayinza okubulira enjiri eri abo abatalokokanga era nebabakulemberera ddala okutuuka bwe baffuna enkolagana ne Yesu omulamu. Basomesebwa okusembeza abakalokoka mu nkungaana zabwe. Bagenda nabo mu kibiina ekyabakalokoka (bwekiba kisomesebwa) era babaniriza ne mu nkungaana z'omumaka. Mungeri emu oba endala, bakiriza obuvunanyizibwa obw'okulaba nga eyakalokoka asimbibwa mu Kkanisa.

Gyebuvuddeko katono, omukyala eyali akola ku muluka yajja gyendi (nze Sonya) nga tetunagenda mu Kkanisa. Akolagana n'abakyala ababadde abasibe mu makomera kyeyava ansaba musabire nti omukyala gwe yali azze naye anakiriza Mukama waffe. Omukyala ono yali musiyazi. Nga tuli b'amukisa okuba ekitundu ku Kkanisa eyewaddeyo eri abo ababula nti tuwulira emirembe okwaniriza abantu ab'atabula bubuzi kyokka wabula nga bavuma n'abalokole! Olunaku olwo lwenyini, musumba waffe, Ken Johnson, yali ayogera ku ngeri Ekkanisa yaffe bwetalina kubeera lukungaana lw'abalokole we basanyukira naye nga erina kubeera kiffo ekitaasa ababula n'abalumizibwa era nga bwetulina okubagala n'okubasaamu ekitibwa ekibagwanira.

Olw'okusatu olwaddako mukwano gwange n'enziramu okumulaba, nambulira nga omugenyi we bweyali ayagadde nyo Ekkanisa era n'obubaka kati nga agenda kwegata ku bayiga Baibuli. Akaseera kayitawo katono omukyala ono eyali alumizibwa nawaayo obulamu bwe eri Mukama waffe nalekayo n'okulya ebisiyaga.

Ensi bweti bwejja okuwangulwa – abantu balina okutegeera nti balina obuvunanyizibwa okubulira amawulire amalungi era n'okwewaayo okuyamba abalala okufuuka abayigirizwa abewereddeyo ddala n'abo abanasomesa abalala.

Bwe tugenda okubulira mu Kkanisa ku buwereza bw'abantu gyebakolera, nze (Sonja) ebiseera ebisinga obungi mbuuza ekibiina nti kiki ekiyinza okutuukawo singa buli omu akuleberayo omuntu omu nadda eri Kristo era n'amuyamba okwegata ku Kkanisa omwaka ogujja. Eky'okuddamu

bulijo, kibeera nti Ekkanisa yekubisaamu obungi. Era singa tufuula abantu baffe abayigirizwa nabo nebakola ekintu kyekimu, tuddamu netwekubisaamu omwaka oguddako. Kino kyangu bulala!

### *Lwaaki tukikola?*

TETUJJA KUMALA BUDDE nga tuyita mu nsonga kikumi lwaki Ekkanisa ezisinga eziri munsi z'ebweru tezenyigidde mu kubuulira njiri okulina ebibala. Tebakikola bukozi. Kakati kino kitegeeza nti kati naffe TULINA okwebalama ekiragiro kya Kristo eky'okugenda okufuula abalala abayigirizwa? Sibwetulowooza! Singa obuuza abasumba bonna, abasinga bajja kukugamba nti bayayayana okulaba nga Ekkanisa ebulira enjiri. Naye, nga banoonya engeri gye bayinza okugigata mu bintu bye bakola mu wiiki. Abamu bagamba nti "Manyi okubuulira enjiri kikulu, naye si y'engeri Ekkanisa bwe tugitambuzaamu ennaku zino." Twagala okusaamu ekitibwa abasumba abo abamaliriza obubaka bwabwe nga baniriza ku bagenyi babwe ab'andyagadde okwetwalira Yesu nga omulokozi wabwe.

Kyandiba nga twetaaga okulaba ebintu obulala? Kyandibadde kirungi singa abo abeyita abalokole abasinga obungi babadde bamanyi era nga balina n'obuvumu okujulira Kristo eri mikwano gyabwe n'ababaliranye ne babatuusa eri Yesu. Wabula ekyo kizibu. Okusinziira ku 2 Peetero, Mukama atulindirira n'obugumikiriza tukulembere abalala mukwenenya

> Mukama waffe talwisa kye yasuubiza, ng'abalala bwe balowooza okulwa; naye agumiikiriza gye muli, nga tayagala muntu yenna kubula, naye bonna batuuke okwenenya.
>
> —2 PEETERO 3:9

- Olwokubanga Mukama ayagala abantu bonna okwenenya, tulina naffe okubeeera n'entekateeka ey'okwanukulamu abantu abatubuuza ku suubi lyaffe lye tulina mu Kristo.

- Buli muntu gwe tusisinkana asobola okulokoka. Babeera betaaga bwetaazi muntu agenda okubabulira amawulire amalungi.

- Singa buli mulokole abeera yeteseteese eyo gyakolera okuwa obujjulirwa era nga amaliriza awa abantu omukisa okulokoka, ensi eno ebeera ajja kulokoka yonna mu kaseera katono ddala.

**Ono ye yali asinga okuba omusirise mu kibiina kyonna**

Twalina ekibiina ekinene eky'abasumba n'abakulembeze abalala kyetwali tusomesa mu Califonia. Omu ku basajja abakirimu nga musirise okukamala. Bweyategera nti yali wakuwa obujjulirwa bwa dakiika taano – ku musanvu mu maaso g'ekibiina natuyana nga bwe zikala! Bwe twawumulamu natwanguyira natugamba nti tajja kusobola kuwa bujjulizi obwo. Yali takolanga ku kintu bw'ekityo, era teyali mwetegefu kukitandika kati. Twamugamba nti tutegeera obuzibu bwe, naye nti kijja kumukola bulungi. Teyakikiriza, naye nga akiraba lwaatu nti twali tetugenda kumutaliza. Olwo natusaba wakiri yaba asembayo okugabana n'abalala. Ekyo kyo netukikiriza.

Kulw'omukaaga akaseera ke ak'okwogera eri ekibiina bwe katuuka, era nga yeena akankana olw'okutya okuyimirira mu maaso g'abantu! Nga akutte mu ngalo obujulirwa bwe yali awandiise obulungi ku lupapula, yatandika okwogera. Twali tulowooza yali atekateeka ku busoma busomi, naye ekintu eky'ewunyisa ne kitukawo. Bwe yayasamya akamwa yayogera ebigaambo bitono nnyo, amafuta ag'Omwoyo Omutukuvu negamugwaako era nafuuka w'amaanyi! Abo abali bamumanyi nga ow'ensonyi wamu n'engeri gyali omusirise ne bewunya. Bwe yamala okwogera, ekibiina kyonna ne kimukubira emizira nga bwe bafuuwa nobulere nempa. Obujurirwa bwe ku ngeri gye yalokookamu bwali busanyusa era nga bwewunyisa – tewali yali amanyi byafaayo bye. N'obujulirwa bwe yabumaririza ayaniriza abagala okulokoka bwati: "Bwentyo bwenayaniriza Yesu okuba omulokozi wange. Wandyagadde akusonyiwe ebibi byo, akuwe omwoyo oguteredde, era ajje mu bulamu bwo?" Fenna ne tuddamu n'eddoboozi ery'omwanguka nti "wewawo!"

## Omwoyo Omutukuvu yamukwata ku kibegabega

Emboozi eyo tekoma wano. Ku balaza yaddayo ku mulimu gwe, era kulw'okubiri ku mutimbagano ne tufuna ebaluwa. Nga egamba bweti "Nazeeyo ku mulimu ku balaza gyenkolera, awo mukozi munange gwe nali manyi nti ayita mu kaseera akazibu ennyo najja gy'endi. Mbadde nsabira omusajja ono okumala ebanga eriwera. Nangamba nti ebintu byamuzibuwalidde nnyo ku wiikendi natuuka n'okujjayo Baibuli natandika okugisoma. Nawulidde nga Omwoyo Omutukuvu ankoona ku kibegabega nga angaamba nti 'ako kekabonero ko.' N'emubuliira obujulizi bwange bwe nali mpandiise ku lupapula, ne negezaamu, n'embuwa esaawa ezimala nga sinabubulira kibiina luli. Nemaliriza n'ekibuuzo kyaffe, era tebereza kiki ekyabaddewo? Nangaamba nti wewawo, nemukulembeera okusaba esaala ey'okulokoka gy'empulidde emirundi enkumi n'enkumi mu Kkanisa. Oyinza okukikiriza? Nange nabulidde omuntu enjiri nalokoka! Nali sisobola ku kikiriza nti ekintu bwekityo kiyinzza okuberaawo! Mwebale nnyo! Mwebalire

ddala! Mwebale kuntuusa ku kutwala eddaala ely'okukiriza. Sigenda kuddamu kusigala kyekimu!"

**Kyantukaako**

Nze (John) nzijukira bulungi ebyatukaawo ku ntandika ya 1973. Singa abakulembeze b'ekibiina ekibulizi kyenjiri tebatendeka muyizi eyali asoma obwa yinginiya ayitibwa Dave, ekitabo kino tekyandiwandikiddwa. Nanibadde simanyi kujurira ngeri gye nalokokamu. Nandibadde sisobola kuyigiriza muntu yenna ngeri gyayinza okubulira omuntu enjiri. Nandi bade nkyabulidde mu bibi byange, atasonyiyibwanga, era agenda mu geyeena.

Dave yali musirise era eyebereranga obw'omu. Yalina emyaka kumi na mwenda gyokka. Bazadde be bali basabira ku Kkanisa yemu mwe nali. Yampa akatambi akayitibwa, the four spiritual laws (amateeka ana ag'omwoyo). Mu Kkanisa yaffe bali tebasomesa nti olina okulokoka, naye, akatabo nga kagamba nti olina. Buli ku sande yampanga akatambi kano. Bwe natabulwa era nga ntamiddwa, nemugamba nti nali siri musanyufu n'engeri ze era nemusaba eddiini ye ajitwaleko ewalala. Buli wiki Dave nga ajja amweenya, nambuzaako, era n'akatambi ke mungalo nga ambuuza oba nali nina ekibuuzo kyonna ku kye kali kogerako. Oluvanyuma, nga njagala okumwegobako nakiriza okuwuliriza akatambi ke yampa.

Kwolwo lwe nawulira enjiri enzijuvu omulundi gwange ogwasooka. Katonda yali tanjagala bwagazi kyokka wabula yalina n'entekateeka eri obulamu bwange. Singa nzikiriza Yesu okunsonyiwa ebibi byange era musabe afuge obulamu bwange, anandaga amakubo Katonda ge yalina og'obulamu bwange era ampe n'obulamu obutagwaawo. Bino byonna byali mu bubaka bw'omuwereza Josh MacDowell obw'edakiika asatu obwali ku katambi. Omwoyo Omutukuvu yali ampalula anziza eri Yesu.

> Tewali ayinza kujja gye ndi Kitange eyantuma bw'atamuwalula; nange ndimuzuukiriza ku lunaku olw'enkomerero.
>
> —YOKAANA 6:44

- Kitaffe akoseza abalokole okubuulira enjiri mu ngeri ewalula abaali babuze nga ebaleeta gyali.
- Obujjulirwa bwo, akapapula okuwandikiddwa enjiri, CD bisobola okukozesebwa "okubulira" enjiri eri abo abatamanyi Kristo.
- Okukiriza okwetwalira Kristo kujja na kuwulira ekigambo ekijja okubalokola.

**Kyatukawo mu diiro lyange**

Ekkanisa mu kibuga gyenva zatandika pulogulamu ey'okubulira enjiri mu kitundu kyonna eyayitibwa "ekisumuluzo 73" ("key 73"). Ekkanisa yaffe neyanukula nga etekateeka enkungaana mumaka ez'okuliira awamu ngatusa kimu. Ne mpaayo amaka gange ku zimu ku nkungaana zoku Sande ez'ekiro. Dave n'egimu ku mikwano gye nebajja. Ne batandika okwogera ku ngeri bwekiri ekirungi okubeera n'enkolagana ne Katonda n'engeri gye yali alungamyaamu obulamu bwabwe. Bayogera ne kungeri gyebali bakakasiddwa ku ngeri gye bagenda okubeera mu bulamu obutagwaawo. Akawungezi nga bamaliriza nebatandika okusaba abalina eby'okusabira babireete. Bwe bambuuza oba nalina ekintu kyonna, nantya nembagammba nti nali netaaga wiiki entono tono okulowooza ku "bintu bya Katonda bino." Nembagamba nti bwembantawa okusalawo ku bino byonna, nali n'etaaga obudde okubirowozaako.

**Basabanga bawogana**

Basabanga bogera ebintu nga, "Webale Yesu, kubanga oli wano. Webale Katonda, olw'okulaba munda mu mutima gwa John. Omanyi byonna by'alowoozako kakati. Muyambe okukukiriza nga Mukama era Omulokozi we." Esaala zonna zali ngoonvu, ezikwata ku munti ma ezitasalira musango.

Bwe kyatuuka ekiseera kyange okusaba, nali sisobola kukyebeera nakaaba bukaabi. Nayogera kimu, "Katonda wange mpanise. Nsonyiwa. Nali sikiriza nti wazukira okuva mu baffu, naye wakikola. Oli mulamu. Twala obulamu bwange. Kola kyonna ky'olina okukola. Amiina. Nakaaba amaziga ag'aviira ddala munda. Nga sisobola kwekoma ko. Dave ne banne bonna nebajja ne bangwa mu kifuba nga bwe bangamba nti "Tukwaniriza mu bwakabaka, John. Ozaliddwa omulundi ogw'okubiri."

Dave yali amaze okuntuusa ku Kristo. Omwoyo Omutukuvu yali akozeseza Dave okunyanjurira Kristo mungeri ey'andetera okwagala okumukiriza nga Mukama era Omulokozi wange. Katonda yakozesa omuyizi asoma obwa yinginiya omuvubuka eyali yewaddeyo okuyiga entekateeka entono tono ez'ali zilambuluddwa ezandeeta ne zinteeka mu maaso ga Kristo. Kino kyetuyitira okubulira enjiri okukyuusa gye tukolera.

### *Kirina kuba kyangu*

ENJIRI NYANGU. Ffe tugifuula enzibu. Obubaka bwa Yesu bwalinga bwangu. Yakozesanga olulimi buli omu lweyali amanyi. Omwoyo Omutukuvu yeyabikulanga obubaka obutuufu obwalinga emabega w'engero zo. Abo bokka Katonda beyawanga okutegeera be bamanyanga kye yali ategeeza. Bana ddiini tebakitegeeranga. Abantu abazibu ennyo ab'okubulira enjiri ennaku zino b'ebo abalowooza nti bamanyi Katonda naye nga tebalina

nkolagana naye. Ekisinga obukulu kwe kukuuma ebintu nga byangu. Kirina okuba nga kyangu nnyo nga buli mukiriza yenna asobola okuyiga amangu okubulira obulungi enjiri. Katonda teyetaaga nkayana z'abefuula abamumanyi. Ayagala bakiriza ab'abulijjo abasobola okuwa obujulirwa obwabwe obunakoma ku mitima gya mikwano gyabwe nabo be bakola nabo.

**Kyogere nga bwe kiri**

Obujulirwa obumpi obwekyo Katonda kyakukoledde bwogera bingi okusinga ennyiriri ekumi ez'ogeddwa okumu kumu. Abatali balokole bakimanyi nti oli mulokole. Tebetaaga kuwulira by'awandikibwa by'omanyi ebingi okuterezebwa. Betaaga okuwulira ngeri Katonda gye yadabirizaamu obufumbo byo. Oba engeri gye yakuletera okuva mu buyinike n'akututereza. Bagala okuwulira Katonda bwe yakuwonyaamu endwadde etawonyezeka. Bagala okuwulira engeri Katonda gyakola mu bulamu bw'omuntu nga sekinoomu. Bajja kuwulira ebintu ebifanagana byebalina era bajja kutegeera.

Dave yakozesa eky'awandikibwa kimu olunaku lwe yasoooka okwogera nange. Siri lwerabira. Yakozesa Yokaana 14:6 nga agamba "John nakizudde waliwo ngeri emu yokka ekutuusa ewa Katonda. Nalowooza nga nti waliwo amakubo mangi amalala agakutuusa ku Katonda. Nakizudde nti Yesu lye kubo lyokka etuufu okutuuka ewa Katonda."

> Yesu n'amugamba nti Nze kkubo, n'amazima n'obulamu: tewali ajja eri Kitange, wabula ng'ayita mu nze.
>
> —YOKAANA 14:6

> Okukozesa eky'awandikibwa kino mu bujulirwa bwo kubo ly'amaanyi nnyo okulangirira amazima g'obulamu obutagwaawo agajja okukulembera abalala okubatuusa ku Kristo.

Dave n'alyooka agamba nti, "John, nange nalina okuyita mu Yesu okutuuka eri Kitaffe! Ekyo kyakifuula kyangu nnyo bwenakizuula." Olwo yandekanga nenkirowozaako. Natyanga nnyo buli lwe yaletaanga ebikwata ku Katonda gwe tukolagana naye mu buntu. Naye bulijjo nga anzikakanya na kukifuula enjiri kye ekoze mu bulamu bwe nga ye. Obujjulirwa bwe bweyakozesa okumbulira enjiri. Sakitegeera nti ambulira njiri okutuusa nga maze n'okulokoka. Ne Dave yali talowooza nti ali ku njiri gy'abuulira. Yali ambulira bubulizi ebyo ebyaali bimutuseeko.

**Okubulira okusingayo obulungi**

Okubulira okusingayo obulungi kwe kwogera engeri gye wajja okumannya ku Kristo. Abantu abasingu bajja kukuwuliriza, n'abenganda.

Bakimanyi nti oli wanjawulo. Bagala okumannya engeri gye watukamu okubeera bwotyo. Akakodyo kali mu kumanya di lw'olina okubabulira. Omwoyo Omutukuvu atambula nnyo bwe tubulira abalala n'obwesimbu wamu n'endowooza ey'okwagala. Tukiriza nti Katonda ajja kutuwa enkizo okubulira enjiri singa tumusaba emikisa egyo. Engeri esingayo obulungi okuvunuka mu okuswala oba okutya kwe kusaba Omwoyo Omutukuvu okutuwa amakubo ag'okubulira enjiri. Ate bwamala nakikola, tusobola okuba abagumu nti nga bweyakitandise, ajja kutuyamba okukimaliriza. Abeerawo bulijo okutuyamba okwogera ebintu ebituufu.

## Abakiriza gye bakolera baba bawereza ku mulimu

Omukiriza ow'okumulimu yoyo aba atendekeddwa okugabana amawulire amalungi aga Mukama waffe Yesu Kristo wona wafunira omukisa. Ffena tulina "ebifo eby'emirimu" eby'enjawulo – gye tukolera, gye tugula ebintu, balilanwa baffe – ebifo ebyo byetweyunira ewatali mu maka gaffe. Buli lwe tugabana ekintu kyonna ekikwata ku Katonda tuba "tuwereza." Olw'okuba Baibuli teyawula babulizi n'abababulirwa, ekyo kyekifuula abakristayo bonna "abawereza." Mu kitabo kino tujja kukozesa abakiriza oba abawereza b'okumirimu okutegeeza ekintu kyekimu.

Yesu yeyali entiko y'okuwerereza ku mirimu. Nga bulijjo kye ky'okulabirako kyaffe ekitukiridde. Tumulaba wano na wali – nga atambula ava mu kifo kino okugenda awalala. Atuuka ku kutwaala omwana wa namwandu omu yekka okuzikibwa. Omutima gwe ne gumusasira, n'azukiiza omulenzi okuva mu bafu (laba Lukka 7:11-17).

Mu suula biri zokka, Matayo 8 ne 9, Yesu yawonya omusaja eyalina ebigenge, n'awonya omuwereza w'ekitongole, nasumulula abaliko daimoni, nawonya eyali akoozimbye, n'azukiza omuwala eyali affude, n'awonya omukazi eyalina ekikulukuto okumala emyaka kumi n'ebiri, n'awonya abasajja abazibe b'amaaso babiri wamu ne kasiru. Obuwereza obwewunyisa buno bwonna bwe bwaggwa esuula 9 ekomekereza n'enyiriri zino ezitandika nga zigamba nti abakozi batono.

> Yesu n'ayitayita mu bibuga byonna, n'embuga zonna, ng'ayigiriza mu makuŋŋaaniro gaabwe, ng'abuulira enjiri ey'obwakabaka, ng'awonya endwadde zonna n'obunafu bwonna. Naye bwe yalaba ebibiina, n'abisaasira, kubanga baali bakooye nnyo nga basaasaanye, ng'endiga ezitalina musumba. N'alyoka agamba abayigirizwa be nti "Eby'okukungula bye bingi, naye abakozi be batono. Kale musabe Omwami w'eby'okukungula, asindike abakozi mu by'okukungula bye."
>
> —MATAYO 9:35-38

## Ffe tulina okuba abakozi abo!

Mu Matayo 10, Yesu yayita abayigirizwa gyali n'abawa obuyinza okugoba daimoni omubi era n'okuwonya endwadde zonna n'obunafu bwonna. Yesu atulaga ky'ayagala tukole mu bulamu buno bwetulimu. Kino tusobola okukikola! Buno obulamu nga bunyuma okubeeramu! Kino kyetwogerako mu kitabo kino.

**Gye tukolera**

Nga bwe twogedde gyebuvuddeko, tuvunudde gyetukolera nga ekiffo ekiri ebweru w'amaka gaffe gye tukolaganira n'abantu. Kino kizingiramu ku mirimu, gy'etuzanyira, emiriraano, n'ebiffo gye tutera okugenda. Obuwereza bw'okutabaganya bukolebwa eyo abantu gye basisinkanira. Kino kiyinza okutukawo mu luggya lwo, oba muliranwaawo akuyise mulye omuchomo, oba gye batundira emirengo gy'ebibala.

*Obujjurirwa bw'okumirimu*

**Yimiriza ennyonyi eyo**

Twali tukomawo okuva okuwereza ennyonyi yaffe n'elwaawo okutuuka mu Portland, ekya Oregon. Nga tudduka okukwaata ennyoni eyali egenda okuva awo mu Portland okututuusa mu Bend, ekya Oregon gy'etubeera, n'etulengera nga geeti nzigale. Bwe twabuuza, abikolako natugamba tuduke nga bwakubira b'ekikwatako. Enyonnyi Yali ntono era nga n'ebiwujjo bitandise okw'etoloola, nga n'oluggi balugadde. Wabula oluggi nelw'eggula era agikolako n'awogana nnyo tulindeko katono. Twagenda okulaba nga abasabaze babiri abanyiivu bafuluma era ffe ne batugamba nti kakati ffe tuba tulinnya ennyonyi.

Bwe twali tutambula mu kakuubo, nze (Sonja) n'embuuza Mukama ekyali kigenda mu maaso, olwo amaaso gange ne gaggwa ku kawala akato, nga kalinga ka myaaka kumi n'ebiri oba kumi n'esatu, nga katudde ku ntebe okumpi ne wenali ngenda okutuula. Kali kagenda kutambula koka, kali kambadde ebijaketi era nga k'ewumula wumula konna omubiri. N'antandika okunyumya naye nga ntandikira ku biscuit gwe najja mu nsawo yange. Nga tumaze edakiika nga kumi mu bbanga n'amubuuza kiki ky'alowooza ku Katonda. Yasooka kulowooza oluvanyuma n'agamba nti "ndowooza Katonda mulungi" Awo wenyini weyali wenatandikira n'emugamba nti yali mutuufu ddala. Olwo n'enzirako okumubuuza oba yali akimannyi nti Katonda ono amwagala. Twanyumiza ddala okutuuka lw'enawulira nga nungamizibwa okumubuuza oba yali ayagala okumannya Katonda ono nga ayita mu Mwana we, Yesu Kristo, nti senga ekintu kimala ne kimutukaako ajja kumala obulamu

bwe emirembe n'emirembe nga ali ne Katonda ono ajjudde okwagala. Olwo nambulira nga bweyabulako akatono okuggwa mu mazzi mu biseera by'ebbugumu nti era yatya nnyo mu kiseera ekyo.

**Bwatyo yasaba**

Bwe namubuuza oba nga yandyagadde okusaba Yesu ayingire mu mutima gwe era amusonyiwe byonna bye yali akoze ebibi, yayanukula na kukoteka mutwe gwe n'okwambusa emikono gye nga omwana omuto bwakola. Amaziga gannyunguka bwe namwatuza obulokozi nga n'ennyonyi yaffe bwekka. Nemuwa erinnya lye Kkanisa enungi mu kibuga kye era n'emugamba abakyalire ko ku Sande. Nangamba nti ajja kukola bwatyo. Erinnya lye n'endiwandiika ku lukalala lwabo bensabira era musabira entakera.

Tukiriza Mukama ajja kutuwa emikisa gino singa twewayo okukozesebwa, nebwaba nga alina okuyimiriza ennyonyi atusisisnkanye nabo mu budde bwenyini! Bwe tusigala nga tulindirira omukisa gw'okuwereza, bulijo Mukama aggula enzigi empya olw'emirimu mu bwakabaka bwe. Esaala yaffe eyabulijo esobola okubeera, *Mukama, leero newaddeyo okukola. Nsobozesa okumanya singa otuuka okubaako kyoyagala okukola.* Okuba nga wewaddeyo okukola kitegeeza okuba nga wewaddeyo okubaako gw'oyamba. Eby'etaago biri buli wantu. Yesu bwaba alina "abagaba ebirabo" nga bakolera gy'ebakolera, kimwanguyira okugaba ebirabo okusisinkana eby'etaago ebyo. Naye y'etaaga abayigirizwa abewaddeyo basobola okuyitiramu okukola. Awo wetuyingiriramu. Ekyo Paulo kyeyakola mu Bikolwa 16.

> Awo ku lunaku lwa ssabbiiti ne tufuluma mu mulyango gw'ekibuga okugenda ku mugga bwe twalowooza nga yaliyo ekifo eky'okusabirangamu: ne tutuula ne twogera n'abakazi abaakuŋŋaana. Awo omukazi erinnya lye Ludiya, omutunzi w'engoye ez'effulungu, wa mu kibuga Suwatira, eyasinzanga Katonda, n'atuwulira: Mukama waffe n'amubikkula omutima gwe okuwuliriza Pawulo bye yayogera. Bwe yabatizibwa ye n'ennyumba ye, n'atwegayirira ng'agamba nti Oba nga munsiimye okuba omwesigwa eri Mukama waffe, muyingire mu nnyumba yange mubeere omwo. N'atuwaliriza.
>
> —EBIKOLWA 16:13-16

- Wonna abantu we bakungaanira wasobola okuba ekifo enjiri webulirwa
- Obubaka bwaffe bulina okuba nga bwogera eri abo abakunganye, era nga tufaaayo eri abo ababuwulira.

- Ludiya yali muntu mukozi nga mutunzi w'engoye ez'effulungu. Kirabika nga ye n'abenyumba ye be bantu bokka abakiriza obujjurirwa bwa Paulo.
- Naffe tusobola okuba abawereza b'okumirimu.

Twawebwa obuwereza obw'okutabaganya ensi eyabula era eri mu kuffa edde eri Kristo. Bunno bwe buwereza bwe tukolera awamu n'Omwoyo Omutukuvu. Atuwa ebirabo okusobola okutukiriza obutumwa bwe. Obutumwa bwe bwe buwereza bwaffe. Alina "omulimu gw'okugaba ebirabo" ogugenda mu maaso. Ffe tiimu etambuza ebirabo. Ekyetaago buli wekirabikira, w'aberawo omuntu atambuza ekirabo okugaba omukisa nga bwasisinkana eky'etaago ekyo.

**Naye watya nga maama wange ali mu geyeena?**

Barb yajja mu Baibo sitade ewaffe nga anoonya. Yanjogerera bingi nnyo era n'alaga obutakirizaabwe ku bukristaayo wamu n'engeri gye "bukirizza nti obulokozi buli mu Kristo yekka." Twayaniriza ebibuuzo bye mu kwagala era n'etumuddamu mu ngeri yonna esoboka. Nga wayiseewo emyezi mitono tono, natugamba nti ekintu kyokka ekimulemeseza okukiriza Yesu nga omulokozi we kwekuba nti Nnyina yaffa tamanyi Katonda, era nga ekyo kitegeeza nti taliddamu kumulaba. Twasaba Mukama amagezi, era n'etulungamizibwa okw'ogera naye bwetuti:

- Tosobola kumanya kiki kyali ddala mu mutima gwa maama wo. Ffe tutunula kungulu naye Katonda y'akebera emitima.
- Katonda mu kumanya eby'omumaaso, amanyi oyo yenna agenda okukiriza ekirabo eky'obulokozi
- Senga maama wo yali wakukiriza okulokoka, ayinza okuba nga yakikola nga tanaba kuffa. Bwaba nga yali siwakukikola yandibaddewo emyaaka emirala ataano era nga tewali njawulo.
- Ku kakasibwa ki kw'olina kati nti ojja kulaba maama wo bw'olifa?
- Katonda mwenkanya era wakisa; n'olwekyo, osobola okumwesiga mu nsonga eno.

Okunyonyolebwa okwangu bwe kuti kwaddamu okukaaba kw'omutima gwe era nakiriza Yesu Kristo nga omulokozi we. Okukyusibwa kwe kwali kw'ewunyisa kubanga yasobola okuteeka obulamu bwa maama we obutagwaawo mu ngalo za Katonda omwenkanya era omusasizi gwe yajja okumanya nga ayita mu Baibo sitade ey'okumurirwaano.

**Wetukolera wagule**

Lumu mu tuntu nze (John) nali nyanguwa okugula Baibuli gye nakozesa okubulira enjiri. Waliwo omuntu omulala omu mu duuka nga

ogyeeko kazitunda. Nalina ensisisnkano ez'obusubuzi mu saawa eyo n'olwekyo salina budde bungi kunoonya noonya. Nempulira nga ntamiddwa omuntu ono eyali agenda mu maaso nga ambuuza nzivunula ya Baibuli ki gyaba agula, ne nebuuza munda muli nti "Lwaaki abuuza nze?" "Ayi Mukama obudde nga sibulina kati." Mangu ago nenzijukira nga nasabye kumakya okuba nga wenkolera emirimu gy'obwakabaka wanaaba wagule. Nasubiza Mukama nti njakukola kyonna kyanaba agambye.

## Esisinkano ey'obwakatonda

Nga bwe ntunula ku saawa yange n'ambuuza omwami ono nti, "Omuwandiisi wa Baibuli eno omumanyi kwenkana ki?" Nangamba nti, "Otegeeza ki?" Nemugamba, "Singa ofiira wano, onobeera ne Yesu Kristo?" Nagamba, "Simanyi." Nemubuuza "Oyagala okumanya era obeere n'obukakafu?" Nangamba nti, "Haa, kale wewaawo. Njagala." Nempulira nga Mukama angamba nti "Fukamira naye." Nemugamba nti "Tufukamire wano wenyini tusabe esaala enyimpi. Ekyo kinakuberera kyangu?" Nangamba "Kirabika kirungi." Nenkulembera omusajja ono okujja ewa Yesu Kristo okuyita mu saala enyimpi eyasabibwa, ku maviivi gaffe mu duuka wakati. Nemugamba agambe kitunzi kiki ekimutuseeko. Olwo n'amwaniriza ku Kkanisa nga bwe tusasula Baibuli zaffe empya. Ebyo bwe byaggwa, nasobola okutuuka gyenali ndaga mu budde. Okubeera nga oguddewo okukola emirimu tekitegeeza nti olina okubeera nga okute Baibuli ennene. Kitegeeza kuba nga ofaayo eri eby'etaago by'abantu yonna gyolaga.

## Muliranwa

Lumu, nze (John) nali nina by'enkola mu luggya nendaba muliranwa wange atali mulokole ngasala oluguudo nangamba nti ye n'abomumaka ge bali bagenda kulugendo okuwumulamu. Ne newaayo okukuuma ennyumba n'ebintu byaabwe. Newankubadde twali tetumanyaganye nnyo, yasiima nyo era nampa ebiragiro singa wagwaawo obuzibu. Nga wayiseewo ekiseera bwetwabaniriza, bakiriza okujja okubeera mu kivulu ky'okubulira enjiri ekyali kitegekeddwa ku Kkanisa yaffe. Twafuuka ba mikwano ddala. Eky'etaago kyabwe kyasonga olunye ku kimu ku birabo bya Katonda. Bali betaaga ekirabo eky'okuyambibwa. Naffe netukibawa. Ne beggula okuwulira enjiri. Twenyigira mu buwereza bw'okumirimu nga abakozi wamu ne Katonda.

> Era bwe tukolera emirimu awamu naye tubeegayirira obutaweerwa bwereere kisa kya Katonda kubanga ayogera nti Mu biro eby'okukkirizibwamu nnakuwulira, Ne ku lunaku olw'obulokozi nnakuyamba: laba, kaakano bye biro eby'okukkirizibwamu; laba, kaakano lwe lunaku olw'obulokozi.
>
> —2 ABAKKOLINSO 6:1-2

Katonda abeera mwetegefu okulokola abantu. Tulina okubeera nga twetegese nga ebikozesebwa bye okwaniriza abalala ku lunaku lwabwe olw'okulokolebwa.

## Di lwe kibeera ekiseera ekirungi?

Waliwo obubonero obutulaga akakisa k'okubulira enjiri nga katokota. Bwoba nga oli nabatanaba kulokoka, waliwo obubonero obulabikako obukuleteera okumanya nti ke kaseera okuwa obujjulirwa bwo. Eby'okulabirako ebitono tono bibino:

- Emboozi wonna wekyukira okudda ku bintu by'omwoyo
- Wonna wowulirira enjogera ku Katonda oba ku Yesu etali ya Baibuli
- Wonna we bogerera ku kizibu kye bayitamu nga ate gwe Katonda yakikuyisaamu dda (emize egizikiriza, ebitamiza, obuzibu mu makka, ekibi n'ebilara).
- Senga omuntu akugamba nti alina olumbe olugenda okumutta kyokka nga olinayo omuntu (oba gwe kenyini) eyasaba era Katonda n'amuyisaamu bulungi.
- Senga batandika okw'ogera ku kintu kyewakawulirako mu Kkanisa oba kye wakasomako mu kitabo eky'omulokole.
- Wonna Omwoyo Omutukuvu wakugambira nti ke kaseera obeere omujulirwa.

Olukalala lw'obubonero obwo byonna wagulu by'oyinza okuyita "eby'okulabirako" mu mboozi. Bino byebitono ennyo ku nkumi n'enkumi z'ebirara ebisoboka okukutemyaako.

## Okukutemezebwaako Omwoyo Omutukuvu

Emu ku ngeri esinga obwangu ey'okutandika emboozi okugiza ku njiri kwe kulinda okutemezebwaako oyo gwoyogera naye. Oluusi okutemezebwaako kuno tekujja. Naye linda okutuusa lwe kunajja. Kulina okubeerawo kwokka era tokukakanga. Okutemezebwaako kuno kulungamizibwa Omwoyo Omutukuvu. Gwe bwomala n'okyuusa emboozi embagirawo okugiza ku kwogera ku Yesu Kristo kiretera atali mulokole okufungiza. Bwatuuka kusa ery'okuziyiza, kimuberera kizibu nnyo okuwulira by'omugamba. Leka Omwoyo Omutukuvu akole omulimu gwe nga bwayagala.

Sonja yafuuka kafulu mu kukozesa okutemezebwaako mu mboozi eyo gy'akolera. Kinewunyisa okumuwulira amangu ago nga akozesa ekintu ekyabulijjo emboozi n'agiza ku bintu bya Mukama. Lumu omuwandiisi we yajja n'amubuuza oba ekiro yali alabye omukutu ku TV ogw'ekiddiini okwali eyayogera nti omuntu ye katonda. Kigenda okuzuuka nga Sonja yali yabirabye era n'akozesa omukisa ogwo okwogera ku bukulu bwa Katonda

bw'obugerageranya ne sitani. Ekikulu kyali nti amaanyi ga Katonda bwe geraga mu mulokole, omuntu asigala asobola okutegeera. Naye okusinziira ku mwanjuzi yennyini, "ekintu kyamukwata era nekimwogererako" Omuwandiisi yewunya nnyo nti amaanyi ga sitani gakwata omuntu ne gamufuula omuddu. Ku ludda olulala, amaanyi ga Katonda gakozesebwa okuwonya wamu n'okusumulula omuntu okuba ow'edembe. Oluvanyuma Sonja yasobola okukulembera omuwandisi we ow'omuwendo okudda eri Mukama.

Ebyo tebyakoma awo. Omuwandiisi oyo yamaliriza ayaniriza abagenyi okujja mu lukungaana Sonja lwe yali ayogereramu. Bwe yayita abagala okulokoka ayaniriza abagenyi ono yeyasooka okuwaayo obulamu bwe eri Kristo. Kino kyali bwekityo kubanga Sonja yatemezebwaako n'ayanukula ekibuuzo ekikwata ku bintu by'omwoyo. Naye yakikola n'obukakamu n'okuwa ekitibwa mungeri etatiisatiisa. Nzikiriza kino Peetero kye yali atugamba okukola.

> Naye mutukuzenga Kristo mu mitima gyammwe okubeera Mukama wammwe; nga mweteekateeka bulijjo okuddamu buli muntu ababuuzanga ensonga ey'okusuubira okuli mu mmwe, naye n'obuwombeefu n'okutya.
>
> —1 PEETERO 3:15

- Bwe twanukula mu ngeri eya bulijjo, etatiisatiisa, abantu bajja kusigala nga bagala okumanya obulamu bwaffe mu Kristo.

- Obuwombeefu n'okusaamu abantu ekitiibwa wamu n'okutegeera ebintu by'omwoyo bijja kugulawo emokisa mingi nnyo egy'okukulembera abalala okutuuka ku Kristo.

**Watya nga betegese dda?**

Ebalilirwe ojja kusisinkana omuntu eyetegese ennyo okwetwalira Yesu nga Omulokozi we nga nawe okimanyi. Kino bwekitukawo, tukusemba obeere n'ebibuuzo bibiri bino. Emyaaka John weyaberera ne Christian Broadcasting Network, Ebibuuzo bino bye byaletanga enjawulo oba omuntu anakiriza okulokoka oba nedda. Bino ebibiri tubikozeseza mu mbeera zonna ez'okubulira enjiri. Ebibuuzo bino obiddamu na yee, oba nedda. Bikola bulungi nnyo nti tubisemba okukozesebwa omuntu ayagala engeri "y'okumaliriza" obujulirwa era aletere omuntu okuwaayo obulamu bwe eri Kristo. Kikola bwekiti:

Mubuuze: “Singa ofa olwaleero, oyinza okubeera ne Yesu?” Bayinza okukwanukula nti, “nsubira mbera naye,” oba, “simanyi,” oba, “sirowooza nga mbeera naye.”

Damu obabuuze: “Wandyagadde okukakasiza ddala?”
Bajja kukugamba yee oba nedda.

Bwe bakugamba nti yee, olwo obakulembera bukulembezi mu saala eno:

*Yesu, njagala okubeera nawe bwe ndifa. Nsonyiwa ebibi byenkoze byonna. Jangu mu bulamu bwange. Nenenya ebibi byange. Beera Mukama era Katonda wange. Amiina.*

**Kyangu ate nga kiri ku mulamwa**

Bwe twali tukungaanye ku Kkanisa omu ku mukwano gyaffe yatwanjula eri mugandawe eyali talokokanga. Mu mboozi yaffe enyimpi naye omwami ono yalaga nti yali “akebera” Katonda.” Atali mulokole bwamala naleeta ebya Katonda, ekyo kibeera kide nga ky’ekivuga okuva ew’Omwoyo Omutukuvu. Nze (John) namugamba bugambi nti “ofaayo bwenkubuuza ekibuuzo kino?” Nangamba “nedda.” Nemubuuza “Singa ofa ekiro kyaleero, obeera wamu ne Yesu Kristo?” Nangamba “ekituufu siyinza kwanukula kibuuzo ekyo,” Nemubuuza nti, “Wandyagadde okukakasa nti omanyi?” Nangamba, ”Buli muntu teyandikyagadde?” Nendyooka mugamba nti, “Saba nange oyatule.” Nenteeka omukono gwange ku kibegabeega kye, nenkotamya omutwe era nentandika esaala enyangu ey’okwenenya wamu n’okusaba Katonda okumusonyiwa. Era nga naye bwagiddamu kigambo ku kigambo.

Ffena ne tuddamu nti “Amiina.” N’alyoka antunulira era nagamba nti, “ekyo kibadde ky’amaanyi, webale nnyo.” Nenziramu ne mubuuza, “Singa ofiira wano, obeera wamu ne Yesu Kristo?” Nantunulira enkaliriza, era nga amweenya nangamba nti “Nzikiriza mbeera naye.” Nemugamba nti “Nkimanyi obeera naye kubanga wakamala okuzalibwa obujja.” Ne mukwata mungalo era nemugamba nti taliddamu kubeera kyekimu. Naddamu nanebaza. Oluvanyuma mikwano gyaffe abamuleeta batugamba nti bewuunya engeri enyangu gye twamwatuzaamu obulokozi. Netubebaza olw’okutekateeka omusajja ono nga bamusabira. Twamanya nti yali yetegese. Twali bawereza ba ku mulimu era twakakasa nga omusajja ono afuna olutindo olumuyunga ku kusisinkana Yesu Kristo.

**Esuubi lyo lya lyeraga lwaatu?**

Abatali balokole bamanyi kiki kyetuli. Kirina kuba kya lwaatu. Kirabisibwa mu byetukola era nenjogera.Yesu yagamba nti balitutegerera ku ngeri gye twagalana-mu buli omu munne. Tetwetagisa kubulira betukola

nabo. Bamanyidde ddala tuli bantu ki okusinziira ku ngeri gye tubayisaamu. Omuntu asobola okutegeera oba tuli ba mazima okusinziira ku ngeri gyatulabamu buli lunaku. Abantu batunulira engeri gye tuyisaamu abalala mu ofiisi, ku somero, ku mulimu, era n'awaka. Yensonga lwaaki Paulo yatukubirizza okukiriza ebibala eby'omwoyo okukulukuta okuyita muffe. Olwo ebikolwa byaffe byogere n'obuvumu ku muntu alina esuubi erisukuluma elya bulijjo. Abalala bwe balaba ebibala nga bikola, ekitangaala kye suubi kijja kwaaka ekyo nga kiva mu oyo yeka agoberera Yesu Kristo.

## Esuubi ligulawo oluggi

Peetero mutuufu. Tulina esuubi eriretera abantu okulitubuuzaako. 1 Peetero 3:15 kya muwendo Kitugamba kiki eky'okukolera esuubi lye tulina. Esuubi likuggulira oluggi olw'okubulira enjiri. Abantu basikirizibwa abo abalina esuubi lyenyini – esuubi erisobola okugonjoola ebizibu by'omuntu; esuubi erisobala okuvunuka okunyigirizibwa okungi mu bantu; era esuubi erisobola okukiririza mu Katonda abalungamya okudizibwa obujja era ne mu mirembe. Bwetuba nga tuli bantu bwebati, abantu kunkomerero ya byonna bajja kutubuuza esuubi lino era nabo gye basobola okulija. Awo wogambira nti "Ndi musanyufu kubanga obuziza. Kakubulire engeri gye nafunamu esuubi ery'oluberera."

## Bukerubi obuto obwali kumuriraano

Waliwo lumu wetwaberera mu mizigo emirungi mu kifo ekyaali nga kya bantu abakadde kadde bokka. Ku lw'omukaaga nze (Sonja) nasikanga kabalagala era nga akawoowo katambulira mu mpewo. Lumu ku naku nga zino akade koku luggi ne kavuga era nagenda okulugula nga omwana nga wa myaaka ngamukaaga yali ayimiridde ku mulyango. Nangamba nti "Oli otya, erinnya lyange nze Gwendolini, era njagala kukwebaza olwokukola akawoowo akalungi bwekatyo." Ne nseka obuseko obutonotono nga bwe mwenyeza ka kerubi akabalagavu kano akalina enviri enzirugavu, enpaanvu eza munyerere nange nemuddamu nti," Nze Sonja, era nandyagadde okugabana kabalagala waffe nawe singa maama wo akukiriza." Nayanguwa okukyuuka okugenda nga bwagamba nti "Twakasenga wanno era manyi nti mange ajja kunzikiriza." Era nga bwegwali, yakomawo ko, era nemwaniriza tunywe ku mata era tulye ne kabalagala.

Twafuukirawo ab'omukwano, era buli wiiki nga ajja ne mikwano gye gye yali asisinkanye wiiki eyo. Nga tewanayitawo banga gwanvu kyalabikirawo nti tewali kubano abaana omusanvu eyali omulokole oba eyali ageda ne ku Kkanisa. Buli wiiki nga bwe bambulira ku bulamu bwaabwe, kyali kikwasa ennaku okuwulira ebintu ebimu byebali bangamba. Ebimu ku bintu omuto Gwendilini bye yagamba mwe mwali ne maama we bweyalwaana ne muganzi

we era omusajja nanoba naava awaka wabula, nti salina kwelarikirira, kubanga nnyina yawasa omusajja omulala eyayingirawo enkeera!

Ku Sekukulu nabulira abaana bano ebyaliwo ku Sekukulu eyasooka, era babyaagala. Gwendolini nansaba oba nga nababulirangayo olugero buli wiki. Ne mugamba nti nja kusanyuka okukikola singa bazadde babwe babakiriza. Nayogera ne bazadde babwe bonna era nembagama nti nja kukozesa Baibuli y'abaana erimu n'ebifananyi, era nayo ne njibalaga. Bonna bakiriza era ne tutandika omwaaka omujja nga tuyiga ku Yesu. Omu kw'omu, nakulembera abaana abo okulokoka era n'okubeera n'enkolagana ne Yesu.

Bwe wayitawo emyezi mitono, abazadde ba Allan ne Michero ne banyimiriza mu luggya ne banebaza okumala ebiseera n'abaana babwe. Mwattu bewuunya enkyukakyuuka ezali zituuse mu baana bano. Nabanyonyola nti kyali bwe kityo kubanga bali bategede Yesu Kristo ku lwabwe era nga Ye yaletawo enkyukakyuuka ennungi. Ne bamweenya ne banebaza ekiyitiridde.

We gwatukira ogw'omukaaga, buli omu ku baana abo omusanvu bali basenguse. Kyali nga gunno gwe gwaali omwaka Katonda gwe yabategekera mu bulamu bwaabwe obw'omuwendo weyali alina okugolola omukono gwe okukwata ku mbeera eyali etabuse annunule emitima gy'abato banno.

Okubeera abawereza abakozi gyetukolera tulina okubeera abataliko bukwakulizo. Abazadde b'abaana bano bali tebali ku byakutwaala wadde okusindika abaana babwe ku Kkanisa, naye nga tebalina buzibu na kubakiriza kujja waffe ku muliraano. Nbalowozaako bulijo abaana abo era mbasabira abo Mukama be yanesigisa mu kaseera ako.

### *Okukuguka mu kuwa obujurirwa bwo eyo gyokolera*

EBIGAMBO BYALI BIKUWEDDEKO nga batandise okwogera ku Katonda? Ffena kyali kitutuseeko. Abakiriza abasinga basirika bwe batuuka wakati mu kaseera ak'okubulira enjiri. Omu ku bayizi baffe ku MTC yagamba, "Nali nkimanyi nti nalina okubulira enjiri. Naye nawulira nga silina bya kukozesa nti singa nali nkikoze nandi byononye bwononyi nga omuntu ono talilokoka nate. Naye wiiki ntono nnyo ku MTC nawulira nga nina obuvumu okubulira abatali balokole ebyali byantukaako. Ekya newunyisa ennyo nti abantu benagabana nabo bonna bali bagala okwetwalira Yesu nga omulokozi wabwe!"

Yali akuguse mu kuwa obujulirwa bwe. Okukuguka mu kuwa obujulirwa bwo kitegeeza okubulira ebimpimpi ebyakutukaako Yesu bwe yajja mu bulamu bwo era n'engeri gye yaletawo enjawulo. Buli omu alina obujulirwa bwanjawulo. Ekyo kye kibufuula obw'amaanyi. Abatali balokole babeera bebuuza ekifuula abalokole abenjawulo. Bayinza okulabikanga obukeneka oba abatulwanyisa oluusi. Bajja ku kulya ekimuli, oluusi naye

bwebakikola, Omwoyo Omutukuvu ayinza okuba akugamba olinde omulundi omulala.

## Baibuli okusinziira ku gwe

Kigambibwa nti Baibuli atanalokoka gy'alaba yeggwe. Bakusoma batya? Bakusoma mungeri gy'oyagala bakusome mu? Yesu yagamba, "Etteeka eriggya mbawa nti Mwagalanenga; nga bwe nnabaagalanga mmwe, era nammwe mwagalanenga" (Yokaana 13:34). Bwe twogera kungeri ekisa kya Katonda bwe kitukyusizaamu okuva mu ekyo kyetwali luli okutuuka ku kiki kyetuli kakati, abantu bajja kuwuliriza. Obujjulirwa bwaffe bulaga Katonda ono ajjudde okwagala alaga ekisa, okusonyiyibwa, era n'okudizibwa obujja eri abantu abamenyefumenyefu era ababetenteddwa. Obujulirwa bwaffe busumulula obubaka obujja obw'esuubi era n'ekubo erikufulumya okuva mu kibi n'obutali butukirivu bwonna. Eyo ye Baibuli okusinziira kugwe. Abatali balokole tebetaaga kugiwulirako buwulizi baagala okugiwuliriza.

*Obujulirwa obuletera abantu okudda eri Kristo*

## Ebirungo ebibeera mu bujjulirwa obulungi

Okukakasa obujulirwa bwo bwoowa ku mulimu ky'etagisa okutegeera lwaki ky'amaanyi nnyo eri abatali balokole. Okunlondayo ebitundu mu byafaayo byo ne Yesu Kristo ebinakoma ku balala kyetagisa okukirowoozaako. Abo b'obulira bajja kwaniriza obujulirwa obukola ennyo era obubotola ne bwogera eri obulumi wamu n'ebyetaago byebalina. Ebirungo eby'obujulirwa obulungi bijja kuzingiramu ne bino:

- Mu bimpimpi kiki kye wali era ne kye wali oyitamu nga tonalokoka.
- Ebintu ebyakuletera okukyuka otunulire Katonda akuyambe.
- Ebintu byonna ebyaliwo nga wewayo n'okakana eri okwagala kwa Katonda.
- Mu bimpimpi kiki ky'oyitamu kati ekivudde mu kukyukira Katonda akuyambe.
- Okuzaamu amaanyi abo abakuwuliriza nti nabo basobola okuyita mu bintu byebimu singa bakakanira wansi wa Yesu Kristo.

## Kikuume nga kyangu

Ebirungo bino biyinza okulabika nga ebyangu. Bino byonna bisobola okwogerebwa mu dakiika nga tano. Bangi bayinza okukayana nti olina okukozesa eby'awandikibwa bingi. Kino kiyinza okuba ekituufu mu ngeri ezimu, naye wajja kubaawo akaseera ak'okunyigawo eky'awandikibwa singa kiba ky'etagisa. Wewale okukozesa ebigambo nga "Baibuli egamba…," oba, olunyiriri olwo 9 esuula 10 mu Baruumi egamba…" Abatali balokole tebakiriza nti Baibuli erina ne kyebagasa mu bulamu bwabwe. Gwe kwaata

amazima ga Baibuli ogafunze, ogateeke mu bujjurirwa bwo. Tebajja kumanya nti onokodde yo ky'awandikibwa. Omwoyo Omutuukuvu yajja okukikozesa awaguze mu mitima gyabwe ab'agazise okwagala okumanya Kristo. Ebintu bitaano bibino ebikola obujjulirwa obulungi:

## 1. Babulire kiki kyewali

Kubanga tuli mu nsi ejjudde obubi, abantu mu Amerika bamanyiira okuwulira mikwano gyaabwe nga beyogerako ebintu ebibi. Kitundu ku mpisa yaffe okwogera ebintu ebibi. Bulijjo twogera ku masanganzira agaddako kubitaala nga ebitaala ebimyuufu bwe bigenda okukukwata, sosi ekya kiragala okukuleka oyitewo. Abawa embalilira bulijjo bakaatiriza nnyo ebitundu 25 abatakiriziganyiza okusinga 75 abakiriza. Omuntu bwayasimula bulijo abantu bayanukula bamugamba nti, "Olina senyigga oba olina ekirwadde ekirala?" Amawulire g'ekiro tegatera kwogera ku bintu birungi by'abaddewo emisana. Byokka bye tuwulira era n'okulaba bibeera muliro, ennyonyi eyagudde, abakazi abasobezeddwaako, abatemuddwa, entalo wamu n'ebintu ebirala eby'okuyiwa omusaayi.

Kale no, okutandika obujjurirwa bwo nga oyogera ku ngeri gyewali otabuddwaamu kiba kintu kirungi ekiretera atali mulokole okukuwuliriza. Ekyo bakitegeera. Baali babaddeyo eyo oba bayinza n'okuba nga bayita mu bintu by'ebimu. Buli omu alina ekiseera ebintu we biberera ebibi. Ebibi byayingira dda munsi. Ebintu ebibi bituuka ku bantu abalungi. N'abalokole tebalina ngabo bwekituuka ku bubenje, okuyisibwa obubi, wamu n'okuyiganyizibwa ebirumba obulamu bwaffe. Tubeera mu nsi eyagwa era eggwaawo. Ebintu ebibi bituuka ku buli muntu.

Okuteeka ebintu eby'ayita eby'akutukako nga tonalokoka mu bujjulirwa tekirina kubeera nga kya kubalatiramu oba okwenyumirizaamu nga ayagala okukiddamu. Tetulina kusigala mu by'ayita. Birina kw'ogerwaako nga eby'aliwo ebinyonyola kiki kyewali oyitamu era wali muntu wakikula ki nga tonasisinkana Yesu Kristo. Kino kyetagisa okukatiriza nti wali tojja kuwangula era nga wali wetaaga ekubo ery'okutolokeeramu. Kino kikuletera okutuuka ku kiki kyogenda okuzaako mu bujjulirwa. Abantu nga Sonja abakiriza Mukama nga bato bayinza okutandika obujjulirwa bwabwe n'ekintu ekyatukawo mu bulamu bwaabwe eky'abaletera okukyuka okudda eri Katonda n'omutima gwabwe gwonna. Oba oli awo bwali bufumbo obuzibu, bulwadde, okufa kw'omwana, oba akabenje.

## 2. Kiki ekyakuletera okuzza amaaso go ku Katonda?

Abantu abasinga basobola okutegeera ebitu ebyabatukaako mu bulamu nga eky'okukola kibabuze okusobola okugonjoola ebizibu byaabwe. Kikulu nnyo okwogera ku bintu ebyo ebyakutukako wewamanyira nti oli mu masangazira. Oyinza okukatiriza ensonga nti singa wali weyongedeyo mu

mbeera mwe wali wandikomye. Oyinza n'okunyonyola nti mikwano gyo n'abazade bakugamba okole bwotyo. Osobola okunokolayo abantu sekinoomu mu bujjulirwa bwo abakuletera okukyuusa amaaso okugaza ku Katonda akuddemu. Wano wotuuse mu bujjulirwa kiba kikulu okunyonyola engeri gyewali owuliramu mu kiseera ekyo. Kakati akaseera katuuse okudda ku kirala mu bujjulirwa bwo.

### 3. Kiki ekyakutukaako bwe wewayo?

Atanalokoka yetaaga okuwulira byonna ku kimwetagisa okwewaayo eri Kristo. Obujjulirwa bwo bulina okubaamu okulambulula engeri gye wewayo ne wetowaza eri Katonda. Kino kiggula oluggi eri abakuwuliriza okumanya bwe bayinza okwewaayo eri Yesu Kristo. Twaala obudde onyonyole engeri gye wali owuliramu, bigambo ki bye wagamba Katonda, n'engeri gye wawuliramu mu kiseera ekyo kyenyini. Kino kirina kinene kye kikola ku muntu akuwuliriza. Kino ekitundu tokibuuka bubuusi. Kye kintu ekikulu ekiretera omulala okwagala okukola kye wakola oba okukigaana. Kireke kibeere ekintu ky'otategese ekinyonyola empuliziganya era n'okwewayo kwo eri okwagala kwa Katoda mu bulamu bwo. Bw'omaliriza oddamu esaala gye wasaba Mukama, obeere nga olaga atanalokoka engeri ey'okusaba. Kibalaga engeri ey'okwetwalira obulokozi nga gwe bwewakola. Tewetaagamu katemba. Ky'ogere nga bwe kyaliwo.

### 4. Kakati kiki ekigenda mu maaso?

Obujjulirwa bwo bulina okukomemereza n'ebyo ebyakutukaako oluvanyuma lwo kugondera Katonda. Ekitundu kino kirina kuba kirungi. Newankubadde nga ffena tuli mu lugendo olw'okukyusibwa okuba nga Yesu, tewali yali akituseeko. Naye ate tusinga nnyo wali wetwasokera. N'olwekyo babulire ko akatono ku kiki ky'ofuuse n'ebintu ebirungi ebikutuuseko okuva lwe wasalawo okugoberera Kristo. Byonna by'oyitamu byesigamye ku Katonda. Babulire enjawulo gyebikoze mu bulamu bwo, ku mulimu, oba enkolagana yo n'abalala. Abatanalokoka betaaga okuwulira emiganyulo egy'okuwayo obulamu bwabwe eri Yesu Kristo mu ngeri ebakwatako nga bo. Kino kijja kubayamba okuwaayo obulamu bwaabwe eri Mukama.

### 5. Bawe omukisa okusalawo

Bulijjo okomekerezanga obujjulirwa bwo nga okubiriza abakuwuliriza okukola ekyo kye wakola. Bwoba nga obadde mwesimbu, ow'amazima era ayogera ekikuli ku mutima, abakuwuliriza bajja kwagala okubaako kye bakola ku kiki ky'obagambye. Bwe baba bagala okulokoka, babuuze! Bwe baba bagala okuddamu okuwayo obulamu bwaabwe era babuuze! Bwe baba bagala okwenenya ekibi kyabwe era baterere ne Mukama, babuuze! Mu kiseera kino Omwoyo Omutukuvu aba abakomyeeko, nga

abawalula mu kwagala okudda eri Kristo. Katonda yakamala okukukozesa okubulira enjiri mu ngeri gyebategeera era ebakomako. Bulijjo maliriza obujjulirwa bwo nga oyaniriza abakuwuliriza okuwaayo obulamu n'embeera yabwe eri Yesu Kristo. Katonda ajja kukuwa ebigambo ebituufu eby'okwogera.

Bulijjo malirizanga obujjulirwa bwo n'okusaba okwangu, nga kuno:

"Bino byonna yabinkolera era nawe ajja kubikukolera. Wandyagadde okusaba Yesu Kristo okujja mu bulamu bwo kakati? Nja kukuyamba okukikola. Yogera ebigambo bino wamu nange ogambe Katonda: "*Yesu Kristo jangu mu bulamu bwange. Nenenya ebibi byange byonna. Nsonyiwa olw'ebyo byonna bye njogedde era ne byenkoze. Nkusembeza okuba Omulokozi era Mukama wange. Webale kunsonyiwa. Amiina."*

Kikuume nga kyangu. Kisobola okuba ekimpi oba ekiwanvu. Kisinziira ku mbeera eriwo. Ekintu ekikulu kwekuba nga esaala egenda eri yesu era nga erimu okwenenya wamu n'okusonyibwa. Okuyamba omuntu okusaba kimuwonya ensonyi ez'obutamanya kya kwogera. Jjukira, bayinza okuba nga kye bamanyi okw'ogera kyekyo kyokka ky'obabulidde mu bujulirwa bwo. Banguyize nga bwekisoboka basobole okuwayo obulamu bwabwe eri Katonda. Kikuume nga kyangu. Oba batunula, oba bazibiridde, oba bayimiridde, batudde, bafukamidde, oba bazinze emikono, oba nedda – tekirina njawulo gye kikola. Kola bukozi ekyo ekisanidde, era ekirabika nga kya buntu. Katonda yaba afuga mu kiseera kino. Baleke besisinkanire Yesu Kristo mu ngeri eya namadala.

## Balambule nga

Kikulu nnyo eri omuntu ey'akasembeza Kristo okumubuliira kyalina okudako okukola. Obuvunanyizibwa buno obukulu bugwa ku oyo eyamuletera okulokoka. Oyo ayinza okuba nga yeggwe, omuntu eyamukulembera okwatula okufuna obulokozi, omubulizi w'enjiri eyamuyita okujja ku kituuti, oba omusumba eyamuyitayo. Kya nnaku nnyo nti abaana abakazalibwa mu Kristo bakirizibwa okuva ku kituuti we benenyereza nga tebabuliddwa kyakukola. Amadaala gali nti:

- Batizibwa mu mazzi oziike omuntu owedda.
- Batizibwa mu Mwoyo Omutukuvu owebwe amaanyi okuwakanya ekibi era obeere omubulizi w'enjiri omutuufu.
- Fuuna Baibuli otandike okusoma endagaano empya buli lunaku.
- Funa we wenyiga mu kibiina ky'abakalokoka buli wiiki era obeere okumpi n'abantu abaludde nga batambula ne Mukama waffe.

- Wegatte ku Kkanisa ejjudde Omwoyo ekiririza era ebulira okuva mu Baibuli buli lwe baggula enzigi zaabwe.

*Okukulembera abantu okubazaayo eri Kristo*

OKUJJA ERI YESU kintu kirala nnyo n'okusigala nga oli naye obulamu bwo bwonna. Wakyaliwo empisa y'okuwaba, abamu ne bagwiira ddala. Kino Yesu yakyogerako mu Matayo 18

> Mulowooza mutya? Omuntu bw'aba n'endiga ze ekikumi, emu ku zo bw'ebula, taleka ziri ekyenda mu omwenda, n'agenda ku nsozi, n'anoonya eyo ebuzeeko? Era bw'aba ng'agirabye, mazima mbagamba nti agisanyukira eyo okusinga ziri ekyenda mu omwenda ezitabuze.
>
> —MATAYO 18:12-13

Okuyigiriza kwa Yesu kulaga omugaso gw'omuntu eyali abuze. Agenda n'amunoonya – oluusi nga ayita mu bamu kuffe abewaddeyo okukozesebwa mu ngeri bwetyo.

**Noonya abo ab'abula**

Emyaaka egiyise, nze (Sonja) mpereddwa omukisa okukozesebwa Katonda okuyamba abantu abali baabula okuddamu okuzuula ekubo okudda eri Mukama. Bye tuddako by'ekimu ku bintu ebifanaganako bwebityo.

**Lwaki? Dala lwaki?**

Nakolerako mu kizimbe ekinene ekyali ekitebbe kya kampuni eziwera. Bwe natambulanga mu lifuti okugenda era n'okuva mu ofiisi yange, nateranga okulaba omuwala omubalagavu eyalina enviiri emyukirivu ono ye nga avaamu ku mwaliiro ogwali wansi ne wenkolera. Nempulira Omwoyo Omutukuvu nga angamba okumufuula mukwano gwange naye nga omwana muwala yewulira nga naye y'emanyi.

Lumu twali lifuti tugirimu ffeka nga twambuka. Bwe malariza okumubuuza, ne mubuuza oba yandyagadde lumu tulyemu ku kyemisana. Nga yena akimba, nambuuza nti "lwaaki?"  Nali setegedde kwanukula bwekuti naye nadda mangu engulu ne mugamba nti njagala ku nyumyaamu nawe. Era naddamu ekibuuzo kyekimu nti "Lwaaki?" Kwe kwanukula okusinga okwewunyisa kwe nali mpulidde nga nsabye omuntu tuliireko wamu eky'emisana. Era wano namugamba bugambi nti mbadde njagala twogeremu. Awo no twali tutuuse ne ku mwaliiro waviramu, nalyooka afuluma nga bwangamba nti " Osanga nasobola, watya nga tusisinkanye ku lw'okutaano?"

Nemuddamu nti "Kijja kuba kisuffu." "Nja kukusisinkana wetuyingirira ku lw'okutaano mu tuntu." Bwatyo nakungujja nga akamyu kebakanze nagenda.

## Byansobera

Nali nkakasa nga Mukama anungamya okutukirira omuwala ono, naye era nemugamba Mukama nti binsobedde. Olw'okutaano olwatuuka netusala ekubo okugenda okutuuka ku woteli webaliira emmere. Wano nze nalonda wo kubanga wali walungi okutta emboozi. Nayogerera edakiika abiri, ye munange nga tanyumya.

Nga tunatera okumaririza okulya nalabika nga akakana. Bwe twali tuddayo ku mulimu, nalyoka ambulira ensonga lwaki yeyisiza bwatyo. Yangamba nti, "Mazima obadde oyagala tumanyagane kyokka kyokka, si kyekyo?" Nemuddamu nti "Lwaki? Wewawo." "Obadde olowooza njagala kukola ki?"

## Nambwatuka n'enseka

N'ensonyi nga zimukutte omukyala ono y'anyumiza nti yawulirako nti ndi mulokole atemotya motya, ate nga ye yali yaggwa. Nga yali akakasa nti Katonda yangambye muze ku bali mugambe nti ayolekedde geyaana! Nga nzena nsamalilidde, nendyooka mbwatuka nenseka − enseko eziyinza n'okuletera okukaaba amaziga! Naye bwatyo n'aseka − nyindo yankolera. Omulimba oyo, omulyolyomi, yali amaze okwanikibwa omulundi olmulala!

Eyo ye yali entandikwa y'enkolagana ey'oluberera, si nange nzeka naye wamu n'abomumaka gange gonna − omwami wange, abazadde, era nabazukulu. Yatandika okujjanga mu lukungaana ku lw'omukaaga mu kusaba kwe nategekanga. Sikyajukira ngeri gyeyakomawo eri Mukama naye kyatukaawo mu biseera ebya dirira. Mukyala wa Katonda era Mukama gwakozesa ennyo.

## B'etaaga omuntu abafiirako ddala

Okuyita mu myaaka emingi mbulidde abakozi b'enviri, baliranwa, benkola nabo, mwatu n'abo abajja obuzi ku Kkanisa okudda mu nkolagana ne Yesu. B'etaaga omuntu abaffaako era ababulire engeri Katonda gy'abagalamu era nga bwa balindiridde okudda kwabwe. Ebiseera ebisinga, mbabulira olugero olw'endiga ekyenda mu omwenda Mukama zaleka okunoonya emu. Mungeri emu oba endala ekyo kibamatiza okusinga ebilara byonna ku kwagala wamu nengeri gy'affaayo gye bali. Nga bulijjo, omwana eyali yazaawa mu Lukka 15:11-31 kyawandikibwa kirungi singa baba bayita mu mbeera nga abali mu "kiyumba ky'embizzi."

## Bwekiti bwe kikola

Oba oli awo olowooza, “mazima Sonja, ekyo kikwanguyira ggwe, naye ekyo si kirabo kyange. Sisobola kwewaayo eri bantu besimanyi bwentyo. Nze nina ensonyi” Nja kukuddamu bwenti nti buli mulokole, wewaawo buli mulokole, nga tugaseeko nawe, asobola okukozesebwa mungeri bwetyo!

Bwekikola bwekiti: ozuula engeri Mukama gye yakuwaamu ekirabo. Oba oli awo oli wakisa, kuzaamu maanyi, okuyamba, okuwereza, okwaniriza oba ebirabo ebilara bingi. Tukulaga engeri y’okwezuula mu ebirabo era tuyigiriza ku birabo amakumi asatu ne talanta Omwoyo zagaba mu misomo gyaffe egy’ababaka. Ogamba bugambi Mukama nti wetegese okukozesebwa. Olwo n’atwala ekigambo kyo nakuterawo akakisa w’ogabira ekirabo kyo.

Gye bigweera, omuntu ajja kwogera oba akubuuze lwaki wakola bwotyo oba lwaki oli bwotyo. Kino kye kikutemyaako ogambe bugambi nti oli mulokole era onyumirwa nnyo okuyamba abalala. Oyinza n’okugamba nti tewali bwotyo, naye Yesu yakukyuusa. Tobasindikiriza ne bwebaba nga balinga abakyagadde. Baleke nga bakyayagala era nga bawulira eddembe. Ebiseera ebisinga omuntu bw’alabika nga aby’agadde olwo ffe mu maanyi gaffe, ate ne tubakanga. Bwebaba betegese, bajja kusigala nga bakyajja okutuusa lwe banaddayo mu nkolagana ne Mukama. Osobola okukikola.

## Tujja kw’etaaga okw’eyongera okuba n’obuvumu

Bwetuba tetuli bavumu obutusobozesa okubeera abawereza abalungi gye tukolera, tulina okwekebera okulaba tukiriza kyenkana ki Omwoyo Omutukuvu okukolera muffe. Oba oli awo twetaaga amaanyi ge agasingawo kwaago getulina. Engeri esinga yo gyoyinza okufuna mu obuvumu kwe kusaba Katonda akuwe amaanyi amangi okusobola okubeera omubulizi w’enjiri omulungi. Bwe tusaba Yesu atuwe amaanyi ag’okubeera abajulirwa, yandituzza ku kubatizibwa kw’Omwoyo. Okubatizibwa kuno okw’Omwoyo lye ddaala eridako erikutuusa ku kubeera omuwereza omulungi mu kiffo gy’okolera. Kye tugenda okuzaako kwe kuyiga era n’okukuguka mu kakodyo kano ak’obuwereza mu suula 2.

### *Tuteeke Munkola*

- Yakobo 1:22 etugamba okukola kye tuwulidde (ky’osomye).
- Laba nga okola ekyo ekiyigiriziddwa mu suula eno nga okebera mu “leeka tuteeke munkola” mu katundu akasembayo B.
- Kola eky’okukola ekiriko omutwe ogugamba nti “Okukulembera abantu okubatuusa ku Kristo.”

# *2. Okubangulwa mubuwereza okw'okubiri*

## Okukulembera abalokole mu kubatizibwa mu Mwoyo Omutukuvu

Yesu yasuubiza abamukiriza okuyita mu bintu eby'omwoyo ebisuffu. Yakiyita "ekirabo eky'Omwoyo Omutukuvu" era nagamba nti balifuna amaanyi babeere abajulirwa era balikola ebikolwa nga bye yakola. Bwe tumala okusisinkanibwa Omwoyo Omutukuvu mu ngeri eyewunyisa, tusobola okukulembera abalala okutuuka ku muntu y'omu.

OKUBATIZIBWA MU MWOYO OMUTUKUVU kye kintu ky'oyitamu eky'ewunyisa, ekiri mu Baibuli, ekikuwa amaanyi era ebiseera ebisinga ekyanjula abalokole mu maanyi ag'obwakatonda era ne munsi ey'Omwoyo. Mazima bwekityo bwe kyali kunze (Sonja)!

Kati nga nze ayakulira mu Kkanisa nga kitange mukebezi ate nga mange ayimba mu kwaaya, nalokoka nkyali mwana muto ddala sikyajukira na lunaku lwenyini. Saafuna buzibu na kubeera na nkolagana na Katonda, kitaffe ali mu Ggulu kubanga ekitundu ekisinga kyandagibwa okuyita mu nkolagana ennungi gye nalina ne kitange ow'okunsi. Era Yesu Kristo, Omulukozi wange, mukulu wange namukiriza mangu. Namanya nti ebibi byange byasonyiyibwa era singa mba nfudde, nja kugenda mu Ggulu. Naye, Omwoyo Omutukuvu yasigala "kintu" ekitategerekeka. Nali simanyi nti mulamu; era nga simumanyi kulwange. Wabula ebyo byonna byali bigenda kukyuuka.

### Okukyalirwa mu kyaasa kino eky'amakumi abiri

Mu kyaasa kino eky'amakumi abiri, Omwoyo wa Katonda Omutukuvu, okuyita mu kukyusibwa okw'obwakatonda okwewunyisa, yakyalira abalokole okwetoloora ensi yonna. Abakiriza bano baali banoonya enkolagana ennungi ey'omugundu ne Katonda, era bangi baali bali mu kusaba n'okumunoonya. Abantu abamu nga bali mu mbeera nzibu nnyo, nga batidde nti bayinza n'okutibwa.

Abalala baali balina emirembe, bali bulungi, nga balina byonna omuntu bye yetaaga; naye, nga nabo bakalu nnyo era nga tebalina nkolagana na Katonda yabuliwo. Abantu bano bali bali munsi yonna era mu bika byonna.

## Emitima egilumwa enjala

Kyali nga Omwoyo Omutukuvu eyakunta ku maaso g'ensi nga anoonya emitima egyo egirumwa enjala, era bwe yagizuula, yagikakako era ne gikyuusibwa. Tewaliwo miziziko gya kikula ky'abantu, byanfuna, bika, mukazi oba musajja, wadde ebiwayi. Nze nina bemanyi abakulembeze b'amawanga, ababaka mu mawanga amagatte, abasawo, abasumba, abasomesa, ba looya, abakozi, abakubi ba pulaani, abasawo abalongoosa abantu, abasalamala, abalimi, abakola amazzi, abayizi, abasima tooyi, abakola mu ofiisi, abavuga ennyonyi ennene, abakyala abasigala ewaka, abazanyi ba firimu, abayimbi, bakabona, n'abasisita abafunye okukomebwaako kuno.

Tukimanyi okuva mu Baibuli wamu ne mu by'afaayo nti Ekituufu Katonda yasalawo ebiro wamu n'ebintu ebiraga obwakatonda bwe n'okwagala kwe byonna okutukiriza ebigendererwa bye. Ekimu ku by'aliwo kino kwe kuyiibwa kw'Omwoyo we Omutukuvu mu kiseera kye kyenyini.

Mu kitabo kye, *the Holiness-Pentecostal Tradition*, Venson Synan ayogera ku kukula okwewunyisa okwa abalokole ku nkomerero ye kyaasa eky'amakumi abiri. Agamba bwaati:

> Bino biyinza okuba nga bye bikulu ennyo mu kyaasa kino eky'amakumi abiri. Peter Wagner bwaba ayogera kituufu "Mu byafaayo by'omuntu byonna, teri kintu ekitali kya byabufuzi, agatali maggye, wabula abantu abewaddeyo kulwabwe abaali bakulakulanye nebeyongera nga omugendo gw'abalokole abapentecote mu myaaka abiri mw'ettaano egiyise." Olwo no Obulokole wewaawo busaana okulabibwa nga ekintu ekikulu bwo bussa awamu n'obukatuliki, Ab'osodokisi, era n'bapolotestanti.

Bwoddayo mu kyaasa eky'asooka AD, Yokaana Omubatiza yatuuma ebyaliwo erinnya nga agamba abamukiriza nti bagenda kubatizibwa mu Mwoyo Omutukuvu.

> Era bunno bwe bwaali obubaka bwa Yokaana: "N'abuulira ng'agamba nti Ajja ennyuma wange ye ansinga amaanyi, so sisaanira kukutama kutuggulula lukoba lwa ngatto ze. Nze nababatiza n'amazzi, naye oyo alibabatiza n'Omwoyo Omutukuvu."
>
> —MAKKO 1:7- 8

Yesu y'abatiza n'Omwoyo Omutukuvu. Abakiriza bonna betaaga kusaba busabi Yesu okubawa ekirabo eky'Omwoyo Omutukuvu.

*Okwanjulwa kwa Sonja eri amaanyi g'obwakatonda agamaanyi.*

BWENALI nga nkyaali wa myaaka abiri mu musanvu, waliwo we natuuka mu bulamu bwange nentandika okukabirira Katonda. Namugamba nti walina okubaawo ekisukuluma munze okusinga ku kye nali mpitamu. Nali sirina maanyi ku lwange, wadde agasobola okuyamba omulala. Mu kuyayana kwange Katonda nansisisnkana mu ngeri eyewunyisa.

**Kizibwe wange Fay yawonyezebwa mu ngeri ey'ekyamagero.**

Mu kiseera kino, nalina ow'oluganda omukadde eyali kundiri nga entununsi zibula okumutta. Yali ku 'tasulewo, tasibewo.' Wabula lumu Jjaja mukyala Hatcher nangamba nti kizibwe wange yali awonyezeddwa mungeri ey'ekyamagero. Kyanewunyisa era mangu nnyo n'enkubira kizibwe wange essimu ajje ankyalire ko ambulire n'ekyamutuseeko. Mazima nga awulikika nti kati mukyala wanjawulo ddala!

Yankyalira olw'eggulo enkeera, era newunya nnyo okuwulira kiki ekyaali kimutuseeko. Bwe yali nga ali ku ndiri akabirira Katonda okumuyamba, ekisenge kye kyajjula okuberawo kwa Katonda era yekanga attudde nga atandise n'okwogera mu lulimi oluggya lwatayigirizibwa ngako. Yawogana nga asaba mu lulimi lunno ennyo nnyini ekyawaliririza ne bba okujja okulaba bwegubadde. Agamba nti Ekkanisa ye yali tekiriza njigiriza eno era yali talina kyakimanyiko, naye nga bba yali abaddeko mu Kkanisa y'abalokole bwe yali nga akyali muto, era ye yali akimanyi ekituuse ku mukyala we. Ye bba era yamwenyamu katono, oluggi naddamu n'aluggala, namuleka abeere ne Mukama. Olunaku olwadirira yazukuka alina amaanyi, nakubira dokita essimu asobole okugenda okumusisinkana mu ddwaliro, era teyewunya kuzuula nti entununsi zali ziwonye era nga n'omutima gwe gukuba bulungi nga bwe gulina okuba!

**Waliwo ekyasikuuka mu nze**

Nali nkyawuliriza kizibwe, ne wabawo ekyasikuuka mu nze – enjala eyokuba n'enkolagana ne Katonda ejja okuletera amaanyi g'obwakatonda okulabikira mu bulamu bwange. Ku lunaku olwo nga tanagenda, twafukamira ne tusaba mu lungereza (lwe twali tumanyi) era ne mu lulimi olw'omuggulu olulungi Mukama mu bwa Katonda bwe lwe yali amuwadde. Nali sisobola kugaana kyamagero kyakuwonyezebwa ekyali ku bulamu bwe, wabula nga nina ebikyansibwe ku bikwata ku bintu bino "eby'okwogera mu nimi." Kyokka no, yaberawo emyaaka emilara abiri mu etaano nga mulamu bulingi.

Era nga omuntu bwayinza okutebereza, buli muntu yali ayogera ku kizibwe wange Fay. Mange yalina ekitabo ekikadde ekyawandikibwa John Stiles ekiyitibwa ekirabo eky'Omwoyo Omutukuvu. Nasoma ekitabo kino era nga bwentunula mu by'awandikibwa okulaba oba nga bye nali nsoma ne mu Baibuli yange byali mwebiri! Nkukakasa amazima, byali mwebiri; nali sibisomanga busomi n'okubitegeera.

**Ekkanisa mwe nali bali tebabikirizaamu**

Bambi jjukira, Ekkanisa yange yali teyigiriza ku kukola okw'obwakatonda okw'amaanyi ag'Omwoyo Omutukuvu. Amazima, bali tebabikiririzaamu era ne bandabula newale ebintu eby'ekiggwagwa bwe bityo. Guno gwali muziziko munene nnyo nze okubuuka. Kyokka kati nga nsoma akatabo kano, nakizuula nti Omwoyo Omutukuvu muntu ali mu busatu Obwakatonda, era nga Kitaffe n'Omwana bwebali awamu, era nga nsobola okuba n'enkolagana naye. Era nayiga nti nsobola okumanya Omwoyo Omutukuvu okusingawo ennyo nga omuyigiriza, ateesa ebigambo, omubeezi, era Oyo anampa obusobozi okubeera omujulirwa akola obulungi. Ebyo bye bintu byennyini omutima gwange bye gwali guyayanira.

Nga bwe nayogedeko edda, nali sirina maanyi gamala okutambulira mu bulamu obwekirokole, wadde okusobola okuyamba omulala. Nali sirina muntu gwe nali mbulidde enjiri nalokoka. Ekintu ekyasinga okuntiisa kyenzijukira kyaali kya kuyitta mikwano gyange ebiri okujja ku Kkanisa, kyokka nga n'ekituufu ekyabaleta yali mwana mulenzi omugogofu eyali mu buwereza bw'abavubuka. Teberezaa okubula amaanyi kyekitegeeza! Nawuliranga n'ensonyi omulokole bwe yatandikanga okwogera ku Kristo eri abatanalokoka, nga ngenda nendowooza muli nti "Ye lwaaki tasirikako? Takiraba nga omuntu oli tabyagala?" Oluvanyuma nakitegeera nti wakiri omuntu kawulire obubi okusinga bw'omuleka okugenda mu Geyeena!

**Yesu yambatiza n'Omwoyo Omutukuvu**

Bwe maliriza okusoma ekitabo ekikwaata ku Mwoyo Omutukuvu, lumu nali ndi nzekka awaaka akawungeezi ku lw'okutaano, nafukamira okumpi n'ekitanda kyange n'ensaba esaala enyangu ennyo eyali efananako bweti: Mukama wange Yesu, nkitegedde nti gwe abatiza n'Omwoyo Omutukuvu, era nkitegeera nti ekirabo kino kyabwerere era nga obulokozi bwebuli era nga nze kyenina okukola kwe kukusaba. Bwenaafuna ekirabo kino nja kumanya Omwoyo Omutukuvu nga omuyigiriza, ateesa ebigambo, omubeezi, era Oyo anampa obusobozi okubeera omujulirwa wo abulira enjiri – ekintu eky'okuwa abalala. Nange nandyagadde okusobola okusaba obulungi, n'olwekyo nkusaba nsobole okwogera ne mu nnimi zesimanyi. Webale. Mukukiriza, kakati, ntwaala ekirabo kyo eky'obuwa era n'ebigambo byengenda okuddamu okwogera tebijja kuba mu lungereza.

Bwentyo nenzisa ekikowe, ne ntandika okwogera enukuta ezitakwatagana ezatuuka nezegatta awamu nemuvaamu olulimi olulungi. Nasabira eddakiika ntono tono ne ngolokoka okugenda mu lukuubo okutuuka mu Diiro. Mu lugendo lwange nekeeberako nerabe ne mundabirwaamu ndabe bwenfanana nga nsaba. Mangu ago, nempuliramu ko obubi nga bwenjogerera wagulu nti "Lwaki kino kyangu nnyo, kino senga nakikola dda nga nkyali mwana muto singa waliwo eyakimbulira!"

## Osobola okukikolera ku ssimu?

Nagenda nenkubira Jjaja mukyala Hatcher nemugamba nti mbatizibwa n'Omwoyo Omutukuvu. Neyekengera era nambuuza ekindowozesa bwentyo, olwo nemugamba nti nsabye Yesu ekirabo kino era nga kati nsobola okwogera mu nnimi zesiyigirizibwanga. Nambuuza oba nga nsobola okukikolera ku simu ampulire. Awatali kulemesebwa kwonna, n'entandikirawo okwogera mu lulimi olulungi. Kale yasanyuka byansuso. Oluvanyuma nategeera nti ye kino kyali kyamutukaako nga alina emyaaka kumi na mukaaga wabula nga teyambulira kubanga yali akimanyi Ekkanisa mwe nali bali bakivumirira. Kakati byonna nze byali binkolera amakulu! Nga nkyali muto namuwuliranga nga ayimba obuyimba mu lulimi olulala. Luno lwe lwali olulimi olwo! Kwewunyisa!

## Olina eddagala ly'omira?

Sabulira bantu ekyali kintuseeko, naye mu wiiki ntono nnyo mikwano gyange ku Kkanisa batandika okumbuuza kiki ekyali kintuseeko. Nalinga eyali afunye okunyirira olw'okubeerawo kuno. Mukwano gwange omu nambuuza oba nina eddagala lyemira! "Nedda" Olwo nababulira omu kw'omu nti, "Nfunye ekyewunyisa, embeera ekyuusa obulamu nga oli ne Mukama, era nja kusanyuka nnyo singa nasobola okukibabulira nga tunywa ka Caayi. Omu kw'omu, nga ngabana nabo, era nga mbalaga obwetaavu bw'ekirabo kino. Twasabanga, oluusi kasirise nga tuli mu ka woteli, era nga bakifuna. Olw'engeri nze gyenakifunamu, awatali bya Ddiini, kyali kyangu nze okubakulembera mu ngeri ennyangu, eyewunyisa.

## Okukyusibwa kwange

Okukyusibwa kw'obulamu bwange kwali kwa mangu ate nga kw'amaanyi. Nava mu kubeera omuntu eyalina ensonyi okufuuka omuntu anoonya omukisa gw'okubulira abalala enjiri. Omulungi Omwoyo Omutukuvu yafuuka omusomesa wange. Yanungamya okusoma Baibuli yange okugidingana emirundi n'emirundi. Nayiga okukozesa obuyambi okuyiga Baibuli yange, okwo nengatako ne Baibuli ey'endagaano empya elimu oluyonaani n'olungereza. Natuuka okuba n'enkolagana n'Omwoyo Omutukuvu nga ateesa ebigambo era omubeezi. Yafuuka omubeezi wange

eyagulumizanga Mukama waffe Yesu bulijjo. Mu misomo gyange nakizuula nti nze ne mikwano gyange twali tuyita mu bintu by'ebimu abatume wamu n'abayigiriza ba Yesu Kristo byebayitamu nga babatizidwa n'Omwoyo Omutukuvu. Tujja kutunurira bye b'ayitamu gye bujjako awo, naye kansooke mbawe ku nsomesa ensobozeseza okugabana ebintu ebitutuseeko n'abantu enkumi n'enkumi ez'abakiriza.

### *Okubatizibwa N'Omwoyo; Munda; N'okukibwaako Omwoyo Omutukuvu*

EKIGENDERERWA KY'OKUBATIZIBWA N'OMWOYO OMUTUKUVU kwe kwambazibwa amaanyi amangi okuva mu Ggulu okukusobozesa okubeera omujjulirwa omulungi owa Yesu Kristo. Nga tetunaba kusaba kusonyiyibwa era n'okutwala Mukama waffe nga Omulokozi waffe, twaali tulina Omwoyo Omutukuvu naffe nga atuwalula okututwala eri Kristo. Twafuna Omwoyo Omutukuvu munda muffe olunaku lwe twasooka okukiriza, lwe twenenya era ne tusembeza Yesu Kristo nga Omulokozi w'obulamu bwaffe. Mu kiseera ekyo, twazalibwa omulundi ogw'okubiri ku lw'Omwoyo Omutukuvu. Okubatizibwa n'Omwoyo Omutukuvu kugatibwaako, era kwanjawulo ku kuzalibwa omuludi ogw'okubiri, okulokooka. Okubatizibwa n'Omwoyo Omutukuvu kubeerawo Omwoyo Omutukuvu bwakka ku mukiriza asabye Yesu Kristo ekirabo kino eky'Omwoyo Omutukuvu eyasubizibwa Kitaffe.

Ebyawandikiibwa bino biraga lwaatu enjawulo wakati w'okuba n'Omwoyo Omutukuvu naffe, muffe, era kuffe:

> Nange ndisaba Kitange, naye alibawa Omubeezi omulala, abeerenga nammwe emirembe n'emirembe. Omwoyo ow'amazima: ensi gw'eteyinza kukkiriza; kubanga temulaba, so temutegeera: mmwe mumutegeera; kubanga abeera gye muli, era anaabanga mu mmwe.
>
> —YOKAANA 14:16-17

> Nabo bwe baatuuka ne babasabira okuweebwa Omwoyo Omutukuvu: kubanga yali tannaba kubakkako n'omu ku bo: naye baabatizibwa bubatizibwa okuyingira mu linnya lya Mukama waffe Yesu. Awo ne babassaako emikono, ne baweebwa Omwoyo Omutukuvu.
>
> —EBIKOLWA 8:15-17

> Awo Peetero bwe yali akyayogera ebigambo ebyo, Omwoyo Omutukuvu n'abagwako bonna abaawulira ekigambo. Ne basamaalirira abakkiriza abakomole, bonna abajja ne Peetero, kubanga ne ku mawanga ekirabo eky'Omwoyo Omutukuvu kifukiddwa. Kubanga baabawulira nga boogera ennimi ne bagulumiza Katonda.
>
> —EBIKOLWA 10:44-46

> Bwe baawulira ne babatizibwa okuyingira mu linnya lya Mukama waffe Yesu. Pawulo bwe yabassaako emikono, Omwoyo Omutukuvu n'ajja ku bo, ne boogera ennimi ne balagula.
>
> —EBIKOLWA 19:5-6

- Tulaba nti Omwoyo Omutukuvu ali naffe, atuwalula okututwala eri Omulokozi nga tetunalokoka.
- Bwe twatuuka mu kiseera we tweweraayo era ne tusaba Yesu Kristo okusonyiwa ebibi byaffe n'okujja mu bulamu bwaffe, Omwoyo Omutukuvu najja n'abeera muffe, nazukusa emyoyo gyaffe, era n'atufuula abalamu eri Katonda. Twazalibwa ku lw'Omwoyo, okuzalibwa okuva mu Ggulu. Netufuuka abatabani oba abawala ba Katonda. Nga bwe tuliffa tujja kugenda mu Ggulu.
- Wabula ate era eby'awandikiibwa bitulaga lwaatu nti waliwo okusisinkanibwa kwetuyitamu okw'Omwoyo bwajja kuffe natubatiza n'amaanyi. Ekyo kye kintu obukadde n'obukadde bw'abakiriza kyebayiseemu mu buntu nga bo.

### *Omwoyo Omutukuvu mu kitabo ky'Ebikolwa by'Abatume*

KAKAANO TUGENDA KUTAMBULA olugendo okuyita mu suula ekumi n'ebiri ezisooka mu kitabo ky'ebikolwa by'Abatume twerabireko engeri Omwoyo Omutukuvu gye yakka ku batume, abayigirizwa, abayudaaya, banagwanga, abasajja n'abakazi. Tujja kulaba eky'abatukaako era tusubira naffe tujja kweraba mu miko egyo gyenini. Naffe tulina okubeera nga tu kukyusibwa obulamu, nga tukomebwaako ensisinkano y'obwatonda mungeri y'emu nga bwe baali abaali mu kyaasa ekyasooka nga Yesu amaze okugenda mu Ggulu.

Tujja kulaba kiki Kitaffe, Mukama waffe Yesu, Yokaana omubatiza, era n'abatume Peetero ne Yokaana kye bayogera ku kirabo kino ekikyuusa obulamu. Lowooza nnyo ku bigambo bino nga bwosoma: naffe, muffe, okukibwaako, kuffe, ekirabo, okujjuzibwa, amaanyi, okubatizibwa n'Omwoyo Omutukuvu. Kisanyusa okulaba ebikolwa by'Omwoyo Omutukuvu mu kuzalibwa kwe Kkanisa ey'endagaano empya.

**Okusubiiza kwa Kitaffe**

> Era laba, mbaweereza mmwe okusuubiza kwa Kitange: naye mubeere mu kibuga okutuusa lwe mulyambazibwa amaanyi agava waggulu.
>
> —LUKKA 24:49

Yesu yagamba nti Kitaffe yasubiiza nti tulyambazibwa amaanyi. Okubatizibwa kw'Omwoyo Omutukuvu kwa maanyi ag'okubuliira enjiri.

Yesu yalagira abayigirizwabe okulindilira ekisuubizo kya Kitaffe. Bali tebamanyi kya kusubira, naye balindilira. Ku lunaku olwa Pentecote ekisuubizo kyajja.

**Yesu y'abatiza n'Omwoyo Omutukuvu**

Tutandika n'obubaka bwa Yokaana Omubatiza nga bwe bwawandikibwa mu suula esooka ey'enjiri nga bwe yawandikibwa Makko.

> N'abuulira ng'agamba nti Ajja ennyuma wange ye ansinga amaanyi, so sisaanira kukutama kutaggulula lukoba lwa ngatto ze. Nze nababatiza n'amazzi, naye oyo alibabatiza n'Omwoyo Omutukuvu.
>
> —MAKKO 1:7-8

Mu kitundu kino, Yokaana ayawula okubatizibwa mu mazzi ye Yokaana kwe yali akola n'okubatizibwa n'Omwoyo Omutukuvu Yesu kwalikola

**Yesu yalagira abayigirizwa be okulindirira ekirabo.**

Eky'awandikibwa ekiddako kiraga ekiragiro Yesu kye yawa abagoberezi be:

> Awo bwe yakuŋŋaana nabo n'abalagira baleme okuva mu Yerusaalemi, naye balindirire okusuubiza kwa Kitaawe kwe baawulira gy'ali: kubanga Yokaana yabatiza n'amazzi; naye mmwe mulibatizibwa n'Omwoyo Omutukuvu mu nnaku si nnyingi.
>
> —EBIKOLWA 1:4-5

Yesu yatuwa kiragiro so si kirowoozo, okulindirira ekirabo eky'Omwoyo Omutukuvu. Kino kitegeeza nti tulina okubatizibwa n'Omwoyo Omutukuvu tusobole okubulira enjiri obulungi.

### Yesu yagamba nti abayigirizwa be balifuna amaanyi

> Naye muliweebwa amaanyi, Omwoyo Omutukuvu bw'alimala okujja ku mmwe, nammwe munaabanga bajulirwa bange mu Yerusaalemi ne mu Buyudaaya bwonna ne mu Samaliya, n'okutuusa ku nkomerero y'ensi.
>
> —EBIKOLWA 1:8

Yesu yagamba ekigendererwa ky'Omwoyo Omutukuvu kya kubeera na maanyi okutusobozesa okubulira enjiri obulungi.

### Ekigambo kya Yesu kitukirira ku lunaku lwa Pentecoote

Tumanyi nti eby'awandikibwa bino byatukirizibwa nga bwe byawandikibwa mu Bikolwa by'Abatume esuula 2. Omwoyo Omutukuvu yajja ku lunaku lwa Pentecoote.

> Awo bwe baawulira ebyo emitima gyabwe ne gibaluma, ne bagamba Peetero n'abatume abalala nti Abasajja ab'oluganda, tunaakola tutya? Peetero n'abagamba nti Mwenenye, mubatizibwe buli muntu mu mmwe okuyingira mu linnya lya Yesu Kristo okuggibwako ebibi byammwe, munaaweebwa ekirabo gwe Mwoyo Omutukuvu. Kubanga okusuubizibwa kwammwe era kwa baana bammwe n'abo bonna abali ewala, bonna abaliyitibwa Mukama Katonda waffe. Era n'abategeeza mu bigambo ebirala bingi n'ababuulirira ng'agamba nti Mulokolebwe mu mirembe gino egyakyama. Awo abakkiriza ekigambo kye ne babatizibwa: ne bongerwako ku lunaku luli abantu ng'enkumi ssatu.
>
> —EBIKOLWA 2:37-41

Omwoyo Omutukuvu atubeerako tusobole okwongera okukola omulimu gw'okutabaganya ensi okudda eri Katonda okuyita mu Yesu Kristo.

### Ekisubizo kino naffe kyaffe leero

Ndi musanyuffu nnyo nti Omwoyo Omutukuvu yatekawo ebigambo bya Peetero okuwandikibwa tulyoke tumanyire ddala nti ekisubizo kino naffe kyaffe leero. Tulabira ddala nti ekirabo eky'Omwoyo Omutukuvu abakiriza abasooka kye bafuuna kyekimu naffe kye tufuna kakati – era nga nebikivaamu by'ebimu. Nze n'emikwano gyange twali tufunye ekirabo kyekimu kino eky'Omwoyo Omutukuvu era nga twali tutandise n'okulaba ku bintu eby'amaanyi ga Katonda. Kino kye kyali kibulawo mu bulamu bwaffe.

Ddala Yesu twali tumumanyi nga omulokozi waffe, naye twali tetulina kye tusobola kukola. Ebyo byonna byakyuuka bwe twafuna ekirabo eky'Omwoyo Omutukuvu.

*Ekkanisa ey'endagaano empya ezalibwa mu maanyi ga Katonda*

EKKANISA EY'ENDAGAANO EMPYA ezalibwa mu engeri y'ekyewuunyo, okuyita mu maanyi gano ag'okuyibwa kw'Omwoyo Omutukuvu eyali yasubizibwa. Naye tebyakooma awo. Okuwonyezebwa okutalojeka, okusumululwa, n'ebyamagero byali bikolebwa, era nga ne Katonda yali ayongera abakiriza ku Kkanisa buli lunaku.

## Omulema eyali asabiriza yawonyezebwa

Bwetuba tusoma okuyita mu kitabo eky'ebikolwa by'Abatume, tulaba amaanyi ag'Omwoyo Omutukuvu g'akozesa okukankanya ensi. Mu suula 3, Peetero awonya omulema eyali asabiriza, ate era ekibiina kikungaana era nakibulira obubaka obulala nga abakubiriza okwenenya era badde eri Yesu eyazukizibwa okuva mu bafu olw'okusonyiyibwa ebibi. Bangi ku bawulira obubaka bakiriza, era abasajja ne bawera nga enkumi taano. Kiki ekyali kituuse ku Peetero ono nga bweyali tanabatizibwa na Mwoyo Omutukuvu, yali ali mu kwekweka abakulembeze ba bayudaaya.

## Maanyi ki agabakoza bwemutyo?

Peetero ne Yokaana babasuza mu Komera. Enkeera abakulembeze, abakadde, n'abawandiisi ne bakungaanira mu Yerusaalemi. Ne baleeta Peetero ne Yokaana ne babateeka mu maaso gabwe ne bababuuza nti “Maanyi ki oba linnya ki eribakoza bwe mutyo? (Ebikolwa 4:7)

## Mu linnya lya Yesu Kristo omunazaleesi

Awo Peetero bwe yajjula Omwoyo Omutukuvu, naddamu nabuulira omulundi omulala. Nyogera nti, “Mu linnya lya Yesu omunazaleesi, gwe mwakomerera mmwe naye Katonda gwe yazukiza okuva mu baffu, ku bw'oyo omusajja ono ayimiridde nga mulamu mu maaso gamwe. So tewali mu mulala bulokozi kubanga tewali na mu linnya ddala wansi w'eggulu eryaweebwa abantu eritugwanira okulokoka.” (Ebikolwa 4:10, 12)

> Awo bwe baalaba obugumu bwa Peetero ne Yokaana, ne babategeera okuba abantu abatamanyi kusoma era abataayigirizibwa nnyo, ne beewuunya, ne babeetegereza nga baali wamu ne Yesu. Era bwe baalaba omuntu eyawonyezebwa ng'ayimiridde nabo, tebaalina kya kuddamu.
>
> —EBIKOLWA 4:13-14

Bwe tulaba eby'amagero nga tuwereza, abatukolokota baba tebalina kya kwogera. Amaanyi g'Omwoyo Omutukuvu ge ga kwaata ku muntu atanaba kulokoka.

Eky'amagero kino kyali kya lwaatu nnyo nga tekyegaanika, n'olwekyo abakulembeze ne batiisatiisa Peetero ne Yokaana baleme okwogera eri omuntu yenna mu linnya eryo, wabula tebababonereza kubanga bewa amagezi nti "Tunaakola tutya abantu bano? Kubanga bakoze akabonero akayatiikiridde, ekigambo ekyo kimanyiddwa abantu bonna abatuula mu Yerusaalemi, so tetuyinza kukyegaana.“ (Ebikolwa 4:16). Nabo, oluvannyuma lw'okwongera okubakanga, baabata, nga tebalaba kye banaabalanga okubabonereza, olw'ekibiina; kubanga bonna baali batendereza Katonda olw'ekyo ekikoleddwa. Kubanga obukulu bw'omuntu eyakolerwa akabonero kano ak'okuwonyezebwa yali ayise mu myaka amakumi ana (Laba Ebikolwa 4:21-22).

## Amaanyi agewuunyisa

Okusumululwa kw'amaanyi okuyita mu kubatizibwa kw'Omwoyo Omutukuvu kwali kwewunyisa! Abavubi okuva e Galilaaya abatasoma, abali babadde ne Yesu, be baali bavunika ensi yabwe. Kye kimu ne kakati. Abatasoma (wamu n'abasoma) abantu abatuuka mu nkolagana ey'obuntu ne Yesu Kristo era ne babatizibwa n'Omwoyo Omutukuvu nabo bavunika ensi yabwe! Kino kibaddewo okuyita mu byaasa, mu bukadde n'obukadde bw'abantu era nga ki kyali bwekityo n'okwetoloola ensi yonna ennaku zino.

## Nze (Sonja) natandika okulaba eby'amagero nga bibaawo

Nze nalaba amaanyi gano nga gajja mu bulamu bwange. Bwe natandika okuyiga ku kuwonyezebwa okw'obwakatonda okwawandikibwa mu Kitabo ky'ebikolwa by'Abatume, okukiriza kw'okuwonya kwatandika okugolokoka munze. Bwe natandika okugendanga okusabira abantu, natandika okulaba eby'amagero okuyita mu ngalo zange zenyini.

## Omukungu mu kampuni yawonyezebwa

Lumu omukungu mu kampini mwe nali nkolera yali alina olukiiko olukukulu mweyalina okwogera. Yajja gyendi nansaba musabire kubanga omutwe gwali gumuboba okukamala nga takyasobola na kulaba bulungi. Omu ku ba myuuka b'omukulembeze namuwulira era naye nansaba oba nga kisoboka okwerabirako nga musabira. Namugamba nti kisoboka era nembawa amagezi fenna basatu tuveewo mu kibiina nga abalina kye twagala okukubaganyaako ebirowoozo. Bwe twali tugenda, nengolola omukono gwange nenguteeka ku mutwe gw'omukungu nendagira obulumi

okumwamuka mu Linnya lya Yesu. Nawonerawo embagirawo, era munne neyewuunya byansuso. Nagamba nti yali awuliddeko ku kuwonyezebwa okwekika kino, naye nti guno gwe mulundi gwe ogwali gusoose okulaba ekiringa kino. Olwo nemunyonyola okwagala kwa Mukama okuwonya era n'amaanyi ag'Omwoyo Omutukuvu, nga negendereza okuwa Yesu Kristo Mukama waffe ekitibwa ne tendo. Nga omumyuuka w'omukulembeze mu kampuni eno, Mukama yampa emikisa egiwera okusabira abalwadde mu ngeri eya bulijjo eraga obulungi bwe. Omukungu oli gwe nasabira yamala nalokoka.

## Ekiffo awasabirwa wayuguuma

Peetero ne Yokaana baddayo eri abakiriza we baali bakungaanidde ne bababulira byonna ebyali bibaddewo, olwo bonna ne balyooka bayimusa amaloboozi gaabwe eri Katonda. Bwe bamala okusaba, ekifo we baali bakungaanidde ne kikankana. Era bonna ne bajjuzibwa Omwoyo Omutukuvu era ne boogera ekigambo kya Katonda n'obuvumu (Laba Ebikolwa 4:23-24, 31).

Wayise banga ki bwe kiba kyali kibaddewo ekifo wemusabira lwe kyanyenyezebwa? Amaanyi ga Katonda gaali gasumululwa wakati mu bo, era naffe tukiriza nti ayagala kukola ekintu kye kimu olwa leero! Tubadde n'ebiseera eby'amaanyi mu kusaba okusooka wo nga olukungaana lwaffe telunatandika nga singa kakutanda n'ogula oluggi we tukungaanira amaanyi agafuluma mu kisenge ekyo nga gayinza n'okukutomera nokka ku maviivi go.

## Ebirabo by'okubikulirwa byatandika okukola

Bwe tweyongera mu maaso mu Bikolwa by'Abatume esuula 5 tulaba ebirabo eby'Omwoyo Omutukuvu eby'okubikulirwa nga bikolera mu batume mungeri etiisa era eyewunyisa naddala bwe kyatuuka ku mwami Ananiya ne mukyala we Safira. B'alimba abatume ku kikwatagana n'ekirabo kye bawa Ekkanisa era bombi bano nebaggwa eri nebaffa olwo "Okukema Omwoyo wa Mukama." Okugwaawo kwa bino ne kutiisa nnyo Ekkanisa wamu nabalala ababiwulira.

## Abatume bawonnya abantu bangi

> Obubonero n'eby'amagero bingi ne bikolebwanga n'emikono gy'abatume mu bantu; bonna baali mu kisasi kya Sulemaani n'omwoyo gumu. So n'abalala tewaali n'omu eyayaŋŋanga okwegatta nabo; naye abantu ne babagulumizanga; abakkiriza ne beeyongeranga okwegatta ne Mukama waffe, bangi abasajja n'abakazi; n'okuleeta ne baleetanga mu makubo abalwadde ne babateekanga ku mikeeka ne ku bitanda, Peetero bw'anajja ekisiikirize kye kituuke ku bamu. Era ebibiina ne bikuŋŋaananga nga biva mu

bibuga ebiriraanye Yerusaalemi, nga baleeta abalwadde n'abaali babonyaabonyezebwa dayimooni; ne bawonyezebwanga bonna.
—EBIKOLWA 5:12-16

Abakiriza kakati bali bakolera dala Yesu byeyakola era nga nemirimu gilabika! Abakiriza abajjuzidwa Omwoyo Omutukuvu bawonya abantu.

Ensisinkano gye bafuna n'Omwoyo Omutukuvu ku lunaku lwa pentecote yali emaze okubakyuusa okufuuka abawereza ba Yesu omulamu!

**Ekyo kikyali kituufu n'olwaleero**

Tulabye amaanyi gegamu nga gakolera muffe mu kubulira, okuwonya, era n'okusumululwa. Eby'okulabirako biwereddwa mu suula ezinadirira mu kitabo kino.

**Bamalayika bagula enzigi ze KKomera**

Abatume basulibwa mu Kkomera olw'okuletawo akegugungo mu Yerusalemi. Malayika nabasumulula, olwo omukisa omulala ne gulabikira Peetero n'abatume abalala okubulira ku Yesu. Abayudaya abakulembeze b'olukiiko olukulu ne balagira babakube emiggo, era ne babalagira obutaddamu kwogeranga mu linnya lya Yesu, ne babata. Awo ne bava mu maaso g'olukiiko nga basanyuka kubanga basaanyizibbwa obutakwatibwa ensonyi olw'Erinnya Yesu Kristo. (Laba Ebikolwa 5:18-19, 40-41).

**Suteefano attibwa**

Suteefano, omusajja ajjudde ekisa n'amaanyi ga Katonda, yakola ebintu eby'ekitalo era n'obubonero obyewunyisa bungi wakati mu bantu. Abasajja abamuwakanya bali tebasobola kwenkana naye mu magezi wadde Omwoyo eyamukozesa okwogera. Wabula, ne bakola olukwe ku Suteefano nga bamuwayiriza era ne bamuleeta mu maaso g'olukiiko. Bwe yamala okubulira obubaka obw'amaanyi era obusikiriza, ne bamuwalawala okumufulumya Yerusalemi era awo nebamukuba n'amayinja agamuta. Sawulo owe Tarusisi yali awo nga alaba era yasiima okuttibwa kwe.

## *Ekkanisa eyigganyizibwa era bonna basaasaana*

KU LUNAKU Suteefano lwattibwa akuyigganyizibwa okunene ne kubalukawo eri Ekkanisa eyali mu Yerusalemi, era bonna okujjako abatume ne basaasaanira mu nsi z'e Buyudaaya n'e Samaliya.

### Firipo aserengeta mu kibuga eky'e Samaliya

> Awo abo abaasaasaana ne bagenda nga babuulira ekigambo. Firipo n'aserengeta mu kibuga eky'e Samaliya, n'ababuulira Kristo. Ebibiina ne biwulira n'omwoyo gumu ebigambo Firipo by'ayogedde, bwe baawulira ne balaba eby'amagero ge yakolanga. Kubanga bangi ku bo abaaliko dayimooni, ne babavangako nga bakaaba n'eddoboozi ddene: ne bawonanga bangi abaali balwadde okukoozimba n'abalema. Essanyu lingi ne libeera mu kibuga omwo.
>
> —EBIKOLWA 8:4-8

Bwe tukiriza Omwoyo Omutukuvu okuwereza okuyita muffe, ajakuletera emyoyo emibi okufuluma, okuwonyezebwa okulabika, era n'obubonero bw'ebyamagero okulabibwa.

### Simooni omulogo

> Ne bamuwuliranga, kubanga ennaku nnyingi yabawuniikirizanga n'okuloga kwe. Naye bwe bakkiriza Firipo ng'abuulira enjiri ey'obwakabaka bwa Katonda n'Naye waaliwo omuntu omu, erinnya lye Simooni, eyakolanga eddogo edda mu kibuga omwo n'awuniikirizanga eggwanga ly'e Samaliya, ng'agamba nti ye mukulu; ne bamuwuliranga bonna okuva ku muto okutuuka ku mukulu, nga bagamba nti Omuntu ono ge maanyi ga Katonda agayitibwa Amangi. Erinnya lya Yesu Kristo, ne babatizibwa abasajja n'abakazi. Era ne Simooni yennyini n'akkiriza: bwe yamala okubatizibwa n'abeeranga wamu ne Firipo; bwe yalabanga eby'amagero n'obubonero obunene obwakolebwanga ne yeewuunya.
>
> —EBIKOLWA 8:9-13

Nga bwe tugondera okulungamizibwa kw'Omwoyo Omutukuvu, tujja kulaba ebintu byebimu nga Filipo byeyalaba. Tulina okujjuzibwa Omwoyo Omutukuvu okusobola okulaba "obubonero n'ebyamagero ebikulu" okulabika.

### Abatume bakyalira ekibuga Samaria

> Awo abatume abaali mu Yerusaalemi bwe baawulira nga e Samaliya bakkirizza ekigambo kya Katonda, ne babatumira Peetero ne Yokaana. Nabo bwe baatuuka ne babasabira okuweebwa Omwoyo Omutukuvu: kubanga yali tannaba kubakkako n'omu ku bo: naye baabatizibwa bubatizibwa okuyingira mu linnya lya Mukama waffe

> Yesu. Awo ne babassaako emikono, ne baweebwa Omwoyo Omutukuvu. Naye Simooni bwe yalaba ng'olw'okussibwako emikono gy'abatume baaweebwa Omwoyo Omutukuvu, n'abaleetera effeeza ng'agamba nti "Mumpe nange obuyinza buno buli gwe nnassangako emikono aweebwenga Omwoyo Omutukuvu."
>
> —EBIKOLWA 8:14-19

Okuteeka ku muntu emikono kikolwa kya mwoyo eri oyo eyabatizibwa edda mu Mwoyo Omutukuvu okusobola okuwereza eri abalala. Abantu abaali babatizibwa kakati n'Omwoyo Omutukuvu baali babatizibwa dda mu mazzi.

**Okubatizibwa n'Omwoyo Omutukuvu kwabo abalokoka**

Kino kya kulabirako kikulu nnyo eky'omulimu gw'Omwoyo Omutukuvu nga omuntu amaze okwenenya, okulokoka era n'okubatizibwa mu mazzi. Tukimanyi bulungi nti Filipo teyandibatiza bantu abatalokose olw'Omwoyo Omutukuvu nga bayita mu kukiriza Mukama waffe Yesu Kristo. Naye, (Omwoyo Omutukuvu) "…yali tannaba kubakkako n'omu ku bo: naye baabatizibwa bubatizibwa okuyingira mu linnya lya Mukama waffe Yesu" (Ebikolwa 8:16). N'olwekyo Peetero ne Yokaana bwe babasaako emikono, ne bafuna Omwoyo Omutukuvu. Simooni omulogo "Yalaba ng'olw'okussibwako emikono gy'abatume baaweebwa Omwoyo Omutukuvu," n'abaleetera effeeza naye bamuwe obuyinza. Lwakuba nti era nga bulijjo bamunenyeza dala (Laba Ebikolwa 8:18-20).

**Ayineya ne Doluka**

Peetero yali atambula tambula munsi nga asobozesebwa amaanyi ag'Omwoyo Omutukuvu era nga akola eby'amagero. Eby'amagero bibiri ebikukutivu, okuwonyezebwa kwa Ayineya n'okuzukiza kwa Doluka okuva mu bafu, kwavaamu abantu bangi okujja eri Mukama waffe mu Luda, Saloni, ne Yopa.

> Awo olwatuuka Peetero bwe yali ng'ayita wonna wonna, n'aserengeta eri abatukuvu abaali batuula mu Luda: n'asangayo omusajja erinnya lye Ayineya eyali yaakamaze ku kitanda emyaka munaana, olw'endwadde y'okukoozimba. Peetero n'amugamba nti Ayineya, Yesu Kristo akuwonya: yimirira, weeyalire. Amangu ago n'ayimirira. Bonna abaali batuula mu Luda ne mu Saloni ne bamulaba ne bakyukira Mukama waffe.
>
> —EBIKOLWA 9:32-35

Abakiriza ababatizibwa n'Omwoyo Omutukuvu balina okubeerawo okuwonya abalwadde wonna webagenda. Mu kyawandikibwa kino, Mukama waffe yakozesa okuwonya okubulira enjiri mu bitundu bye Luda ne Saloni.

## Kyatutuukako mu Thailand

Tulina okujjukira nti ekimu ku bigendererwa ebikulu ebye by'amagero kwe kusika abatanalokoka okutuuka ku kutegeera amaanyi ga Yesu Kristo agalokola. Kino kyatutukako nga tuli mu nkambi ya babundabunda mu mambuka ga Thailand. Bakatukyaaza bali balokole, era nga kumpi ko enkambi yonna eri kumpi kufuuka ya balokole. Abaana bali balina empisa, era nga tuwulira emirembe gya Mukama. Enkambi yali nyonjo era nga etegekeddwa bulungi.

Katukyaza yali ateseteese okututwala okukyalira enkambi endala etalimu balokole. Kyatwewunyisa! Abaana balinga abagu b'edalu, batutakulatakula nga bwe basabiriza. Bangi ku bakazi batukirira abasajja abaali mu kibinja kyaffe nga bababuuza oba nga bandiyagadde okugula bamalaya. Wama eno yali mbeera ntuufu ey'okubuliramu enjiri.

## Twalangirira mu buvumu nti Katonda waffe yali wakuwonya abalwadde

John yali wakulaba nga tulekaanya emizindaalo tukunganye ekibiina. Olwo n'abulira obubaka obwangu okutegeera ku Katonda gwe tuwereza era bwali ow'amaanyi. Ekyadirira, n'obuvumu n'alangirira nyi Katonda waffe yali wakuwonya abalwadde okubalaga nti abagala. Mangu ago, omusajja eyali amanyikiddwa enyo yasembera mu maaso. Omugongo gwali gumulumidde ebanga. Bwe twamala okusaba, nawonyezebwa era nga kino kyaletaawo akakyankalano mu nkumi ne nkumi ez'abantu abali batulaba. Ekyo bwe kyaggwa John nayita abagala okulokoka era abantu ne banukula. Kino kyali tekibangawo kubanga abantu bomu nkambi zino bayanukulanga omwami wabwe yabalagidde okukikola. Wabula abamu bajja okulokoka olwekyo kye baali balabye. Omugabe wabwe yamala nayita katukyaaza akomewo wiiki eyali eddako kubanga yali ayagala okumanya ebisingawo ku bulokozi.

## Koluneeriyo ayita Peetero mu Bikolwa by'Abatume 10

Mu Kayisariya waliyo omusajja munaggwanga erinnya lye Koluneeriyo. Yali mukulu wa kitongole mu maggye g'Abaruumi. Ye n'abo mumakage bali bewaayo era nga batya Katonda. Yagabiranga abo abaalinga mu bwetaavu era nga asaba Katonda obutayosa. Lumu yalaba okw'olesebwa era nga mu kwo malayika wa Katonda yajja nayogera gyali namugamba asindike abasajja mu Yopa balete omusajja erinnya lye Simooni era nga

ayitibwa Peetero. Malayika yamubuliira ennyumba wenyini Peetero weyali abeera.

Enkeera nga ababaka basemberera ekibuga, Peetero yawebwa okwolesebwa aleme okuyita ekintu kyona nti si kirongoofu Katonda kye yali amaze okulongoosa. Nga akyebuuza ekwolesebwa okwo kyekutegeeza, Omwoyo namugamba nti abasajja basatu bali bajja, era nga yali wakugenda nabo mu Kayisaliya. Enkeera yagenda nabo paka mu nju ya Koluneeriyo era bwe yatuuka nabanyonyola nti newankubadde baali banaggwanga Katonda yali amaze okumulaga aleme okuyita omuntu yenna atali mulongoofu oba mutukuvu. Peetero natanula okubuliira obubaka obw'amaanyi ku Yesu owe Nazaresi.

## Omwoyo Omutukuvu aka ku banaggwanga

> Awo Peetero bwe yali akyayogera ebigambo ebyo, Omwoyo Omutukuvu n'abagwako bonna abaawulira ekigambo. Ne basamaalirira abakkiriza abakomole, bonna abajja ne Peetero, kubanga ne ku mawanga ekirabo eky'Omwoyo Omutukuvu kifukiddwa. Kubanga baabawulira nga boogera ennimi ne bagulumiza Katonda. Awo Peetero n'addamu nti Omuntu ayinza okugaana amazzi bano obutabatizibwa, bano abaweereddwa Omwoyo Omutukuvu nga ffe? N'alagira babatizibwe okuyingira mu linnya lya Yesu Kristo. Oluvannyuma ne bamwegayirira okumalayo ennaku nnyingiko.
>
> —EBIKOLWA 10:44-48

Okwogera mu nnimi (ennimi ez'omwoyo) n'okutenderza Katonda kabonero akenkukunala mu byawandikibwa akawerekera okubatizibwa N'Omwoyo. Ekintu kye kimu kisubirwe buli Omwoyo Omutukuvu lwakka ku abo abakiriza.

## Peetero anyonyola ebikolwa bye

> Abatume n'ab'oluganda abaali mu Buyudaaya ne bawulira ng'amawanga nabo bakkirizza ekigambo kya Katonda. Awo Peetero bwe yayambuka e Yerusaalemi, bali abakomole ne bawakana naye nga bagamba nti Wagenda mu bantu abatali bakomole n'olya nabo. Naye Peetero n'atanula n'abannyonnyola kinnakimu ng'agamba nti
>
> —EBIKOLWA 11:1-4

> Bwe nnali kye njije ntanule okwogera, Omwoyo Omutukuvu n'abagwako era nga bwe yasookera ku ffe. Ne njijukira ekigambo kya Mukama waffe bwe yayogera nti Yokaana yabatiza na mazzi, naye mmwe mulibatizibwa na Mwoyo Mutukuvu. Kale Katonda oba nga

> abawadde ekirabo ekyo nga ffe okwenkanankana, bwe twakkiriza Mukama waffe Yesu Kristo, nze nnali ani eyandiyinzizza okuziyiza Katonda? Bwe baawulira ebyo ne basirika, ne bagulumiza Katonda nga bagamba nti Kale Katonda; awadde n'ab'amawanga okwenenya okutuuka ku bulamu.
>
> —EBIKOLWA 11:15-18

Okubatizibwa kw'Omwoyo Omutukuvu kwakakasa Peetero, abatume, n'abakiriza abalala abayudaya nti banaggwanga bali bakirizibwa Katonda.

## Kino kisoboka n'olweero

Wano tulabye eby'awandikibwa nti Omwoyo Omutukuvu yaka ku basajja n'abakazi banagwanga. Kyali kitukiriza Ebikolwa 2:38-39 Peetero weyagambira nti "Ekirabo eky'Omwoyo Omutukuvu," kyali kyabwe "N'abaana babwe n'abo abaali ewala − abo Mukama Katonda waffe banayita." Kino kiragira dala nti ekirabo kino eky'ewunyisa naffe kyaffe leero kubanga yeffe abo "Bonna abali ewala − abo bonna Mukama Katonda b'anayita."

## Okulokoka kwa Saulo wamu n'obuwerezabwe

Oluvanyuma lwa Saulo okusisinkana Kristo mu buntu ku luguudo lwe Damasiko era n'omusajja Ananiya atya Katonda okumala okugondera ebiragiro bya Mukama ebyamuwebwa mu kw'olesebwa, Sawulo yatandikirawo okubulira mu makungaaniro nti Yesu ye Mwana wa Katonda.

Emyaaka bwe gyayitawo, Paulo yali ku lugendo lw'obuminsani olwamutuusa mu Effeso. Eyo gye yasisinkanira abamu ku bayigirizwa era n'ababuuza nti "Mwawebwa Omwoyo Omutukuvu bwe mwakiriza?"

> Awo olwatuuka Apolo bwe yali e Kkolinso, Pawulo bwe yayitira mu njuyi eziri waggulu n'atuuka mu Efeso n'asanga abayigirizwa abamu: n'abagamba nti Mwaweebwa Omwoyo Omutukuvu bwe mwakkiriza? Ne bamugamba nti Nedda, n'okuwulira tetuwuliranga nti waliwo Omwoyo Omutukuvu. N'agamba nti Kale mwabatizibwa kuyingira mu ki? Ne bagamba nti Mu kubatizibwa kwa Yokaana. Pawulo n'ayogera nti Yokaana yabatiza okubatiza okw'okwenenya, ng'agamba abantu bakkirize agenda okujja ennyuma we, ye Yesu. Bwe baawulira ne babatizibwa okuyingira mu linnya lya Mukama waffe Yesu. Pawulo bwe yabassaako emikono, Omwoyo Omutukuvu n'ajja ku bo, ne boogera ennimi ne balagula. Abantu bonna baali nga kkumi na babiri.
>
> —EBIKOLWA 19 :1-7

Wano era wawandikidwa eby'aliwo emyaaka nga giyiseewo okuva ku lunaku lwa pentecote, nga ebintu by'ebimu bigobererwa. Kasita abakiriza bategeera obulungi okuweebwa Omwoyo Omutukuvu, batekebwaako emikono,ne baweebwa ekirabo eky'Omwoyo Omutukuvu, era ne basumululwa okw'ogera olulimi olw'omwoyo era nebwawa obunabi.

**Pawulo asaba mu nimi**

Kya lwaatu nti okubatizibwa n'Omwoyo Omutukuvu gwali musingi gwa mazima era ekintu ekikulu ennyo mu Kkanisa ey'endagaano empya. Omutume omukulu Pawulo mazima yanyumirwa nnyo embeera eno kubanga yagamba ab'Ekkanisa ye Kolinso nti yali asaba mu nimi okubasinga bonna (laba 1 Abakkolinso 14:18).

**Sonja yayita mu bintu byebimu nga bo**

Abatume bali bamaze emyaaka esatu n'ekitundu ne Mukama waffe. Yali abaleze. Bwe yamala okuzukira, nga tanagenda mu Ggulu, nabassiza omukka era awo baali balokose (laba Yokaana 20:22). Nange, bwentyo, nali ndokose. Kyokka, bali bajudde okutya era nga tebalina kyebasobola kukola bulungi, era nga nange bwe nali.

Yesu yabalagira okulindirira ekisuubizo kya Kitawe, ekirabo eky'Omwoyo Omutukuvu, okwambazibwa amaanyi okuva wagulu. Ku lunaku olwa Pentecote, Omwoyo Omutukuvu yabakako mu maanyi era n'engeri ey'obwakatonda okubera nga tebasigala kyekimu. Baabulira enjiri munsi yonna eyali emanyikiddwa era nga bangi batibwa olw'okukiriza kwabwe. Kiki ekyali kibakyusiza? Yali Omwoyo wa Katonda Omutukuvu eyababatiza era nabambaza amaanyi ge. Ekyo kye ekyantukaako kyennyini. Nange sasigala kyekimu!

*Kiki ekiberawo bwe tusaba?*

**Yesu Kristo awa Omwoyo Omutukuvu abo abamusaba**

> Kubanga buli muntu yenna asaba aweebwa; n'anoonya alaba; n'eyeeyanjula aliggulirwawo. Era ani ku mmwe kitaawe w'omuntu omwana we bw'alimusaba omugaati, alimuwa ejjinja? oba ekyennyanja, n'amuwa omusota mu kifo ky'ekyennyanja? Oba bw'alisaba eggi, n'amuwa enjaba? Kale oba nga mmwe ababi mumanyi okuwa abaana bammwe ebirabo ebirungi, talisinga nnyo Kitammwe ali mu ggulu okuwa Omwoyo Omutukuvu abamusaba.
>
> —LUKKA 11:10-13

Tuwebwa ekirabo eky'Omwoyo Omutukuvu akaseera kenyini we tusabira, era nga bwetwasaba okulokoka

**Tusaba tutya**

Bwoba nga tojjuzibwanga naye nga oyagala okuweebwa ekirabo eky'Omwoyo Omutukuvu, osobola okusaba essaala eno enyangu:

*Yesu mbatiza n'omwoyo Omutukuvu. Nzijuza amaanyi go nsobole okubeera omujulirwa wo omulungi. Webale, Mukama. Mpereddwa. Nyamba no okusumulula olulimi lwange olw'omwoyo. Amiina.*

Suubira Omwoyo Omutukuvu okukukako okukuwa okukiriza okwogera ebigambo ebigwiira kugwe. Y'akuwa ebigambo; gwe kyokola kwogera.

*Ensonga okuva mu Baibuli lwaki oyogera mu nimi*

Kale mbaagala mwenna mwogerenga ennimi, naye waakiri mubuulirenga: era abuulira ye asinga obukulu ayogera ennimi, wabula ng'ategeeza, ekkanisa eryoke ezimbibwe.

—1 ABAKKOLINSO 14:15

Pawulo yakubiriza abantu bonna okwogera mu nnimi era n'okuwa obunabbi

Ayogera olulimi yeezimba yekka; naye abuulira azimba ekkanisa.

—1 ABAKKOLINSO 14:4

Naye mmwe, abaagalwa, bwe mwezimba ku kukkiriza kwammwe okutukuvu ennyo, nga musaba mu Mwoyo Omutukuvu.

—YUDA 20

Okusaba n'okusinza mu nnimi kuzimba omukiriza mu mwoyo era ne kuzimba omwoyo w'omunda

Kubanga bwe nsaba mu lulimi, omwoyo gwange gusaba, naye amagezi gange tegabala bibala. Kale kiki? nnaasabyanga omwoyo, era nnaasabyanga n'amagezi, nnaayimbyanga mwoyo, era nnaayimbyanga n'amagezi.

—1 ABAKKOLINSO 14:14-15

Okusaba n'okusinza mu nnimi kutusobozesa okuyingira mu nsi etaali yabulijjo. Tuba twogera ne Mukama mu buntu era ne mungeri etali yabulijjo.

> Kale kiri kitya, ab'oluganda? Bwe mukuŋŋaana, buli muntu alina oluyimba, alina okuyigiriza, alina ekimubikkuliddwa, alina olulimi, alina okutegeeza. Byonna bikolebwenga olw'okuzimba.
>
> —1 ABAKKOLINSO 14:26

Okusaba mu nnimi kutusobozesa okuwulira ebigambo ebitulungamya okuva ew'Omwoyo Omutukuvu, okufuna okubikulirwa okuva gyali, era asobola n'okutuwa okuvunula Omwoyo kyagamba

*Okwogera mu nnimi kikulu kwenkana ki?*

OLABIKA KAKANO OKIMANYI nti tukiriza nti okubatizibwa mu Mwoyo Omutukuvu wamu n'okwogera mu nnimi bikulu nnyo bwetuba tugenda kukola ebyo Yesu bye yakola. Ekintu ekikulu ge maanyi − amaanyi agatali ga bulujjo, agalinga baluti − agatuwebwa Omwoyo Omutukuvu. Ekidduka Katonda kye yalonda okuyisaamu okwambazibwa amaanyi gano kwe okubatizibwa n'Omwoyo Omutukuvu. Ekiddirira eky'obwakatonda eky'okwogera mu nnimi kirowoozo kya Katonda si kya muntu.

**Webale Yesu, naye nedda.**

Okwogera mu nnimi kikulu kwenkana ki? Yesu agamba, nnina ekirabo kyo. Kigenda kukuwa amaanyi era kikufuule omulokole akola obulungi. Osobola okubeera omujjulirwa wange ow'amaanyi era obeere omu kwabo abakozesebwa mu birabo by'obwakatonda okuwereza eri abalala. Ekirabo okyagala? Onayanukula otya? Ani dala ategeera obulungi ayinza okugamba nti "Webale Yesu naye nedda, sagala n'ekirabo kyo. Byennina bimala?"

**Betaaga okwongera okusabirwa**

Emu ku nsonga lwaaki twongera okutakabanira abo abatasobodde kusumulula lulimi lwaabwe olw'omwoyo kwekuba nti ebiseera ebisinga baba banirizibwa okuyingira mu nsi ey'omyoyo eya Katonda. Kino tukirabye entakera. Abantu basabye, ne basaba ekirabo ky'Omwoyo Omutukuvu, naye ate ne batakulukuta mu kwogera mu nnimi. Kubanga baba basabye, era nga

Omwoyo Omutukuvu abaseeko, bamanyi waliwo ekibatuseeko naye nga bakyayagala ekisinga kwekyo.

**Buli asaba aweebwa**

Tusoma mu Lukka 11:10, "buli asaba aweebwa," era nti Kitaffe ow'omuggulu awa abo abamusaba Omwoyo Omutukuvu bwe bamusaba bo. Wabula olw'ensonga zetutamanyi, Abantu bwe batakulukuta mu nnimi mu kiseera webasabidde, omuziziko gutekebwaawo, era baba betaaga obuwereza obulala. Ekyo bwekitukawo, batandika okutambulira mu nsi Ya Katonda ey'omwoyo.

**Kino kituuse ku bantu bangi nnyo dala**

Tetulina kiffo wetuyinza kuwandiika bantu bonna abayise mu mbeera gye tuva okwogerako. Naye no, emu kumbeera bwetyo ye yali eyamukwano gwaffe Mzee Jim Heyford, omusumba omukulu ow'ekkanisa ya Eastside Foursqure mu kibuga Bothel ekya Washington, asobodde okwogera eri obulamu bwaffe mu ngeri ez'ewunyisa. Lwe twasokera dala okumubuuza ku ky'abantu okubatizibwa n'Omwoyo Omutukuvu kyokka ne bogera mu nnimi oluvanyuma lw'ekiseera, yamwenya bumweenya era natuwa obujjulirwa buno wansi awo ku ngeri gye yafunamu okubatizibwa n'Omwoyo Omutukuvu.

**Omusumba Jim Hayford Sr.**

Nali nina emyaaka kumi n'etaano, lwe nakyalira muganda wange Jack ne mukyala we Anna abeeranga mu Indiana gye bali basumba Ekkanisa omwali abantu abatono. Mu biro ebyo netaba mu nkungaana za Foursquare biri muganda wange zeyali dukanya. Essiira baliteeka ku buwereza obw'Omwoyo Omutukuvu. Mu luwumula luno we nasokera okuwulira okuyigiriza kw'abalokole ku buwereza buno. Kiriza bwe nkugamba nti lwe nasooka okukiraba wama kyanzibula amaaso!

Twali tukomekereza ekibiina ky'okumakya ku kubatizibwa n'Omwoyo Omutukuvu mu Spencer Lake, e Winsicosin mu kunganiro omwali muyiriddwa obukuta bw'emiti obuva mu bajjiro we nawulirira okulumirizibwa okwanukula "okusembeza okubatizibwa." Nkimanyi nti mu buto bwange omutima gwange gwali gumatidde nti nali netaaga amaanyi agasingawo aga Katonda mu bulamu bwange, bwentyo kyenava ngenda mu maaso okunsabira. Abantu abawera abali bagala mbatizibwe n'Omwoyo Omutukuvu bansabira kumakya okwo okumala akaseera akawera nga basubira nti nja kwogera mu nnimi era mbawe "obukakafu" ku kubatizibwa kwange n'Omwoyo Omutukuvu.

Nzijjukira natambula mpola okufuluma wetwakungaanira nga mpulira ebintu bibiri era nga bikulu. Ekisokera ddala nga mannyi nti

Katonda ansisinkanye mu ngeri gye siyinza kunyonyola – era nga manyi nti n'olwekyo ndi "wanjawulo." Eky'okubiri nawulira nga ninga ayiye ababadde bansabira kubanga nali sogedde mu nnimi. Sinsonga oba nali mpulira ntya naye navuga okuva mu lukungaana lw'abavubuka olwo enkeera nga manyi nti nali nfunye ekisuubizo kya Mukama waffe Yesu ekigamba "Emigga gy'amazzi amalamu girifuluma mu lubuto lwe" (Yokaana 7:38).

Omwaaka ogwadirira obulamu bwange bwajjula enkuba empya ey'obuvumu mu kujjulira Yesu. Nzijjukira Baibuli yafuuka namu gyendi. Nesanga ngisoma obutayosa nga njaagala era nga nina enjala y'ekigambo sosi okukikola olw'okugondera bakadde bange. N'obukulembeze bwange ku Kkanisa bw'atandika okulabibwa abakulu n'abato.

Okugolokoka kuno kwonna okw'omwoyo ne mu bulamu bwange bwonna mbiteeka ku kiki ekyantukaako bwe nali ku kituuti mu Winscosin mu luwumula lwe nalimu. Nzikiriza—nti nawankubadde sayogera mu nnimi kumakya g'olunaku olwo olw'ebyafaayo—amazima nabatizibwa n'Omwoyo omutukuvu. Okusumululwa mu maanyi ag'omwoyo wamu n'okujjulira mu bulamu bwange byava era byaali "bukakafu" obw'okubatizibwa bwennyini.

Ensigo ey'okubusabuusa yali emaze okusigibwa mu nze mu buto bwange era yali etandise n'okuzimba enjigiriza olunaku lwe natambula okuva ku kituuti nga sogedde mu nnimi. Nebuuza ekibuuzo oba nali "nzijudde Omwoyo." Oluusi nga newuunya oba nali "ngudde" ekigezo kya Katonda bwe sayogera mu nnimi embagirawo. Nali wakukola ntya nze? Nzijukira okusaba Mukama "Okumpa ekirabo eky'okwogera mu nnimi mu ngeri ye era mu biseera bye ebituufu." Nali mugufu.

Emyezi wayita kumi n'ena, nali ntudde ku ntebe z'emabega mu Kkanisa ye Corning mu Califonia mukwano gwaffe we yali asumba. Ku lunaku lw'oluwumula olwo, lwe natandika okw'ogera mu nnimi. Nange nakyewunya nesanga njogera mpola mpola mu lulimi lwe nali siyigiriziddwa awo we nali ntudde obw'omu era nga okusooka esiira nali nditadde ku kusabira akabinja k'abavubuka akali mu maaso ku kituuti omusumba ke yali asabira ebintu bye samanya. Amaziga agabuguma gakulukuta okuva mu maaso gange nga nkizudde nti ddala Mukama yali azeemu esaala yange ku kufuna ennimi empya. Okweyoleka kw'ekisa kino bibadde nange okuva ku olwo.

Emyaaka nga giyise era nga ndi musumba era omuyizi w'ebyawandikibwa, nayiga nti okubatizibwa n'Omwoyo Omutukuvu wamu n'ebirabo by'Omwoyo Omutukuvu tebisaana kubuzaabuzibwa kimu n'ekirala. Wadde nga ekirabo eky'okwogera mu nnimi kikulu nnyo eri buli mukiriza nga bwekirabibwa amaanyi ag'obwakatonda ku lunaku olwa Pentecote, ekirabo kino tekifanana na kubatizibwa kwa muntu. Bisobola okuberawo omulundi

gumu oba bisobola okwawukana. Nzikiriza ebirabo byonna bikulukuta okuva mu kubatizibwa ebimu mbagirawo ebirala oluvanyuma.

Nebaza Katonda olw'okukuza ebirabo eby'omwoyo, okutandikira ddala ku kirabo eky'ennimi ekyampebwa nga wayiseewo omwaka mulamba nga maze okubatizibwa n'Omwoyo Omutukuvu. Ebirabo ebirala bingi bikuziddwa okuyita mu myaaka emingi okufuuka ebikozesebwa era n'okuzimba ekitundu mu bulamu bwange wamu n'obuwereza. Kansubire nti obujjulirwa buno bujja kuzaamu amaanyi era buyambe abo ababadde nensonga ey'obutogera mu nnimi "We bali balina okuzogera."

## Enkolagana n'Omwoyo Omutukuvu

Enkolagana yaffe n'Omwoyo Omutukuvu kye kisumuluzo ekikulu. Tulina enkolagana naye enungi? Okuyita mu nkolagana eno ebirabo bye mwe biyita okukulukutira muffe. Ebirabo byokka awatali nkolagana, okwagala wamu n'omusingi gwa Baibuli bisobola okukulimba.

## Ekirabo kiweebwa bwe tusaba n'okukiriza

Tukimanyi bulungi nti enjigiriza ey'ekipentekote eyasooka egamba nti oba tobatiziddwa na Mwoyo Omutukuvu bwoba toyogedde mu nnimi. Wabula, tukiriza nti ekirabo kiweebwa bwe tukisaba − era nga obulokozi. Olwo no tuba tusobola okw'ogera mu nnimi bwe tutegeera nti tusobola era nga twagala. Olwokuba abawereza ebiseera ebisinga tebatera kukuwa musingi mutuufu egw'ebyawandikibwa ebikwata ku kufuna, abantu nabo era baanukula tebategedde bulungi, era, n'olwekyo, nebakomekereza nga ebikivuddemu tebimatiza. Okuyigiriza bwekuba kwa kibogwe n'ebikivaamu biba bwebityo.

## Nze ebyo bintiisa

Tubuuza abantu abajja gyetuli okusabirwa okufuna ekirabo kino obanga bategeera bulungi ekyo kye basaba. Ebiseera ebisinga, bwe babuzibwa obanga bagala okusumulwa olulimi okw'ogera olulimi olw'Omwoyo Omutukuvu bwanabakako abasinga batwanukula bagamba nti "Ha nedda sagala kukola bwentyo. Ekyo kintiisa." Olwo ekiddirira ffe kwe kubikula eby'awandikibwa ne tukakasa nti bategeera ekikula ky'embeera y'Omwoyo eno. Bwe bamala okukiraba mu Baibuli, olwo basobola okusalawo nga bategedde bulungi. Singa tubadde tubasabidde nga tetubabuziza twandibadde tugezaako okubakulembera okulaga gye batayagala kugenda. Abantu bangi bayise mu bizibu olw'okuba abawereza abatamanyi kya kukola oba abatafayo babakakatikako ebintu ebibasuubirwaamu.

**Tussa ekitibwa mu birowoozo byo.**

Tukimanyi bulungi nti abalokole bangi tebajja kukiriziganya naffe bwe twogera nti abakiriza babatizibwa n'Omwoyo Omutukuvu bwebasaba ekirabo ekyo n'okukiriza. Bwebaba tebasobodde kwogera mu nnimi mu kiseera ekyo, ebiseera ebisinga bakikola bwe baba bokka era ne bakakana mu maaso ga Mukama. Oba, bayina okwetaaga okulungamizibwa okusingawo ko wamu n'okuzaamu amaanyi nga tebanaba ku buuka muziziko basobole okutandika okwogera mu nnimi. Ekyo tetuli kikayaniramu nakatono. Ebirowoozo byabwe tubisaamu ekitibwa era naffe tubasaba bakole bwebatyo.

### *Okweyongera okujjuzibwa Omwoyo*

BWE TUMALA OKUBATIZIBWA n'Omwoyo Omutukuvu, tukubirizibwa okujjulanga Omwoyo Omutukuvu. Embeera eno ekuletera amaanyi agakuyamba okutambulira mu bulamu obw'omulokole eyeyagagza.

> So temutamiiranga mwenge, kubanga mu gwo mulimu okwegayaggula, naye mujjulenga Omwoyo; nga mwogeragananga mu zabbuli n'ennyimba n'ebiyiiye eby'Omwoyo, nga muyimbanga, nga mumukubiranga ennanga mu mutima gwammwe Mukama waffe.
>
> —ABAEFEESO 5:18-19

Tubatizibwa n'Omwoyo Omutukuvu omulundi gumu. Olwo no tulina okujjuzibwa Omwoyo Omutukuvu buli lunaku.

Embeera eno teberawo mu lundi gumu nebiggwa. Wabula, kye tulina okusaba buli lunaku. Emu ku ngeri enkulu gy'oyinza okusigala nga ojjudde kwe kusaba mu lulimi olw'omwoyo (ennimi) nga Omwoyo Omutukuvu bwakusobozesa. Engeri endala mwe muli okusoma, okuyiga, okufukitiriza ku bigambo bya Baibuli, okuwandiika by'oyize, okusa ekimu n'abakiriza, era n'okwenyigira mu kuyiga ekigambo kya Katonda nga muli ewaka n'abalokole abalala.

**Enyimba ez'omwoyo**

Nga bwe kiwandikiddwa mu Abaefeeso 5:19, bwetujjuzibwa Omwoyo tusobola okuyimba ennyimba ez'omwoyo. Ebiseera ebisinga zino zijja nga okusinza kw'otolowozezaako wabula n'osinza mu luyimba mu lulimi olw'omwoyo. Tusobola okuyimba ebigambo Omwoyo by'atusizaamu, mu kayimba akamanyikiddwa oba oluyimba olujja – okusinziira ku kiki Omwoyo ow'omuwendo omungi gyaba atulungamiza. Kino kyongera ekitundu eky'omwoyo ku kusinza kw'omuntu oba awamu nga ekibiina era nga embeera eno mpitirivu obulungi.

OKUBATIZIBWA N'OMWOYO OMUTUKUVU kuleesewo akavuyo kangi nyo mu, mubiri gwa Kristo—ekisinze okuleeta ekyo bwe butayigirizibwa bulungi. Okubatizibwa kutuuse ku bukadde n'obukadde bw'abakiriza okwetoloola ensi yonna mu balokole ababuli kika; kyokka era wakyaliyo abo ababyegaana nti tebiriyo. Ensonga enkulu lwaaki kiri bwekityo zezino:

- Toyinza kubagamba nti kabonero ka mwoyo; kino Kirabo eri omukiriza, sinsonga bato batya mu Mukama. Eya kalokoka asobola okuwebwa okubatizibwa. Awatali musingi mulungi ogwa Baibuli, abalokole abamu abato bambi bogedde ku balokole abalala nga "ab'omwoyo ennyo" kubanga "bogera mu nnimi." Ekyo kikyamu emirundi gyonna! Abalokole bangi ab'omwoyo abatafunanga kirabo kino. Wabula singa bongera okuyayanira ennyo Omwoyo Omutukuvu mu bulamu bwaabwe nabo basobola okufuna ekirabo kino. B'alokoka dda, naye kino kikwatagana na kubeera n'amaanyi agatali ga bulijjo okusobola okutambulira mu bulamu obw'omukiriza era n'okutegeera obulungi ensi ey'omwoyo.
- Abantu bangi bagerageranya embeera eno nga ekoma ku kwogera mu nnimi kyokka, naye kino kye kitono ennyo ku ebyo byofuna. Nga bwe tulabye, embeera ekwatagana n'amaanyi agatali ga bulijjo, okuzimba era n'engeri endala nyingi ez'Omwoyo Omutukuvu. Ebiseera ebisinga kino kye kyanjula omulokole eri amaanyi ga Katonda era nekimuwa n'okutegeera sitani.
- Bulijjo tulina okujjukiranga nti bino byonna bikwatagana ku nkolagana yaffe ne Yesu Mukama waffe wamu n'Omwoyo Omutukuvu. Mu nkolagana eno mwemufuluma ebirabo n'amaanyi ebigasa abalala.
- Tumanyiiyo abalokole batono nnyo abatabatizibwanga na Mwoyo Mutukuvu abatewala kugoba mizimu mu bantu. Okusobola okusumulula abantu bano abali mu buzibu, omuntu alina okuba nga akolera mu maanyi n'ekirabo eky'okwawula emyoyo, ebigambo eby'amagezi, era n'okutegeera. Twongera okulaba abantu bangi nga basummululwa, naye bulijjo gaba maanyi ga Mwoyo Mutukuvu muffe, nga atulaga ensibuko emizimu mwegikolera.
- Abantu bangi bulijjo babuuza lwaki omuntu yandiyagadde okwogera mu lilimi lw'atasomesebwanga. Kyokka nga kino kibuuzo kikulu. Era ensonga enkulu kwe kukiriza Omwoyo Omutukuvu okumusaba okuyita muffe okutukiriza okwagala kwa Katonda. Bwe tumala okusaba mu kutegeera kwaffe, tutera okuwulira nga tekimala. Ebiseera ebisinga tuba tetumanyi na kusaba. Mu biseera ebyo Omwoyo Omutukuvu watusobozesa

okw'ogera mu lulimi lwe tutamanyi. Oluusi kitukawo ku ludda lw'omwoyo kubanga Omwoyo Omutukuvu yennyi owa Katonda yeyegayiridde ku lwaffe.

- Abantu bangi batabula okubatizibwa n'Omwoyo Omutukuvu wamu n'okwogera mu nnimi (Ekyo ky'abakiriza bonna) n'ebirabo "eby'okwogera mu nnimi ezenjawulo" era "n'okuvunula ennimi" ebyogerwa Pawulo mu 1 Abakkolinso 12:7-11.
- Okwogera mu nnimi Pawulo kwayogerako ze njuuyi enyingi ez'okusaba eziri mu 1 Abakkolinso 14:2: "Kubanga ayogera olulimi tayogera eri bantu, wabula Katonda; kubanga siwali awulira; naye mu mwoyo ayogera byama." Pawulo yebaza ne Mukama olw'okuba ayogera mu nnimi okusinga bonna.
- Ebirabo eby'ogeddwako mu 1 Abakkolinso 12:4 bubaka okuva eri Katonda okugenda eri Ekkanisa. Mungeri emu oba endala, abakiriza bwe basaba mu nnimi, aba Mwoyo Omutukuvu asaba okuyita mu mukiriza okusinziira ku kwagala kwa Katonda okutukiridde. Obubaka bwe buweebwa ekibina okuyitta mu muntu ayogera mu nnimi buba buva eri Katonda okutuuka eri ekibiina ekikungaanye. Obwo obubaka buba bulina okuvunulwa tulyooke tumannye kiki Katonda kyagambye.

*Engeri y'okukulemberamu omuntu okubatizibwa n'Omwyo Omutukuvu*

- Kakasa nga omuntu ono mulokole. Kino kya balokole bokka.
- Tegeera ebirubilirwa byabwe. Bwe kuba kwogera mu nnimi kwoka, kakasa nga bategeera eby'awandikibwa nga temunagenda wala.
- Banyonyole nti ekirabo kino kya bwerere era nga obulokozi bwe buli. Ofunirawo ekirabo mu kiseera ekyo w'osabidde mu kukiriza, era nga obulokozi bwe buli.
- Emiziziko: Okuyigirizibwa bintu byonna ebikyamu obutasonyiwa, oba ebiddini diini bisobola okuziyiza omuntu. Bwe walabuka nga awaliwo omuziziko, banyonyole bategeere eby'awandikibwa era obakulembere mu saala ey'okwenenya ku nsonga ezo nga temunagenda wala.
- Banyonyole kiki kyogezaako okukola. Bagambe nti "Tujja kwekebejja eby'awandikibwa, tusabe okufuna Omwoyo Omutukuvu, era tusumulule olulimi olw'omwoyo."
- Lungamya omuntu okusaba, oba bakulembere mu saala basabe Mukama waffe Yesu Kristo ekirabo eky'Omwoyo Omutukuvu era n'obusobozi okusaba mu nnimi ze batabayigiriza.

- Damu obakakase nti we basabira we bafunira. Tobakaka, tobanguyiriza. Balage ekisa obawe n'ekiseera.
- Lungamya omuntu okussa ekikowe akirize Omwoyo Omutukuvu okubawa ebigambo. Ekisinga okunyonyola kino kwe kuba nti bajja kuba nga abaana abato abayiga okwogera ebigambo ebisooka. Yesu atusaba tubeere nga abaana abato twogere ebigambo eby'amatendo eri Kitaffe ali mu Ggulu. Twogera bwogezi ebigambo Omwoyo Omutukuvu by'atuwa. Engeri gye biwulikikamu ebyo biba bibye. Abantu bangi baba balowooza "tubiyiyiza buyiiya." Twagala nnyo okwongera okusaba n'okubazaamu amaanyi okutuusa lwe bogerera ddala obulungi. Olulimi bwe luba lutadde nga bogerera kumu kumu olwo ne balyooka bamanya nti sibiyiiye, obilabilawo ebya Katonda bibakako ne babitegeera.
- Teeka omukono gwo ogwa ddyo ku kibegabegaakye osabe mpola mpola mu nnimi. Tomusindika; omuntu muwe akaseera okwanukula Omwoyo Omutukuvu. Bakakase mpola mpola obutatya oba obutafaayo banawulikika batya. Bajja kutandika okw'ogera bokka, era gwe genda mu maaso nga obazaamu amaanyi era n'okukiriza kye bayitamu.
- Ku nkomerero, bakubirize okwongera okusaba mu lulimi lwabwe olw'eggulu bulijjo ate baleme kuba "banaddiini." Saba nga oli mu motoka, nga otambula, oba nga olina ky'okola ekirala eky'etaaga okusabirwa.
- Okuwumbawumba okwogera mu nnimi okuva mu 1 Abakkolinso 14:

  Lulimi lwa ddala
  - Obeera oyogera na Katonda
  - Oyogera ebyaama eby'omwoyo
  - Oba ozimbibwa nga omuntu era ozibwaamu amaanyi
  - Omwoyo wo aba asaba
  - Oba webaza

### *Okufuuka abawereza gye tukolera*

OLW'OBUTATEGEREGANA OBUNGI OBULI KU KIRABO KINO, tugezezaako okulaga mu bufunze era tulambuludde okuyigiriza ku bintu bino. Tusuubira kijja kukuyamba okuddamu ebibuuzo ebingi nga bw'ogenda okutandika okugabana ekirabo kino nabo bokola nabo.

## **Engeri gye kikolebwaamu gye tukolera**

Lumu nze (Sonja) nali ntudde mu ofiisi yange omuwandiisi okuva mu kizimbe ekirala najja tunyumyeemu. Nga akimanyi ndi mulokole, yambuuza kiki kye nali ndowooza ku "bintu eby'okwogera mu nnimi." Samulwisayo ne

mugamba nti kyali kintuseeko. Ne yewuunya, neyekoboggoza nga tayinza kukikiriza nti nange nyinza okukola ekintu bwekityo.

Wayitawo ennaku eziwera nga simulaba naye ne nesekerera kampuni yaffe bwe yalangirira enkyukakyuuka, era nga yali agenda okutandika okukola nange. Nkakasa Lois yalowooza nti nja kumubeera bubi, nga ngezaako okumumatiza "okujoboja mu nnimi ezo ezitategerekeka." Naye nga nze bwe maze ekiseera ekiwera nga nkola mu makampuni, njigideyo "olulimi lw'okumulimu." Kwe kubaleka ne bajja n'ekibuuzo ne nyanukula mu bimpimpi, olwo n'enkyusizaawo emboozi. Obaleka bakyayagala.

Bwentyo bwe nakwataganya ensonga eno Lois bwe yambuuza. Namuwa obujjulirwa bwange obutono ku ngeri gye nabatizibwaamu n'Omwoyo Omutukuvu n'ekyantukaako okuva olwo. Olwo n'enkyusizaawo emboozi. Kino kyagenda mu maaso okumala wiki eziwera okutuusa wiki emu bwe yaduma okuyingira mu ofiisi yange nangamba nti "Nnina okubatizibwa n'Omwoyo Omutukuvu ono leero! Sikyasobola kukigumikiriza!" Okusigala nga ndi wa mazima ku mpisa yange ey'obutalaga kukyamukirira namugamba nti "Ekyo kirungi nnyo naye ojja kulinda okutuusa ku malya g'eby'emisana, tetusobola ku kikolera mu saawa za kampuni."

## Omwoyo Omutukuvu n'emere

Amalya ge by'emisana yagalindirira na sanyu. Nakubira mukwano gwange akolera ku kizimbe ekiriranyewo ne mugamba atuletereyo ku by'okulya, ebisiike ne soda ajje tulye eky'emisana. Ono nali nakamukulembera okusaba Omwoyo Omutukuvu era yali musanyufu okusabira omulala naye abatizibwe. Bwe twamala okulya eky'emisana mu kitesezo, twateeka butesi mikono ku Lois, ne tumukulembera mu saala enyangu, era mangu nyo nafuna olulimi olw'omwoyo olulungi era nga alwogera bulungi.

Kyali kya nkizo nnyo okulaba mukozi munange nga ayita mu bintu by'ebimu bye nayitamu bwe nali nakabatizibwa n'Omwoyo Omutukuvu. Yagenda nafuuka omu ku babulizi benjiri y'okumulimu abalungi bemanyi. Ye ne bba balina kampuni eyabakayungirizi, era muwereza mulungi nnyo gye babeera.

Bino bye bimu ku bintu bye nayitamu nga nkyali mu makampuni ga America. Ennaku zino bensisinkana abasinga obungi baba mu nnyonyi, mu salon, ne balirwaana bange.

## Obuwereza bw'omuntu ku muntu

Okukulembera omukiriza mu kubatizibwa n'Omwoyo Omutukuvu kyangu, kubanga osobola okuddamu ebibuuzo byabwe era n'obakakanya nga batidde nga bwoba kakasa nti ekirabo basaba busabi okukifuna. Nga

eky'okulabirako ekyo wagulu bwe kiraga, anoonya bw'ategekebwa obulungi, tumutekako buteesi emikono ne tusaba esaala enyangu ennyo n'awebwa.

## Okuwerereza mu bubinja obutono

Ffembi tulina emikisa nkuyanja okukulembera obubinja obutono okutuuka mu mbeera eno ey'ewunyisa, ekyuusa obulamu. Tutera okusaba abo abaanukudde okusabirwa okujja mumaaso tubasisinkane buli omu. Bwe baba basuka mu abiri, kiyamba bwe tugenda mu kisenge awagazi.

Nze (Sonja) nali mpereza mu lukungaana lwa abakyala gye buvuddeko. Bwe nayita abantu okujja okusabirwa bajjuzibwe Omwoyo Omutukuvu, abakyala ne bajjula akatuuti we twali tukungaanide. Akatuuti nga kaweddewo, nga ngezaako okubatunula mu munye, mangu ago omukyala nampa akatebe kwe nayimirira nenkulembera abakyala abasuka mu makumi abiri okubatizibwa n'Omwoyo Omutukuvu ne bogera ne mu nnimi. Ekifananyi mu lupapula lw'amawulire gaffe kindaga nga eyali na fuuti musanvu mu Makati g'abakazi!

Abantu bwe banukula okuyita kwaffe, tubanyonyola kiki kye tugenda okukola:

- Tugenda kukusabira
- Tujja ku kukulembera mu saala mwojja okusabira Yesu akubatize n'Omwoyo we Omutukuvu.
- Tujja kukutekaako emikono nga bwe tusaba mu lulimi elw'omwoyo.
- Omwoyo Omutukuvu ajja kukukakko, era osobola okutandika okwogera mu lulimi lwo olw'omwoyo.

Abantu abasinga obungi abanoonya, bafuna era ne bogererawo mu nnimi, era tubagamba nti basobola okugenda bwe bamala okufuna ekyo kye babadde basaba. Mu kukola kino tusigala tumanya ani gwe tulina okusigala nga tusabira era n'okuwereza. Abantu bwe baba baali basabye naye nebatafuna kuddibwaamu nga bwe babadde basubira (okugeza ne batogera mu nnimi), ebiseera ebisinga baba balina engeri y'ebirowoozo ebibaziyiza. Ebiseera ebisinga baba basubira Omwoyo Omutukuvu yaba ayogera. Tubanyonyola nti Omwoyo Omutukuvu yatuwa ebigambo naye okwogera kwaffe. Tukola ku ndowooza zino era batera okusumululwa ne bogera mu nnimi enungi. Bino tujja kwongera okubyogerako nga tukomekereza esuula eno.

Bwoba ogenda kuyigiriza ku kubatizibwa kw'Omwoyo Omutukuvu era nga otekateeka okuyita abantu okwanukula babatizibwe, sooka osabe Omwoyo Omutukuvu akulage kyolina okusubira nga wakyaliyo obudde. Ffe emirundi giweze nga atulaga nti wajja kubaawo enkumi n'enkumi abanayanukula. Ekyo nekitusobozesa okwogera n'omusumba ku kiki eky'etagisa nga wakyaliyo obudde okukakasa nga buli muntu awerezebwa.

Nga oyita mu kuyigiriza okulungamya ku somo lino oletera abantu okwanukula okusinziira ku kigambo sosi okubapikiriza, ekintu ekibanguyira okubatizibwa.

## Okuwereza eri ebibinja ebinene

Kyetagisa okwetekateeka nga ogenda okuwereza eri ebibinja ebinene eby'abantu amakumi ataano n'okusingawo mu kubatizibwa n'Omwoyo Omutukuvu. Tukuwa amagezi osisinkane nabo abakulira service oba olukungaana nga wakyabulayo obudde olukungaana lwenyini okutandika. Buli muntu yetaaga okumanya nga wakyaliyo obudde engeri okuyita abantu ku katuuti bwe kinafanana era n'abantu bameka abasubirwa okwanukula. Omusumba oba omukulembeze akulembera service, abasumba abakulu, abakulembera okusinza n'abasabi bonna balina okuba nga bakiriziganya. Bulijjo wetegekerenga abantu abasinga obungi oba bajja oba tebaze. Buli omu alina okumanya ekimusubirwaamu kasita abantu batandika okujja ku kituuti. Wano tukuwadde ezimu ku nyingo eziyinza okukuyamba okujjawo akavuyo era n'okukakasa nga buli muntu ayanukudde anafuna okukomebwaako Omwoyo Omutukuvu:

- Tendeka buli muwereza ku ngeri gye bayinza okukulemberamu omuntu okubatizibwa n'Omwoyo Omutukuvu mu ngeri ennungamu ekakasa nga buli muntu anasobola okusumulula olulimi olw'omwoyo (okwogera mu nnimi).
- Tendeka buli muwereza okukunganya abantu abatono okuva ku basatu okutuuka ku bataano era abakulemnbere babatizibwe n'Omwoyo Omutukuvu. Buli muntu muwe akakonge akamulaga nti "ali ku tiimu esabira abantu." Singa abantu nga kikumi b'anukula, wakiri beera n'abawereza nga amakumi abiri okutuuka ku abiri mu bataano.
- Akatuuti: Bayite bajje mu maaso. Ekiddako, bagambe bagende mu kisenge ekirondeddwa oba ekitundu mu Kkanisa ekyeyawudde ku kusinza okugenda mu maaso okugalawo. Oba totandika nyimba za kusinza okutuusa nga ekibinja kyonna kifunye ebiragiro era nga basabye okubatizibwa mu Mwoyo.
- Ekibiina bwe kimala okwanukula era nga bakungaanye wamu, londayo omuntu omu (atera kuba asomeseza yennyini) annyonyole kiki ekigenda okubaawo na kiki kye bagenda okukola.
- Saba abo abagala okuwerezebwa bakungaane ku kituuti n'omuwereza omu mu bubinja bw'abantu basatu okutuuka ku bataano.
- Bwe bamala okukungaana, ayigirizza asabe abantu basabire wamu nga baniriza Omwoyo Omutukuvu okubakako ababatize.
- Olwo tiimu y'abasabi basabire era bawereze eri buli muntu mu kibinja kyabwe okutuusa nga buli omu asumuluddwa okwogera mu nnimi.

### Ekisumuluzo kiri mu kutendekebwa

Omuziziko ogusinga obunene mu kuwereza mu kubatizibwa n'Omwoyo Omutukuvu mu bibinja ebinene guli ku kubulwa bawereza abamala abatendekeddwa. Tukuwerera okukolayo okutendeka kw'abawereza nga obuwereza obunene tebunatandika okukakasa nga abawereza bali ku mutindo. Tufunye abantu abawera nga batugamba ebibi eby'abatukaako bwe bali bawerezebwa mu kibinja ekinene nga bonna bagambibwa okwogera mu nnimi wamu. Kiyinza okuba omusumba kyali kimukolera naye kiretawo ekibinja ekirala eky'etaaga obuwereza obw'omuntu ku muntu okubasobozesa okwogera mu nnimi mu ngeri yabwe nga abantu.

### Federal Way, Washington, USA

Twaweebwa omukisa okwogera eri ekkanisa ejjudde abalokole abayayana mu Northwest ku luguudo Federal way mu kibuga Washington. Lwali lukungaana olw'enjawulo olwali luweredwayo eri Omwoyo Omutukuvu n'ensonga lwaaki twetaaga amaanyi ge okubeera abajjulirwa abalungi. Sonja yafuna ekigambo okuva eri Omwoyo Omutukuvu nti abantu bajja kuba bangi ko. Abantu ebikumi bibiri be bajja ku kituuti okuweebwa amaanyi ag'Omwoyo Omutukuvu. Sonja yayawulako abantu kikumi mu abiri kw'abo abayatula nti bali babasabiddeko naye nebatamatira na butogera mu nnimi. N'abatwaala mu kisenge ekirala. John ye n'asigala n'ekinana abali tebasabangako kirabo kino eky'Omwoyo Omutukuvu. Twasaba era ne tuteeka emokono ku buli muntu. Twatwala obudde obumala nga tunyonyola kiki ekigenda okubaawo bwe banasaba okufuna ekirabo kino eky'obwerere. Twategeerako nti bonna okujjako omuntu omu yekka y'atayogera mu nnimi, eky'akatiriza nti bonna babatiziddwa Omwoyo Omutukuvu. Wadde nga twalina ekibinja ekiwera eky'abawereza abali batuyambako kya tutwalira esaawa nga bbiri okukakasa nga buli omu ayogera mu nnimi eza ddala. Kali kaseera ka sanyu Omusumba yatwebaza omulundi ogusuka mu gumu era yagamba "Engeri mwe gye muwerezaamu ya njawulo, era etaasa ku budde n'amaanyi eri oyo awereza."

### Bangkok, Thailand.

Nze (John) nayanirizibwa okuba omu kubogezi b'olunku mu lunnakungaana olw'enaku esatu "ez'amaanyi g'enjiri" okumpi n'ekibuga Bangkok, mu Thailand. Nayogera ku lwaaki twetaaga amaanyi ag'Omwoyo Omutukuvu okubeera abawanguzi mu bulamu buno. Emisana abantu baweranga enkumi satu ate ekiro nga basuka mu nkumi etaano. Ensonga lwaaki tukatiriza okuba n'abawereza b'okukituuti abangi yalabibwa mu lukungaana luno. Nga njogera okuyita mu muvunuzi omulungi ennyo, nabulira buli kintu kyonna kye nali nsobola. Nali njogerera ku kituuti ekinene ennyo mu bimu ku bisenge ebisinga obunene bye nali ndabye. Omwoyo

Omutukuvu yali wa kisa nyo era nakubiriza abantu ebikumi bisatu okujja ku kituuti okubatizibwa mu Mwoyo Omutukuvu.

## Olwo okola otya?

Nategererawio mangu nnyo nti netaaga obuyambi. Nali nsobola kukakasa ntya nti abantu abo bonna ebikumi ebisatu bafuna amaanyi era bogere mu nnimi? Olulimi lwabwe nali silumanyi kyokka nga nabo tebamanyi luzungu. Omuvunuzi wange naye yali asobeddwa. Omwoyo Omutukuvu najja nantaasa. Nangamba nti "Yita abakiriza bonna aba Thailand abogera mu nnimi bajje bawuririze banabwe abanayogera mu nnimi." Mangu ago nayitayo abakiriza nga amakumi ataano ababatizibwa mu Mwoyo Omutukuvu ne mbasaba bagende mu bantu abaali baze ku kituuti. Nabagamba bawulirize bulungi buli muntu anayogera era n'asinza mu nnimi. Bwe banawulira omuntu nga atandise okwogera mu nnimi nga bandaga akabonero "ak'ekigalo ekisajja." Nga kyampa essanyu okulaba nga abawereza bano bagenda muntu ku muntu nga bwe babawuliriza olulimi olutali lwabulijjo.

Kyatwala eddakiika ntono nnyo okukakasa nga bonna okujjako abatono ennyo bali bogera mu nnimi kati. Abategesi oluvanyuma bajja ne bangamba nti tebalabangako kintu bwekiti nga kikolebwa. Nange nalina okubagamba nti nange sikirabangako! Ffena twali tugulumiza Katonda olw'okulabisibwakwe okwewunyisa bwekutyo. Okwongera ku bisatu bino eby'abatizibwa n'Omwoyo Omutukuvu, abantu abalala ebikumi bitaano balokoka olukungaana we lwagweera.

## Tukole ekituufu

Tuulina emboozi ewera ekwata kungeri gye tukulembeddemu enkumi n'enkumi z'abakiriza abayayana okubatizibwa n'okubatizibwa okulina amaanyi. Olw'okuba kino tukikoledde ebanga eriwera, oluusi twerabira nti waliyo omulembe omupya ogw'abakiriza abato abatawulira nga nti waliyo n'okubatizibwa mu Mwoyo Omutukuvu. Mu America waliyo abasumba abeyita "abajjuzibwa Omwoyo," kyokka nga bawulira tebalina buvumu kukulembera bakiriza babwe okubatizibwa mu Mwoyo Omutukuvu.

Okuva mu ndowooza yaffe nga ababulizi b'enjiri abayawulibwa era nga tujjibulidde eri abasumba n'abakulembeze abalokole mu nsi yonna tuwulira awo waba waliwo ekibulawo. Abo ani aba yabatendeka? Bafuna kutendekebwa nabaki okuva lwe baava mu tendekero? Ffe tulowooza okubatizibwa n'Omwoyo Omutukuvu kye kirina okusooka ku lukalala lwaabo abayigirizwa abasabira mu Kkanisa y'abalokole. Ke kakisa koka abalokole ke balina okubayamba okuwonawo bwe banaaba babulira enjiri munsi eno embi, eyakyaama, ejjudde dayimooni ebweeru we Kkanisa. Kale tukole mu butuufu bwaakyo! Lekka tufuuke abajjuzidwa Omwoyo Omutukuvu abatuufu bwe

tunaaba nga tunasobola okukulembera bakiriza banaffe okujjuzibwa obulamu obw'amaany nga ffe bwe twaafuna.

*Okusabira embeera ey'obuwanguzi eberewo*

TWEGENDEREZA NNYO abalokole abali basabyeeko okufuna ekirabo eky'Omwoyo Omutukukuvu, naye nebatafuna mbeera amatiza. Batera okubeera nga bakubisa mu emirundi ebiri mu balala bonna abaze okubatizibwa buli lwe tuyita abantu okusabirwa okujjuzibwa Omwoyo Omutukuvu. Okumala emyaaka egisuuka mu makumi asatu mw'etaano nga tuwereza, tutuuse ku nzikiriziganya eno:

- Okuyigiriza ku nsonga eno kubadde kusinziira ku kiki kyetuyiseemu okusinga ku kiki Baibuli kyegamba.
- Abakiriza tebakitegeera nti Omwoyo Omutukuvu kirabo kyaabwe kyabuwa kye balina okusaba era bafune mu kiseera ekyo webasabira mu kukiriza.
- Ebiseera ebisinga waberawo okuwogana kungi mu buwereza, okusinziira ku kiki abantu kyebawulira, abakiriza abapya bambi ne kibayitirirako.
- Bwe baba tebogedde mu nnimi, bawulira nga ekintu ekikyaamu ekibaliko; n'olwekyo balowooza Katonda kyavudde tabawa kirabo kino.

Omuntu bwatafuna ky'abadde asubira, ekigo kizimbibwa mu bwongo bwe. Bayinza okwongera okwanukula eri okusabirwa buli kiseera. Bwe balemererwa okwogera mu nnimi, ekigo kyongera okunwyezebwa buli lwe balemererwa. Kino ebiseera ebisinga kyetolorera ku butayogera mu nnimi.

## Katonda taganye ku bawa kirabo

Nze (Sonja) ntandika okuwereza eri abantu bano nga mbagamba nti Katonda tabamye kirabo eky'Omwoyo Omutukuvu wadde okwogera mu nnimi. Ngenda mu maaso nembagamba nti Katonda yabawa dda ekirabo kino olunaku lwe basooka okumusaba mu kukiriza. Nababuuza oba nga bali balabye kunjawulo mu maanyi ga Katonda mu bulamu bwabwe. Ebiseera ebisinga, bangamba enjawulo bagirabwe, amaanyi geyongera nga bawereza, era nga bamanyi nti w'egali. Wetutukira awo, bangi ku bbo (abakazi n'abasajja) baba batandise okukaaba. Baba balowooza nti baliko ekikyaamu, nze endowooza gyembera maze okukutula.

### Emiziziko gikolebwaako

Ekidirira, tunoonya kiki ekibadde kibaziyiza—okuyigirizibwa kwe bafuna okuvumirira okwogera mu nnimi, obutasonyiwa, oba okw'enyigira mu biddiini eby'obulimba. Abamu ku bantu bano baba balina ensonga zino, era bano tubagamba kusaba saala ya kwenenya, n'okwegaana empisa y'ekibi. Bwe bakola bwebatyo, ekigo kino nga kimenyebwa mu bulamu bwabwe. Wabula ebiseera ebisinga ensonga eba ebaganyi okwogera mu nnimi eba lwakuba nti tebamanyi kwewayo eri Omwoyo Omutukuvu. Omwoyo Omutukuvu tumulaba abajjudeko, nga ayagala okubawa olilimi olugya naye nga baganye okwesumulula okutandika okwogera.

### Sydney, Austraalia

Twali tuwerereza mu Kkanisa bwaguga mu kibuga Sydney, Australia. John yali asabira abalwadde ku ludda lumu olw'Ekkanisa, nga nze (Sonja) nsabira abakiriza okubatizibwa n'Omwoyo Omutukuvu ku ludda olulala. Abantu abasuka mu asatu bali bamaze okubatizibwa n'okwogera mu nnimi. Bwe twali tumaliriza, ne nengera omwami omukulu eyali ayimiridde erudda nga alaba bwe mpereza. Nansemberera nangamba nti abadde anoonya okubatizibwa n'Omwoyo Omutukuvu okumala emyaka abiri mu etaano! Yangamba nti asabye buli mubulizi w'enjiri ow'amaanyi okumusabira, naye nga okutuusa kati tayogerangako mu nnimi.

### Otya nti ojja kulabika era owulikike nga omusiru?

Nasaba mu kimpowooze amagezi. Ekigambo eky'amagezi ne kinzijira n'enkigabana naye nga mubuuza ekibuuzo kino. "Otya nti ojja kulabika era owulikike nga omusiru era oswaale?" Okutya nga kumwetimbye mu maaso, yangamba nti ekyo kye kibadde kimuyiganya emyaaka gino gyonna. Nayongera okuwereza gyali nga bwe mujjukiza nti Yesu yagamba nti okujjako nga tufuuse nga abaana abato, tetuliraba bwakabaka bwa Katonda. Nenyongera okumubuuza obanga analeka amalala n'okutya okulabika nga omusiru. Akirize yesiga Yesu okumuwa ekirabo kino ekirungi?

### Yasumulula olulimi olulungi

Amaziga nga gamutulukuka, yakiriza anyeenya mutwe era nakakana nasaba, esaala enyangu nga asaba Mukama amusonyiwe obutaba na kwesiga nga omwana omuto bwaaba. Nemusaako emikono, era natandika okwogera obulungi olulimi olw'omwoyo. Yasanyuka nnyo nga bwagamba nti, "Wewawo mukyala gwe nabutono okoze abanene ababulizi b'enjiri ab'amaanyi ekyabalema okukola. Mukama yebazibwe."

## Obuwereza bw'omumaka

Eky'okulabirako kino ekiddiriira kyaliwo mu nkugaana zaffe ewaka wetusisinkana buli wiki. Kyewunyisa buli kiseera engeri Omwoyo Omutukuvu gyakungaanya ekintabuli ky'abantu okutukiriza ekigendererwa kye. Nze (Sonja) ebiseera ebisinga nekengera nnyo abantu bwe bajja abatono. Aba alina kyayagala okukola.

Olweggulo luno Greg ne Karen Fry bebajja. Kyali sikya bulijjo nakatono – enkuyanja y'abantu abalala abaateranga okujja bali tebasobodde olw'ensonga ezitali zimu. Olw'okuba twali bana ffeka, ne tubuuza ba Fry oba bali alina kye bagala okusabira eky'enjawulo. Mangu ago Greg nagamba nti yali yetaaga okusumululwa mu nnimi okugenda ebuziba. Yali awuliddeko ebigambo ebitono tono, era bali bamusabidde emirundi egiwera, naye nga tanamatira. Ekituufu yali awuliranga aweddemu amaanyi.

## Mu kiseera kitono Omwoyo Omutukuvu yabotola

Ne tubagamba nti, "Kale, tukakane tusinze businza Mukama." Nga wayiseewo edakiika nga kumi oba kumi nataano, fenna ne tusanyuka nnyo nyini era netutandika n'okuseka. Mu kiseera kino, Omwoyo Omutukuvu nakka ku Greg n'atandika okwogera ate nga bwaseka. Wayitawo ekiseera kitono, Omwoyo Omutukuvu nakulukuta okuva mu ye nga "ensulo ez'amazzi amalamu." Kwe kwali okumenyamenya okw'omuziziko gw'ekisenge ekyali kisibye omugga, era mukwano gwaffe omwagalwa teyasigala kyekimu.

Bwe wayitawo omwaaka, ye ne Keren ne batwegattako mu buwereza. Akulukuta bulungi mu kuyigiriza, era bombi bano bawereza bulungi nnyo mu saala z'obunnabi era n'ebirabo eby'okuwonyezebwa. Webale nnyo, Mukama!

Bwoba okolagana n'abantu abanoonya okwogera mu nnimi, engeri gye bawuliramu giwe ekitibwa, era osabe Mukama akuwe ekisumuluzo osumulule ekyo ekiba kibaziyiza.

## Amaanyi g'akyo nagabamenyako

Omulundi omulala, nze (Sonja) nali nsomesa akibiina ky'abantu ku kubatizibwa kw'Omwoyo Omutukuvu. Abasinga bali basabye okuffuna ekirabo ekyo, naye nga tebogeranga mu nnimi. Nabasabira nga ekibiina, nga ntwala obuyinza mu Linnya lya Yesu ku nzigiriza enkyamu gye bali basoose okuwulira. Ne mennya amaanyi gayo ku bbo era ne mbasumulula okuyingira mu bulamu obujja. Bwe namala okusaba, nembakulembera mu saala, era bonna ne bafunna olulimi olw'omwoyo.

## Ono ye yali yakuzibwa mu diini y'abajulizi ba yakuwa

Mu kalasa mayanzi, omusajja yajja gyendi n'obujjulirwa obw'ewunyisa. Yali amaze emyaaka nga asaba okubatizibwa n'Omwoyo

Omutukuvu naye nga tayogeranga mu nnimi. Naye bwe nasaba era nemennya amaanyi g'enjigiriza enkyamu okumuvaako, yawulira nga waliwo "ekintu ekyakutuka okumuvaako" – yawulira nga kigenda. Yanyinyonyola nti ye yali yakulira mu bajulizi ba yakuwa, era yali akakasa nti ekyo kye kyamukutukakako era nasobola okuffuna mu bujjuvu ekirabo kya Katonda.

**Ffena tusobola okukikola**

Mu kugabana eby'okulabirako bino, tusubira nti ojja kukakasiza ddala engeri obuwereza gye bulimu obwangu. Busobola okukolebwa muntu ku muntu oba mu kibiina ekinene eky'abalokole. Eky'etagiisa kyokka ye Mwoyo Omutukuvu mu maanyi n'okuberawokwe nga tuwereza. Amaanyi ge n'okubeerawo kwe bye byetagibwa nga tuyiga okuwonya abalwadde. Era nga kuno kwe kubangulwa kwe tuddako mu suula 3.

*Tuteeke munkola*

- *Yakobo 1:22 egamba kola ky'owulidde (ky'osomye).*
- *Lowooza ku kukola ky'osomye mu suula eno nga webuuza ku "tuteeke munkola" mu katundu akasembayo B*
- *Kola ebigezo ebikuwereddwa ebiriko omutwe "Okukulembera abantu mu kubatizibwa n'Omwoyo Omutukuvu."*

# *3. Okubangulwa mu buwereza okw'okusatu*

## Okuyiga okuwonya abalwadde

Yesu yatugamba nti ayagala tukole omulimu gweyakola – nga tuzingiramu n'okuwonnya abalwadde. Wabaddewo obutategeragana bungi nnyo mu balokole ku mazima gano. Mu suula eno, tujja kwekeneenya kiki Baibuli kyeyogera ku kuwonyezebwa era tuyige engeri naffe, bwetuyinza okukozesebwa okuwonya abalwadde.

NZE (JOHN) NALOKOKA mu gw'okusatu mu 1973 era n'enfuuka memba ow'ekibiina ky'abaami mu Seattle ekiyitibwa Seattle chapter of the Full Gospel Business Men's Fellowship International (FGBMFI) nga wayiseewo emyezi ebiri. Natunuliranga ba memba b'ekibiina kino eky'Ekkanisa nga basabira abantu abali betaaga okuwonyezebwa nange ne newuunya. Newuunya abantu gye bawonyezebwangamu. Bano abaami basabanga n'okukiriza era nze nga ndowooza baabasindika busindisi okuva ewa Katonda. Okuwonyezebwa okumu kwalinga kwa lwaatu. Abantu bonna tebawonyezebwa, naye abo abawona bankomako nnyo. Nali ndowooza bano abaami balina amaanyi agenjawulo okuva eri Katonda. N'olwekyo, nendifuula teeka okubeera mu maaso bino byonna webyali bikolebwa. Obulokozi bwali bupya gyendi. Nali njagala okubeera ekitundu ku bintu byonna ebyali bigenda mu maaso. Nga njagala okulaba engeri bwe bakikola mu. Kino kye kyatandika olugendo lwange olw'okuyiga engeri gye bawonyaamu abalwadde.

**Yesu awonya abalwadde.**

Kimu kyakusatu ku buwereza bwa Yesu obw'okusi kyali kya kuwonya balwadde. Mu Matayo 9 ne 10 wetulaga, Yesu yayigiriza, yabulira, era nawonya abalwadde. Bwe tuba bakukola Yesu bye yakola, okuwonya abalwadde kiriza kibeere ekitundu ku buwereza bwaffe. Nga amaze okulaga abayigirizwa be engeri gye bakikolamu mangu nnyo Yesu yawa abayigirizwa be amaanyi n'obuyinza okuwonya abalwadde. Okuwonya abalwadde kitundu

kikulu nyo ku ntekateeka ya Mukama waffe ey'okubulira enjiri yewangulire ensi okudda gyali. Okuwonya kwewunyisa atali mulokole, ne kugonza omutima gwe n'asobola okuwulira ekkubo ely'obulokozi. Kaba kabonera gyaali nti omuntu abulira enjiri nga bwawonya abantu aba ayogera ebiva eri Katonda. Kiraga nti Katonda akokolera wamu nabo nga ababaka abanamaddala aba Kristo Yesu.

> Yesu n'ayitayita mu bibuga byonna, n'embuga zonna, ng'ayigiriza mu makuŋŋaaniro gaabwe, ng'abuulira enjiri ey'obwakabaka, ng'awonya endwadde zonna n'obunafu bwonna.
>
> —MATAYO 9:35

> N'ayita abayigirizwa be ekkumi n'ababiri, n'abawa obuyinza ku dayimooni omubi, okumugobanga, n'okuwonyanga endwadde zonna n'obunafu bwonna.
>
> —MATAYO 10:1

Nga abayigiriza ba Yesu Kristo, tuwereddwa obuyinza era ne tuweebwa amaanyi okuva gyali ye okuwonya endwadde eza buli ngeri na buli bulemu bwonna.

**Eby'afaayo bya John**

Tujja kutandika okuyiga okuwonya abalwadde nga mbasigiira ebifananyi ku ngeri gye najja okukiririza mu kuwonya okw'obwakatonda era n'engeri gye natandikamu okusabira abalwadde. Ebifanayi byange bijja kusobozesa, gwe omusomi wange okugerageranya by'oyiseemu ebiyinza okukwatagana n'ebyange. Ebibyo biyinza okuba nga byaali bingi oba nga tebitera kubaawo. Okwagala kwa Mukama kwe kwagala ffe ffena okutuuka ku nkomerero y'emu − okukiriza okunwyeevu nti Yesu Kristo akyawonya abalwadde n'olwaleero.

**Okukula mu kukirirza**

Kunze, bino byona byatandika w'akayita emyezi mitono nga maze okulokoka mu ntandikwa ya 1973. Emyaaka bwe gigenze gyetoloola, Katonda bwe yeytongeranga okuwonya abalwadde nalaba munze okweyongera okukula mu kukiriza. Waliwo emitendera ebiri mwe nayita okutegeera okuwonyezebwa okw'obwakatonda: ensisinkano ez'ewunyisa ate era n'okuvumbula ebya namaddala. Esuula 5 ejja kwogera ku madala agasembayo wetuwerereza nga twesigamye ku Mwoyo Omutukuvu n'ebirabo bye ebyokubikulirwa ebituyamba okuwonya abalwadde. Ku mitendera

gyombi, Katonda omusasizi agenda yebikula okweraga nga Katonda ayagala okutuwonya. Kino kiragibwa lwaatu mu nyiriri zino eziddako:

> Omugenge n'ajja gy'ali, ng'amwegayirira ng'amufukaamirira ng'amugamba nti Bw'oyagala, oyinza okunnongoosa. N'amusaasira n'agolola omukono gwe n'amukwatako n'amugamba nti Njagala; longooka. Amangu ago ebigenge bye ne bimuwonako n'alongooka.
>
> —MAKKO 1:40-42

> Kale, laba, omugenge n'amusemberera n'amusinza, n'agamba nti Mukama wange, bw'oyagala, oyinza okunnongoosa. N'agolola omukono, n'amukwatako, ng'agamba nti Njagala; longooka. Amangu ago ebigenge bye ne birongooka.
>
> —MATAYO 8:2-3

> Awo olwatuuka bwe yali mu kibuga kimu mu ebyo, laba, waaliwo omuntu eyali ajjudde ebigenge; oyo bwe yalaba Yesu, n'avuunama amaaso ge n'amwegayirira, ng'agamba nti Mukama wange, bw'oyagala, oyinza okunnongoosa. N'agolola omukono gwe n'amukomako ng'agamba nti Njagala, longooka. Amangu ago ebigenge bye ne bimuwonako.
>
> —LUKKA 5:12-13

- Eby’awandikibwa ebyo wagulu bibikula okwagala kwa Katonda okukwata ku kuwonya. Okwagala kwe kubikulirwa mu lwaatu mu byawandikibwa bino ebisatu. Byonna byogera ekintu kyekimu: ayagala okutuwonya!
- Tayagala kuwonya bigenge byokka, ayagala okuwonya buli bulemu nabuli ndwadde. Yesu atubikulidde okusasirakwe okw’emirembe n’emirembe okuwonya abalwadde.
- Abasinga bakiriza nti Katonda asobola okukola kyonna kyayagala. Ebyawandikibwa bino bilangirira nti Katonda tasobola busobozi kyokka, n’okwagala ayagala okuwonya abo abajja gyaali mu kukiriza.
- N’olwekyo, tusobola okubulira nga tulina obuvumu nti okuwonyezebwza kwa Katonda wekuli okuyita mu Linnya lya Yesu Kristo ely’amaanyi.
- Abantu abalwadde (nga omugenge ono) abewaddeyo era nga basazeewo okufuna okuwonyezebwa, balaga okukiriza okwenjawulo okujja okutekawo embera ey’okuwonyezebwa.

- Ekiseera okuwonyezebwa we kutukira okulabika kirekebwa mu mikono gya Mukama. Newankubadde ayagala okuwonya kakano, okuwonyezebwa okulabikako mu bujjuvu kuyinza okubeerawo mu kiseera ekyo kyennyini oba kuyinza okutwala esaawa, ennaku, oba ne wiki.
- Mu byawandikibwa tewaliyo kya'wandikibwa kitukiriza kubanja kuwonyezebwa nbagirawo. Tekiba kya magezi okukisubira okuba bwekityo. Olw'okuba Yesu ayagala, okuwonyezebwa kutandikira awo wenyini wetutandikira okusabira abalwadde.
- Okwatula kwaffe kusigala kugamba "Katonda ayagala okukuwonya kakati. Okuwonyezebwa kwo kutandise olw'aleero. Tujja kwongera okumwebaza okutuusa okuwonyezebwa bwe kunalabisibwa mu buliwo"
- Katonda yekka yamanyi endwadde ezo ezijja okukomekereza mu kuffa (laba Yokaana 11:4) eyo yensonga lwaki twetaaga amagezi ag'okubikulirwa okuva eri Mukama okumanya bwe tuyinza okusaba mu mbeera bwezityo. Twongera okutakabanira okuwonyezebwa okutuusa Mukama bwasalawo.

*Ensisinkano ey'ewunyisa*

**Lwenasooka okugezaako**

Nze (John) siryerabira lunaku lwe nasooka okusabira omuntu eyali yetaaga okuwonyezebwa. Yali musajja mukulu eyalina eviivi erimuluma. Ye nange twetaba mu lukungaana lw'amalya g'ebyemisana olwa FGBMFI mu mambuka ga Seattle. Omubulizi mu likungaana luno yali musajja muna bizinensi aterya ntama, eyajula okukiriza eyalangirira nti Katonda yali ayagala okuwonya buli muntu yenna anajja mu maaso okumusabira. Nali ntudde ku mugukiriro mu ntebe ezisooka era nga nkyamukiriddde okulaba kiki ekyali kigenda okubalukawo. Namukadde ono weyatu kira mu maaso abawereza bonna bali balina abalwadde be basabira. Bweyalowooza nti nange nali omu kwabo "abawereza" omwaami nankyukira nafunya kumpale ye. Nandaga eviivi eryali lisibiddwa era nansaba musabire. Olw'okuba nali sagala kumumalamu maanyi, nemugamba nti "wewawo Ssebo. Tujja kusabira. Kanfuneyo omuntu akusabire."

Alabika yali tawulira bulungi. kuba yanwyeeza omukono gw'esaati yange ne yetereza era nangamba nti "Bambi! Njagala kunsabira!" Nenziramu nenkyukira abo abali bamanyi kye bakola. Kyokka bonna nebanekuba ekiraga

nti nali ntataganya obuwereza bwabwe. Kati no, musajja mukulu nemutuuza mu ntebe mwenali nvudde. Era mangu nyo nentunula okulaba abalala kye bali bakola era ne kye bali bayogera. Nenziramu nentunula ku viivi erizimbye ne njobera nti "Ayi Mukama onyambe. Baako kyokola wano, bambi." Olwo no nempulira omusajja emabega wange nga ayongerako n'obuvumu nti "mu Linnya lya Yesu" nange samulwiisa nenyongerako nti, "Oh, ddala kituufu, Katonda wange kikole mu Linnya lya Yesu, Amiina."

## Eky'okukiriza kyambula

Nali ntidde okuzibula amaaso gange. Kuba nali simanyi kirala kyakukola. N'olwekyo nga n'omukono gwange gukyali ku viivi lye, nasigala nzibiridde era munda nengamba nti senga etaka limira! Ngenda okuwulira nga ayimuka. Era nempulira nga alekaana nti "Mponye! Mponye! Natunula era ne n'ewunya okulaba nga yali abuuka nga bwa'lekaana nti Katonda yali amuwonyeza. Ne mubuuza nti "Owonye? Okakasa?" teyampuliriza. Nga talimu kawenyera, yatambula naddayo mu ntebe ye nawa banne obujjulizi nti Katonda yali yakamuwonya eviivi.

Nava mu likungaana olwo nga setegeera. Nga siyinza nakutebereza musajja mukulu ono bw'awonyeddwa. Nkukakasa silwakuba nze. Nali simanyi nangeri bwe bakikola. Kyokka kye nali manyi nti Yesu yali ataddewo embeera abantu we bawonyezebwa. Musajja mukulu yali yetaaga muntu kumuyamba kusumulula kukiriza kwe. Nali nesisigiriza okwetaba mwekyo Yesu kye yatandikako emyaaka nkumi biri emabega. Kwali kukiriza kwa musajja mukulu okwamuwonya, sosi kwange. Omukazi mu by'awandiikibwa ebiddako biraga enono ekwata ku kukiriza kuno okutanyenyezeka mu Yesu Kristo ensibuko y'okuwonyezebwa kwonna.

> N'omukazi eyali alwalidde ekikulukuto ky'omusaayi emyaka kkumi n'ebiri, eyawanga abasawo ebintu bye byonna n'atayinza kuwonyezebwa muntu yenna, oyo n'amufuluma emabega n'akoma ku lukugiro lw'olugoye lwe: amangu ago ekikulukuto kye ne kikalira. Yesu n'agamba nti Ani ankomyeko? Awo bwe beegaana bonna, Peetero ne banne ne bagamba nti Mukama waffe, ebibiina bikwetoolodde bikunyigiriza. Naye Yesu n'agamba nti Omuntu ankomyeko: kubanga mpulidde ng'amaanyi ganvuddemu. Awo omukazi oyo bwe yalaba nga takwekeddwa, n'ajja ng'akankana n'amufukaamirira n'amubuulira mu maaso g'abantu bonna ensonga bw'eri emukomezzaako, ne bw'awonye amangu ago. N'amugamba nti Mwana wange, okukkiriza kwo kukuwonyezza; genda mirembe.
>
> —LUKKA 8:43-48
>
> (LABA NE MATAYO 9:20-22 WAMU NE MAKKO 5:25-34)

- Wajja kubeerawo ebiseera nga betusabira okuwonyezebwa balina okukiriza kungi mu Mukama okubawonya. Ensisinkano yonna n'omukiriza omulala kijja kubaletera okusumulula okukiriza kwabwe era bafune okuwonyezebwa embagirawo.
- Mu mbeera bweziti okukiriza kwaffe kuba tekwetagisa nnyo. Tubatukirira butukirizi, netukiriziganya nabo, olwo ne tulinda okulaba Katonda kyanakola.
- Kino kikulu: Yesu siyeyatandikiriza eky'okuwonya omukazi ono. Amaanyi gaava buvi mu Yesu negakoma ku mukazi bwe yamukwatako, so si Yesu kumukomako.
- Ekibiina kyali kinene ku Yesu, kyokka yakiriza nti omuntu omu yamukuteko n'okukiriza kwenyini. Okukiriza kwe kwesigamizibwa ku kubeerawo kwa Mukama waffe awonya ayagala okuwonya buli muntu yenna esuubi lye nga liri mu Yesu.

**Ntakutandika okunoonya**

Eyo ye yali entandikwa yange nga noonya engeri Katonda bwakola okuyita mu bantu be. Emyeezi n'emyaaka bwe gigenze giyita nga netaba mu nkungaana, nga nkola, ne mu nkungaana za FGBMFI, nga ntunulira abasajja abasubuzi aba bulijjo nga bakozesa okukiriza kwabwe mu Yesu Kristo, okukiriza kwange mu bw'amagero kwagenda kweyongera. Buli wiiki nawuliranga abakulembeze nga bagamba nti, "Omuntu yenna ajjuziddwa amaanyi ag'Omwoyo Omutukuvu asobola okukola Yesu byeyakola!" Mpola mpola okutegera kwange ku nono z'obwakabaka zagenda zikyuuka. Lumu nekiririzaamu, "Bwe baba basobola okukikola, nange nsobola! Kale no mpola mpola natandikiriza okusabira abalwadde nga abaami bali abalala bwe bali bakola. Bali bwebaba bakola nga Baibuli bwegamba, kale nange nali nsobola okukikola!"

**Kola Yesu kyakugamba nti osobola okukola**

Nakomekeraza nzikiriza nti Yesu yenyini ye yali ensibuko y'amaanyi g'obwakatonda agawonya. Abaami bano bakiriza bukiriza ebisubizo Baibuli byelagira mu ndagaano zombi enkadde n'empya. Natandika okukiriza abaami bano kye bali bagamba era kye bali bakola. Bayogeranga ebintu nga, "Baibuli erangirira nti abakiriza basobola okukola ebyo Yesu byeyagamba nti basobola okukola, ekimu ku byo nga kye ky'okusabira abalwadde era n'okukiriza nti abalwadde bajja kuwonyezebwa." Nabawuliranga bogera eby'awandikibwa, era n'embalaba nga bakola eby'awandikibwa kye bigamba. Oluusi nga abantu

bawonerawo olulala nedda. Naye nalaba abaawona abawera okutuusa lwe nakiriza Baibuli kye yali ebagamba: "kola bukozi Baibuli kyekugamba elabe ekinadirira!"

## Natandika okukikola

Natandika nyamba abaami bano nga basabira abalala. Nga kyenkola kyokka kyakusa mikono kyoyo gwe basabira era n'okwanukula "Amiina" eri kyonna kyebasabiranga. Natandika okumanyiira ebigambo n'enjogera gyebakozesanga. Gyenakomanga okukola kino gyenakoma okuba n'obuvumu nti waliwo ekyali kigenda okubaawo. Sosi lwa ngeri gye nasabangamu, naye bo bwebasabanga. Okukiriza kujja na kuwulira n'olwekyo okukiriza ky'okuwonya kwatandika okweraga mu birowoozo byange. Nakomekereza ntandise okulowooza nti nange nsobola okukigezaako ku lwange. Okulowooza kwange kwali kufanana n'okwabakiriza mu Lukka 17. Nali netaaga Mukama okunyongerako okukkiriza.

> Abatume ne bagamba Mukama waffe nti Otwongereko okukkiriza. Mukama waffe n'agamba nti Singa mulina okukkiriza okutono ng'akaweke ka kaladaali, mwandigambye omusikamiini guno nti Siguka osimbibwe mu nnyanja; era gwandibawulidde.
>
> —LUKKA 17:5-6

---

Okukiriza kweyongera eyongedde okukukozesa. Okukiriza ekigambo kya Yesu n'oyongera okusabira abalwadde olutatadde kijja kuletera okukiriza kwo okweyongera. Tujja kulaba okweyongera ko obungi ku by'amagero bwetweyongera okusabira abalwadde.

---

## Enkugaana z'omumalya g'ebyemisana n'ekyeggulo

Enkugaana z'ekyenkya ze nasooka okwetabamu zali mu yunivasite y'omudisturikiti ya Seattle mu biseera by'ebugumu mu 1973. Kunze bino byali bisamaliriza. Twali twepakidde nga emyeera nga ffena tusuubira binene Katonda bwe yali ayagala okukola. Okusinza n'okutenderaza kwali kusuffu. Eyo gyenayigira okuyimba mu nnimi nga mpulira era nga ndaba abalala nga bakikola. Okuberawo kwa Mukama kwali kweraga lwaatu mu maanyi. Abantu beyongera okujja era nebakakibwa okusenguka okudda mu kisenge ekisinga obunene ekya woteri mu Seattle. Eyo no gye natandikira okukomebwaako okusabira abalwadde. Salaba bingi eby'atukawo, naye nayongera okuweraza eri abalwadde nga abaami abalala be nali ndabye mu myeezi egiyise. Byoba nga wali wakubeera ekitundu ku kibiina kino, kyali kitegerekeka nti ojja kusabira abalwadde mu buli lukungaana.

### Ekigambo kyakyuusa endowooza yange

We twatukira wakati wa 1974, nali maze okusoma okuyita mu ndagaano enkadde omulundi gumu era nga n'endagaano empya ngisomye emirundi egiwera. Natandika okussa essira ku bisuubizo bya Yesu era ne kiki kyeyagamba kye tulikola. Nateeka omusitaale ku by'awandikibwa ebyaali bibulirwaako abogezi abenjawulo mu FGBMFI wamu n'ababulizi abali bajjudde okukiriza abalala. Abamu nabawuliranga mu buliwo ate abandi nga mbawulirira ku butambi bwa teepu. Bonna balinga bogera ekintu kye kimu: "Osobola okukola ekyo Yesu kyakugamba okukola." Nasalawo okukwatagana n'abasubuzi abalala abajjula okukiriza abali bakiriza era nga bakola ebintu bino. Natandika okutegeera okukiriza gye kujjamu nga bwe kyawandikibwa mu Abaruumi 10:17. Okukiriza kwange kwali kweyongera bwe nalabanga ekigambo kya Katonda nga kiretawo okuwenyezebwa buli lwe kyagatibwanga mu saala ezasabirwanga eri abantu.

> N'olwekyo okukiriza kujja na kuwulira n'okuwulira ekigambo kya Katonda.
>
> —Abaruumi 10:17

- Okukiriza kw'okukola eby'amagero kujja nga tufumitiriza ku kiki Yesu kye yagamba nti tusobola okukola
- Era kujja kweyongera nga tukola okusinziira kwekyo kyeyagamba nti tusobola okukola era netutandika okusabira abantu okufuna ekyo kyeyasubiza.
- Era kujja kweyongera bwe twongera okubeera n'abantu abatambulira mu nsi y'obwakatonda nga basabira abalwadde.

### Omwaami gwe bayita kyamagero

Eky'ewunyisa omu ku baami bano bali bamuyita Ken Kyamagero. Ken yali ansingako emyaaka nga kumi era ye yali yansooka okulokoka nakubiriza, "okusa mu nkola ekigambo." Nange nemugoberera nenkola nga ye bweyakola. Byatandika okukola. Ye nga ayogera kimu, "Ekigambo kikola. Kola nga bwekiri bwekityo." Ye, n'abalala abalinga ye, bayongera okukatiriza ekyo kye nali nsoma era kye nali nsazizaako mu bw'awandikibwa.

Negatta ku Ken nentandika okuwereza naye. Nga tusabira buli muntu eyali yetaaga okuwonyezebwa. Natandika okulaba obukakafu obukwata kwekyo kye yali ayogerako. Obulumi bwalekanga abantu nga tusaba. Abantu abamu tabafunanga kintu kyonna; abalala bafunanga. Omutwe oguluma nga guwona, amagumba agamenyeka nga gawonyezebwa, emigongo egiruma nga giwona, okuziyira nga kuwona. Okuwonyezebwa

okumu kwatwalanga akaseera. Olulala nga bawonerawo. Kati kunze eyali yakalokoka nga byonna by'amagero. Ken yagendanga ne mu ddwaliro ery'omukitundu nga anoonya ab'okusabira. Abasawo ne bazuula kye yali akola olwo ne bakalambira nti abaviire. Ekintu kye yakola, naye nga n'abasawo bamaze okulaba enkumuliitu y'ebyamagero "ebitanyonyoleka." Okwewayo kwa Ken okukiriza amazima ga Bayinuli kwakyuusa endowooza yange.

### Yesu yasaba emirundi ebiri

Tutera okugwaamu amaanyi amangu bwe tuba tuyiga okusabira abantu. Naye bwe twekeneenya Makko 8:22-26 gyetuddako, tulaba Yesu nga asaba emirundi wakiri ebiri nga omuzibe w'amaaso tanaba kulabira ddala. Yesu yakola ku musajja okutuusa bwe yalabira ddala. Kino ky'akuyiga kikulu eri abo abayagala okusabira abalwadde. Bwekiba kyatwalira Yesu esaala wakiri biri okusobola okulaba kyayagala, tusuubire okusaba esaala biri oba n'okusingawo nga tetunalaba kikivaamu. Wajja kubeerawo ebiseera we tusabira esaala eziwera okumala ekiseera ekiwera okuwonyezebwa kulyoke kulabisibwe.

> Ne bajja ne batuuka mu Besusayida ne bamuleetera omuzibe w'amaaso, ne bamwegayirira okumukomako. N'akwata omuzibe w'amaaso ku mukono, n'amufulumya ebweru w'embuga; awo bwe yawanda amalusu ku maaso ge, n'amussaako engalo, n'amubuuza nti Oliko ky'olaba? N'atunula waggulu, n'agamba nti Ndaba abantu, kubanga ndaba bafaanana ng'emiti, nga batambula. Ate n'amussa engalo ku maaso ge n'akanula okulaba, n'awona, n'alaba byonna bulungi. N'amusindika ewuwe, ng'amugamba nti Toyingiranga mu mbuga muno.
>
> —MAKKO 8:22-26

---

- Yesu atulaga obukodyo obukulu mu buwereza okukakasa nga tufuna obuwanguzi mu kusabira abalwadde ne bawona:
- Omuntu mukulembere ave mu kubusabuusa n'obutakiriza.
- Wuliriza era ogoberere ebiragiro by'Omwoyo Omutukuvu. Omwoyo Omutukuvu bwakugamba nti "Wanda amalusu era omuteekeke emikono," kikole.
- Babuuze kiki kyebawulira nga bwoyongera okubasabira. Yesu yamubuuza oba yali alina kyalaba. Naffe tulina okukola ekintu kyekimu.
- Yesu yasaba omulundi ogw'okubiri! Bwekiba tekikoze omulundi ogusoose, ddamu osabe. Weweyo okwongera

okusabira omuntu okutuusa Omwoyo Omutukuvu wakugambira nti kimala.

- Labula abo b'osabira okwewala embeera ey'obutakirirza. Bulirira gw'osabira okwongera okwebaza Katonda olw'okuwonyezebwa okutuuga nga abasawo bakakasiza nti awonye.
- Okwebaza Katonda okutuusa nga abasawo bakikakasiza.

**Bansaba okubawa ku bujjulizi.**

Mu 1975, nayanirizibwa okwogera mu lukungaana lwange olw'asooka olwa FGBMFI olw'eggulo mu Mount Vernon, Washington. Nasaba nnyo nti Katonda ankozese nga abaami bali abalala. Nga maze okugabana nabo obujjulirwa bwange ku ngeri gye nalokokamu era n'embatizibwa n'Omwoyo Omutukuvu, Mukama nampa omukisa okusaba n'abasajja babiri abalokoka kw'olwo. Waliwo n'abasajja abalala abali beetaaga okuwonyezebwa. Omu kubo nawonerawo obulumi. Abalala bavaawo tebalabye wo njawulo. Eyo ye yali entandikwa y'okwogera n'okuwereza mu nkungaana za FGBMFI okw'etoloola amambuka n'obugwanjuba bwa America ne Canada. Nafuna obumanyirivu bw'emyaaka n'emyaaka mu buwereza, ekintu kye mbebaliza. Naweebwa omukisa okuba omu ku b'ogezi babwe okumala emyaaka abiri mu etaano. Sonja nange twasiima nnyo eb'ekitundu kye Seattle bwe batuwa ekirabo kyokutekebwa mu "lubu lw'abazira" nga 1998 agwaako.

**Eky'ewunyisa ekirala**

Enkungaana z'amalya g'ebyemisana z'afuukira abasajja bangi mu Seattle ekyuppa y'omusaayi. Nzijukira emu ku zo mu 1976 mu mambuka ga Seattle mwe netaba nga mpulira nkaze mu mwoyo. Nali maze nga wiiki nga sisoma Kigambo kya Katonda. Nga sisaba. Nali sirina kyenkoze kuliisa kukiriza kwange. Najja njagala kumpa mukisa, sosi kugaba mukisa. Kunkomerero y'olukungaana nendaba omusajja gwe nalisirabangako. Bwe namutunulira Omwoyo Omutukuvu nangamba nti "Alina obulumi mu mugongo. Genda gyaali nja kumuwonya." Edoboozi lya Katonda oluusi lijja embagirawo, nga tolisuubira na kulisuubira. Kino kyatuuka ku Peetero.

> "Awo Peetero bwe yali alowooza ku kwolesebwa, Omwoyo n'amugamba nti Laba, abantu basatu bakunoonya. Naye golokoka, okke ogende nabo nga tobuusabuusa: kubanga nze mbatumye."
>
> —EBIKOLWA 10:19-20

Buli lwe tuwulira ebigambo mu mutwe gwaffe ebitali bya bulijjo era nga bijja nga "ekintu ekikuguddeko," Oyo ebiseera ebisinga abeera Omwoyo Omutukuvu nga alina ky'atukubiriza okukola. Mugondere!

Olwo no, nenkola Katonda kyangambye. Namutukirira numubulira kiki kye nali mpulidde. Nangamba nti "Oli mutuufu. Amabega gabula okunzita." Nateeka emikono gyange awaali obulumi nenjogera nti "Obulumi mbulagira okuta mu Linnya lya Yesu Kristo." Obulumi ne bubulirawo. Yafuuka omuntu akiririza mu by'amagero era "eyajjanga entakera" mu nkugaana za Full Gospel okuva ku olwo. Bwoba olowooza nti Katonda tayinza kukukozesa olw'embeera ekuwakanya, wano no walabikira okuwamba embeera n'akwewunyisa. Katonda akola ekisuse bwe tutegeera era ne tumwesigira ddala.

**Beera n'abo abali mu kukikola**

Mu myaaka egy'asooka, nayanirizibwa okuwerekera ku bamu ku bantu abaali abakulu mu Full Gospel okugenda gye baali bagenda okuwereza ekintu ekyayanguya okuyiga kyange n'okutambulira mu nsi ya Katonda etali ya bulijjo. Eyasooka yali Don Ostrom, omukulembeze w'ekitundu kya Seattle. Yafuuka omulezi w'abasajja bangi okumala emyaaka egyawera. Ku lumu ku ngendo okuganda mu lukungaana e Bremerton, ekya Washington yankubiriza okuwulira ennyo Omwoyo Omutukuvu era nkole ekyo kyonna Katonda kyananungamya okukola. Ekiro ekyo lwe nasooka okuwa obunabbi mu lukungaana mu lwaatu. Yampa ku magezi amalungi era nansongera ku byenina okukola omulundi omulala bwendiba nfunye ekigambo. Kirungi okufuna amagezi okuva eri abo abatusooka mu buwereza. Bwetutyo bwe tuyiga okukola obulungi ebintu mu butuufu bwabyo. Abayigiriza abatusooka bawebwa amagezi okuva eri Yesu mu nyiriri zino eziddako.

> Awo abayigirizwa ne bajja eri Yesu kyama, ne bagamba nti Kiki ekitulobedde ffe okuyinza okumugoba? N'abagamba nti Olw'okukkiriza kwammwe okuba okutono: kubanga ddala mbagamba nti Singa mulina okukkiriza okwenkana ng'akaweke ka kaladaali, bwe muligamba olusozi luno nti Vaawo wano genda wali; kale luligenda; so singa tewali kigambo kye mutayinza. Naye kyokka eky'engeri eno tekiyinza kuvaawo awatali kusaba na kusiiba.
>
> —MATAYO 17:19 – 21

Bwoba oyiga okuwonya abalwadde, tunulira olabe akuyigiriza bwakola. Abayigirizwa ba Yesu bayanguwa okumubuuza lwaaki byebakoze tebyasobodde kugoba dayimooni. Yesu yakozesa mbeera

okubayigiriza engeri endala enkakaffu ey'okuwerezamu. Yabagamba nti okukiriza babadde nakutono nnyo era nga okusaba n'okusiiba nabyo bikulu okugatibwaako.

**Noonya aban'akulera**

Omulala eyayanguwa okundera yali Steve Lightle, omuyudaya eyali yalokoka emyaaka nga etaano ndyoke nange ndokoke. Yamala nafuuka akwanaganya emirimu gya FGBMFI mu bulaaya era yali amaze emyaaka egiwera nga abeera mu Brussels ekya Belgium. Yali mwogezi mulungi, nga akozesa obujjulizi obusanyusa nga abugaseemu n'ebyamagero ebyaliyo. Teyayagalanga kutambula yekka era yayanirizanga abalala okumuwerekerako. Yansaba ngende naye mu Kent, mu lukungaana lw'abasajja mu Washington. Kaali kaseera akankyuusa obulamu bwange. Yafuna obunabbi kunze obwakakasa okuyitibwa era n'obuwereza bwange obw'omumaaso. Byonna byatukirira nga bwe yayogera.

**Gwe mubake akagere omusabire**

Steve yayita omuntu eyalina omutima ogwaali gusirise naddamu obulamu. Kyatukirawo wabweru w'olukungaana lwa Full Gospel mu diiro lya woteri y'omu Seatle. Byonna bino nabyoota buliro. Omukyala yazirika nagwa wansi. Bayita polisi era ambulance nejirawo. Okumutekaako ebyuma byalaga nga omutima gwe tegukyakuba. Steve yewagaanya natuuka okumpi n'ebigere by'omukazi. Siryerabira ngeri gye yatwalamu obuyinza kumbeera eno. Wokka weyali asobola okuteeka emikono wali ku kagere akasajja akali kali ebweru wa bulangiti gye bali bamubise. Era ye yakwata bukwasi ku kagere kano namulagira addemu obulamu. Kyakola! Mangu nnyo ebyuuma ebyali bisirise ne bitandika okulaga obulamu. Abasawo ne bassa ekikowe kubanga ebyuma byali birabye entununsi ku mulundi guno. Abasinga bayinza okuyita ebyaliwo nga eky'amagero, kumpi n'okuzukiza omuffu. Steve ekyo kyenyini kye yakiyita newankubadde abasawo baali tebanalangirira nti omukazi yali affiridde ddala. Mungeri emu oba endala, kiraga amaanyi agali mu kulangirira ebigambo by'obulamu ebisumulula amaanyi ga Katonda agawonya, ekifanana nga Peetero kye yalaba mu Bikolwa 9.

> Naye Peetero n'abafulumya bonna n'afukamira n'asaba; n'akyukira omulambo n'agamba nti Tabbiisa, yimirira. N'azibula amaaso ge; awo bwe yalaba Peetero, n'agolokoka n'atuula. N'amuwa omukono n'amuyimusa; awo bwe yamala okuyita abatukuvu ne bannamwandu, n'amuleeta, nga mulamu.
>
> —Ebikolwa 9:40-41

- Yesu ye yalera Peetero. Peetero yali alabye Yesu nga azukiza abaffu. Akaseera bwe katuuka okuba nga Peetero yakikola yali amaanyi ekyokukola. Nga Yesu, Peetero yasooka kusaba, era tusubira yafuna ebiragiro okuva eri Kitaffe ku kiki eky'okukola (laba yokaana 5:19). Olwo no, nalagira omuffu nga amuyita erinnya agolokoke.
- Peetero yali alabye Yesu nga akwaata ku mukono gwa muwala wa Yayiro, olwo naye nakikola nga Yesu bwe yakola eyamulera. Peetero yamukwata ku mukono namugolokosa.
- Olw'okuba Peetero yagondera kiki Omwoyo Omutukuvu kye yali ayagala okukola, kyajjawo obokubusabuusa n'obutakiriza bwonna nalyooka akikole nga Yesu bwe yali amuyigiriza, era eky'amagero ne kiberawo.
- Olwokuba Peetero yagonda, Mukama yagulumizibwa. Bikolwa 9:42 egamba "Ne kitegeerwa mu Yopa kyonna; bangi ne bakkiriza Mukama waffe."

Steve yeyali omusomesa eyayamba okulungamya obuwereza bwange mu ntandikwa. Yali ayiya mangu ekyokukola mu buwereza nga byakola batono nnyo abasobola n'okubigezaako. Yali muntu akiririrza mu Katonda omutozi asobola okusa ekitibwa ku muntu yenna akola okusinziira ku magezi ammajuvu agali mu Baibuli. Ekitu kye nayigira ku Steve kwe kudiza Katonda ekitiibwa bulijjo elw'obuwanguzi obutukiddwaako mu buwereza.

## Ekyo kyebakirizaanga bakifunanga

Abawereza ba FGBMFI basabanga nti Katonda anakola eby'amagero mu buli lukungaana. Bayitanga abogezi abalina obujjulirwa obw'alingamu ebintu ebisanyusa Katonda byeyali akoze. Essiira balisanga ku basubuzi ab'abulijjo abaali basisinkanye Katonda akola eby'amagero. Abasubuzi bano bakungaanya nga obujjulizi ku ngeri Katonda gye yali akyusizaamu obulamu bwabwe. Bateranga okw'ogeera nti, "Katonda tasekererwa bwaba yakinkolera nawe ajja kukikolera." Kino kyavangamu enkungaana ezisanyusa okukamala. Kyaleteranga abanyooma okwewunya nga kifananira ddala nga ekiri mu kyawandikibwa kino ekiddako.

> Awo bwe baalaba obugumu bwa Peetero ne Yokaana, ne babategeera okuba abantu abatamanyi kusoma era abataayigirizibwa nnyo, ne beewuunya, ne babeetegereza nga baali wamu ne Yesu. Era bwe

baalaba omuntu eyawonyezebwa ng'ayimiridde nabo, tebaalina kya kuddamu.

—BIKOLWA 4:13-14

Buli lwe tuwa obujjulirwa ku kuwonyezebwa okw'amazima, kiziba emimwa gy'abanyooma era ne kiretawo embeera ey'okukiririza mu Katonda. Wetegekenga okuwa obujjurirwa ku kiki Katonda kyakuwadde, naddala bwakuwonya oba nawonya omuntu gw'omanyi.

Enkungaana za FGBMFI zaletaanga embeera ey'okukiriza wamu n'okusubira. Omwogezi omukulu weyamalilizangayo obubaka, balangiriranga eri abo bonna abali bakungaanye nti Omwoyo Omutukuvu yali ayanirizibwa okukola kyonna kye yali ayagala okukola. Omwogezi yayitanga abagala okulokoka. Era bangi balokokanga. Bayitanga abagala okujjuzibwa Omwoyo Omutukuvu era nabagala okusabirwa okuwonyezebwa. Awo eby'amagero ebisinga we byabererangawo. Bafunanga kyebakirizanga nti bajja kukifina. Abakulembeze besiganga Katonda okukomekereza enkungaana. Abakulembeze ba FGBMFI bali bamanyikiddwa olw'okulwisaawo okumaliriza enkungaana. Enkungaana zino zali ziffananako neza Paulo ez'ogerwaako mu byawandikibwa ebiddako.

Awo ku lunaku olw'olubereberye mu ssabbiiti, bwe twakuŋŋaana okumenya emigaati, Pawulo n'anyumya nabo, ng'ayagala okusitula enkya, n'alwawo mu kwogera okutuusa ettumbi. Ne wabaawo ettabaaza nnyingi mu kisenge ekya waggulu, mwe twakuŋŋaanira. Omulenzi erinnya lye Yutuko n'atuula mu ddirisa, n'akwatibwa otulo tungi; awo Pawulo bwe yalwawo ng'akyanyumya, ng'akwatiddwa otulo tungi n'ava mu nju ey'okusatu, n'agwa, n'alondebwa ng'afudde. Pawulo n'akka n'amugwako n'amuwambaatira n'agamba nti Temukuba biwoobe; obulamu bwe mwebuli munda. N'alinnya n'amenya omugaati n'alyako n'alwawo ng'akyanyumya okutuusa enkya, n'alyoka avaayo. Ne baleeta omulenzi nga mulamu, ne basanyuka si katono.

—EBIKOLWA 20:7-12

Yesu asigala akyayagala okuwonya abalwadde, munkungaana zaffe ne bwezeyongerayo okutuusa amatumbi budde. Wano eky'amagero kino kyaliwo mu matumbi budde nga buli omu akooye. Katonda teyebaka. Tusobola okukakasa nti Yutuko yasanyuka nti olukungaana telwaggwa okutuusa nga Paulo amaze okumuzukiza okuva mu baffu.

**Embeera ne bweziba zogera ki gwe sigala nga okiriza**

Mu 1978, nga olukungaana lw'ebugumu mu Bellingham, Washington luwedde omu kubenkolera yansaba nsabire nnyina eyali omulwadde mu ddwaliro eriri mu seattle. Nga nkyaali mu kukiriza kuli okwali mu lukungaana, namugamba nti "Nesimye okumusabira. Nzikiriza agenda kuwona!" bwe naddayo mu seattle, nagenda ku ndiri kweyali era nemusanga nga yazirise. Ekyo nze sakitwala nga kikulu. Nali njize obutesiga mbeera. Nali wakukiriza nti Katonda anakola eky'amagero. Naguma nemusiiga amafuta era n'okusaba nensaba mu kukiriza. Ngenda okudda enkeera nga ekisenge kye kikalu. Natandika okujjaguza olw'ekyo Katonda kye yali akoze. Alabika yali awonyezeddwa. Essanyu lyange mangu nyo lyafuuka okusamalirira omusawo bwe yangamba nti omukazi yali yafudde ekiro. Natuula mu motoka nembuuza Katonda kiki ekyali kituseewo. Nawuliranga agamba nti, "Kye mannyi gwe siky'omannyi. Gonda bugonzi okole ekyo kyemba nkugambye." Elyo lyali ssomo ddene nnyo okuyiga. Omulimu gwange gwali gwa kugondera Mukama wamu n'Ekigambo kye, nsabe ebisigadde mbirekere Katonda asasira.

**Buli omu emirembe egitagwaawo gimulinze.**

Abalokole bwe baffa, mangu nyo bayingira mu mirembe Mukama waffe Yesu gye yasubiza, emirembe egitagwaawo nga tuli naye! Bwolowooza kwekyo, okuffa eri omulokole kuba kutukiriza kisuubizo kya bulamu obutagwaawo etali kuffa, kukungubaga, kukaaba, oba obulumi. Obuvunanyizibwa bwaffe buba kusabira abo abasabye okubasabira, okwo kwogatta nabo ababa basiba ebikutuka. Ekirubirirwa kyaffe kuba kubalungamya mu nkolagana yabwe ne Yesu Kristo nga tebanaba kuffa. Buli muntu alina okuweebwa omukisa okusalawo okuyingira mu kisuubizo ky'obulamu obutaggwaawo.

**Tandikira ku bintu ebyangu**

Nga oyiga okuwonya abalwadde, ebiseera ebisinga tulina kutandikira ku kintu ekirabika nga ekitetaagisa kukiriza kungi. Omutwe, omusujja, olukya, oba amabega agaluma biyinza okuba ebyangu okusabira okusinga omuntu alwadde kokolo. Okuwonya kwonna kwangu eri Katonda. Naye eri omulokole atasabirangako balwadde, tandikira ku kintu ekyagala okufananako ku kiri mu ky'awandikibwa kino.

> N'ayimuka n'ava mu kkuŋŋaaniro n'ayingira mu nnyumba ya Simooni. Awo nnyina mukazi wa Simooni yali ng'akwatiddwa omusujja mungi, ne bamwegayirira ku lulwe. N'ayimirira w'ali,

n'aboggolera omusujja; ne gumuwonako amangu ago n'agolokoka n'abaweereza.

—LUKKA 4:38-39
(LABA NE MATTAYO 8:14-15 NE MAKKO 1:29-31)

Kino kyakulabirako kirungi ku balokole abangi abatandika okuwonya abalwadde. Kikole nga Yesu bwe yakikola:

- Yanukula okusaba kw'abantu abetaaga okuwonyezebwa nga ogenda eri abalwadde.
- Tukirira omulwadde.
- Boggolera omusujja, obulwadde, oba obulumi nga oyogera eri obuzibu mu Linnya lya Yesu Kristo.
- Sinziira ku saala gye wakasaba nga okubiriza omuntu okukola ekyo kyabadde takyasobola kukola olw'obulwadde oba obulumi. Eky'okulabirako: mukwate ku mukono, bayimirize, era bakole ebintu ebyabulijjo.
- Sigala nga osubira omusujja, obulwadde, oba obulumi okuleka omuntu esaawa yonna. Gye binagweera nga okuwonyezebwa kulabise.

**Akakokola akagongobala**

Mu mwaaka gwe gumu, nafuna ensisinkano gye siryerabira. Ku saawa nga munaana ez'emisana mu biseera by'obunyogovu nafuna essimu okuva ew'omukulembeze w'ekitundu ekya FGBMFI mu Kelowna, B.C., Canada yansaba nfune engeri gyenva mu seattle ngende mu Kelowna nga saawa emu ey'olweggulo tezinawera okwogera mu lukungaana lwabwe olwo lweggulo. Bali balemereddwa okufuna omwogezi okuva e Canada era nga baali bakubye ku saawa esembayo kubanga baali betaaga omwogezi mu malya g'ekyeggulo. Eyalina okwogera kw'olwo yali teyabategeeza mu budde nti yali tajja kusobola era nga yali yabisazizaamu eggulo limu. Ebyamagero ebingi nga bimaze okutusobozesa, Larry Day, omukulembeze w'ekitundu kya Bellevue yafulumya ennyonyi Cessna 210 okuva ku Boeing Field. Yali mugoba mulungi, era twatuuka mu lukungaana nga okusinza n'okutendereza kwakagwa. Twatuuka ku kituuti nga banatera okutwanjula. Abantu baali bangi olw'omwogezi eyali ategekeddwa okuwereza. Katonda yali alina kyayagala okukola era naffe yali atwagala okukibeeramu.

Larry yawa obujjurirwa obwali bw'ewunyisa ku Yesu okuwonya abalwadde. Nange nenjogera ku kuwonyezebwa okulinga okwo. Kino kyaleteera abantu nga kumi n'ababiri okuwayo obulamu bwabwe eri Kristo

era n'enyiriri satu zakolebwa. Olunnyiriri olumu mu maaso ga Larry, mu maaso g'abawereza abalala ab'ekitundu kino n'olulala mu maaso gange. Omu kw'omu twatandika okusabira abalwadde n'abali balumizibwa. Eky'amagero kye siryerabira kyali kya mukazi eyali yaggwa nga akyaali mwana muto namenyeka omukono n'akakokola. Yali tasobola kugolola mukono gwe. Nga Paulo mu Bikolwa ny'Abatume 14, namutunulira nembaako kyendaba mu Mwoyo.

> Mu Lusitula yaliyo omuntu nga talina maanyi mu bigere n'abeeranga awo, mulema okuva mu lubuto lwa nnyina nga tatambulangako n'akatono. Oyo n'awulira Pawulo ng'ayogera: naye n'amwekaliriza amaaso n'alaba ng'alina okukkiriza okulokoka, n'ayogera n'eddoboozi ddene nti Yimirira ku bigere byo, weegolole. N'abuuka n'atambula.
>
> —BIKOLWA 14:8-10

- Buli lwetubeera nga tubulira, nga tuyigiriza, oba nga tuwa obujjulizi ku kwagala kwa Mukama okuwonya abantu, tulina okwegendereza kulw'abo ababa batuwuliriza.
- Olw'obusobozi bw'Ekigambo okubotola emitima gy'abantu, okukiriza kujja kuyimuka mwabo abetaaga okuwonyezebwa.
- Omwoyo Omutukuvu aba akola nnyo nga ekigambo kibulirwa. Linda omuleke ayogere okusinziira ku yenna eyetaaga okuwonyezebwa.
- Nga bw'otunulira abakwetolodde Omwoyo Omutukuvu ayinza okukuletera "okulaba" abo abalina okukiriza okunabawonya.
- "Tulaba" okuyita mu maaso Omwoyo Omutukuvu bwatugamba nti, "Oyo, ali wali – muyiteyo ayimirire ku magulu ge."
- Omwoyo Omutukuvu bwatandika obuwereza, bakomekereza bawonyezeddwa.

**Namulaba nga alina okukiriza okunamuwonya**

Namubuuza, "Okiriza nti Katonda anagolola omukono gwo bwe tunasaba?" teyasibanamu nanekaliriza n'okukiriza era nange nemanyirawo nti eky'amagero kyali kinatera okubeerawo. Yangamba n'obumalirivu nti "Wewaawo nzikiriza!" mangu nnyo nakiriziganya naye. Nenjogera nti "Mu Linnya lya Yesu mukono gwe wegolole!" Ye ne nnyina, wamu nange twatandiika okwewunya Katonda bwe yatandika okugolola omukono gwe

okwenkanankana naguno omulala. Twawulira ekinuuko nga kiguvaamu nga omukono guda mu kifo ky'agwo. Yatandika okukaaba olw'essanyu. Nnyina naye bwatyo. Nange nakulukusa ku maziga. Okutuuka mu kiseera ekyo, nali sirabangako kyamagero nga kitukawo bw'ekityo. Wano okukiriza kwe kwe kwamuletera okuwonyezebwa. Kiffanana kwekyo Yesu kye yakola mu Makko 3.

> N'ayingira nate mu kkuŋŋaaniro; mwalimu omuntu eyalina omukono ogukaze. Ne bamulabirira oba anaamuwonyeza ku lunaku lwa ssabbiiti, era bamuloope. N'agamba omuntu eyalina omukono ogukaze nti Yimirira wakati awo. Awo n'abagamba nti Kye kirungi ku lunaku lwa ssabbiiti okukola obulungi nantiki okukola obubi? kuwonya bulamu naatiki kutta? Naye ne basirika busirisi. Bwe yabeetoolooza amaaso n'obusungu, ng'anakuwadde olw'okukakaayala kw'emitima gyabwe, n'agamba omuntu ati Golola omukono gwo. N'agugolola: omukono gwe ne guwona. Amangu ago Abafalisaayo ne bavaamu ne bateesa n'Abakerodiyaani ku ye, nga bwe banaamuzikiriza.
>
> —MAKKO 3:1-6

---

Ebiseera bingi Omwoyo Omutukuvu ajja kutukubiriza okusabira abalwadde mu maaso ga banadiini abatakiririza mu kuwonyezebwa. Tuyina okugondera Katonda sosi bantu bwe kituuka ku kuwonyezebwa okw'obwakatonda. Katonda yandyagadde tuwonye abalwadde mu kiffo ky'enkayana ku oba kituufu okuwonyezebwa mu Kkanisa oba nedda.

---

Nalaba mu maaso ge nti yalina okukiriza okuwonyezebwa. Awo wenayogerera mu ddoboozi ery'omwanguka nti, "Mukono gwe wegolole!" Nali simanyi kiki Katonda kye yali ayagala okumukolera okutuusa lwe yambikulira okukiriza kwe okungi nga ayatula era nga atunulidde Yesu Kristo okumuwonya okuyita munze.

## *Okuvumbula ekituufu*

NZE (JOHN) BWENEYONGERA OKUKULA mu kukiriza era n'okutegeera, Katonda yeyongera okunwyeeza Ekigambo kye n'obubonero wamu n'ebyewunyisa. Ku nkomerero ya 1970 ne gye 80 wegyatandikira natandika okuzuula obukulu bw'okuwereza nga nsinziira ku magezi agambikuliddwa. Kino kiringa ekintu ekyebalamye abawereza abasinga obungi abanoonya okukolera mu nsi ya Katonda ey'Omwoyo. Yesu asubiza okwogera n'abakiriza bonna abanoonya enkolagana naye egenda ebuziba. Kino kyafuuka kya

lwaatu gyendi bwe nazuula nga eby'amagero eby'okuwonyezebwa byeyongera bwenagondera eddoboozi lya Katonda era n'enkola ekyo kyambikulidde.

Natandika okwekeneenya enkola abantu abalala gye bakozesanga nga basabira abantu abalwadde. Abamu baalabikanga abali babikuliddwa; abalala nga bakola byabwe. Nalaba ebifanagana mu nkola era n'empisa oluusi byebayitangamu. Kyalabikanga abamu abalinga besigamye ennyo ku kiki ekyakolanga edda okusinga okwesigama ku kiki Katonda kyayagala okukola mu kiseera kino. Nali netaaga okutwaala amagezi Paulo geyawa Abasessaloniika.

> Temuzikizanga Mwoyo; temunyoomanga bunnabbi; mugezengako ku bigambo byonna; munywerezenga ddala ekirungi
>
> —1 ABASESSALONIIKA 5:19-21

> Yokaana n'addamu n'agamba nti Mukama waffe, twalaba omuntu ng'agoba dayimooni mu linnya lyo: ne tumugaana, kubanga tayita naffe. Naye Yesu n'amugamba nti Temumugaana; kubanga atali mulabe wammwe, ali ku lwammwe.
>
> —LUKKA 9:49–50

- Yesu atuwa ekisa kingi okusinga ffe bwe tugumikiriza abalala. Olw'okuba nga omuwereza omu alaze enkola etali yabulijjo nga awonya abalwadde, tetulina ku mulaba bubi olw'okubanga takoze nga bwe tukola.
- Yesu atujjukiza okukeebera ebibala byabwe. Abantu bawonedde ddala mu mazima? Katonda bamuddiza ekitiibwa kyonna? Abantu balokoka? Tulibalabira ku bikolwa byabwe.
- Sigala ku ludda lwa Yesu nga ogoberera eby'okulabirako bye okuva mu Kigambo kye eky'awandikiibwa.

Nga negendereza n'okwekeneenya, nazuula nti abo abakoleranga ku kiki Katonda kye yali abikudde mu kiseera ekyo bali bakungula eby'amagero ebituufu era ebiberera eri abantu bebasabiranga. Abalala abali besigamye ku kukiriza kwaabwe oba nga basinziira ku by'ayita oba obumanyirivu bafunanga eby'amagero naye nga si bingi nga bali abali bakolera okusinziira ku kubikulirwa. Kino kyafuuka ekintu kye nayitamu mu buliwo bwe natandika okukola "enkulungo."

**Tukola "enkulungo"**

1980 we gwatukira, natandika okuyitibwa ennyo okwogera mu nkungaana za FGBMFI mu bugwanjuba bwa America ne Canada. Olw'okukyuusa emirimu, nali wa ddembe okwogera mu bitundu ebiwera okumala ennaku nga satu okutuuka ku taano mu lugendo lumu. Enkungaana ezo twaziuyitanga "nkulungo." Mu ngeri yemu, olumu ku nkungaana zino lwesiryerabira lwenayogereramu lwaali mu mambuka ka kibuga kye Washington.

**Nawandikanga ebyatukangawo**

Nayanirizibwa okwogera mu nkungaana satu ez'enjawulo: olumu nga luli mu Sandpoint, Idaho, olulala mu Colvile, Washington; n'olulala mu Newpoint, Washington. Bonna enkungaana zabwe bazitegeka mu wiki y'emu (kulw'okubiri, olw'okuna n'olw'omukaaga olw'egulo). Ensonga lwaaki olugendo luno ndujjukira nnyo, lwe lugendo lwokka lwe nali mpandiika mu kitabo buli kintu ekyatukangawo. Bwoba towandiika bituseewo werabira mangu nnyo ebintu eby'ewunyisa Katonda byakola. Bibiino eby'aliwo. Enkola y'ebintu yasigalanga y'emu: ekibiitu kye kyegulo; okusinza okw'amaanyi, obujjulizi obutono tono, omwogezi omukulu nawa obujjulizi bwe era nayita abagala okulokoka, okubatizibwa mu Mwoyo Omutukuvu era n'okuwonyezebwa. Nagobereranga enkola eno buli lukungaana.

Akawungeezi k'olwokubiri mu Sandpoint, Idaho kali kaseera ka buwereza bwa kimpowooze. Abasajja babiri balokoka, abafumbo bombi ne babatizibwa n'Omwoyo Omutukuvu, era Katonda najjawo obulumi bw'omutwe, mu nsungo,amabega, wamu n'amatu okuva mu bantu bataano. Buli lwensoma ekyawandikibwa kino, mbeera nga alaba ebyaliyo byennyini.

> N'akka nabo, n'ayimirira awatereevu, n'ekibiina kinene eky'abayigirizwa be n'abantu bangi abaava e Buyudaaya yonna n'e Yerusaalemi, n'abaava ku ttale ly'ennyanja ey'e Ttuulo n'e Sidoni, abajja okumuwulira n'okuwonyezebwa endwadde zaabwe; n'abaali babonyaabonyezebwa dayimooni ne bawonyezebwa. N'ekibiina kyonna ne kisala amagezi okumukomako obukomi: kubanga amaanyi gaavanga mu ye ne gabawonya bonna.
>
> —LUKKA 6:17-19

- Buli lwe tusabibwa okugenda okw'ogera ku bintu ebikulu Katonda byakola, tulina okwegayirira Mukama era tusabe amafutage okweraga mu kiffo awakunganirwa. Awatali kubeerawo kwa Mukama okw'amaanyi tewali kiyinza kuberawo.

- Amaanyi ag'ogerwaako wano kwe kubeerawo kwa Mukama okulabikako mu maanyi gakwo amajuvu. Kino bwekitandika okubeerawo, yanguwa mangu owereze eri abantu abawera, nga osigala owereza okusinzira ku kukulukuta kw'okubikulirwa okuva eri Omwoyo Omutukuvu.
- Wewale abantu abalina omyoyo gy'eddiini abalangirira mbu oli wanjawulo nnyo. Wewale okukiriza abantu "okupika" nga batendereza ebyo ebibaddewo.
- Yanukula nga osaba abantu bonna okuyimusa emikono gyabwe n'amalobozi nga bagulumiza era nga bebaza, bagulumize Mukama Yesu Kristo olw'ebyo byakoze.

Ekiro ky'olwokuna mu lukungaana mu Colville sirirwerabira. Nasaba nnyo Katonda okuba nga mungeri emu oba endala anankozesa okutukiriza ebigendererwabye. Amaanyi ganzigwaamu. Nga ndi wakati mu bujjulirwa bwange, Mukama yatandika okuntomeza mu birowoozo nga andaga ebifananyi, ebigambo, era nga asika nnyo okugenda eri abantu abamu. Ku nkomerero y'obujjulirwa, Omwoyo Omutukuvu nanzijjukiza buli muntu gwe yali ayagala okuwereza. Natwala eddala ery'obuvumu okugonda, newankubadde nali simanyi kiki kigenda kuberawo. Okulungamizibwa okwasooka kwali kw'amaanyi nnyo nalina okumugondera.

### Omulongooti gw'Omwoyo Omutukuvu

Bwe nali nga ngezaako okwekaririza ekibinja ky'abantu abaali bawera nga kinaana Omwoyo Omutukuvu nandaga omwaami omukulukulu, era nangamba nti "Oyo talokokanga, gendayo omubuuze oba ayagala okulokoka." Nagonda era ye ne mukyaala we ne bagamba nti "Ffembi twagala okulokoka." Nabwata emikonoera ffena ne tusaba esaala ey'okwenenya awo webaali ku meeza yabwe. Ebyo bwe byaggwa, nga bwe bakaaba amaziga age ssanyu bamalako olukungaana lwonna nga bamweenya okukamala. Omuvubuka naye yawaayo obulamu bwe eri Mukama.

### Akabwa akeeru

Wajjawo okusuubira, era n'okutya nekuggwa ku buli muntu yenna eyali mu kisenge kino. Bonna nga banjegese amaaso. Ekirabo eky'okukiriza ne kingwaako. Omwoyo Omutukuvu nandaga ekifananyi kyo mukazi omukadde akute omuggo nga alina akabwa akeeru ku lujegere. Ekifananyi bwe kyajja n'ebigambo bino ne bijjirako nti, "Bwanavaayo mu kibiina najja okumusabira nja kumuwonya." Kino nakigamba ekibiina. Omukyala omukadde nasituka nga alina omuggo era Bba namuyamba okujja mu maaso. Yali tasobola kuyimirira ku lulwe era yangamba nti yali tasobola kusa bulungi ate nga

n'omutima gwe munafu era bino byombi byali tebiwona. Yali tasobola kubaako kyakola ku lulwe, wabula nga akiriza nti Katonda yali ayagala okumuwonya. Nakiriza wamu naye nga bwe nteeka omukono gwange ku kibegabega. Amaanyi amangi ne galyooka gamutomera negamuyitamu era mbagirawo nawanikirawo emikono gye gyombi, nasuula omuggo, natandika okwetala nga bwadda eno n'eri nga ayogerera wagulu yagulumiza Katonda olw'okumuwonyezaawo.

## Egumba ely'ekibegabega elyawona

Omwaami yajja nga omukono gwe gusibiddwa okusobola okuguwanirira. Nagamba nti yali agudde namenyeka egumba lye'kibegabega. Yali tasobola kuwanika mukono gwe. Nemubuuza nti "Katonda agenda kukuwonya ddi?" Nagamba nti "Kakati!" Nateeka buteesi mukono gwange ku ludda olwali lumenyese nenogera nti, "Nzikiriza. Mu Linnya lya Yesu twala okuwonyezebwa kwo!" Mangu ago yayimusa omukono gwe, nagusumulula, natambula nagenda nga awonedde ddala.

## Omusuwa guwonyezebwa

Omuvubuka yayiimirira mu maaso gange nangamba nti obulwadde obwamuluma bwali bumulese nga okutu kwe okwadyo tekuwulira. Omusawo yali yamugamba nti emisuwa gyaali gikoseddwa era nga tewali kyayinza kukikolera. Yali akyayogera Omwoyo Omutukuvu nandaga ekifananyi. Neraba nga mpadula ku lugalo lwange era nga nduteeka mu kutu kwe, era nga ndagira okutu okudamu okuwulira. Nakolera ddala nga bwe nalaba mu mwoyo. Yewunya nnyo okuwulira nga amatu ge gombi gawulira.

## Akawala akoto akaali ku kyesuubo

Omukyala n'omwami we bajja gyendi nga bagala nsabire obufumbo bwabwe. Bangamba nti bali bafuna obuzimu mu maka gabwe. Nali simanyi na bwenyinza kubasabira. Nembabuuza nti "mufaayo bwe njogera mu nnimi? Oluusi Omwoyo Omuukuvu ambulira engeri yokusabamu." Tebafaayo. Nenttandika okusaba mu nnimi nga bwenteeka emikono gyange ku bibegabega byabwe. Mukama nandaga akawala akato akasanyufu nga kali ku kyesuubo. Era nalaba n'omusajja omukulu nga ajja emabega waako nakajja ku kyesuubo nakavumbagatira nga bwakayingiza ensiko. Nempulia ebigambo "Bba wa nyina yamusabyaako. Lagira omwoyo oyo omubi agende." Bino nabigamba omukazi. Natandikirawo okukaaba bwe namubulira Mukama kye yali andaze. Bwenalagira omwoyo omubi okugenda, mangu ago natandika okumweenya, okujjaguza wamu n'okugulumiza Katonda kubanga yali awulira nga takyawulira bubi. Oluvanyuma nabalaba nga bagenda basanyuffu era nga bakwataganye.

Ekiro ku lw'omukaaga mu Newport, Washington mu lukungaana lwa FGBMFI, abantu basatu balokoka. Omusajja yajja ebibegabega bimuluma okukamala. Mu saala emu yawonyezebwa era najjuzibwa Omwoyo Omutukuvu. Yagenda atendereza mu nnimi empya. Abakyala babiri n'omuvubuka omu bawonyezebwa obulumi bwebalina mu mibiri gyabwe. Buli omu yadayo eka okuva mu nkungana zino nga atendereza Katonda olw'okulaga okuberawo kwe okuyita mu bubonero n'ebyewunyisa.

Enkungaana zino, wadde nga zewunyisa, zali ziraga engeri Katonda bwayinza okweraga nga alokola, awonya, era nga ajjuza abantu be Omwoyo Omutukuvu. Nkubamu nenzijjukira nga okubeerawo kwa Katonda mu maanyi kwali kusinziira ku kwegayirira ennyo wamu n'okugondera ebyo bye twaali nga tulaba mu mwoyo. Nava ku kwewunyanga nentuuka okusubira Katonda okweraga mu ngeri eyabuliwo. Okulabikako nga bwe kyaali mu Yokaana 5, abantu bakunganyaanga mukwano gyaabwe abalwadde wamu n'abenganda ne bagenda yonna okuwonyezebwa gye kwalinganga kulabikirwa. Bakomekereranga bakizuula nti Yesu Kristo ye nsibuko y'okuwonyezebwa kwonna.

> Naye mu Yerusaalemi awali omulyango gw'endiga waaliwo ekidiba, kye baayita mu Lwebbulaniya Besesuda, nga kiriko ebigango bitaano. Mu ebyo mwagalamirangamu ekibiina ky'abalwadde, abazibe b'amaaso, abalema, abakoozimbye, nga balindirira amazzi okubimba: kubanga malayika yakkanga mu kidiba mu biseera ebimu n'abimbisa amazzi: oyo eyasookanga okugendamu, ng'amazzi gamaze okubimba, yawonanga obulwadde bwe bwe yabanga nabwo. Ne wabaawo omuntu eyali n'endwadde nga yaakamala emyaka amakumi asatu mu munaana. Yesu bwe yalaba oyo ng'agalamidde, n'ategeera nga yaakamala ennaku nnyingi, n'amugamba nti Oyagala okuba omulamu? Omulwadde n'amuddamu nti Ssebo, sirina muntu ansuula mu kidiba amazzi we geeserera: nze we njijira, omulala ng'ansoose okukkamu. Yesu n'amugamba nti Golokoka, weetikke ekitanda kyo, otambule. Amangu ago omuntu n'aba mulamu ne yeetikka ekitanda kye, n'atambula. Naye olunaku olwo lwali lwa ssabbiiti.
>
> —YOKAANA 5:2-9

---

- Nga tonasabira muntu alina endwadde eyolukonvuba, mubuuze oba aky'alina okukiriza nti Katona asobola okumuwonya.
- Wulirizan nnyo kiki Omwoyo Omutukuvu kyayagala okukola era ogondere kiki kyagamba.

- Babuuze ekibuuzo Yesu kye yabuuza omusajja, "Oyagala okuwonyezebwa?"
- Wuliriza otegeere oba nga waliyo okwanukula kwonna okulimu okukiriza.
- Ekisembayo, babuuze ddi lwebagala Katonda okubawonya. Bwowulira nti "Kati," mangu nnyo kiriziganya nabo nti Katonda atanadikiddewo okuwonya era ajja kwongera okuwonya okusinziira ku kiseera kye ye.
- Oluusi Katonda ayinza okubawonyezaawo. Bulijjo byonna birekere Katonda abimalirize.

---

**Kola ekyo kyokka Katonda kyagamba**

Nga ngenda nzuula ekituufu, nayiga essomo ekkulu ennyo buli mubuulizi wa Njiri ly'ayina okuyiga. Tokulemberanga Omwoyo Omutukuvu mu buwereza. Nayanirizibwa okubuulira mu Aberdeen, Washington mu lukungaana lwabwe. Nenyaniriza omubuulizi w'enjiri omulala okumperekerako. Ne twewulira era ne tufuna amalala olwa mukwano gwafe Larry eyatujja ku kisaawe kyenyonyi ennene we yatuteeka n'atuvuga mu Nyonyi entono okututuusa gye twali tulaga. Oba oli awo, awo we waava ensobi eyavaako byonna eby'addirira. Mu kuzuula ekituufu, Katonda yali anatera okwawula wakati w'okuwerereza mu kusuubiriza n'okuwerereza mu kumuwuliriza.

Nga natera okubuulira mukwano gwange omubuulizi w'enjiri yandaga omusajja eyali mu kagaali k'abalema nangamba nti, "Mpulira tulina okuwereza eri omusajja oyo tumujje mu kagaali ako." Nendowooza nti kijja kuba kikulu ekyo okutuukawo. Kakati nemukolera omwaganya avugibwe aletebwe mu maaso tumusabire. Ffembi netumulagira okuyimuka okuva mu kagaali atambule. Nga tasobola, netugezaako okumusikambula okuletera amagulu ge okukola. Yakomekereza agudde bugwi, lwakuba nti bambi yagwa mu kagaali ke. Netugezaako okutaasa olukungaana nga tuyimba enyimba entono tono. Naye nga byonna tebiyamba. Olukungaana ne luggwa. Twavaawo nga tuswadde ebitagambika, netugaana n'okutwebaza kwe bakolanga bulijjo. Ne ku nnyoni nga tudda ekka twayogera bitono ddala.

**Mu nkyaamu mwe muva engolokoffu**

Wuliriza ebiragiro bya Katonda, sosi eby'abantu! Kola ekyo kyokka Omwoyo Omutukuvu ky'akugamba okukola. Ekirabika nga ekituufu kiyinza okuba nga Katonda si kyayagala okukola. Bwoba nga tolina kubikulirwa ku kiki kyennyini ky'olina okukola, bulijjo buuzanga ali mu kagaali k'abalema kiki

kye bakiriza Katonda kyayagala okukola. Olwo okirize wamu nabo ku daala ly'okukiriza kwabwe. Bwebaba bagala Katonda abawonye omutwe ogubaluma, awo wobeera okoma. Katonda bwaaba ayagala tubalagire okuyimuka batambule, ajja kutubuulira bwetuyinza okukikola era ddi. Omwoyo Omutukuvu talimbibwa bujjumbize bwa kinadiini obuzaliddwa mu mubiri. Yesu anyonyola kino nga asinziira mu by'awandikibwa bino nga abuuza abazibe kiki kye baali baagala abakolere.

> Bwe baali nga bafuluma mu Yeriko, ekibiina ekinene ne kimugoberera. Laba, abazibe b'amaaso babiri abaali batudde ku mabbali g'ekkubo, bwe baawulira nti Yesu ayitawo, ne boogerera waggulu, nga bagamba nti Mukama waffe, tusaasire, omwana wa Dawudi. Ekibiina ne kibaboggolera, okusirika: naye bo ne beeyongera okwogerera waggulu, nga bagamba nti Mukama waffe, tusaasire, omwana wa Dawudi. Yesu n'ayimirira, n'abayita, n'agamba nti Mwagala mbakole ki? Ne bamugamba nti Mukama waffe, amaaso gaffe gazibuke. Yesu n'akwatibwa ekisa, n'akoma ku maaso gaabwe: amangu ago ne balaba, ne bamugoberera.
>
> —MATTAYO 20:29-34

---

- Omwoyo omutukuvu ye yatandika okuwonyezebwa kw'omuzibe mu kubikulirwa
- Wetegereze: Yesu yabuuza omusajja nti, "Oyagala nkukolere ki?" Yesu ye yali amanyi kiki Kitaffe kye yali ayagala okukola, naye yali agezesa okukiriza kw'omusajja okw'okuwonyezebwa. Naffe tulina okukola kintu ky'ekimu. Oluusi, eky'okukola kiyinza okubeera nga kilabikira wo.
- Ate olulala, tulina okubuuza kiki kye basuubira Katonda okubakolera. Tetugezaako okusuka kiki omuntu kyakiriza Katonda okumukolera.
- Yesu yakwaata ku maaso gabwe. Bwekiba kiyinzika, naffe tusobola okuteeka emikono gyaffe ku kitundu eky'etaaga okuwonyezebwa, nga tukozesa n'amageze nga bulijjo.
- Mu Lukka 18:42, Yesu yayogera eky'okuddamu eri okwanukula kwo. "Zibula okkukiriza kwo kukulokodde." Naffe tukole bwetutyo.
- Yesu yabakwatirwa ekisa. Omuntu bwajja nga anoonya okuwonyezebwa nga yewereddeyo ddala n'omutima gwe gwonna, naffe tujja kukwatibwa ekisa.

- Abasajja mangu nnyo bazibulilawo. Ekiseera ky'okuwonya bulijjo kiba kya Mukama, siffe. Ffe tusaba nga ekigenda okubeerawo mu kiseera ekyo kye nnyini. Tetwewuunya singa okuwonyezebwa kutwaala akaseera okulabika.

## Lwe nasooka okugenda okuwereza

Mu 1978 Katonda yaletera omusajja omusubuuzi okusabira tikiti yange ey'ennyonyi okugenda mu Seoul, Korea. Nali omu ku bantu abana abaali bakikiridde FGBMFI mu lukungaana lwa Asia olw'abantu babulijjo olw'abuli mwaka. Gwe nagabana naye ekisenge ekisulwaamu, Gil Bean, yali musajja mukulu omwegayirizi eyava mu Seattle. Ababulizi b'enjili babiri okuva mu Califonia bebaweza tiimu kwe nali. Slomo Isaac, Omuyisirayiri okuva Eyerusalemi ye yali omu ku bogezi abakulu. Mu bubaka bwe, Mukama mwe yampitira okugenda mu "mawanga." Bweyantunulira bwati nakyusibwa nempulira nga agamba nti "Ojja kuba ogenda mu mawanga gonna." Nawulira eddoboozi lya Mukama ely'obuyinza nga lyogerera mu musajja ono gwe nali sirabangako. Nalinga asibiddwa ku katebe mwe nali ntudde. Newuunya ekintu kino kye kyali kitegeeza. Mangu nnyo nawandiika ebigambo bino ku kapapula era kenkumiira mu kitabo kyange omuli obunabbi okutuusa ne leero.

Bali batutegekedde ffena wetunaweera obubaka. Gil nange twalina okwogera emirundi ebiri. Ogw'asooka gwali mu Kkanisa ennene eya Presbyterian. Ogw'okubiri gwali mu Kkanisa ya balokole eyalimu abantu nga ebikumi bibiri. Lengera enjawukana wakati waazo! Zombi zibuulira Yesu Kristo nga omulokozi waazo, wabula abalokole bo baba basubira Katonda okutambula mu maanyi mu buli service. Ekyo nali sikimanyi newankubadde nga nze nali omw'ogezi omukulu.

## Eky'atukwaawo kyali tekisubirwa

Nateekateeka obubaka bwa nyingo saatu obukwaata ku kisa n'okwagala kwa Katonda. Gil yasaba nti Omwoyo Omutukuvu anakola owagala kwe newankubadde nga kiki ekituseewo. Nakola kye nsobola okuyita mu muvunuzi omukorea, naye nga kirabika bali basuubira ekisinga ko awo. Abakiriza batuulanga wansi wadde nga abasumba bali batudde mu ntebe ennene ku kituuti. Bwe namaririza, bali bakakamu era nga balinga abagadde byenjogedde. Olwo no ekintu ekitali kya bulijjo nekitukaawo. Omusumba omukulu nayita abantu okujja mu maaso. Ekkanisa yonna nesituka nebatambula ebigere bibiri olwo bonna nebajjula akatuuti. Gil nalyooka ampita ngali wakati ku kituuti namkuba akaama nti "Savisi babadde abantu babagambye nti yakusumululwa. Gwe nange kakaati tulina okuwonya

abalwadde." nemugamba nti, ”Kiki?" Gil nangamba nti, "Waleese amafuta go? Nemugamba nti kye nina ke kano akanyigibwa akali ku kisumuluzo kyange." Yagamba bugambi nti, “Byerabire. Obudde buyise kati.” Nemugamba nti, "Mannya ntya ekyokusabira?" Gil nangamba nti, ”Tosobola kubategera era nabo tebayinza kutegeera ky’obasabira. Naye Katonda akimanyi. Kakati tandika okutambula nga osaba mu nnimi nga bw’okwata ku buli mutwe gwa buli omu. Nange ngenda kutandikira oludda luli. Gwe tandikira wano okubasabira. Kale tugende.”

**Tetwasobola kubasabira mu bwangu**

Bali tebakikola bwebati mu America. Katonda yebazibwe olwa Gil eyalina obumanyirivu mu kuwerereza mu bana Semazinga wa Asia. Nayanguwa okudda ku ludda olwa ddyo, Gil nadda ku kono. Abantu bano balinga nga obunyonyi obuto nga nyina wabo abuletedde eky'okulya. Bali basindikagana nga bwe bambuka amadaala okujja ku kituuti, okutuusa lwe n'esaanga nga ntuuse ku sisenge nga bendera ya Korea embisse ne mumaaso. Twali tesusobola kubasabira mu bwangu kimala okubamalayo bonna. Wabula bwe nasaba bonna ne bagwa olw'anmaanyi ga Katonda amangi ekintu ekyazibira ababali emabega ekkubo. Luno lwe lukungaana olw'okuwonyezebwa olw'ewunyisa lwe nali mbaddemu − ate nga nali nnina okuba nga nze ndukulembera!

Nagezaako okukozesa amafuta amatono ge nali nnina, naye mu ddakiika nga taano gali gamaze okugwaamu. Kyoka nga tebafaayo. Waliwo embeera ey'okukiriza nga tebafaayo oba twali tubasabidde tutya, bo bali bamanyi nti Katonda yali wakubawonya bonna. Kye twalina okukola kwe kubakwatako oba okubakiriza okutukwataako. Twali tuyita mu kintu Yesu kye yayitamu mu Makko 3.

> N'agamba abayigirizwa be eryato ettono limubeerenga kumpi ebibiina bireme okumunyigiriza; kubanga yawonya bangi, n'okugwa abalwadde ne bamugwako bamukwateko, bonna abaali balina ebibonoobono.
>
> —MAKKO 3:9-10

---

- Ebibinja ebinene bisobola okuleeta obuzibu. Beera n'entekateeka ey'okukakanya ebibiina by'abantu.
- Bulijjo gulumizaanga era owe Katonda ekitiibwa olw'okuwonya abalwadde.
- Wewalenga omuntu yenna ayagala "Okukugulumiza" nga bakutendereza olw'ebyo ebibaddewo.

- Baibuli ebamba nti "N'omuntu akemebwa lwa kumutendereza." (Engero 27:21)

**Ekisumuluzo kyali mu kwegayirira**

Twaali tukyasabira abantu ate abakulembeze baabwe ne batukwata ku mikono ne batujjawo okututwaala ku ky'emisana. Ku ky'emisana we batubulirira nti Ekkanisa yonna ebade mu kusaba n'okusiiba nga basabira amaanyi ga Katonda okuyiibwa mu lukungaana luno. Sewuunya nnyo olw'ebyo ebyatukaawo. Byonna byasibuka mu saala ey'okwegayirira! Kino ekintu Abakorea bali bakikoledde emyaaka mingi. Obutafanagana ko ne banabwe Abamerika, bano bali bamanyi okumenyamenya enkomera ez'obutakiriza ne basembeza okubeerawo n'okuganja kwa Katonda. Twesanga bwesanzi nga twenyigidde mu mugabo gwabwe. Omutango gwali gwasasuliddwa dda – ku maviivi.

*Ababaka ba Kriso mu nsi zoona*

MU 1979, MUKAMA yatuwa okwolesebwa nze ne Sonja kwe tukola kakati. Twali tuli mu kaseera ka kusaba okw'amaanyi, Mukama nandaga enjuba egwa ku nsozi z'omubukiika kkono bwa Seattle, Washington. Mu magulu g'enjuba, nalabamu ebigambo, "Ababaka ba Kristo."

> Kyetuva tubeera ababaka mu kifo kya Kristo, Katonda ng'afaanana ng'abeegayirira mu ffe: tubeegayirira mu kifo kya Kristo mutabagane ne Katonda.
>
> —2 ABAKKOLINSO 5:20

Tuli babaka ba Kristo abalina obuyinza obw'atuweebwa wamu n'amaanyi okukola ebyo Yesu bye yakola. Nasaako omukono ku bw'obubaka bwaffe n'omusaayi gwe.

**Omutendesi waba Timoseewo**

Bwe nali nkyaali mu kw'olesebwa, Mukama nangamba nti, "Ojja kuba ontendekera ababaka, era bajja kuba nga bagenda mu nsi yonna. Wetegekere omulimu guno." Okwolesebwa okwo kwaddinganibwa nga mu buli nkungaana ze netabangamu ne mu nkungaana za FGBMFI. Ekigambo ky'obunnabi ekyo kyafuuka kyalwatu gyetuli. "Ojja kubeera atendeka ba Timoseewo. Ojja kukoma ku mawanga mangi. Wayitibwa okutegeka abatukuvu ol'wokukola omulimu gw'obuwereza. Mujja kukikolera wamu nga tiimu." Twongera okujjaguza wamu n'okwebaza Katonda olw'okukakasa

ebigambo bino okuyita mu myaaka emingi. Olwa leero tumanyidde ddala nti tuli wakati w'okwagala kwa Katonda. Era tuteekateeka kusigala mu kwo.

Nze ne Sonja twali tulina zi diguli mu by'obusubuzi naye mu kiseera we twayitibwa tewali kuffe yali atendekeddwa mu Baibuli. Twasoma buli kitabo kyonna ekyali kikwaata ku maanyi ga Katonda. Twawulira obwetaavu bw'okubeera nga Baibuli tugimanyi bulungi. Newandiisa mu tendekero lya Baibuli nga nsomamera ku baluwa, nenfuna dipulooma mu mwaaka nga gumu n'ekitundu. Emyaaka egyaddirira nenyigiranga mu buli semina y'obuwereza, ez'ekkanisa, enkugaana, kuluseedi era ne mu buli kintu kya FGBMFI ekyali wensobola okuvuga emotoka okw'etoloola Seattle. Bulijo okuwonya abalwadde kyali kitundu ku nkungaana zino.

Bwe wayitawo ebbanga fembi nze ne Sonja twageenda mu ssomero lya Regent College graduate mu Vancouver, BC., mu Canada nga eyatukubiriza yali mukulembeze wa ssomero erisomesa enzikiriza mu univesity ye Seattle. Mu kiseera kye kimu twenyigira nnyo mu Kkanisa yaffe ey'omukitundu.

Nze ne sonja twali tusomesa ekibiina ky'abakalokoka, era ne nfulibwa omusumba ku Kkanisa nga nsomea ebibiina eby'enjawulo, era nga byonna bikwaata ku kutendeka bakirirza mu buwereza. Ffembi twawerezanga buli wiiki ku kituuti nga tusabira abantu mu Kkanisa.

Twatandika okuwerereza mu makkanisa endala nyingi mu kitundu kye seattle era netutuuka ne mumambuka g'ebuvanjuba bwa USA. Twenyigira mu kubuulira engiri okwaberanga mu kibuga mwe tuli. Ebiseera ebisinga, twakulemberanga abasabi mu tiimu z'abawereza abajjanga. Okuwonyezebwa kwasibwangako nnyo essira mu nkungaana zino. Tweyongera okulaba ebyamagero nga biberawo. Twalekerawo okusamalirira Katonda bwe yawonyanga abalwadde. Twali tuvumbula omugendo gwa katonda era nga tusuubira okwongera okuwonya abalwadde. Abantu abajjanga okuwonyezebwa balina okusuubira okwawagulu ennyo okwenkanankana n'omuserikale ali mu by'awandikiba bino.

> Awo bwe yamala okwogerera ebigambo bye byonna mu bantu, n'ayingira e Kaperunawumu. Awo waaliwo omwami w'ekitongole omuddu we gwe yali ayagala ennyo yali ng'alwadde ng'agenda kufa. N'oyo bwe yawulira ebigambo bya Yesu n'atuma bakadde b'Abayudaaya gy'ali ng'amusaba okujja okulokola omuddu we. Nabo bwe bajja eri Yesu, ne bamwegayirira nnyo, ne bagamba nti Asaanidde ggwe okumukolera ekyo;kubanga ayagala eggwanga lyaffe, n'ekkuŋŋaaniro ye yalituzimbira. Awo Yesu n'agenda nabo. Awo bwe yali nga tali wala n'ennyumba, omwami oyo n'atuma mikwano gye gy'ali, ng'amugamba nti Ssebo, teweeteganya kujja, kubanga nze sisaanira ggwe kuyingira wansi wa kasolya kange: era kyenvudde

> nnema okwesaanyiza nzekka okujja gy'oli, naye yogera kigambo bugambo, n'omwana wange anaawona. Kubanga nange ndi muntu mutwalibwa, nga nnina basserikale be ntwala: bwe ŋŋamba omu nti Genda, agenda, n'omulala nti Jjangu, ajja, n'omuddu wange nti Kola kino, akola.Yesu bwe yawulira ebyo n'amwewuunya n'akyukira ebibiina ebyali bimugoberera n'agamba nti Mbagamba nti Sirabanga kukkiriza kunene nga kuno newakubadde mu Isiraeri. Awo abantu abaatumibwa bwe baakomawo mu nnyumba, ne basanga omuddu ng'awonye.
>
> —LUKKA 7:1-10

- Buli lwe tusisinkana omuntu alina okukiriza okw'amaanyi mu Yesu Kristo nga omuwonya, kiba kyangu okukiriziganya naye asobole okuwonyezebwa. Amaaso gaabwe gaba ku Kristo so si kuffe.
- Bwe tukola ekyo kyokka kye tulaba Kitaffe akola (nga Yesu bwe yakola), olwo nno tulaba kyayagala kyokolebwe. Tugenda mumaaso "okwogera ekigambo kyokka" era ne kikolebwa.
- Kitaffe bwagamba nti, "Genda, jangu, kola kino, kola kiri." gwe n'omugondera, olwo ebiragiro byo binwyezebwa amaanyi n'obuyinza bwa Katonda yenyini! Osobola okukakasa nga ebigambo n'ebiragiro byo bijja kutukirira. Okwo kwekutambulira mu kukiriza okusigukulula ensozi. Oba okolera mu kirabo eky'okukiriza ekiva mu kugondera Kitaffe ky'agamba nga owuliriza Omwoyo Omutukuvu.

**Bye twayifamu byafukakasa**

Wetwatukira wakati we myaaka gye 1980, okukiriza kwaffe mu Katonda awonya kwali kunywevu. Twalaba okuwonyezebwa okwanamaddala kungi nga tetukyasobola kukyegana nti Katonda awonya buli muntu ajja gyaali mu kukiriza. Olwo no, nga tusobola okwawula ekituufu ku kigingirire. Okukiriza kw'abantu okungi mu Katonda awonya tukusaamu ekitibwa. Naye okulaba ekituufu, twakubirizaanga abantu abakirizanga nti, "Okuwonyezebwa kwabwe kuli mumitendera," okugenda mu basawo babakebere. Bwe bakomangawo n'obubaka obulungi, olwo nga buli muntu ajjaguliza eky'amagero ekituufu. Kino kiragibwa lwaatu mu Lukka 17:

> Awo bwe yayingira mu mbuga emu ne bamusisinkana abantu kkumi abagenge, abaayimirira ewala; ne boogerera waggulu ne bagamba nti Yesu, Mukama waffe, otusaasire. Bwe yabalaba n'abagamba nti Mugende mwerage eri bakabona. Awo olwatuuka bwe baali nga

> bagenda ne balongoosebwa. Awo omu ku bo, bwe yalaba ng'awonye, n'akomawo n'atendereza Katonda n'eddoboozi ddene; 'avuunama awali ebigere bye, ng'amwebaza: era oyo yali Musamaliya. Yesu n'addamu nagamba nti Ekkumi bonna tebalongoosebbwa? naye bali omwenda bali ludda wa ebalabise abakomawo okutendereza Katonda, wabula omugenyi ono? N'amugamba nti Yimuka, ogende: okukkiriza kwo kukuwonyezza.
>
> —LUKKA 17:12-19

- Abantu abalina endwadde ez'olukonvuba si banjawulo ku bantu abalumwa omutwe. Okuwonyezebwa kwonna kwangu eri Katonda.
- Okukiriza mu Yesu nga omuwonya kye kikulu. Aba genge balaga okukiriza nga bakowoola Yesu abawonye. Banoonya Yesu abawonye.
- Nga bwe bagondera ekiragiro kya Yesu, "okugenda" ne balongosebwa mu kubo nga bagenda. Okugondera Omwoyo Omutukuvu kyatugamba kyetagisa.
- Omu yakomawo nga yebaza era nga agulumiza Katonda. Olw'okukola kino yawonyezebwa ddala kikumu ku kikumi (sikulongosebwa bulongosebwa kyokka)
- Yesu yagamba ono omu nti, "Okukiriza kwo kukuwonyeza," okwongera okuwebaza Katonda kumaririza okulaga okuwonyezebwa okubadde tekunalabika.

## Ekitiibwa kya Katonda

Okuva mu byewuunyo ebyagwangawo okutuuka mu kuwonyezebwa okwanamaddala lwali lugendo olwatutwalira amyaaka kumi. Twalaba okuwonyezebwa okwenjawulo. Okumu nga kuleeta ebibuuzo ate okundi nga kwa lwaatu. Okuwonyezebwa okulala nga kwalulango ate okundi nga kwanjawulonnyo. Sinsonga ani yali awereza oba ngeri gye bali basaba mu, twayiga amazima ga mulundi gumu amakulu. Twegendereza nnyo bulijjo okusonga ku Katonda omulungi ennyo atwaala ekitiibwa n'amatendo gonna. Tetutwaala kitiibwa kyonna ku ngeri ffe oba abalala bwe bafuna okuwonyezebwa okwenjawulo. Okwegayirira okwebanga egwanvu wamu n'okusiiba biyinza okuba nga byalina kye byakola. Naye, ensonga enkulu ey'okuwonyezebwa eri mu Katonda asasira eyetegese okuwonya bonna abesigamye ekigambo kye, okusasira kwe wamu n'ekisa ye.

**Twagenda okuvuba**

Emyaaka egiyise, omuvuzi w'ennyonyo mukwano gwange okuva mu Kkanisa yangamba nti tusobola okupangiusa ennyonyi ne tugenda eyo mu kyaalo ku nyanja mu British Colombia okuvuganya mu kuvuba. Nze (John) njagala nnyo okuvubisa amalobo era neperereza mukwano gwange omukenkufu, omusunsuzi wa Baibuli, Dr. Larry Shelton, tugabane ebisale ajje naffe. Twatika ebyaffe mu nnyonyi Cessna 170RG ne tutandika olugendo lwaffe okuva mu Snohomish, mu Washington, nga tugenda mu kyaalo ku nyanja eyitibwa Bear Lake awawumulilwa mu mambuka ga B.C., Canada. Bwe twatuuka mu bwengula, Larry yajjukiza omugoba okusigala mu fuuti enkumi taano kubanga yali mulwadde wa mutima. Okwambuka kwonna okusukka awo kwali kujja kumuletera obuzibu mu kussa, ekijja okusa akazito ku mutima gwe omunafu. Twassa ekikoowe nga wayiseewo esaawa emu n'ezigwamu bwe twamala okuzuula ekifo we twali tugenda okugwa nga tetulabye wadde ku nguudo oba ekintu kyona ekiraga enkulakulana. Twetoloola kisulo emirundi ebiri nga tulowooza bali bategede ffe baani. Baali bakutunona ku kisawe.

Twaagwa ku luguudo olubi, olwe Ttaka okumpi n'oluguudo lwe gaali y'omukka olwalekebwaawo kumpi mailo nga biri okuva mu kifo awaali ekisulo. Twalinda ne tulinda. Okutuusa, lwe twasalawo okwetikka emigugu gyaffe wamu n'ebye tugenda okuvubisa ne twessa mu ddene okuyita ku bigaali ebikadde nga twolekera ekisulo. Twali twakatambula nga ekitundu kya mailo Larry nasuula emigugu gye gyona, era n'atuula ku nsawo ye nga bwawekeera nagamba nti "Sikyasobola kweyongerayo. Bassebo mugende munanzirukira nga mutuuse." Teyakyatula naye ffe twategeera ekyali mu mutima gwe. Twakiriziganya okudda n'obuyambi.

Omwaami alongoosa ku kisulo yajja natuzuula. Yali ali nabavubuka babiri abatuuze be Canada, nga bonna bali bavuga motoka nsajja. Twaddayo okudukira Larry era ffena ne twolekera ekisulo. Abafumbo abaali badukanya ekisulo nebatugamba nti, "Lwaaki te mwatubulidde nga mutuuse?" Ko omugoba waffe nti, "Batugambye tennyonyi yetoloole wano era nga mubadde ba kutukima." Ko bali nti, "Buli nnyonyi eyitawano etwetoloola lwaki temwakozeseza ku essimu eyo mu nnyonyi yamwe?" Omugoba waffe neyetondera buli omu era nagamba nti tuli basanyuffu okubeera nga tumaze ne tutuuka wano. Larry nagamba nti "Naddala nze. Mbadde sikyasobola kuteeka kigere kirala mu maaso. Nkooye."

**Mufune namunkanga**

Wayitawo ennaku biri zokka Larry omutima ne gutandika okumuluma. Bwali budde bwa kumakya ffena we twali twetegekera okugenda okuvuba ku mugga ogw'ewala. Larry teyajja ku kyankya. Nagenda gyasula era

namusanga yenna yegolodde ku kitanda kye nga aperuuse era nga munafu nnyo. Nangamba nti "John, omutima gwange munafu. Sijja kugenda kuvuba olwa leero. Mu butuufu singa sisuuka, simanyi oba nalama oba nedda." Tuli wala nkumi na nkimi za mailo bwe tunagezaako okumuza ku nnyoni, kijja kumutirawo. Nga akozesa essimu y'ekisulo, katukyaaza yakubira eddwaliro elyatuli okumpi, nga lyesudde mailo kikumi mu ataano. Bwe yawulira obubonero, omusawo yatugamba bugambi nti, "Mulina okumuleeta wano mu bwangu. Alumbiddwa omutima." Twamaliriza kampuni y'ennyonyi epangisa helicopter etwanukudde, ennyonyi yokka eyali esobola okutuuka ku kisulo mu saawa wakiri emu. Yali eli mu kubo.

Larry yali alabika bubi. Mangu nnyo Omwoyo Omutukuvu nangamba nti, "John omanyi ekyokukola. Musabire!" N'enteeka emikono ku Larry era nentandikirawo okulagira omwoyo w'okuffa okugenda, omutima gwe guddemu okukola obulungi, era okuwonyezebwa n'obulamu okudda mu ye. Era nasaba Mukama amuwe omutima omugya. Ono mukwano gwange. Nali sigenda kuyimirira awo muleke affe. Mukyala we Vangie, ajja kuba ayagala okumanya nti twakola kyonna ekisoboka okutaasa bba. Ajja ku kutwewunya singa wakiri tetwasabira bba nga tanafa. Nagamba "amiina" ey'amaanyi netulyooka tulindirira. Ennyonyi yatuuka mu dakiika nga ana - mu taano. Sijjukira oba yali Mwoyo Omutukuvu oba kyaali kirowoozo kyange, naye natandika okukuba ebiffananyi nga nkwaata byonna ebyali bigenda mu maaso. Larry nina bye namukuba nga ali ku ndiri, ebirala nga bya basajja abaali bamusitulidde mu ntebe okumutwaala awaali helicopter ate n'ebirala nga bamuteeka mu nnyonyi. Nakuba n'ebimu nga akankana nga ennyonyi esituka. Ekigendererwa kyange kyaali kyakusobola kunyonyola Vengie singa ebintu byononeka.

## Sala panya

Eddwaliro eyaali okumpi lyaali mu mailo kikumi mu ataano. Omugoba nabuuza Larry oba yali ayagala bayite buterevu wagulu ku nsozi obuwanvu obusuka mu fuuti omutwaalo gumu oba bazetoloore, ekitu ekyaali kijja okubatwalira edakiika nga ana mu taano. Larry yagamba bugambi nti, "Yambuka ozibuuke. Simanyi budde bwenkanawa bwe nsigaza." Batuuka bulungi era Larry ne bamujja ku nnyonyi okumutwaala mu kasenge k'abayi esaawa nga satu nga zimaze okuyitawo okuva omutima we gwafunira obuzibu. Omusawo eyaliwo kyali kyamukisa nti yali ajjanjaba mitima. Nga bakola mu bwangu, basobola okumuza engulu nga wayiseewo esaawa nga bbiri. Oluvanyuma, omusawo yabagamba nti, "Larry omutima gwo gwakoseddwa nnyo. Tewandisobodde kumala banga lyomaze nga oli mulamu. Omuntu omulala mu mbeera y'emu yandikutukidde mu kkubo. Oli musajja wa mukisa." Larry namugamba nti, "Nina mukwano gwange omulokole

eyansabidde. Bwentyo bwe nasobodde okusigala nga ndi mulamu." Katonda yamala namuwa omutima omugya nga wayiseewo emyaaka esatu, bwe nebamulongoosa nebamuteekamu omutima omulala mu ddwaliro!

## Okuwonya bakigala waamu ne bakasiru

Kiyinza okulabika nga ekizibu muntandikwa okuwereza eri bakigala, bakasiru oba byonna. Twakizuula nti ensibuko y'ebimu ku bizibu binno bibeera bya mwoyo sosi kilwadde. Ekisumuluzo kiri mu kuleka Omwoyo Omutukuvu okukubikulira ekituufu. Bwe wabaawo omwoyo omubi, twayiga okusaba nga Yesu bwe yasaba mu kyawandikibwa kino ekiddako:

> Ne bamuleetera omuggavu w'amatu, atayogera bulungi, ne bamwegayirira okumussaako omukono gwe. N'amuggya mu kibiina kyama, n'amussa engalo mu matu ge, n'awanda amalusu n'amukoma ku lulimi; n'atunula waggulu mu ggulu, n'asinda n'amugamba nti Efasa, kwe kugamba nti Zibuka. Amatu ge ne gazibuka n'enkolo y'olulimi lwe n'esumulukuka n'ayogera bulungi. N'abakuutira baleme okubuulirako muntu; naye nga bwe yeeyengera okubakuutira, bwe beeyongera ennyo nnyini okukibunya. Ne bawuniikirira nnyo nnyini kitalo nga bagamba nti Byonna akoze bulungi: aggula abaggavu b'amatu, era ayogeza abasiru.
>
> —MAKKO 7:32-37

- Omwoyo Omutukuvu bwaba atukulembera, ayinza okutugamba okukola ekintu ekitali kya bulijjo. Bulijjo kola kyakugambye ne bwekiba nga sikya bulijjo.
- Kino kiyinza okuba ekitali kya bulijjo nga okuteeka olugalo lwo mu kutu kw'omuntu, okuwanda amalusu, oba okukwaata ku lulimi lwe.
- Bulijjo yogeranga eri ekizibu era okiragire okuwonyezebwa. Kola nga Yesu bwe yakola!
- Yogera eri omwoyo gwa kigala ne kasiru era ogambe ekintu ekiringa bwetiki "Zibuka mu linnya lya Yesu!" Ojja kuwangula bwonomala ogondera Omwoyo Omutukuvu.

## Omulenzi kigala ate nga kasiru awonyezebwa

Nze (Jonh) nafuna omukisa okumala wiiki mukaaga nga ndi ne Dr. A. L. Gil mu malaysia mu 1988. Namuyamba okutegeka enkungaana z'enjiri taano mu lugendo lwe. Ekyamagero ekinene ekyasooka kyaali mu kibuga kya Kuantan, ekifananako nga ekyaali mu Makko 7:32-37 kyetulabe wagulu. Ye

wamu nange twatendekanga tiimu ez'okuwonya abantu okumala ennaku satu nga olukungaana telunatandika. Mu kiro kimu oba bibiri ebyasembangayo, ebiango byasindikibwanga okwetoloora ekibuga nga tuyita yenna ayagala okuwonyezebwa ajje awone.

Emu ku tiimu zino, mwe mwaali abakyaala abakyayina babiri, abalondebwa okugenda okusabira omwana mulenzi ow'emyaaka nga munaana eyali kasiru ate nga kigala. Nnyina w'omwana yamuleeta mu maaso abakyaala bano basobole okumusabira. Omwoyo Omutukuvu mu butuufu yabalungamya, kubanga bateeka engalo zaabwe mu matu g'omwana era ne bakwaata ne kululimi lwe. Balagira amatu g'omwaana okuguka wamu n'olulimi lwe okuta. Mu dakiika ntono nnyo yali asobola okuwulira era n'okwogera. Mu bigambo bye ebyasooka mwe mwaali okumumunya nga yebaza "Yesu," mu lukyayina. Nnyina yewunya era nalokokerawo ekiro ekyo. Okuwereza babiri babiri nono ya Baibuli esangibwa mu Makko 6:

> N'ayita gy'ali ekkumi n'ababiri, n'atanula okubatuma kinnababirye; n'abawa obuyinza ku dayimooni; n'abalagira obutatwala kintu kya mu kkubo wabula omuggo gwokka; si mmere, newakubadde ensawo, newakubadde ebikomo mu nkoba zaabwe, Ne bagenda ne babuulira abantu okwenenya. Ne bagoba dayimooni mungi; ne basiiga amafuta ku balwadde bangi ne babawonya.
>
> —MAKKO 6:7-8, 12-13

- Yesu ayagala tuwereze babiri babiri. Kiba kirungi okuwereza n'omuntu nga akiriza ekintu ky'ekimu nga gwe.
- Ababiri oba n'okusingawo bwe bakiriziganya ku kintu, waberawo amaanyi mangi mu buwereza. Omu bwaba nga asaba, omulala aba awuliriza Omwoyo Omutukuvu.
- Obuyinza kumyoyo emibi bwo tubulina, kyetuva tubukozesa! Tetugendera mu maanyi oba buyinza bwaffe. Tugendera mu linnya lya Yesu lyerituwa obuyinza.
- Tambula na bitono. Katonda ajja kugabirira byonna bye twetaaga mu lugendo lwaffe.
- Tunulira ebintu nga bwe byatambula: okubulira, okwenenya, okugoba daimoni, okusiiga amafuta,olwo no owonye abalwadde
- Bulijjo tambulanga n'akacupa k'amafuta. Kino kya mwoyo era kiyamba abantu okusumulula okukiriza kwabwe basobole okuwonyezebwa.

## Ebyamagero byeyongera

Olugendo lwe Malaysia lwantwala mu nsi ey'amazima entuufu, ey'amaanyi ga Katonda agawonya. Twali babiri ffeka, naye bingi ebyatukawo. Kiyinza okuba ekizibu eri abasomi okutegeerera ddala bino bye ngenda okubabulira. Nalaba n'amaaso gange era nnina ne firimu kumi n'abiri era nga nasisinkana abantu abawonyezebwa omu kw'omu nembabuuza ebibuuzo okumala wiiki mukaaga nga tulaba amaanyi ga Katonda. Buli lukungaana lwalingamu abantu nga ebikumi bina. Nakwaata ku ntambi ebyamagero nga bikumi bisatu, abantu nga kikumi mu kyenda abalokokera ddala era ne bajjuzibwa Omwoyo Omutukuvu. Nga nze nalaba n'amaaso gange abantu bana abaliko emizimu nga basumululwa era nebaddamu okutegeera. Byonna bino nabikwaata ku katambi era ne mpandiika mu kitabo nga abantu bwe bawa obujjulizi nga bawonyezeddwa era nebasumululwa amaanyi ga Yesu Kristo.

## Eby'okubala biveeko

Yesu yagamba nti tujja kukola ebisingawo ku byeyakola. Bino twabyerabirako mu Malaysia. Ffe ababiri nga n'oluusi buli omu akola yekka, twali tulaba ebyamagero. Abakulembez be Kkanisa wamu ne tiimu ezatendekebwa okusabira abantu okuwona nga zigenda zisabira abantu. Bino lwe byatukirawo nga ebyamagero byatandise dda okulabika mu Kkanisa wonna. Twali tulaba "emirimu egisigawo" kyokka nga tetunakitegeera. Nagezaako okukwaata byonna ebyali bigenda mu maaso, nga nva kwawonyezeddwa okutuuka ku mulala nga ndabirira abasabira abalwadde nga bwe nkuba n'ebifananyi. Essanyu n'okwewuunya lyampitirirako okulaba ebyali bigenda mu maaso. Nali ndabira ddala okubeerawo kwa Katonda ayagala okuwonya abantu nga kweraga mu buliwo. Mangu ddala nga eby'amagero bikyagenda mu maaso, kyanzigiranti, vva ku by'okubala! Onyumirwe okulaba kiki Yesu kye yakola!

## Nakoowa okubala

Wakati mu wiiki ey'okutaano okubala kwanemelera. Nagezaako okubala nga mbala abantu abali ku butambi, ebifananyi wamu n'abo abaali mu kitabo be nawandiikanga. Mu kiseera ekyo kyenyini negamba nze kenyini nti, ekiro kya leero kibadde kisuffu. Abantu amakumi abiri tubalabye nga balokoka, bangi babatiziddwa mu Mwoyo Omutukuvu, ate bangi abafunye eky'amagero ky'okuwonyezebwa. Mukama yebazibwe!"

Ne leero, ntera okuddayo ku kintu kye nakolanga nga ngezaako okuwandiika ani afunye era kiki kyafunnye. Omwoyo Omutukuvu atera okunzijjukiza nti ogwo mulimu gwe. Angamba nti, "Vva ku byokubala okole bukozi ekyo Yesu kyeyakola. Nze mbabala. Tujja kubiyitamu ekkondere ely'oluvanyuma bwe lirivuga."

BINO BY'OGENDA OKUSOMA bikikirira ebyo ebintu ebikyeyongera okubaawo mu buwereza bwaffe. Tetukoowanga kwewuunya era n'okusanyuka nga Katonda asazeewo okubiyingiramu n'awonya omuntu. Tuyayana entakera nti abasumba abarala wamu n'abakulembeze banalaba bye tulaba, naddala mu America. Mu kukyamukiira kwaffe, tutera okubawa obujjulizi ku by'amagero eby'ewunyisa ebibaddewo mu naku ezakayitawo. Betubulira batwekaliriza, bwe bamwenyaamu katono, nga bagala okukiriza, naye nga balinga abagamba nti tusavuwaza nyo obujjulizi. Oluusi batuleetera okwesalira omusango olw'okuwa obujjulizi ku bintu ebingi Mukama byakola. Abakirirza, ekitabo ky'ebikolwa by'Abatume tekinaggywa! Okuwonyezebwa n'ebyamagero bingi nnyo ennaku zino n'okusinga bwe kyaali mu kitabo ky'ebikolwa by'Abatume ekiwandiike. Tusubira nti obujjulizi obuddako bujja kuyimusa okukiriza kwo.

## Omuvuzi wa bikipiki awonyezebwa

Gyebuvuddeko, twakola essomo ku kuwulira eddoboozi lya Katonda era n'okuwonya abalwadde. Omuvuzi wa pikipiki yajja mu ssomo lino era nayanukula okuyitibwa okujja okuwonyezebwa. Yagamba nti omubiri gwali gumuluma okuva emotoka bwe yamutomera nga ali ku pikipiki ye. Era yagamba nti yali takyasobola kussa bulungi olw'embirizi ezabetentebwa ate nga yali afuweeta nnyo sigala. Bwe yabuzibwa kiki kyayagala Katonda asooke okuwonya, yagamba bugambi nti, "Mpone byonna olwa leero!" Bwe tuwulira okwanukula bwekutyo mu bwangu tutandikirawo okusaba. John yamukwata ku kifuba era nalagira okuwonyezebwa okubeerawo mu Linnya lya Yesu Kristo. Oluvanyuma John yamugamba nti, "Sika omukka." Nakikola. Yali takikiriza nti asobola kati okusa n'okusinga bwe yali ate nga takyawulira bulumi bwonna. Mangu nnyo yatandika okubulira abalala ku ngeri Katonda gye yamuwonyezaamu era natandika okubulira enjiri buli muntu yenna eyali asobola okumuwuliriza. Twakubira omusumba we nga wayiseewo omwezi gumu ne tumubuuza omuvuzi wa pikipki waffe ky'aliko kati. Omusumba natukakasa nti yawonyezebwa ddala era akyabulira enjiri eri buli muntu amutegera amatu.

## Omusubuuzi atandika okulekaana

Lumu (Sonja) nali ntudde mu ofiisi omu ku bakozi bange najja ayingira nga awenyera. Namukubako limu nemanya nti yali ali mu bulumi bungi. Nangamba nti, "Sonja, nina ebinfumita mu mugongo, era ngenda kulaba musawo." Namulaga nti nfaayo era nemubuuza oba yali yetaaga omuntu okumuvuga okumutwaala okusisinkana omusawo. Yanebaza, naye

nankakasa nti yali ajja kusobola era nakyuuka okugenda. Bwe yali afuluma omugongo ne gumubaluka, era natandika okulekaana olw'obulumi obungi.

Abamyuuka bonna bali baliranaganye mu lukuubo lumu, era nga offiisi zaffe zalina ebisenge nga bya ndabirwaamu. Mukozi munange bwe yatandika okuwogana, amaaso goona ne bagamuygeka.

**Kyokoze kiyitirivu!**

Nabuuka okuva kuntebe nenziruka okumusisisnkana kuba nali ndowooza ayinza n'okuzirika. Bwe namutukako, namugambirawo siyina kyemanyi kye nyinza kumukolera okujjako okumusabira. Yawogana buwoganyi nti, "Kyoona ekisoboka kyooba okola!" Nateeka emikono gyange ku mugongo gwe era nendagira ebinywa okukakana n'obulumi okugenda, mu Linnya lya Yesu. Ate nemugamba nti wali ombuuza ku ky'okwogera ennimi gyebuvuddeko era ngenda kusaba bwentyo ne kakati." Era naddamu ekintu kyekimu, "Kyoona ekyetagisa kyooba okola!" Natakabanira akaseera katono nnyo mu nnimi, olwo natandika okwegolola − obulumi nga bugenze! Nga akyuuka mpola mpola amaaso gabula okumubuuka mu kiwanga nga bwagamba nti, "Kyokoze kiyitirivu!" Nange nemugamba nti mpereza Katonda omusuffu! Bwe ngenda okutunula ebweeru wa offiisi, nga ndaba amaaso agawunikiridde wamu n'obumwenyu mwenyu ku ngeri gyenkola mu "obujjanjabi obusooka."

Mukozi munange ono wamu ne mukyala we n'omwaana wabwe batandika okusabira ku emu ku Kkanisa eyabali okumpi. Omusumba mbu teyabulira nabubaka busikiriza abantu okulokoka, naye mu myeezi ejjadirira nasobola okukakasa okulokoka kw'omwami ono okusinziira ku bibuuzo bye yali abuuza. Mpulira essanyu!

Lumu ku makya yafubitika offiisi yange nambuuza oba nali nsobola okumuwaayo akadakiika. Era nakikola, nambulira nga muwala we bwe yabadde affa omusujja ekiro eky'ayise era babadde bamuyolayoola kumutwala mu kisenge ky'abayi mu ddwaliro. Mangu nnyo najjukira engeri gye namusabiramu. (Kakati jjukira nti ono yali tayigirizibwangako ku Katonda awonya—kye yali yalabako kyekyo ekyamutukako mu offiisi ku lunaku luli). Yangamba yasitula muwalawe mu ngalo namugamba nti alowooza Yesu ayagala ku muwonya. Yali ayigirizibwa ku Yesu mu Kkanisa y'abaana abato era mu kukiriza kwe okw'ekito nakiriziganya ne kitaawe. Yangamba mbu yawoggana nti, "Omusujja genda!" olwo nalyooka ajjukira nti nagamba mu "Linnya lya Yesu," era n'ekyo nakyongerako mu saala ye eyava ku ntobo y'omutima gwe. Amaaso ge gaali gajja ebiyengeyenge nga bwannyonyola engeri omusujja bwe gwawonye, omwaana nawona, era embeera nedda mu nteeko ku makya okwo.

Obulokole obutuufu obulaga amaanyi ga Katonda mu bulamu bwaffe obwa bulijjo bukoma ku bantu. Kirina kuba kya bulijjo okulaba abantu nga bawonyezebwa wona we webetagira mungeri esembeza abantu eri okulooka wamu n'ebirabo eby'okuwonyezebwa mu bulamu bwabwe.

## Omukyala awona kokolo w'anabaana

Ku Sande emu omukyala yajja ye tuli nga twakamala savisi sooka ey'okumakya. Abasawo bali bamaze okukamutema nti alina kansa era nga enkeera yali agenda okusisinkana omusawo atandike okujjanjabibwa. Bino byoona byaali bimutiisiza okukamala. Twasaba esaala enyangu ne tukolimira kokolo era netulagira obulamu okudda mu mubiri gwe mu linnya lya Yesu. Yalabika nga awewedde era nagenda nga musanyufu. Nga wayiseewo emyeezi mitono yajja gyetuli n'amawulire amalungi nti yali awonyezeddwa. Wali tewakyaali kabonero kona kalaga kokolo era nakulongosebwa tekwaliyo! Netujjaguliza wamu naye.

## Lwaaki buli muntu tawona?

Bwe twali tugenda okulya ku Sande eyo, twaali basanyufu nnyo ku lwa mukwano gwaffe eyali awonyezeddwa, kyokka ate ne twewunaganya nate ku kyaama ekiri mu kuwonyezebwa. Nga bwe twayogera mu suula esooka, eby'okuddamu byonna tetubilina. Tumani ekintukimu nti ffe tulina kusaba ebilara ne tubilekera Katonda.

Gye buvuddeko katono mukwano gwaffe kokolo yamutta. Twaali tusabye era ne twegayirira ku lulwe ne bba okumala emyaaka ena. Kyokka yamaliriza agenze okuba ne Yesu. Enkeera, nabuuza Mukama ku kuffa kwa mukwano gwange. Era nempandiika ebirowoozo byoona mu katabo kange bwenti: "Sonja, gwe ne mukwano gwange, Nina mwalwaana olulwaana olulungi, era asembezebbwa mu kitiibwa buli kibuuzo kyoona we kyanukuliddwa; era okubusabuusa kwoona nekugwaawo. Buli kintu kyoona mazima ddala buli kintu kyoona, kati kikola amakulu gyaali. Kakati mwe abakyaali mu bulamu buno, mulina kuwumulira mu bwesigwa bwange era mumanye nti olunaku lulijja byoona lwe bilikolera amakulu gyemuli namwe."

## Okuwonyezebwa okuva mu kisa kya Katonda afuga byoona

Katonda asigala ye nanyini buyinza bwoona. Ye yasalawo era asobola okukola eky'amagero n'awonya omuntu nga tewali muntu yenna abyenyigiddemu. Ekyo kye tuyita "okuwonyezebwa okuva mu kisakye ye." Oba oli awo omuntu abadde omulwadde bwe yesiga Katonda, nasaba wesanga munange, awonyezebwa! Singa kale Katonda ayongera okukola bwatyo emirundi egiwera. Naye ate ekitabo kino kyandibadde tekyetagibwa. Amazima gali nti Katonda ataddewo ekubo okuyita mu mubiri gwe, Omwoyo Omutukuvu nga atuyambako, okuwonya abo bonna abajjja gyaali mu

kukiriza. Tasobola busobozi kutuwonya kyooka; n'okwagala ayagala okukikola. Tutakabana mu kusaba n'okutegeera kwoona wamu n'okulungamizibwa kwetusobola eb'sigadde ne tubileka mu mikono gya Katonda omwagalwa era ow'ekisa.

### Ate bwe batawonyezebwa

Katonda ye mu magezi ge agataliiko komo alina eky'okudibwaamu eri abo abatawonyezeddwa. Kino kisigala kyakubuzabuzibwa eri omuwereza omwesigwa abulira nti Yesu Kristo ye muwonya. Obumanyirivu bwaffe bulaga nti si buli omu nti awonna. Bangi bawonyezebwa naye si bonna. Tulina okukyukira bulijjo eri oyo eyagamba eggwanga lya isiraeri era naffe nti:

> "N'akaabira Mukama; Mukama n'amulaga omuti, n'agusuula mu mazzi, amazzi ne gafuuka amalungi. Awo we yabalagirira etteeka n'e mpisa, n'abakemera awo; n'ayogera nti Oba nga oliwulira nnyo eddoboozi lya Mukama Katonda wo, n'okola obutuukirivu mu maaso ge, n'owulira amateeka ge, n'okwata by'alagira byonna, sirikuteekako ggwe endwadde zonna ze nnateeka ku Bamisiri: kubanga nze Mukama akuwonya."
>
> —OKUVA 15:25-26

Bwe twekeneenya Katonda mu ndagaano enkadde, waliwo embeera eyetoloola Katonda awonya. Yesu Kristo agulawo endagaano empya n'ebisubizo ebisuffu, ekimu ku byo nga kwe kuwonyezebwa. Ye Katonda y'omu ayinza byoona mu ndagaano zombi. Tulina okwesigama ku kisakye sosi ku kwagala kwaffe, amaanyi, oba enkola. Baibuli egamba:

> Kale tunaayogera tutya? Obutali butuukirivu buli eri Katonda? Kitalo. Kubanga agamba Musa nti Ndisaasira gwe ndisaasira, gwe ndikwatirwa ekisa gwe ndikwatirwa ekisa. Kale bwe kityo si ky'oyo ayagala newakubadde addukana, wabula kya Katonda asaasira.
>
> —ABARUUMI 9:14-16

Bwe tutayogera ku nnono ya Baibuli eno ekwaata ku Katonda ayagala abantu be era nga kunkomerero yasalawo ani awonyezebwa oba atawona era atawonyezebwa. Tusabira abalwadde, si lwakuba nga atukakasiza nti ajja kubawonya; tusaba kubanga yagamba ayagala okukikola! Enkomerero ya byonna ne tugimulekera ye.

### Omukazi omuzibe w'amaaso awonyezebwa

Twaali n'abantu ab'ekika kya Lahu mu mambuka ga Thailand nga tuyigiriza ku Katonda awonya. Nga tumaze okuyigiiza, ne wabaawo eyakulembera omukazi omukadde okujja ku kituuti okusabirwa. Omu ku baali

ku tiimu yaffe Steven Darrow, eyalina kampuni ennene ey'ebikozsebwa ku kompyuuta mu mambuka g'obuvanjuba. Ye ne mukyala we Dorinda bali babadde mu kutendekebwa kwaffe, era nga baali bajjudde okukiriza. Steven n'omu ku ba minsani okuva mu ggwanga lya Australia ne batandika okusabira omukazi ono. Mu banga tono ddala, yatandika okutunula tunula nga yewuunya kuba yali atandise okulaba. Ekyamagero kino ekirabikako kyaletawo akakyankalano ku kyaalo. Nga wayise ennaku bbiri, omusamize najja mu lukungaana. Yali awulidde ku bintu eby'ewunyisa ebyaali biberawo. (ebyamutukaako tuby'ogerako mu suula ey'omukaaga) ekintu ekya tusanyusa ennyo kwe kulaba omusubuzi nga ali mu kuwonya bantu. Twayitibwa kukola Yesu kye yakola!

**Omukazi eyalemala okuva mu butto yatambula.**

Mukyala Steven Dorinda yali atya nnyo okuwereza eri abalwadde lwe yasooka okujja mu Thailand. Naye ekirabo eky'okukiriza ne kijja kimukako, naba nga takyaatya! Omukyaala yaletebwa eyali yalemala okuva mu butobwe. Amagulu ge gaali galengejja, era nga gatunula mabega, buli lwe bamuwaniriranga. Dorinda n'omuntu omulala eyali ku tiimu yaffe, Kathy Knox, badduka okusisinkana omukazi ono, ne bamujja ku abo abaali bamuwaniridde olwo bo ne batandika okuwereza gyaali. Ekirabo ky'okukiriza kyeragira mu Dorinda mu ngeri gye yali alangirira mu linnya lya Yesu okuwona wamu n'amaanyi okweraga mu linnya lya Yesu. Ekyamagero eky'obutonzi kyaali kyetagibwa, era nga bo bakiriza bakukifuna!

Ekyewunyiisa ennyo banakyaalo kwe kulaba nga omukazi atandise okufuna amaanyi mu magulu, amagulu ne gakyuuka okutunula mu maaso, era natandika okukuba enta nga bwayambibwaako akatonotono. Mangu ddala Dorinda yamukulembeera enta eziwera era natandika okumuwenya nga bwonowagira omwaana eyakayiga okutambula. Natanula ebigere okutuuka lwe yatuuka eri Dorinda. Kwaali kuwonyezebwa okwewunyisa ei omukyaala ate ekintu kye tutalyelabira ffena.

**Abatuuze bakasangwaawo aba America bayiga okuwonya abalwadde**

Gyebuvuddeko, twasabibwa okuyamba ku Dr. A. L. Gill mu kutekateka kurusedi ku Rose Bud Reservation mission ekiri mu maserengeta ga Dakota mu Buyindi. Twamala enaku eziwera nga tuyigiriza abakiriza engeri y'okuwonyaamu abalwadde. Begezesezaako mu masomo agawera, era abo abaali betaaga okuwonyezebwa ne bawona. Ekyo kyasikuula okukiriza mu balala, era ne betegeka okuwereza olunaku lwa kurusade olusooka.

Nga okubulira kuwedde, abantu basembera mu maaso okuwonyezebwa era John yalina abantu baffe kinababirye abetegese

okuwereza. Kyali kya sanyu okulaba abantu abaali tebasabiranga ku bantu okulaba nga bakikola kati ate nga n'abantu bawona.

### Omulaalo awonyezebwa ekibegabega

Musajja mukulu, omulaalo yajja okuwonyezebwa. Omusawo yali yamugamba nti egumba ly'ekibegabega kye lye lyamenyeka. Yali mu bulumi bungi era nga takyasobola kukola mirimu gye. Nga okusaba kuwedde, yali asobola okutambuza obulungi ekibegabega kye, era nga musanyufu okukamala.

Olweggulo olwaddirira nze (Sonja) nali mbuuza ku bantu abaali bajja. Nenengera omulaalo oli, nemubuuza ekibegabega kye bwe kiri. Nangamba nti yali akoze olunaku olwo lwonna era nga yali awulira bulungi. Nemubuuza oba nga yali asobola okubulira abantu kiki ekyamutuseeko.

### Ekintu bwe kiti nali sikikolangako

Nalaba okutya ku maaso ge kwesilabangako kasita yalowooza ku kukwaata akazindaalo ku kituuti awe obujjulizi nti yawonyezeddwa. "Bambi nedda maama. ekintu bwekityo sikikolangako. Sisobola!" Nemunyonyola nti oba oli awo kinayamba n'abalala okusitula okukiriza kwaabwe nabo nebawonyezebwa. Yali mwaami mwetowaze era nga yali ayagala nnyo Mukama, n'olwekyo namumatiza.

Nga okubuliira tekunatandika akawungeezi ako, twafuna abantu abawera abaawa obujjulizi bw'okuwonyezebwa kwe baafunye. Akaseera k'omwaami omulaalo bwe katuuka kasajja katu ne koogera nti, "Manyi namwe mulinganze bwe mulaba okuwonyezebwa ku Ttivi, ne mwewuunya oba biba bya ddala oba nedda. Naye nze ekibegabega kyange kyawonyezeddwa eggulo – eggumba lyange lyaali lyamenyeka, ate sibawudiisa." Abantu bonna nebakuba emizira. Bonna ono omwaami omukakamu eyali awa obujjulizi bw'okuwonyezebwa bwe bamusabidde balilanwa be baali bamumanyi.

### Omwaana eyali atiriika omusaayi olwa namusuna awonyezebwa

Mu Kkanisa ffe tukulira okutendeka abantu ku nkungaana z'omumaka, era tutera okukyaalira abantu okulaba enkungaana ezo bwe zitambula. Gye buvuddeko twategeera ku kuwonyezebwa okwatukaawo mu zimu ku nkungaana ezo bwe baali basaba.

Omukyaala yalina akaana akabalagavu akali kalina emyaaka nga ebiri era nga kali kajja omusaayi okuva mu butulututu, olw'olusuusu lwaako olwaali lulwadde namusuna. Omwaana eddagala lyonna lyaali ligaanye okumukolako, era nga n'abasawo bibasobedde. Kyoka nga obulwadde bweyongera byeyongezi. Twasaba mpola esaala era netulagira

okuwonyezebwa okujja eri omubiri gw'omwaana. Okuva ku saawa eyo yenyini omwaana yatandikirawo okuwonyezebwa era nga teyaddamu kulwaala. Yesu ye muwonya waffe!

### Wewaawo, nawe osobola okuwonya abalwadde!

Tusuubira nti ngabwosoma ebintu bino, okukiriza kwo kunasikuulwa osobole okuwonya abantu nga abantu betubadde tukubuulirako bwebakola. Kirabika, wetaaga kutandika kukikola nga oli wamu n'abantu abanyi nti Katonda ayagala nnyo okukukozesa. Okuyiga okuwonya abalwadde kyetaaisa okubikulirwa entakera kiki Yesu kyeyasubiiza buli omu ku bakiriza be. Abo abewaddeyo eri okubatizibwa n'Omwoyo Omutukuvu betaaga bwe taazi kutandika kusumulula birabo byaabwe ebyokuwonya buli wonna wekyetaagisa.

### "Birabo" sosi "kirabo"

Omukiriza bwafuna ekirabo eky'Omwoyo Omutukuvu, ebirabo (kuba bingi) eby'okuwonya mangu nnyo biba webiri okusumululwa okusobola okuwonya. Ebirabo ebilara nabyo biba webiri eri abo ababyetaaga. Nga ogaseeko okutendekeddwa okutono tono, abakiriza basobola okutambulira mu birabo nga Omwoyo Omutukuvu bwaba ayagadde mu buli mbeera. Omukiriza bwasalawo okutwaala ekigere eky'okukiriza n'atandika okusabira abalwadde, Omwoyo Omutukuvu abeerawo okumaliriza obuwereza. Omwoyo Omutukuvu agaba ebirabo nga ye bwaba ayagadde mu bukulu bwe nga ye. Kino kisuubizibwa mu 1 Abakkolinso 12:

> Naye buli muntu aweebwa okulagibwa kw'Omwoyo olw'okugasa… omulala okukkiriza, ku bw'Omwoyo oyo; n'omulala ebirabo eby'okuwonyanga, ku bw'Omwoyo omu…naye ebyo byonna Omwoyo oyo omu ye abikola, ng'agabira buli muntu kinnoomu nga ye bw'ayagala.
>
> —1 ABAKKOLINSO 12:7, 9, 11

---

Omwoyo Omutukuvu bwalaga nti ayagala okutandika okuwonya abantu, ebirabo eby'okuwonya bibeera byatandise dda okugabibwaba.

---

Wetegereze: ebirabo eby'okuwonya tebiri kirabo kimu eky'amaanyi ekiweebwa abantu abenjawulo.

---

Ebirabo eby'okuwonya webiri eri buli muntu ayagala okukiriza okuweebwa, nayimirira mu kukiriza, era natandika okusabira abalwadde.

---

Tewali yo bawereza "banjawulo" abalina amawulire "agenjawulo" ag'abalondemu—newankubadde nga ababulizi b'oku Ttivi abamu bagala okukukirizisa nga bawakanya kino. Eby'awandikibwa by'alwatu eri buli mukiriza yenna okusoma n'okukiriza ebyo eby'asubizibwa. Yesu yasubiza nti buli mukiriza asobola okusabira abalwadde era nakiriza Katonda okubawonya. Nga tumaliriza esuula eno era tugende ku kuwulira eddoboozi lya Katonda, tukusabira nti onoova mu kubusabuusa wamu n'okutya otuuke ku kukola ebyo Yesu byeyagamba nti ojja kubikola. Yasubiza. N'olwekyo ajja kukuyamba okukikola.

*Leka tuteeke munkola*

- *Yakobo 1:22 agamba tukole ebyo byetuwulidde (byetusomye).*
- *Lowooza ku kukola ebyo ebisembeddwa mu suula eno nga osinziira ku katundu ka "leka tuteeke munkola" akali mu katundu akasembayo B.*
- *Kola eky'okukola ky'obuwereza ekiwereddwa mu, "Kuyiga okuwonya abalwadde."*

# *4. Okubangulwa mubuwereza okw'okuna*

## Okuwulira eddoboozi lya Katonda

Yesu yagamba nti abayigirizwa ababe bawulira eddoboozi lye. Omukiriza eyabatizibwa n'Omwoyo abeera mu nkolagana wamu n'Omwoyo Omutukuvu era y'asokerwaako okuwulira buterevu okuva eri Katonda. Mu suula eno, tujja kwekebejja Baibuli kyeyogera wamu n'abantu abawulira eddoboozi lya Katonda. Tujja kuyiga okuwulira okuva eri Katonda era tukole ekyo ky'atugamba okukola.

Okuwulira eddoboozi lya Katonda kye kintu ekisinga okusanyusa. Ye ya'manyi engeri y'okutukwatamu omubabiro. Atwewunyisa. Ayogera mu ngeri ezitasuubirwa, ezitateberezebwa, nga tulina kutegeera kutegeezi nti ye Yye. Newankubadde nga tekinyonyolekeka era nga kizibu okukikakasa abalala, munda muli tuba tumanyi nti tuwulira okuva eri Omwoyo Omutukuvu. Bwe twazalibwa Omwoyo twaweebwa "amatu okuwulira." Tusobola okuwulira kiki Omwoyo kyagamba Ekkanisa. Abalokole bakyeyongera okuwulira eddoboozi lya Katonda mu ngeri ez'enjawulo. Okuwulira buterevu oba nedda siyensonga ekikulu kiri nti eddoboozi lya Katonda liwulirwa. Ayogera okuyita mu Kigambo kye, okuyita mu bubaka obubulirwa, abalokole abalala, obunabbi, ebitabo, obutambi, ennyimba ez'abalokole era n'okuyita mu makubo ag'empuliziganya ez'emitimbagano. Tuteseteese esuula eno eri okuwulira okuva eri Katonda mu ngeri yo gwe nga omuntu sekinoomu. Esiira tujja kulisa ku kuwulira Omwoyo Omutukuvu ku lulwo. Yesu agamba nti:

> Endiga zange ziwulira eddoboozi lyange, nange nzimanyi, era nazo zingoberera.
>
> - Yokaana 10:27

> Buli owamazima awulira eddoboozi lyange
>
> - YOKAANA 18:37

> Era nnina n'endiga endala ezitali za mu kisibo kino: nazo kiŋŋwanira okuzireeta, ziriwulira eddoboozi lyange; era ziriba ekisibo kimu, omusumba omu.
>
> - YOKAANA 10:16

Katonda ayogera naffe. Okuwulira eddoboozi lye kye kintu ekyenkizo ennyo ekiweebwa abo abakiriza. Si nsonga kitute banga ki, tulina okuvumbula engeri gye tuyinza okuwuliramu ddala eddoboozo lya Katonda era olwo tugondere ekyo kyatugamba okukola.

## Tulina okuwulira eddoboozi lye ate era tukole ekyo ky'atugamba okukola

Ekintu ekisinga obukulu mu kukola ebyo Yesu bye yakola kwe kuwulira ye n'okukola ekyo kyagamba. Abawereza bwe baba banoonya ekisumuluzo eky'obuwereza obulimu ebibala, ekisumuluzo ekyo kye kino. Engeri esinga okukola mu ngeri y'okusisinkanamu eby'etaago by'abo abatwetolodde kwe kusaba Katonda atubuulire ekyetaago kyenyini kye kiruwa era atubuulire n'ekyokukola. Bwati Yesu bwe yakikolanga. Nga bwe twagambye mu kwanjula, Yokaana 5:19-20 gwe musingi omukulu mu kitabo kino. Tukiriza nti ekyaama kya Yesu mu buwereza bw'okuwonya wamu n'okusumulula abantu nebafuna eddembe kyaali lwakuba nti buli kintu kyona Yesu yakikolanga amaze kukibikulirwa.

> Awo Yesu n'addamu n'abagamba nti Ddala ddala mbagamba nti Omwana tayinza yekka kukola kintu, bw'atalabira ku Kitaawe ng'akola: kubanga ye by'akola byonna, n'Omwana by'akola bw'atyo. Kubanga Kitange ayagala Omwana, amulaga byonna by'akola yennyini; era alimulaga emirimu eminene egisinga egyo mmwe mwewuunye.
>
> - YOKAANA 5:19-20

Katonda amanyi ensibuko ya buli kizibu ky'omuntu era n'engeri gye batuukamu mu mbeera eyo. Oba nga kiri ku mubiri, mu birowoozo, oba mu mwoyo, Katonda byona abimanyi era yalina n'ekyokudamu eri buli ky'etaago kya buli muntu. Bwe tugenda gyaali mu mazima, ne tumukowoola atwanukule, Katonda takoma ku kuwuliriza kyokka wabula ayinza n'okutulaga eddagala lyakyo.

> Nakukoowoola ggwe, ai Mukama; Nayogera nti Ggwe oli kiddukiro kyange, Omugabo gwange mu nsi ey'abalamu. Owulire okukaaba kwange; kubanga njeezebwa nnyo: Omponye eri abo abanjigganya; kubanga bansinga amaanyi.
>
> - ZABUULI 142:5-6

> Oba nga kirungi oba nga kibi, tuligondera eddoboozi lya Mukama Katonda waffe gye tukutuma; tulyoke tubenga bulungi bwe tugondera eddoboozi lya Mukama Katonda waffe.
>
> - YEREMIYA 42:6

Twetaaga okuwulira okuva eri Katonda nga kyanatugamba si ye nsonga. Tujja kuwulira abigambo bye mu ngeri yonna gyayagala okubitubulira. Nga omuto Samwiri, Mukama tumugamba nti, "Yogera gwe ayi Mukama, omuddu wo awulira" (1 Samwiri 3:10). Abo abasasudde omutango era ne bewaayo okwekwasisa empisa okuwulira okuva eri Katonda, ekyokuddamu kijja kujja. Wabula eri abakiriza abasinga obungi, kiba kizibu okuwulira eddoboozi lya Katonda ku lwabwe. Ekigendererwa ky'esuula eno kwe kuyamba abo abayayana okuwulirira ddala okuva eri Katonda yennyini.

## *John ayiga okuwulira okuva eri Katonda*

### Baali balabika nga "abeelarikiriza"

Omulundi ogwasokeera ddala nze (John) bwe nawulira omulokole nga agamba nti "Katonda ayogera nange," nalowolezaawo nti yali alimu akazoole. Kuba mazima nali nina diguli mu by'obusubizi. Singa wali osobola okukinkakasa nga okozesa sayansi, kale, naye togezaako kumatiza na bintu byesitegeera. Gyendi nga okuwulira okuva eri Katonda atalabika nakulabika kyali kizibu nnyo nze okukitegeera. Nali nakalokoka era nga njagala byonna Katonda byeyali antegekedde, naye bino byonna byaali bipya gyendi. Nali nekengera nnyo abantu abagamba nga nti bogera ne Katonda. Nga bandabikira okuba "abatiisa" mu kiseera ekyo. Nali njagala Katonda ayogere nange mu ngeri ey'amazima – ekintu kyensobola okukakasa sosi ebintu ebitaliimu nsa.

Kale nno nendyooka nsaba, "*Katonda yogera nange nga bwokola nabano abalokole abalala. Nange ndi emu ku ndiga zo. Njagala okuwulira eddoboozi lyo. Kale nno yogera nange.*" Sadibwaamu. Nagezaako okuwulira nga kasilikiliro kerere. Nga wayiseewo emyeezi nga giigyo, natandika okulowooza nti bano abantu baali be bayibwaako amafuta. Balina okuba nga ba mwoyo nnyo okubeera n'enkizo okuwulira eddoboozi lya Katonda. Nakizuula luvanyuma nti buli mulokole asobola okuwulira addoboozi lya Katonda. Twali tulina kuyiga buyizi tutya bwe tuliwulira. Twaali tulina okwekwasisa empisa ezitusobozesa okuwulira.

Navumbula engeri y'okuwulira mu nga ogondera eby'awandikibwa ebinankulembera okutuuka ebuziba mu nkolagana yo ne Katonda. Newankubadde nga kyaali kya kutwaala myaaka okukikakasa, nali nina obulamu bwange obusigadde okukikolako. Nanoonya abakulembeze abalokole abaali batambudde olugendo olwo obulungi. Oba oli awo nga bananungamya okutuuka wempulilira. Nja ku totola ebinadilira nga nsinziira ku ngeri gye nali ndabamu ebintu nga omuntu eyakalokoka.

**Bye nayitamu byaali byewunyisa.**

Olukungaana lwe nasooka okugendamu lwali lwa malya ga byamisana okumpi ne njegoyego z'ekibuga Seattle. Kyaali kyewunyisa. Basaba abagenyi okusituka beyanjule. Ekyo kyaali kyangu. Ekyaddirira kyali tekisuubirwa. Nga maze okubabulira erinnya lyange ne kye nali nkola nga omusubuzi, ne bambuuza ebbanga lye maze nga ndi mulokole. Nembagamba nti "sabiiti nga emu." newuunya okulaba nti abantu bonna bakuba emizira. Nange namweenya mpola era n'okutuula nentuula nga bwe nebuuza biki bye neyingizaamu. Olwo nebatandika okuyimba ennyimba ze nali simanyi wabula si ekyo kyokka naye buli omu nayimusa emikono gye n'okuzibiriza nazibiriza. Olwo nebatandiika okumumuunya ebintu bonna wamu okutuusa omwaami eyandi ku ddyo lye yatandika okwogera nga awulikika nga edoboozi ly'enkerebwe. Nga alinga emundu seruwandula masasi n'edoboozi eryaasa amatu, yayogera ebigambo ebitategerekeka. Buli omu emikono gyamuli wagulu nga awuliriza. Akasirikiriro ne kaddamu. Byaali bya ngeri geri.

**Bwaati bwayogera Mukama.**

Mangu ago, okuva oludda luli omusajja omunenenene omuyudaaya kye yava agamba nti, "Bwaati bwayogera Mukama." obubaka obwaddirira bwali bwange. Awo wonna okutuusa weyayogerera nali nayagadde dda okufuluma. Wabula bwe yamaliriza, nategeera ebigambo ebyo era nempulira bulungi. Nentadika okwagala okusigala mpulire n'ebirala. Mazima yalinga omwogezi wa Katonda. Nali sitegeera nzirukanya ya lukungaana lunno, naye nategeera nga omusajja ono yali mu ngeri emu oba endala awulidde Katonda kyagambye era nga alombojja ebyo by'awulidde. Bwe wayitawo ekiseera banyanjula eri omusajja ono. Erinnya lye lyaali ye Larry Ahadeff. Yalabika nga yali amusajja wa mpisa, ayaniriza abantu era nga si wangeri geri nakatono. Ekyo kyaliwo nga ye ne banne tebanatandika kungwa mu kifuba (ewaffe kizibu nnyo abantu okuggwa mu kifuba). Ekyo kyaali kinzibuwalira nnyo okukola. Baali bangamba newale abasajja bwebati.

Navaayo okudda ku mulimu nga nzenna mbugaanye essanyu. Ebyaali bituseewo nali sibitegeera. Kye nali mannyi kyaali nti Larry yawulidde eddoboozi lya Katonda era natubuulira Katonda kye yatugambye. Munda munze nali mpereddwa omukisa, newankubadde nga nali nkyalina obuzibu

okunyonyola kiki ekyaali kituseewo. Nayagala nnyo okuddayo mu nkungaana zaabwe mannye kiki ekilala kye baali bamanyi ku Katonda nadala engeri gye nali nsobola okuwuliramu eddoboozi lya Katonda. Nakizuula luvanyuma nti nali mpulidde ekirabo eky'okwogera mu nnimi wamu n'ekirabo kine waakyo eky'okuzivunuula nga bwe ky'ogerwaako mu 1 Abakkolinso 12. kino kyatandika olugendo lwange okutuuka ku Katonda ayogera eri abantu be.

> Naye buli muntu aweebwa okulagibwa kw'Omwoyo olw'okugasa. Kubanga omulala Omwoyo amuweesa ekigambo eky'amagezi; n'omulala aweebwa ekigambo eky'okutegeeranga, ku bw'Omwoyo oyo: omulala okukkiriza, ku bw'Omwoyo oyo; n'omulala ebirabo eby'okuwonyanga, ku bw'Omwoyo omu; n'omulala okukolanga eby'amagero; n'omulala okubuuliranga; n'omulala okwawulanga emyoyo: omulala engeri z'ennimi; n'omulala okuvvuunuzanga ennimi: naye ebyo byonna Omwoyo oyo omu ye abikola, ng'agabira buli muntu kinnoomu nga ye bw'ayagala.
>
> - ABAKKOLINSO 12:7-11

Omwoyo Omutukuvu agaba ebirabo eby'obwakatonda buli abalokole lwe bakungaana. Tulina okusigala nga tulindiridde okufuna oba okuwa ebigambo ebilumiliziddwa okuva eri Omwoyo Omutukuvu.

## Essomero ly'okugezaako nga bw'ebikulema

Natandika okukula mu ngeri gye ntegeeramu Baibuli. Nasomanga era nenfumitiriza ku byensomye, ne nindirira era nempuliriza, wamu n'okugezaako okubiteeka mu nkola mu bulamu bwange. Natandika okugezesa ebintu Yesu bye yagamba nti tuli bikola. Ekintu eky'ewunyisa kyali kintuseeko. Nali ntandise okukulemberwa okuteera engeri Katonda gyayogeramu n'abantu be. Okusokera ddala natunuliranga engeri abalala gye bawulirangamu okuva eri Katonda. Eky'okubiri, nagerageranyanga bye nali mpulidde okulaba oba byaali bikwatagana ne Baibuli. Nga bindabikira okuba nga bikwatagana. Olwo nengezaako okulaba nga mpulira Katonda ku lwange. Gye nakomanga okugezaako okukola abasajja abalala bye baali bakola, tebyasooka kunkolera bulungi. Mu kusooka ebigambo bye nalowoozanga nti byaali biva eri Katonda nga nkizuula nga bibadde birowoozo byange. "Okubikulirwa" okusinga kwaali kumalamu amaanyi era nga kunyiiza. Nali njigira mu kugezaako nga bwe binema.

Omu ku basomesa bange aba Baibuli yatugamba nti tuwandiike buli kintu kye tulowooza nti Mukama ky'atugamba. Kale nno natuula wansi, nensaba era nensaba Katonda ajjuze ebirowoozo byange n'ebigambo bye ye. Mu kukiriza natandika okuwandiika ennyiriri ku nnyriri ez'ebyo ebyaali biyita

mu birowoozo byange. Nenegamba nti "Ha, kino kyewunyisa!" Nasaba mukwano gwange owedda okuva mu FGBMFI, Omusumba Harey Goodwin, ajje ewange akebere bye nali mpandiise. Yatunula mu miko emingi "egy'okubikulirwa" kwange okwokya. Yali ye yambatiza mu mazzi omwaaka gumu emabega kale no nali musaamu ekitiibwa mu by'omwoyo.

## Ekitundu ekimu kirabika kya Katonda ate ekirala kirabika kikyo

Bwe yamala okubisoma mu namweenya nga bwangamba nti "Ow'oluganda John, ebimu ku bino biwulikika bulungi. Naye ate ekitundu kirabika kya Katonda n'ekirala kirabika kikyo gwe wakyegambye. Singa mbadde gwe byonna nandi bisudde ku kasasiro. Kino kiraga nti emeeme yo evuganya n'omwoyo wo. Bwooba tomanyi Baibuli kyegamba owandiika kyolowooza ky'egamba wamu nekyo kyoyagala okuwulira. Ekivaamu bye bigambo byoyagala Katonda ayogere wamu n'ebyo Ekigambo kye bye kigamba ebituufu. Kino kyabulabe. N'olwekyo, kiriza ekigambo kye kizze obujja endowooza yo ku kiki kye yanyweeza edda nga amazima era ogondere ekyo ekigambo kye kigamba." Byonna nabisuula eri nentandika okusoma Baibuli ebitagambika.

Mpola mpola natandika okwawula wakati w'obujjumbize bwe diini wamu n'okukolera mu kulungamizibwa Omwoyo omutukuvu. Mu kwesitala kuno nali njigirizibwa amasomo ag'omuwendo. Okwogera ebyo bye tulowooza nti bye bigambo ebivudde eri Mukama mu maaso g'abakulembeze abaawula y'engeri enyangu mwe tuyinza okuyigira. Okukiriza abakiriza abakulu mu mwoyo okunenya ebigambo byo yengeri ennungi gy'oyinza okumanya kiki ekitava eri Mukama. Omwoyo Omutukuvu ali ku buli omu. Bwokiriza Mukama akuwa obujulizi eri abo abajulirwa abangi, enzikiriziganya etukibwaako okukakasa obutuufu bwebyo ebyogeddwa. Kino kiyinza okuba nga kijja kudinganibwa entakera. Ekiseera kyetagibwa ddala okusobola okuwulira okuva eri Katonda. Twetaaga abalala okukakasa ebigambo bye tuwulidde okuva eri Katonda. Kiba kikulu nnyo okubera n'abalokole abakuze okutugolola, okutusala ensobi, wamu n'okutulungamya mu mitendera gino. Kino nakyo kituwa omukisa okwekebera: nsobola okuyigirizibwa era ngondera n'abo abali mu buyinza?

### *Tuwa tutya obunabbi?*

MU MYAAKA EGYASOOKA nga netaba mu nkungaana za FGBMFI, nekaliliza nendaba nga abasajja si bangi abafunanga ebigambo okuva eri Katonda era ne babibuulira abo abalinga bakungaanye. Oluusi ebigambo bino byabanga bya kibiina kyonna, ate oluusi nga by'abantu sekinoomu. Nabuuza pulezidenti w'esuula eno nange bwe nyinza okukikola naye okwanukula kwe kwasooka

nekuntabula. Yangamba nti, "Ow'oluganda tosobola kukiwa okujjako nga okirina munda muli," nemubuuza kye yali ategeeza mu ekyo nanziramu n'amagezi nangamba nti, "Tosobola kwogerera Mukama okutuusa nga alina ensulo mwajja mugwe. Olina okumala ekiseera nga oza amagezi go okugafuula amaggya mu Kigambo kya Katonda." Ne mugamba nti "Njagala okukikola kino." Nangamba nti "Engeri gyoyinza okuwaamu ekigambo ekizimba kwe kuba nga omannyi Baibuli munda ne kungulu. Ekyo kiva mu myaaka emingi egy'okufumitiriza wamu nokukwaata eby'awandikibwa." Ogwo gwalabikanga omulimu omuzibu. Kino omusumba kye yangamba. Walina okubaawo engeri endala enyangu. Eby'awandikibwa bigamba nti okulowoolereza mu by'awandikibwa kye kisumuluzo.

> Naafumiitirizanga ebiragiro byo. Era naalowoozanga amakubo go. Naasanyukiranga amateeka go: *Seerabirenga kigambo kyo*.
>
> ZABBULI 119:15-16

> Okufumitiiza wamu n'okukwaata ekigambo kya Katonda z'engeri enkakafu zetuyinza okuzimbamu etterekero Omwoyo Omutukuvu mwayinza okusena. Mukama akozesa ekigambo ekisimbiddwa mu mitima okuleta ebigambo ebiraga entekateeka ze ez'obulamu bwaffe.

**Dick Mills**

Nabbi yajja mu kibuga kyaffe nga ava mu Califonia. Yali ayitiba Dick Mills. Yali atera okwogerera mu nkungaana za FGBMFI. Nemwekalilirza nga awereza. Nze nali sirabanga ku nabbi. Era gyendi yali yewunyisa. Yatunuliiranga abantu enkaliriza, oluvanyuma nabasongamu olunwe, nababuuza nti, "Elinnya lyo gwe ani? Mukama alina ekigambo kyo." Olwo nalyooka addingana elinnya lyaabwe nga bwayogera ebyawandikiibwa okuva mu ndagaano empya n'enkadde. Omuntu omulala nga bwamugoberera nga awandiika ebyawandikibwa bino ku lupapula era bweyamalirizanga nga aluwa oyo gwe bogeddeko. Oluvanyuma nga tubinoonyerezaako era ne twewuunya okukakasa ekigambo okwekikula bwekityo eri obulamu bwaffe nga abantu sekinoomu.

**Baibuli etambula**

Dick yali amanyi Ekigambo kya Katonda ekisukiridde nga oyinza n'okumuyita Baibuli etambula. Yali akute ebikumi n'ebikumi by'ebyawandikibwa mu mutwe era nga yesigama Omwoyo Omutukuvu okubimujjukiza buli lwe yatunuliranga abantu enkalirirza. Yali ategedde omugaso oguli mu kuyegeka abantu amaaso nga tanaba kwogera kiki

Mukama kyeyaberanga amugambye okwogera. Tujja kuddamu okwekeneenya amazima agali mu buwereza buno obukusike gyebujja. Tulaba ebyawandikibwa kyebyogera kunsonga eno mu Bikolwa by'Abatume 3.

> Peetero awamu ne Yokaana ne *bamwekaliriza amaaso*, Peetero n'agamba nti Tutunuulire. N'abawulira, ng'alowooza nti banaamuwa ekintu. Naye Peetero n'agamba nti Effeeza ne zaabu sibirina; naye kye nnina kye nkuwa: mu linnya lya Yesu Kristo Omunazaaleesi, tambula.
>
> - EBIKOLWA 3:4-6

Okusa esiira ku ky'etaago ky'omuntu kiyinza okumuggulira ekkubo ery'okuwulira eddoboozi lya Katonda. Kitwaala okwegezesa okusobola okukikola. Mukama ayagala okusisinkana eby'etaago byaffe, era asobola okukozesa abakiriza abakuze mu mwoyo okukakasa ebigendererwa bye

## Muvubuka, Yimuka

Dick yantunulira, nansongamu olunwe era nangamba nti, "Muvubuka yimuka. Kwata omukono gwange. Mukama alina ekigambo kyo." Nayimukiramu, nemugamba nti nze John, era nankwata ku mukono. Nangamba nti, "John, ekigambo kya Mukama gyoli kiri nti:

> Si nze nkulagidde? Ddamu amaanyi, guma omwoyo; totyanga, so teweekanganga kubanga Mukama Katonda wo ali naawe buli gy'onoogendanga yonna.
>
> - YOSWA 1:9

> Era, laba, nze ndi wamu naawe, era naakukuumanga gy'onoogendanga yonna, era ndikukomyawo mu nsi eno; kubanga sirikuleka okutuusa lwe ndimala okukola bye nkugambyeko.
>
> - OLUBERYBERYE 28:15

> Kale, kaakano genda, nange ndibeera wamu n'akamwa ko, ndikuyigiriza by'olyogera.
>
> - OKUVA 4:12

Kino kintu kirungi okukola nga olungamya abantu ku bulamu bwabwe. Yesu ajja kukozesa abantu bwe bati okukakasa kiki Mukama kyaba ayogera eri emitima gyabwe. Ebyawandikibwa yengeri etandikibwaako mu kulungamya abalala.

Yamaliliza mu bufunze nga anzizaamu amaanyi ku ngeri Mukama gye yali agenda okunkozesa gyebujja mu buwereza. Bino nabiwandiika mu Baibuli yange eyasooka era nagendanga mbikopolola okuyita mu myaka emingi egiyise.

### Okukakasa ekigambo

Emyeezi mukaaga nga giyiseewo, nabbi omulala yajja mu kibuga kyaffe. Erinyalye yali ayitibwa Dick Joyce era naye yalina obuwereza bwe bumu. Nga Mills, yansongamu olunwe era nansaba nyimirire. Mangu nnyo nampa ebyawandikibwa ebyanzimba mu ngeri yemu nga Dick Mills bye yali ampadde. Yangamba nti "Ndamba omusajja ayitiddwa okuwereza Mukama. Ekigambo kya Mukama gyooli kikiino:

> Muwulire, mmwe abaggavu b'amatu; mutunule, mmwe abazibe b'amaaso, mulyoke mulabe.
>
> \- ISAIAH 42:18

> Ab'oluganda, sseerowooza nze nga mmaze okukwata: naye kimu kye nkola, nga nneerabira ebyo ebiri ennyuma, era nga nkununkiriza ebyo ebiri mu maaso.
>
> \- ABAFIRIPI 3:13

> Kubanga nze Mukama; ndyogera n'ekigambo kye ndyogera kirituukirizibwa; tekirirwisibwa nate; kubanga mu nnaku zammwe, ai ennyumba enjeemu, mwe ndyogerera ekigambo, era ndikituukiriza, bw'ayogera Mukama Katonda…Kale bagambe nti Bw'ati bw'ayogera Mukama Katonda nti Tewaliba ku bigambo byange ebirirwisibwa nate, naye ekigambo kye ndyogera kirituukirizibwa, bw'ayogera Mukama Katonda.
>
> \- EZEEKYERI 12:25, 28

> Kubanga nze ndibawa akamwa n'amagezi, abalabe bammwe bonna bye bataliyinza kuwakana nabyo newakubadde okubigaana.
>
> \- LUKKA 21:15

> Nate nga mutusabira naffe, Katonda okutuggulirawo oluggi olw'ekigambo, okwogera ekyama kya Kristo, n'okusibibwa kye nnasibirwa.
>
> \- ABAKKOLOSAAYI 4:3

---

Engeri Mukama gyakakasa ebigendererwa bye kwe kutuwa ebyawandikibwa byebimu oba ebirara ebikakasa ebyasooka nga akozesa abawereza babiri oba okusingawo nga ate bano buli omu

tamanyi munne. Kino Mukama akikola okutukakasa nti ye yayogera naffe.

Mu biseera ebyo, nali sitegeera bukulu bwa nsisinkano eno ey'obunabbi. Entekateeka ya Mukama eri obulamu bwange yali etandika butandisi okulabika.

*Beera nga ojjudde Ekigambo*

We natukira wano nali manyidde ddala nti abasajja bano ababiri bali bawulidde Katonda. Obukakaffu bwali bungi obwewunyisa. Okubeerawo kw'Omwoyo Omutukuvu kwawerekeranga ebikolwa byabwe. Waberangawo embeera ey'okukiriza wamu n'okusubira okutali kwa bulijjo nga abasajja bano bogera kiki Mukama kye yali abalaze. Nakizuula. Abasajja bano baali bajjudde ekigambo kya Katonda. Bali bamaze emyaaka n'emyaaka nga bayiga enkumi nenkumi ze nyiriri eziri mu kigambo kya Katonda. Tekyewunyisa okuba nga baali baliko amafuta amangi bwegatyo. Ekigambo kya Katonda kyaali kiziza bujja endowooza zabwe. Kyalinga nga abaali bogerere Katonda kubanga balowoozanga nga Ekigambo kye kyenyini. Okubikulirwa kuno kwankuba nga ekimyanso. *Kiyinza okuba nga kino kye ky'okuddamu,* bwe nalowooza. Newuunya kiki ekiyinza okutukaawo singa nange nkwaata ebyawandikibwa bwentyo. Tekijja kunkosa. Nali simanyi nnyo Baibuli kyenkanidde awo.

**Emirimu bw'ogigatamu esanyu**

Nali kitunzi wa kampuni enene ekola amabaasa mu Portland, Oregon. Akatale kange kali kazingiramu amasaza gonna okuva mu mambuka ga Seattle okutuuka ku nsalosalo ya Canada. Nali netabye mu semina nyingi ezaali zikwaata ku kutunda nsobole okuwagala obukodyo bwange obw'okutunda ebintu. Omwanjuzi yagamba nti singa osobola okukikolera ennaku abiri mu lumu, kyali kijja kufuuka kitundu ku bulamu bwo kilyooke kirongoose obulamu bwo. Nalondayo eby'awandikibwa byensinga okwagala mu ndagaano empya wamu nenkadde. Olwo nendyooka nkyogera nga bwe nekwaata amaloboozi emirundi musanvu. Kino nakikolanga okutuusa bwe namalangayo ka tepu ake dakiika ekyenda. Olwo no nga ntandika ku ka tepu akalala. Nali ekigambo kya Katonda nkifudde kya muwendo mu mutima gwange.

> N'omutima gwange gwonna nkunoonyezza: Nkwegayiriddde, nneme okukyama okuleka bye walagira.
>
> - Zabbuli 119:10

Ekigambo kya Katonda kiyingira na kuberawo kw'Omwoyo Omutukuvu. Tekiri gwaawo, kya luberera. Kiramu. Bwe tukwaata ekigambo kye, tuba tukyuusa okutegeera kwo muntu nga tuzaawo amazima agatagwaawo agajja okukyuusa endowooza yaffe okugifananya ne engeri Katonda kyalowooza.

**Nawuliriza eddoboozi lyange**

Mu lugendo lwange nga nvuga okugenda ku mulimu wamu n'okuvaayo era ne mu ku kwasaganya emirimu gyange, sirina kilara kye nawulirizanga okujjako ebyawandikibwa. We namalirako ennaku amatumi abiri mu olumu, newuunya engeri gye nali nsobola okuddamu nga njogerera wagulu ebyawandikibwa nga bwe nali mbiwulira. Nga mpulira buwulizi ebigambo ebisooka, olwo nemaliriza ebisigadde. Ekyanewunyisa ennyo kyaali nti oluvanyuma lwe myeezi mukaaga, nali maze okukwaata mu mutwe ebyawandikibwa kikumi mu asatu ebikulu mu Baibuli. Omwoyo Omutukuvu yalina okuba nga yali anungamya okukola bwentyo. Ebyawandikibwa bye nalondayo okukwata mu mutwe byali bisubizo ebitagwaawo ebikwaata ku bulokozi, obulamu obutagwaawo, amaanyi g'Omwoyo Omutukuvu, okuwonyezebwa, okusumululwa, wamu ne Yesu kyeyagamba nti tusobola okukikola. Ne kakati nkyasobola okubijjukira ne gyebuli eno, kigambo ku kigambo.

Olwo no ekintu ekyewunyisa kyatandika okubaawo. Kyenali nsabidde kyatukirira. Nga abantu bansaba okubasabira oba nga embeera ebayitiriddeko, mangu nnyo nategeeranga ekisubizo ekiri mu byawandikibwa ekisisinkana eky'etaago kyabwe. Omwoyo Omutukuvu nga anzijjukiza ebyawandikibwa ebyaddanga mu ebibuuzo bya bantu. Kyagwa ngawo mbagirawo nga mpulira muli obuvumu nti Katonda yali ayogerera munze. Yali akozesa ekigambo ekiterekeddwa munze okuwa abalala omukisa. Kino kyaali kisanyusa. Mukama yali ankozesa mu ngeri gye nali sirowozangako nti esoboka. Ku nkomerero ya byonna nali mpulira eddoboozi lya Katonda mu ngeri etatali ya bulabe ate nga yesigika. Kyali nga nze eyali akozesebwa nga omuzindaalo gwe Ekigambo kya Katonda ekiwandiike wonna we kyaali kyetagibwa.

**Nawulira eddoboozi ly'Omwoyo Omutukuvu**

SIRYERABIRA omulundi gwange ogwasooka gwe nawa ekigambo okuva eri Omwoyo Omutukuvu mu lukungaana. Kyatukawo mu likunga analwa FGBMFI olwa amalya ge byemisana ku kawoteri ga Galilean mu mambuka ga Seattle. Nga tuli mu kusinza, omu ku bakulembeze yawa obubaka mu nnimi. Kalabalaba w'olukungaana natugamba tulidirire nokutuusa nga wabaddewo okuvunura kw'obubaka obwo. Twali twetaaga

okubeera nga twetegese era tutegeere kiki Mukama kye yali atugamba. Twalinda ne tulinda. Nze no awo wonna nga nyumirwa kuberawo kwa Mukama oludda luli mu kisenge we twali tukungaanidde. Kyalabikanga Mukama eyali atadde okubwatuka kw'ebigambo era nga abigaseeko n'ebiffananyi ebyali bilabikira mu birowoozo byange. Kyali kisuffu. Nali ndi ku kabaga kange wamu n'Omwoyo Omutukuvu.

> Omuntu bw'ayogeranga olulimi, boogerenga babiri oba nga bangi, basatu, era mu mpalo, era omu avvuunulenga.
>
> - 1 Abakkolinso 14:27

Kiba kirungi okuleka Omwoyo Omutukuvu okukozesa omuntu asuka mu omu ebirabo eby'o kwogera mu nnimi wamu n'okuzivunula nga kulabisewo mu nkungaana.

**"Nkole ntya?"**

Omusajja eyali ayimiridde we nali nafuna ekigambo eky'amagezi nti nze nali nfunye okuvunula kwe nnimi. Yantemyaako nga ankuba akakokola nga bwangamba nti, "Owoluganda, gwe alina okuvunula. Kutuwe!" nazibula amaaso ne mubuuza nti, "nkole ntya?" nangamba nti yogera bwogezi kyowulira wamu ne kyolaba mu Mwoyo." akabaga ne kaggwa. Nga ntamwatamwa nabulira ekibiina kiki kye nali mpulidde era ne kye nali ndabye. Kirabika kyaali kibikuliddwa kubanga wabwatuka okwebaza Mukama w'abaami. Omulundi ogwasokera daala mu lukungaana, nawulira eddoboozi lya Mukama era nali wa mukisa okwogera kiki kye yali ayagala okwogera. Omwoyo Omutukuvu yali ataddewo embeera eyaleeta okuzaamu amaanyi eri abo abali bakungaanye.

> Kale kiri kitya, ab'oluganda? Bwe mukungaana, buli muntu alina oluyimba, alina okuyigiriza, alina ekimubikkuliddwa, alina olulimi, alina okutegeeza. Byonna bikolebwenga olw'okuzimba.
>
> - 1 Abakkolinso 14:26

Katonda Omwoyo Omutukuvu abeerawo buli abakiriza lwe bakungaana. Buli omu alina okubeera nga asubira era nga yetegese okubaako kyanaleeta ekivudde eri Mukama nga kijja kuzaamu amaanyi wamu n'okuzimba abo ababa bakungaanye.

## Okuwulira obulungi Omwoyo Omutukuvu

Gye nakoma okukwata ekigambo kya Katonda naye gye yakoma okunkozesa okuwa ebigambo ebizaamu amaanyi eri abalala. Emyeezi n'emyaaka bwe gy'ekulungulula, nalaba okweyongera okuwuliriza obuwereza bw'Omwoyo Omutukuvu. Kino kyatukangawo nga nsabira abantu abamu. Kyalinga nga nze eyali amanyi ebintu ebikwata ku bulamu bwabwe era n'engeri yokusabiramu abantu bano obulungi. Kyatukangawo nga mbatunudde mu munye oba bwe nabasangako emikono ku bibegabega. Kyatwaala ekiseera ekiwera eky'okugezaako nga bwenemelerwa okukakasa okukolagana n'Omwoyo Omutukuvu mu ngeri eno, naye neyongera okukikola. Oluusi nga mpulira bulungi ate olundi nga ngwa. Bwe nesisigirizanga era nenemererwa okugondera okulungamizibwa Omwoyo Omutukuvu, nategerera ngawo nti nakuwaza Omwoyo Omutukuvu. Mu bukakamu atubulira bwe twesisigiriza era ne tutandika okubuusabuusa okulungamizibwa kwe. Bwe tweyongera okubusabuusa ekiseera ekiwera, amafuta gatugwaako olwo netusigala nga tuwulira enyiike.

## Enkola etali ya bulabe

Nayiga engeri gye nyinza okwenenyaamu singa nsubwa kiki Katonda kyayagala okukola. Abalokole banguwa okukusonyiwa bwoba ogezaako okuwulira eddoboozi lya Katonda. Nteesa nti wandibadde okozeseza "enkola etali yabulabe" singa oba tokakasa nga owulidde eddoboozi lyenyini elya Katonda. Oyinza okukozesa ekintu nga: "Ssebo, nyinza okuba nga ndi mukyaamu naye, nandyagadde okukubulira kiki kyendowooza nti mpulira okuva eri Mukama. Kinakukola bubi?" Bwe tugenda mu buwereza bwetutyo, abantu abasinga bajja kutwanukula na bigambo nga bino, "Mbulira kyangamba." Nga maze okumubulira mubuuza nti, "Ekigambo ekyo okitegedde? Kikomye ku mbeera gyoyitamu?" Mbakiriza okwanukula mu mazima. Era mbeera netegese okubetondera singa mba siwulidde bulungi kigambo kya Mukama. Tukizudde nti ebitundu 95 ku buli kikumi Katonda abeera atulungamiza. Emirundi gye twetonda gigeenda gikendeera nga bwe tuyiga okukikola obulungi.

N'emirundi gye tugyeemye nagyo gigenda gikendeera. Nali ntadise okufuna obuvumu okuwereza nga bwenalowooza nti nali nungamizibwa. Gye byaggweera, nasalawo okugenda mu maaso nga ntebereza nti nali nungamizibwa eddoboozi lya Katonda. Oba nga lyabanga ddoboozi esenenkerevu eriri munda oba nga ddoboozi elindagira ely'Omwoyo Omutukuvu, nakola okulangirira okugenda nga nkolera ku kiki kye nali ndowooza nti kyaali kimbikulirwa mu birowoozo byange. Mu kiseera kye kimu, nasigala nga netegekedde okuwabulwa abo be nabeeranga

mpererezaamu. Nayagala nnyo okugondera okubulirilwa kwa Paulo mu Abaeffeso 6.

> Nga musabanga buli kiseera mu Mwoyo n'okusaba n'okwegayiriranga kwonna…
>
> - ABAEFFESO 6:18

Yesu yagamba nti abakiriza bali yogera mu nnimi. Paulo agamba nti bwe twogera mu nnimi tuba tusaba mu Mwoyo. Okusaba mu nnimi kuganya Omwoyo Omutukuvu okuzukusa ebirowoozo byaffe bisobole okwanukula okuve eri Katonda.

**Okusaba mu nnimi**

Abaeffeso 6:18 lye kkubo erisooka ely'okuwuliramu Katonda. Si kintu kyakulondako bulonzi. Okusaba mu nnimi kirina okukolebwa ennyo. Gye tukoma okusaba mu Mwoyo gye tukoma okuwulira okuva eri Katonda. Bwe tukigatako okukwata ebyawandikibwa, okusaba mu nnimi kugula amakubo ag'okuwulira eddoboozi lya Katonda. Kino kiringa okubeera mu Kristo. Okubeera kitegeeza okusemberera Mukama olwo ne tusaba obuterekera ate nga tetweyagaliza.

> Bwe mubeera mu nze, n'ebigambo byange bwe bibeera mu mmwe, musabenga kye mwagala kyonna, muna akikolerwanga.
>
> - YOKAANA 15:7

Yesu ayagala tusabe nga tukozesaa ebigambo bye nga tulina bye tusaba. Okusaba mu Mwoyo kutukirizisa okusaba ebigambo bye ebiri mu kikula ky'omwoyo waffe. Bwetukola kino, tuba tusaba mu bigambo bye era nga tusaba okusinziira ku kwagala kwe. Mu ngeri eno, ajja kukola kyonna kye tunasaba.

*Tusabenga obutakoowa*

NAYIGA AMAZIMA AMAKULU okuva ku bakulembeze abali mu mugendo gw'abazukufu mu myaaka gye 1970 wamu ne mu gye 80. Bonna bakiriziganya ku kintu kimu. Nkyawulira n'okuyigiriza kwabwe: "Engeri gye tuwulira okuva eri Omwoyo Omutukuvu kwe kusaba obutakoowa bulijjo mu Mwoyo. Bwobeera nga tosaba mu nnimi buli kakisa k'ofuna olwo no osubwa

ebirungi Katonda byalina." Batukubirizanga okusaba mu nnimi nga bwekisoboka. Nzijjukira kiki ekyatukawo buli lwe nasusanga mu dakiika asatu nga nsaba bwenti. Waberangawo ekintu ekyantukangako munda munze. Nga mbeera nga gwe bataddemu amaanyi munda. Nawuliranga okuberawo kw'Omwoyo Omutukuvu. Kyawulikikanga nze eyali ayungiddwa ku Mwoyo Omutukuvu mungeri etandisobose senga tekibadsde bwekityo.

> Kubanga ayogera olulimi tayogera eri bantu, wabula Katonda; kubanga siwali awulira; naye mu mwoyo ayogera byama…Ayogera olulimi yeezimba yekka…
>
> - 1 ABAKKOLINSO 14:2, 4

Paulo akubiriza abakiriza okusaba mu nnimi buli kiseera. Gye tukoma okukola bwe tuti, ebyaama bya Katonda gye bikoma okwongera okukulukuta mu kikula ky'Omwoyo, bwetutyo ne tuzimbibwa era ne tudizibwaamu amaanyi ag'okuwereza.

**Sirika owulirize**

Abakiriza abewaddeyo okumala ekiseera nga basaba mu nnimi bajja kusikira ekisubizo ekitamanyiddwa nnyo ekiri mu 1 Abakkolinso 14. buli lwe mala ekiseera ekiwera nga nsaba mu Mwoyo ate nendekera awo embagirawo n'empuliriza, nsobola okuwulira ebigambo eby'okutenda wamu n'okwaagala Katonda mu birowoozo bwange. Ebigambo ebiwulikika biva eri Omwoyo okuyita mu birowooza byange ebikwatagana nekyo kyembadde nsabira nga ndi mu nnimi. Nsubira kino kiba kivunula ebigambo byemba sitegedde nga nsaba mu nnimi.

> Kale ayogera olulimi asabenga ategeezenga. Kubanga bwe nsaba mu lulimi, omwoyo gwange gusaba, naye amagezi gange tegabala bibala.
>
> 1 Abakkolinso 14:13-14

- Pawulo abikula amazima agenkukunala ku bikwata ku kusaba mu nnimi. Agamba nti omuntu yenna ayogera mu nnimi asabe abere nga asobola okuvunula kyayogedde.
- Okusaba mu nnimi mpuliziganya etali ya bulijjo eva ew'Omwoyo Omutukuvu, so si mu birowoozo byaffe.
- Pawulo atukubiriza okukiriza Omwoyo Omutukuvu avunule ebyo byetubadde tusabira obwongo bwaffe busobole okutegeera ebyo byonna ebyogeddwa.

- Buli lwe tubeera nga tuli ffeka tulina okwegezaamu okusaba mu ngeri bweeti.

**Okusinza kwo nga gwe**

Ekifananyi 1 Abakkolinso 14 kyesiiga kiraga nga byonna byogerwa nga bikwata ku mubiri gw'Ekkanisa nga bakungaanye. Naye omuntu ayiga atya okukozesa ebirabo bino nga atuuse mu Kkanisa? Tugambe nti abantu basobola okwegezaamu nga bali eka? Bwe tuba tetusobola kwezimba ffeka tunazimba tutya Ekkanisa? Ka twegezeemu okuteeka mu nkola enono z'okwogera mu nnimi wamu n'okuzivunula nga tuli ewaka, nga tuli ffeka.

**Engeri esanyusa ey'okusabamu**

Ekyawandikibwa ekiri wagulu awo kiraga nti tusubire okufuna okuvunulwa ku ebyo bye tusabidde mu nnimi empya. Ekyawandikibwa kigamba nti "Asabe nti asobole okuzivunula." Kino nakizuula bwe nali nzeka ne Mukama, nga nsabidde ebanga eriwera mu Mwoyo. Nasabanga nti, "Mukama njogedde ki kati?" Ebigambo nga bimala ne bijja mu birowoozo byange. Olwo no nendyooka mbigamba Mukama. Ebigambo okusinga byabanga kutendereza, kuyimusa, era n'okugulumiza Mukama. Byalabikanga nga byali bigambo ebyaali byetaaga okugamba Mukama. Kino kyafuuka ekitu kye nakolanga ekyanyweeza okukiriza wamu n'obwesige nti nali mu kkubo tuufu. Natuuka ku nzikiriziganya egamba nti nali mpulira kiki Omwoyo Omutukuvu kyeyali agamba. Olwo no yankubiriza okwogera ebigambo bino eri Kitange. Kyalinga Omwoyo omutukuvu eyali ampa ebigambo ebinawa Kitaffe ekitiibwa okusinga nze bye nandibadde njogera.

**Wegendereze**

Nakizuula nti bweneyongeranga okuteeka mu nkola okukiriza kwange nengenda mu maaso nga njogera ebigambo ebyajjanga mu birowoozo byange, oluusi nga obubaka bubeera bukwatagana ku kiki Mukama kye yabanga ayagala nkole. Empuliziganya yabanga yange okuntegeeza okubaako kyenkola mu mbeera. Waliwo akabi mu kukiriza ebigambo ebijja bwebiti nti bivudde eri Katonda. Mu kwagala ennyo okuwulira Katonda tulina bulijjo okukebera ebigambo bye tuwulira, naddala nga bikwata kuffe nga omuntu sekonoomu. Nyanguwa okuyiga okuwandiika bye nabanga ndowooza nti Omwoyo Omutukuvu bye yabanga agamba. Nga bwe mpandiika nasabanga bulijjo nti, "Mukama, bwe biba nga bino biva gy'oli, bambi bikakase mu ngeri yonna gwe gyonoba oyagadde." Saasanga mu nkola bubaka bwona okujjako nga bukakasiddwa emirundi egiwera. Enkola ennungi eraga nti okuwulira okuva eri Omwoyo Omutukuvu kwe kuba nga

tuwulira obubaka bwe bumu oba okulaba ebiffananyi by'ebimu mu birowoozo wamu ne mu birooto emirundi egy'omuddiringanwa. Kino kiba kituufu naddala nga tusaba mu nnimi okumala akaseera akawanvuko.

### Okukakasa bwe kujja

Kasita Mukama yakakasanga ekyo kye yayogera, nayiga okwanguwa okuteeka mu nkola ekyo kyeyabanga ayagala nkole. Okujjako ebimu ebitonotono, okulungamizibwa kwabanga kuvudde eri Katonda.

> Ekigambo kyo ye ttabaaza eri ebigere byange, N'omusana eri ekkubo lyange. Nalayira, era nkikakasizza kino, nga naakwatanga emisango gyo egy'ensonga.
>
> - ZABBULI 119:105-106

> Era Katonda ow'ekisa kyonna, eyabayitira ekitiibwa kye ekitaggwaawo mu Kristo, bwe mulimala okubonyaabonyezebwako akaseera akatono, ye yennyini alibatuukiriza, alibanyweza, alibawa amaanyi.
>
> - 1 PEETERO 5:10

> Bwaba nga Yesu yayagala obeeko kyokola, Omwoyo Omutukuvu ajja kuletawo okukakasa okw'omuddiringanwa okulabika, okutuwa obukakafu nti kino kivudde Gyaali. Okukakasa okusinga kujja kuba nga kutwewunyisizaawo. Buno bujjulizi obwenkukunala nti bino biva eri Mukama.

## *Engeri Gyebikolamu Mu Bulamu Bwaffe Obwa Bulijjo*

OKUWULIRA EDDOBOOZI LYA KATONDA kibeera kirungi nnyo okutuyamba okusigala mu kubo ly'obulamu bwaffe obw'abulijjo. Kibeera kisufu bwetuba tusobola okuwulira eddoboozi lya Katonda buli sawa nga Yesu bwe yakola. Kino sibwe kibeera eri abalokole abasinga. Nabasinga okubeera ab'omwoyo ennyo, abakulu mu kigera eky'obuklulu, abasumba abasinga okuba abatukuvu betumanyi tebawulira kuva eri Katonda nga Yesu bweyakikola. Tetukikola naye twagala okukikola. Ffenafena tulina okubeera nga tukolerera okutuuka awo awawakanirwa. Singa buli mukulembeze w'abalokole abeera w'amazima, ffena tulina okukiriza nti tuli wala nnyo n'okuwulira kiki Kitaffe kyatugamba nga Yesu bweyakola. Nga bwetumanyi nti kisoboka kino kye kituvuga okwongera okunoonya enkolagana eyanamaddala ne Kitaffe. Ebinaddirira wamanga wano bye by'okulabirako ebyaliyo ku ngeri gye tuyinza okuwuliramu okuva eri Katonda n'engeri gye twagezaako okugonda ne tukola.

**Tulina okukikola mu bugenderevu.**

Okuyiga okuwulira eddoboozi lya Katonda kyetagisa okubaako kyetukola. Nze (Sonja) ndi muntu wa Kigambo, n'okuba nga maze mu Kigambo emyaaka kumpi makumi ana, Omwoyo Omutukuvu nga Omusomesa angigiriza ennono nyingi ez'omwoyo. Okuyita mu kigambo ngize ekisanyusa Katonda n'engeri y'okumwagala mu. Okuyiga okuwulira eddoboozi lya Katonda nga oyita mu Kigambo kye tekikusanyusa busasusa kyokka, wabula kisobola okukuba ekubo obulamu bwaffe bwe linakwaata. Ebyawandikibwa bino biyambye obulamu bwange okuyit mu myaaka emingi.

> Kubanga ekigambo kya Katonda kiramu, era kikozi, era kisala okusinga buli kitala kyonna eky'obwogi obubiri, era kiyitamu n'okwawula ne kyawula obulamu n'omwoyo, ennyingo n'obusomyo, era kyangu okwawula okulowooza n'okufumiitiriza okw'omu mutima.
>
> - ABAEBBULANIYA 4:12

> …okugonda kusinga ssaddaaka obulungi…
>
> – 1 SAMWIRI 15:22

> Oba nga munjagala, munaakwatanga ebiragiro byange.
>
> - YOKAANA 14:15

---

Ekigambo kya Katonda kiramu era kikozi ate kya bwakatonda. Katonda akiraga lwaatu mu Kigambo kye nti tumulaga bwe tumwagala nga tumugondera. N'olwekyo, tulina okumanya Ekigambo kye tulyooke tubeere mu bulamu obumusanyusa. Ate era kimusobozesa okwogera gyetuli n'obuvumu okuyita mu Kigambo kye ye.

---

**Okuza obujja ebirowoozo byange**

Okuyita mu myaaka emingi Akoze ku mize gyange (Sonja) nga nyonoonye n'emize gyo, omubiri nga ayita mu kigambo kye. Kiringa ekitangaala ky'omwoyo ekyaaka ku nnyiriri za Baibuli ne kiretera ebigambo bino okumpa amagezi, okuwabula, wamu n'okutegeera. Kino Omwoyo Omutukuvu ky'abikula ku bwakatonda bwa Baibuli.

Emirundi mingi lubadde lutalo wakati w'ekikula ky'emeeme yange (ebirowoozo, engeri gyempuliramu, wamu n'okusalawo kwange) wamu n'omwoyo. Ekimu ku bitundu akanyolagano we kasinga okubeera nga netwaala okubeera nga omutuufu buli kiseera. Eyo endowooza nga nkyaamu okukamala! Nalinga njagala nnyo okubeera omutuufu, buli kiseera nga njagala kyenjogera kye kiba kikola. By'ogenda okusoma bigenda ku kubikulira engeri kye namegganamu n'embeera eno.

## Omukozi mu kampuni yetaaga okuwulira okuva eri Katonda

Nali mukozi mu kampuni y'ebyamasanyalaze, era nga omulimu gwange ngunyumira okukamala. Kampuni nga ekula, akakiiko akafuzi wamu ne ssenkulu wa kampuni bakiriza nti ekiseera kyaali kituuse okuwandiika senkulu omulala okutwaala kampuni ku ddaala eriddako. Mu mbeera eno ey'okwetereeza, abakozi abalala bana bawandikibwa. Mu kifo kyenalimu nali nina okubeera nga nsisinkana abakozi bano buli lunaku.

Olw'okuba nti nali mbadde n'enkolagana ennungi ne banabwe abasookawo, nalowooza nti bijja kubeera bwebityo bulijjo. Nga nagwa mu kusisimuka okw'ekitalo! Okuviira ddala ku lunaku olw'asooka, "akabondo akapya" kano kagezaako okunejjako. olw'okuba nga nali nesigama ku bo olw'okumpa amawulire gansobozese okukola emirimu gyange, nali mu kaseera akazibu ennyo. Sabbiti bwe zeyongera okuyitawo, embeera yeyongera okubijja. Buli kyenagezaako okukola oba okwogera kyalabikanga ekyaali tekitagenda kukyuusa bintu. Kyaali kya lwaatu nti bano baali tebanjagala bwagazi kyokka, wabula bali bagala nvu ku mulimu.

## Amaaso gaali gawanda muliro!

Nanyiiga nnyo ndowooza nali mpanda n'omuliro okuva mu munye! Nga nkankana olw'obusungu, nasobola okwogera empola mpola bwenti, "Sikikiriza nti musobola okubeera abajega okutuuka ku kino!" Olwo ne nyingira mu ofiisi yange nenkuba oluggi n'amaanyi gange gonna. Buli kisenge mu kizimbe kyakankana olw'amaanyi ge nakozesa mu busungu bwenalina. Mangu ago nakwata ensawo yange wamu nakasawo akatono, oluggi ne ndubandula. Mu kaseera kano nga buli omu antunulidde. Mukama yebazibwe, tewali yanyega nga nfubutuka okuyingira emotoka yange mbaviire ngende mu wiikendi.

Ebiseera bitono nnyo nze bye nyiize ne kimpitirirako nenva mu buntu. Kino kyaali kirwaaza. Twaali tutegese olugendo okugenda kuwumulamu mu buvanjuba bwa Washington. Obusungu, okwemulugunya, wamu n'okukakasa nga bwendi omutuufu era n'emeeme yange enemye okufuga na biyiira John, bambi. Kyaali kya lwaatu nti nalina okusalawo ku bitu bisatu:

1. Ndekulire nve mu kampuni gye nali nyambye okuzimba nfiirwe emigabo, n'akasiimo, n'ebilara.
2. Nga nsobola okusigala era mbalwanyise ku mitenderwa gyaabwe. Kasita nali manyi sentebe wamu ne ba dayirekita abatuula ku kakiiko mu buntu. Nali nsobola okulemya "abalabe bange" era olwo omuzimu gw'okwegulumuza mbeere nga ngugabirira.

3. Nali nsobola okusigala, era olw'ekisa kya Katonda, mbeere kyendi – neme kubanukula nga bo bwe bakola.

Nga maze okukakana wensobolera okuwulirira, nagenda mu Baibuli yange era nentuuka ku:

> Okwagala kugumiikiriza, kulina ekisa; okwagala tekuba na buggya; okwagala tekwekulumbaza tekwegulumiza, tekukola bitasaana tekunoonya byakwo, tekunyiiga, tekusiba bubi ku mwoyo; tekusanyukira bitali bya butuukirivu, naye kusanyukira wamu n'amazima; kugumiikiriza byonna, kukkiriza byonna, kusuubira byonna, kuzibiikiriziza byonna.
>
> - 1 ABAKKOLINSO 13:4-7

Akatondu ako ke kamu ku businga okubeera obw'amaanyi mu Baibuli. Yesu eky'okulabirako kyage, yalaga okwagala okufanana nga kuno. Kale nga tumwetaaga wamu n'okwagala kwe!

## Yayogera okuyita mu Kigambo kye omulundi omulala.

Nali mbadde n'olukalikaali, nga nenonyeza byange, anyiiga amangu, era nga ntereka buli nsobi yonna! Nali negendereza nnyo engeri gye bampisaamu. Okwagala okw'omutume Pawulo kwe yawandikaako kuva eri Katonda yekka. Namusaba akumpe, era mangu nnyo yagonza omutima gwange. Yaddamu okwogera nga ayita mu Kitgambo kye nate. Nawulira nungamizibwa okugenda okugula akalabo akatonotono nkatwalire omukyaala eyali ampisiza obubi ku Lw'okutaano.

Nali mpulira bulungi ku Mande lwe nayingira mu ofiisi era nateeka akalabo akaali kasabikiddwa obulungi ku meeza y'omukyaala oli era nemubuuza n'egonjebwa nti, "Wasuze otya?" Mazima yayasamiriramu nga andaba nyingira ofiisi yange. Kyaali kya lwaatu yali yetegekedde olutalo kafungula ngekete, era nga kati ebikolwa byange byaali bimaze okumwambulula.

## Nava ku muze gw'okwefuula omutuufu

Okuva ku olwo ebintu byatandikirawo okukyuuka. Nava ku muze gw'okwefuula omutuufu buli kiseera era nensalawo nti singa Mukama amala nanzikiriza okweyongera okuyisibwa obubi, alina okuba nga abaako ebintu byakola mu mbala yange oba munze, era nga ngya kugamba nti, "ekisa kyo kimala."

Nga wayiseewo emyeezi, omu ku bakozi yalingiza mu ofiisi yange nansaba oba nga nsobola okumusisinkanamu okumala edakiika entonotono.

Nga mwanukula nti "nsobola" muli n'endowoozaamu nti, "ate ogubadde?" omwaami ono yeyali asinga okubeera omuzibu ennyo okukolagana naye.

### Yali alowooza ndi mufere

Nessogga offiisi ye, ne ntuula oludda olulala olw'emeeza, ne nenyweeza. Yatandika aneebaza olw'okujja, era nangamba nti yalina kye yali ayagala okungamba nga tanaba ku genga ku nsonga gye yali ayagala okukubaganyaako ebirowoozo. Nenyeenya omutwe, awo nalyooka angamba nti yankyayirawo lwe yankubako ariiso. Yalina endowooza egamba nti nali mbakwenyakweena – era nga teri muntu asobola kubeera nga musanyufu ate nga agumikiriza abalala nga nze buli lunaku. Wabula kati yali atuuse ku nzikiriziganya nti nali ndi ekyo kye nali ndabika nga kyendi era nga ye yeyali musobya. Olwo no nakotekamu katono omutwe nga bwa amwenyaamu nangamba ekintu ekitakirizika: "ekituufu kiri nti onsanyusa!" Eky'okwogera kyambula nentunula butunuzi ye nadda ku nsonga gye yali ayagala twogereko. Kyaali kikwaata ku nsonga enkulu ennyo kw'omu ku bakozi bange, era nga yali ayagala muwe ku magezi engeri gyayinza okugikwatamu. Twasobola okugonjoola ensonga eno nga enjuyi zombi tezinyigiriziddwa eri omukozi wamu ne kampuni.

Ekiseera kyange ekyasigalayo ku kampuni kyaali kinyuma nnyo. Twakomekereza tukolera wamu ate nga tuli ba mukwano. Wewaawo, tusobola okuwulira eddoboozi lya Katonda okuyita mu Kigambo kye wamu n'Omwoyo we Omutukuvu mu bulamu bwaffe obwa bulijjo! Emboozi eddirira eraga engeri eyewunyisa Mukama gyayinza okwogeramu.

## *"John, nkuyita okubulira enjiri!"*

> Ne mpulira eddoboozi lya Mukama, nga lyogera nti Naatuma ani, era anaatugenderera ani? Ne ndyoka njogera nti Nze nzuuno: ntuma nze.
>
> - Isaaya 6:8

Okumu ku kuyitibwa okwawagulu omusajja oba omukazi kwasobola okufuna kwe kuyitibwa okubulira enjiri. Bwe tuwulira eddoboozi lya Katonda ku lwaffe nga atuyita okubulira enjiri enziijuvu, tulina okubeera n'okwanukula kumu: "Wewaawo Mukama! Ndiwano, ntuma!"

## Jack mu Box

Lyaali tuntu mu Novemba nga 3, 1975. Nze (John) baali bakamala okumpa eky'emisana kyange mu dirisa lya kawoteri akayitibwa Jack mu Box mu maduuka g'omu Seattle, mu Washington. Nasalawo okulokola obudde emere ngiriire mu motoka yange kubanga ku olwo nalina okukuba amasimu agawera aga bizinensi. Emotoka nagisimba kumpi n'eddirisa we batundira emmere, najjula ekikyepere ekisinga obunene, n'okuwooma ekyaali kigabulwa. Nga nateera okukivubiika mu kamwa, eddoboozi lya Katonda mangu nnyo ne lijjula emotoka. Awo nangamba nti, "John Decker, nkuyita okubulira enjiri!" Natya nnyo era ne ekikyepere kyange ne kinva mu ngalo. Enyaanya, emboga, wamu n'obutungulu ne biggwa ku katambaala akaali ku mubiri gwange. Olwo naddamu nangamba nti: "John Decker, nkuyita okubulira enjiri!" nga ndi mkwewunaganya, nkanudde amaaso, n'okussa ekikoowe nga kunemye, nasamalirira ku kibumbe kya Jack mu Box ekyalina omuzindaalo mu kifuba kyaakyo. Eddoboozi lyaali teriva mu mizindaalo. Eyali ayogera yali Kabaka wa bakabaka era Mukama w'abaami! Mpola mpola nazaamu ebyali bisigadde ku kikyepere kyange mu bokisi.

## Musabe akukakase

Lumu omusumba yangamba nti osabanga obukakafu singa oba olowooza nti Mukama yayogera nawe ku kintu ekinene ekigenda okukyuusa obulamu bwo. Kino kyaali kimu ku ebyo ebinene. Nagamba nti, "Mukama, bwoba nga yeggwe ayogera, kino kikulu ddala. Njagala okakase kiki kino kyendowooza nti ky'oyogedde, emirundi esatu!" Nalowooza nti singa Katonda muzibuwaliza ebintu olwo nja kumanyira ddala oba ye yayogende. Ebigambo byaali tebinanziggwa na mukamwa nempulira nga angamba nti "Vvuga oyite ku kasaawe oyambuke olusozi olwo no nja kukukakasa!" Eddoboozi lyaali liwulikika bulungi, nga lya buyinza, ete ery'embagirawo okukamala ekintu ekyandetera okukoleeza n'envuga okwambuka akasaawe. Bwenazikiza emotoka, nenjogera nti, "Kale, kati kiki ekiddako?" Ate era, nga omulundi ogwasoose, ebigambo bye ne bibwatukira mu mutwe gwange. Nangamba nti, "Bikula mu Abaebulaniya esuula 3." Natankuula e bokisi z'amabaluwa ezaali mu mutto gw'emabega okukomekereza nga ngudde ku Baibuli yange. Ne mbikula esuula 3 era mangu ago amaaso gange nengaggwa ku:

> Kale, nga Omwoyo Omutukuvu bw'ayogera nti Leero bwe munaawulira eddoboozi lye, Temukakanyaza mitima gyammwe, nga mu kusunguwazibwa, Nga ku lunaku olw'okukemerwa mu ddungu.
>
> - ABAEBBULANIYA 3:7-8

Amasanyalaze ne gayita mu muntu wange ow'omunda n'ebigambo, "John, nze njogera!" eno y'emu kungeri gy'omanyaamu nti Katonda ayogera nawe.

Namanyirawo nti Omwoyo Omutukuvu yali ayogera nange mu nyiriri zino. Nagamba bugambi nti, "Kale okwo kwe kukakasa okusoose." Olwo Nangamba, "Bikula olupapula oluddako" nengenda ku muko oguddako. Era nga wekiri, si mulundi gumu wabula emirundi ebiri!

> …Leero bwe munaawulira eddoboozi lye, Temukakanyaza mitima gyammwe, nga mu kusunguwazibwa.
>
> - ABAEBBULANIYA 3:15

> …Leero bwe munaawulira eddoboozi lye, Temukakanyaza mitima gyammwe.
>
> - ABAEBBULANIYA 4:7

Omwoyo Omutukuvu bwayogera ayinza okuddingana obubaka okutuusa lwe tukiriza nti buva eri Katonda

Ne njogera nti, "kale egyo ebiri." kati ate ne nekanga bwe nawulira akonkona ku ddirisa lye motoka yange. Nabuuka okutunula ku ddyo gye nalabira munange gwe nsaba naye nga amweenya. Nampenya nzigule oluggi. Nali sisobola kukiriza kiki kyaali kintuseeko. Nga bw'atuula yangamba nti, "Katonda angambye nvuge nzigye wano, nkusisinkane, era nkugambe nti Akuyita okubaako ekintu ekikulu ennyo kyolina okukola."

**Nagamba bugambi nti, "Wewaawo Kayonda wange, giweze esatu."**

Bwe namunyumiza kiki ekituseewo nti era ye yali wakusatu okukakasa kiki Katonda kye yali atandise okundetera okukiriza nti yali ye ye yali ayogera, twatandikirawo okusaba era n'okukaba amaziga. Nga tuwanise emikono ffembi nga tutudde mu motoka mu maaso twatandika okutendereza Katonda n'okujjaguza olw'okuba Katonda yali ampiise mu lwaatu okubuulira enjiri mu ngeri ematiza era nga manyi nti ye ye. Ensisinkano eno ey'olwaatu nga nsisinkana Katonda ye yali entandikwa ey'emirundi emingi egyanteeka mu buwereza bw'okutekateeka abalala. Eby'awandikibwa ebiddako bindaga nti Peetero yalina ensisinkano ne Katonda ey'olwaatu we bamugabira ebintu emirundi esatu.

> Eddoboozi ne lijja eri ye nti Golokoka, Peetero, osale olye. Naye Peetero n'agamba nti Nedda, Mukama wange; kubanga siryanga kya muzizo newakubadde ekibi. Edoboozi nate (ne lijja) gy'ali omulundi ogw'okubiri nti Katonda bye yalongoosa tobifuulanga ggwe bya muzizo. Ne kiba bwe kityo emirundi esatu: amangu ago ekintu ne kitwalibwa mu ggulu. Awo Peetero bwe yabuusabuusa munda mu ye amakulu g'okwolesebwa kw'alabye bwe gali, laba, abantu abaatumibwa Koluneeriyo, bwe baamala okubuuza ennyumba ya Simooni, ne bayimirira ku luggi, ne bayita ne babuuza nga Simooni, erinnya lye ery'okubiri Peetero, yakyazibwa omwo. Awo Peetero bwe yali alowooza ku kwolesebwa, Omwoyo n'amugamba nti Laba, abantu basatu bakunoonya. Naye golokoka, okke ogende nabo nga tobuusabuusa: kubanga nze mbatumye.
>
> - EBIKOLWA 10:13-20

- Kino kye kimu ku by'awandikibwa ebikulu mu ndagaano empya ekikwata ku ngeri Omwoyo Omutukuvu gy'ayinza okwogweramu n'omukiriza ennaku zino.

- Tulina n'okusubira Omwoyo Omutukuvu okutegeka embeera ezigya okukwatagana n'ebiragiro bye nga bwe yakola mu mboozi eno. Kino akikola okwongera omusinde ogujja okutukakasa nti ddala ono Mukama yayogera.

- Olwo no ffe tugondera bugondezi ekyo kye tuwulidde. Twaala obudde nga ofumitiriza ku bigenda mu maaso mu Ebikolwa by'Abatume 10.

**Obukakafu bweyongera**

Wayitawo emyeezi mitono, bwe namala okubulira mu lukungaana lwa FGBMFI olwo mu kibuga Tacoma, eyali omusajja gwe sirabangako yayimirira mu maaso gange. Yankwaata ku mukono, nantunula mu munye nanamba nti, "Mukama akugamba nti beera n'obuvumu nga bwe kitabangawo. Tolwaawo. Ojja kubuulira enjiri mu maanyi ag'Omwoyo Omutukuvu. Amaanyi aga Katonda ayinza byonna gajja kubeera mu ggwe ne mu bigambo byo!" Nasigala nzibiridde okumala akaseera ne ntandika okwebaza Katonda. Ngenda okuddamu okuzibula nga omwaami oli sikyamulaba. Mangu nnyo nagenda nga munoonya naye nambula. Abaami abalala nabo baali tebamumanyi wadde okumanya gye yali ava. Kino kyatandika enfunda ezokunkakasa emyaaka ebiri egyaddirira ekintu ekyankakasiza ddala okuwaayo obulamu bwange mbulire enjiri. Mu kiseera

kye bugumu mu mwaaka gwa 1977 nabakana n'omulimu ogwo. Natandika okutegeera engeri ez'ewunyisa Omwoyo Omutukuvu gyakolamu emirimu gye. Nalaba mu Ebikolwa by'Abatume 13 Omwoyo Omutukuvu we yayogerera ku bikwata ku Barunaba ne Saulo.

> Mu Antiyokiya mu kkanisa eyaliyo waaliwo bannabbi n'abayigiriza, Balunabba ne Simyoni eyali ayitibwa Niga, ne Lukiyo ow'eKuleene ne Manaeni eyayonsebwa awamu ne Kerode owessaza, ne Sawulo. Nga baweereza Mukama waffe n'okusiiba, Omwoyo Omutukuvu n'agamba nti Munnondere Balunaaba ne Sawulo bakole omulimu gwe mbayitidde. Awo ne basiiba ne basaba ne babassaako emikono ne babatuma.
>
> \- EBIKOLWA 13:1-3

Bwe twewaavu okuwulira eddoboozi lya Katonda, ajja kuwa omugabo oyo yenna amunoonya mu mazima. Okusiiba, okusaba, wamu n'okuwereza Mukama z'engeri ezimu we tuyinza okuletawo embeera we tuyinza okuwulira Omwoyo Omutukuvu. Mungeri eno, Omwoyo Omutukuvu yakakasiza ddala okuyitibwa kwa Barunaba ne Saulo okufuuka abatume eri banagwanga. Ekintu kye kimu kisobola era kirina okubeera nga kitutuukako.

## *Engeri Gye Nayigamu Okuwulira Eddoboozi Lya Katonda Nga Mpita Mu Kuwandiika*

NZE (SONJA) NTERA okubuuza abasumba wamu n'abakulembeze mu masomo gaffe oba nga bawulira eddoboozi lya Mukama entakera. Bonna awatali kwesalamu emikono bagiwanika. Olwo no nembabuuza oba nga bajjukira okuva ku lunaku olwa sooka kiki kye yabagamba. Ekyo kiretera abamu okwewuunya. Ekiddirira, nga mbabuuza oba bandikiriziganyiza, nti yee, Mukama ayogera naffe, naye tetwekwasisza mpisa kuwandiika kiki kyabeera atugamba, olwo netuba nga tetusobola kujjukira kiki kyeyatugambwe egulo limu. Ebirowoozo Bye byegatta n'ebyaffe, obubaka obulambulukuffu ne bubula.

Nga ojjeeko okusoma Ekigambo, engeri endala enkulu gyengigidemu okuwulira n'okumanya eddobozi Lye kwe kuyita mu kuwandiika biki byempulira agamba. Maze emyaaka nga ana nga mpandiika byempitamu. Buli ku makya nsoma Baibuli yange bwemala nempandiika okusinza kwensinziza (nga ndaga obukulu bwa Katonda), ebirowoozo byange oluusi ne saala yange. Ekiddirira, nekwasisa empisa okuwuliriza eddoboozi lye, era

mpandiika biki bye mpulira wamu ne byendowooza nti mbifunye okuve gyaali.

## Mukama, ono yeggwe ddala?

Nzijjukira nga ntandika bwe yangamba kiki ekyaali kigenda okuberawo. Kyaali kizibu okukiriza. Mu butuufu, nawandiika akabonero emabali akaali kagamba nti, "Mukama ono yeggwe ddala? Kino kirabika nga ekigenze ewala!" Kakati tebereza bwe nawulira nga ekintu kye kimu kyenyini nkirabyeeko nga kiberawo nga wayiseewo akaseera katono! Njijukira okulowoozaamu nti, "Ddala yali ggwe! Yali ggwe, Mukama! Newankubadde nga nabusabuusa mu kiseera ekyo, lyaali ddoboozi lyo!"

Emyaaka bwe gigenze giyita, kino kintuseewo entakera. Kino kye kinsingira obukulu, akaseera akokumukumu ne Katonda ali mu busatu owekitalo, Kitaffe ali mu Ggulu, Mukama waffe Yesu Kristo, wamu n'Omwoyo Omutukuvu ow'omuwendo.

## Eddoboozi lye lisobola okuwulirwa mu nsi yonna

Ku zimu ku misoni zaffe gyetwagendanga mu babundabunda mu mambuka ga Thailand, john yali ayambadde omusipi okwaali ensawo ya sente za tiimu yonna. Mu lugendo lwaffe nga tuda mu woteli ya no-star olw'eggulo olumu, omusana gwaali gwaaka okukamala, olwo John nasumulula omusipi. naguteeka emabega w'entebe eyamuli mu maaso. Bwe yadda ku woteri nagalamiramu, Eddoboozi lye ne linkowoola okundaga omusipi john gwe yali yesumuluddeko! John omusipi yali agulese mu takisi. Yadduka okutuuka ku motoka, era olw'ekisa kya Katonda nagusanga wo we yali agwerabidde.

## Ono yali yatamiira ebiffananyi by'obuseegu

Lumu ku lunaku lwa Sande ku makya twakeera ku Kkanisa emu mu California gye twaali tugenze okubulira. Abasumba ne batwanjulira Kwaya ekulembera okusinza, era netukubaganya ebirowoozo ku ngeri gye twaali twagala okumaliriza savisi. Omu ku bavubuka ku kwaya eno eyali nga mutabani w'abasumba, nze ne John ne tumwagalirawo. Yali muvubuka mugogoofu, atukirikika ate nga alina talanta.

Abantu baali bangi abayanukula okujja ku kituuti – abantu abakiriza Yesu nga omulokozi wabwe, bangi bawonyezebwa, ate ekibinja ekirala ne kibatizibwa n'Omwoyo Omutukuvu. Wakati mu buwereza obwo obulungi, amaaso gange ne gaggwa ku muvubuka oli gwe nayogeddeko wagulu awo. Mu maaso g'omuntu, ffembi twaali tumwagadde, n'olwekyo kyantiisa nnyo bwe nakibikulirwa nti yali yawambibwa ebiffananyi by'obuseegu era nga wano obulamu bwe obwokungulu bwaali bwa bulimba. Kino nakilowozaaako okumala akaseera era bwe namala ne ngenda mbulireko ku John bwe

gubadde. Yali ye tekimubikuliddwa, kale nendowooza nti oba nali siwulidde bulungi.

Wayitawo eddakiika ntono ddala, ne manya nga nalina okubaako kyenjogera. Yatambula nampitako okugenda awaali omusumba omukyaala eyali anziriridde era nayogera naye nga omwaana bwayogera ne nnyina. Nassa ekikoowe, ne mumuunya esaala, era nemubuuza oba nga nsobola okubaako bye mubuuza. Yangamba kimu "kale," nga tayinza nakutebereza kiki kye nali natera okwoleka. Ne mubuuza nti "Wawambibwa okulaba ebiffananyi by'obuseegu?" Nantunulira nga omuntu akubiddwa baluti. N'aperuuka, nabwatuka okukaaba amaziga. "Yee! Kituufu. Nkikooye."

## Yali akabawala n'abawala babiri!

Mangu ago nagenda n'empita John, nemugamba nti kyempulidde kibadde kituufu, era nemusaba ajje awereze eri omuvubuka ono. John yakwatagana n'omumyuuka w'omusumba amuyamba ku kuwa embalirira nga ffe tumaze okugenda. Kyaali kya nakku. Yali azanyidde ku biffananyi by'obuseegu, ne bimuwamba, era nga kati yali ali mu muze ogw'obukaba n'abawala babiri abaali mu Kkanisa! Tekikirizika! Laba akatimba k'obulimba ke yali akiriza sitaani okuluka. John yagoba emyoyo emibi era emirimba olwo nabaterawo nembalirira. Olwo no twagabana n'abasumba kyokka nga nabo mu kino baali basibiddwa kantuntunu nga nokubikulirwa kuno kwabaleka bamenyese emitima.

Kyanaku nnyo tugenda ate okubuliriza nga omuvubuka ate Ekkanisa yagiddukamu. Munange nga akyalwanagana n'ebikemo ate nga bikyamuwangula. Tukimanyi nti abavubuka betaaga pulogulaamu oba ekibinja ekibayamba okusobola okuvunuka obusibe nga buno. Ekintu kino tukisanze mu ma Kkanisa agawera. Kale twetaaga ebirabo eby'okubikulirwa wamu n'ebigambo eby'okutegeera neby'amamagezi tusobole okubikula omulabe tusobole okuwa abantu obuyambi bwe betaaga. Wakiri singa entiisa y'ennyumba ya Katonda ffena etuggwaako!

## Enkola ez'obwakatonda

Gye buvuddeko katono, Mukama yatusomooza ffembi okutandika okwegayirira mu lutalo lw'omwoyo nokwegayirira. Yalaga nti singa tumala ekiseera ekiwera buli lunaku nga tusaba wamu era ne mu Mwoyo Omutukuvu yali wakutubikulira kubigenda okujja mu maaso. Ssi nti no tufuuke ba nnabi, wabula nga tunasa amaanyi gaffe okusigala nga tuli kumpi n'okwagala kwa Katonda nga bwe kisoboka. Era Mukama yatulaga nga singa tumala ne tusasula omutango ogw'okusigala ku lusegere lwe, nenkolagana egenda ebuziba olwo ajja kutubikulira okugerengetanya kw'omulabe nga tekunaba kubeerawo. Nga tujja kusobola okuviira akabi kayitewo olwo ffe tusigale ku

mulamwa wamu ne Katonda. Yatugamba nti twaali tulina okwegatta ku ggye ely'a begayirizi abewaddeyo kino kisobole okutukibwaako.

### Tusasula omutango

Abegayirizi abatuufu basasula omutango munene okusigala nga bali ne Katonda. Ssi kyangu ate nga temuli kwoosa. Kintu ekikulu ennyo, oluusi nga kikolebwa obulamu bwo bwonna. Mulimu ogutasimibwa kyokka nga omala esaawa eziwera nga okabirira Mukama ku lwa balala, abamu nga na balabe ab'omusalaba. Ky'oyinza okusalawo okukola ekirala tekisikiriza. Ekyo okwessa mu bulamu obw'okwewumuza ne tusigala mu mbeera y'emu, bwe byali bwe biri, olwo no oluusi tufunayo omukisa nga kale Mukama bwaali ow'ekisa. Tujjukizibwa eby'awandikibwa ebigamba nti okugonda kusinga sadaaka. N'olwekyo ffe tusazeewo nti okwegayirira kyekisinga era kyetujja okukola. Tweyongedde okumala obudde nga twegayirira Katonda, nga tukozesa ennimi zaffe ez'omwoyo, era nga tuwulira ne kiki kyabeera ayanukudde. Empeera esaanira omutango gwe tutaddemu.

### Tutandika butandisi

Tutandise okuwulira ebintu eby'ekitalo ebikwatagana ku by'omumaaso byaffe, wamu n'abo be tukolagana nabo mu buwereza. Ebitabo mwe tubiwandiika bitandise okugwaako olwo n'emyoyo gyaffe gijjaguza olw'ebyo Mukama by'ayongedde okubikula. Ffembi tuli mu myaaka enkaaga n'egiggwaamu we tuwandikidde ekitabo kino. Tufuuka b'amaanyi buli mwaaka oguggwaako. Tuyize amazima ga mulundi gumu agatusindikiriza okweyongerayo: okuwulira eddoboozi lya Katonda kye kisumuluzo eky'obuwereza obuliko ebibala. Amanyi entandikwa okutuuka kunkomerero. Amanyi buli omu ku ffe wanabeera emyaaka etaano oba kumi okuva kati. Singa twewaayo n'ebyo byonna bye tulibeera mu mikono gye, kimwanguyira okutukanyuga okututuusa mu ekyo kye nyini kyayagala tukole. Kimwanguyira okututeekera ddala mu kwagala kwe bwe twongera okumujjukiza nti awo we twagala okubeera.

## *Tuteeka munkola*

- Yakobo 1:22 lugamba okukola kye tuwulidde (kyetusomye)
- Lowooza ku kukola ekyo ekikuwereddwa amagezi okukola mu suula eno nga osinziira ku "Tuteeka munkola" mu katundu akasembayo B.
- Kola akakodyo k'obuwereza akaliko omutwe ogugamba nti, "okuwulira eddoboozi lya Katonda."

# *5. Okubangulwa mu buwereza okw'okutaano*

## Okuwonya abalwadde nga bw'okibikkuliddwa

Yesu yawonya abalwadde nga akola ekyo kyeyalaba kitaawe amubikkulira okuyita mu Mwoyo Omutukuvu. Tujja kuyiga okukola ekintu kyekimu mu ssuula eno. Bwetugoberera okulungamya kw'omwoyo omutukuvu netugondera byatulaga mu ngeri y'okusabira abalwadde, bajja kuwonyezebwa era n'ebyamagero bijja kulabisisbwa.

YESU YAKOLA ebyo byokka byeyalaba kitaawe akola! Kyamugaso nnyo ffe okukkiriza nti Yesu yakolanga n'amagezi ag'okubikkulirwa okuva eri Kitaffe. Kiba kitegeza nti newankubadde yalina ekisa kingi, abantu abawonyezebwanga beebo bokka kitaawe beyamubikuliranga. Ebiseera ebimu kyalinga kibiina kyonna. Emirundi egimu "bangi" bawonyezebwanga. Oluusi nga omu yawonyezebwa. Mu kino, tuyinza okutandika okutegeera ensonga lwaki buli gweyasabiranga yawonyezebwanga. Kyajja lwakuba nti mu magezi ga Kitaawe n'okutegeera okwawaggulu ennyo anabeeranga ne kisa eri oyo gwanalondanga. Abo bokka Yesu beyasabira beebo bokka abamubikkulirwanga kitaawe okuyita mu Mwoyo omutukuvu.

> Awo Yesu n'addamu n'abagamba nti Ddala ddala mbagamba nti Omwana tayinza yekka kukola kintu, bw'atalabira ku Kitaawe ng'akola: kubanga ye by'akola byonna, n'Omwana by'akola bw'atyo. Kubanga Kitange ayagala Omwana, amulaga byonna by'akola yennyini; era alimulaga emirimu eminene egisinga egyo mmwe mwewuunye.
>
> \- YOKAANA 5:19-20

Okuyiga okuwonya abalwadde nga twesigama ku kukulemberwa kwo Mwoyo omutukuvu kintu kizibu okukwata. Kyokka, yengeri Yesu gyeyakolamu obuwereza bwokuwonya. Ayagala tuyige okukikola nga ye bwe yakikola. W'ekiri eri buli mukkiriza eyajjuzibwa omwoyo okwetolola ensi. Abakkiriza bangi bagenda bazuula obusobozi bwo

Omwoyo Omutukuvu okubalungamya eri abo abetaga okuwonyezebwa.

**Buli Katonda lwatandika okubikkula atandika okuwonya.**

Ebigambo biri tubizingide wamu okwongera okunnyonnyola engeri ennungamu ey'okuwonya abalala. Buli lwe tufuna ekigambo oba ekifananyi okuva eri Katonda ekikwata kumbeera y'abantu abatwetolodde, Katonda aba atandika obuwereza. Bwetukola nga bwatulaga, abantu bafuna katonda kyaba atubikkulidde emirundi egisinga obungi. Kino kibeerawo bwekituuka kukuwonyezebwa. Kino tukikkiririza ddala nti kye kisumuluzo eri okuwonyezebwa okutali kw'abulijjo. Tulina okusabira abo abeetaga okuwonyezebwa. Naye, awatali kukulemberwa Omwoyo Omutukuvu, tetwewuunya singa essaala zaffe tezitekawo njawulo erabikako. Tulina okubeera nga tusuubira kulw'okwagala kwa Katonda okuwonya. Naye, bwetuba nga tukozesa kigambo oba okubikkulirwa okuva eri Omwoyo Omutukuvu, okuwonya ebiseera ebisinga kubeerawo.

**Sooka osirikiririremu owulirize.**

Okuwonya endwadde ez'olukonvuba, obulumi obungi, oba endwadde ezitawonyezebwa mangu bilina okuba nga bikakasiddwa omusawo omukukutivu. Twagala obujjulizi bwaffe okuba nga busimbibwa ku mazima, sosi mpulira zaffe. Katonda wayagalira okutuwonya okwo kuba kwagala kwe. Naye, Buli muwereza alina okuyiga amazima gano: Katonda bwatandika okukubikkulira ebintu ku bantu abakwetolodde, sirikirira owulirize. Awo okole okusinziira ku ekyo ekikubikkuliddwa era owereze bulungi. Olwo no buli omu aweebwa omukisa ate Katonda natwala ekitiibwa kye.

> Naye bwe banabawangayo, temwerariikiriranga nti tunagamba tutya? Nti tunayogera ki? Kubanga muliweebwa mukiseera ekyo byemuliyogera. Kubanga simmwe mwogera, wabula Omwoyo gwa kitammwe ye ayogerera mummwe.
>
> —Matayo 10:19–20

Yesu atulaga engeri yokuwerezamu. Agamba tulina okubeera nga tukwataganye n'Omwoyo Omutukuvu ajja okutuwa eky'okwogera. Tulina kwesigama ku Mwoyo wa Kitaffe ayogera okuyita muffe eri abo abali mu bwetaavu. Eno yengeri Yesu gyayagala okuba nga atwanukula bwetwesanga mumaaso g'abantu abasaba Katonda okuwonyezebwa. Kola ekyo kyokka kyowulira okuva eri Taata.

**Gondera ekigambo n'Omwoyo**

Ekigambo kya Katonda kituwa obuyinza okuwonya abantu. Omwoyo omutukuvu atubuulira ddi era ani anawonyezebwa. Ekigamba kitugamba nti tusobola; Omwoyo Omutukuvu natubuulira ddi.

**Katonda y'atandika obuwereza.**

Katonda bwatandika okutubikkulira ebigambo byennyini, ebirowoozo, ebifananyi, oba obubonero ebyefananyirizako n'abantu betuwereza, tulina okwekkaanya ekiba kitubikkulirwa. Kitutwalira butikitiki okusirikirira, netwekkanya era netuwuliriza. Bwetweyongerayo n'okubikkulirwa n'etugondera ekyo ekyawuliddwa mu birala, okuwonyezebwa kuba kwakubawo mu bbanga tono ddala. Ekintu kyokka Katonda kyayagala kwe kugonda eri ebyo ebikubikuliddwa. Bwe tugonda netukola ebitulagiddwa, okuwonyezebwa kulabisibwa. Kino kibawo lwa kubanga siffe tuwereza, wabula Katonda yakola. Bombi, omuntu awerezeddwa n'oyo abadde awereza bamanyi nti abeera Katonda. Buli omu ayanguwa okuwa Katonda amatendo gonna olw'okuwonya. Tulaba mu 1 Abakkolinso 12 nti Omwoyo Omutukuvu yatekawo ebirabo bino ebitali bwa bulijjo okuyita mu bantu bakatonda kulw'ebigendererwa ebirungi.

> Naye buli muntu aweebwa okulagibwa kw'Omwoyo olw'okugasa. Kubanga omulala Omwoyo amuweesa ekigambo eky'amagezi; n'omulala aweebwa ekigambo eky'okutegeeranga, ku bw'Omwoyo oyo: omulala okukkiriza, ku bw'Omwoyo oyo; n'omulala ebirabo eby'okuwonyanga, ku bw'Omwoyo omu; n'omulala okukolanga eby'amagero; n'omulala okubuuliranga; n'omulala okwawulanga emyoyo: omulala engeri z'ennimi; n'omulala okuvvuunuzanga ennimi.
>
> —1 ABAKKOLINSO 12:7–10

- Yesu ayagala abawereza be okuwerereza mu kubikkulirwa, nga ye bweyakola.
- Omwoyo Omutukuvu bwaka ku bakiriza, abawa ebirabo eby'enjawulo. ebirabo ebisatu kw'ebyo bitusobozesa okuwereza eri abalala mu "kulaba oba okuwulira" ekyo ekyetagisa okukola okusinziira ku Katonda nga bwabeera alabamu ebiriwo.
- Bino biyitibwa ebirabo eby'okubikulirwa kubanga Omwoyo Omutukuvu aba abikkula amagezi ag'obwakatonda, okutegeera, n'ebikolwa eby'omwoyo gyetuli.

- Bwetuwereza eri abalala, nga tukozesa okubikkulirwa kuno tuba tuwereza okusinziira ku kwagala kwa Katonda okwanama ddala. Tujja kuba twetegereza okutegeera emwoyo mu ssula eddako.

**Omukyala ayambadde bulawuzi eya Bbulu**

Gyebuvvuddeko, nali nsomesa ku tendekero erimu mu Abidjan, Ivory coast, mu Africa, nze (John) nafuna ekigambo eky'okutegeera. Omwoyo Omutukuvu yali ayagala kukkatiriza kyenali nsomesa ekikwatagana ku kuwerereza mu kubikkulirwa nga awa eky'okulabirako ekiriwo eri abasumba bonna n'abakulembeze. Omwoyo omutukuvu yandya ekimuli nansazaamu katono mubukkakamu nga agamba nti, "John, nina gwenjagala okuwonya." Nendekerawo byenali nkola, nenzibiriza, nenindirira ebigambo ebirala okuva eri Mukama. Nengamba omuvvunuzi wange okugamba abasumba nti, "Mukama alina gwayayagala okuwonya. Tumulindirire." Nga nzibirizza, mu bwongo bwange natandika okulaba omukyala ayambadde bulawuzi eya bbulu. Nali nina kulowooza nti ali mulukungana lw'abasumba. Awo nendaba omukyaala eyali asisiriza omugongo gwe nga ali mu bulumi. Ekyo kyokka. Saddamu kuwulira kigambo kyonna wadde okulaba ekifananyi. Nayiga nti singa ekintu nga kino kibaawo sigezaako kutegeera kigambo kya magezi. Mu kukkiriza, mbagirawo ntandika okukola okusinziira ku kyendabye. Nengamba, "Waliwo omukyala wano alina omugongo ogumuluma ennyo era Katonda ayagala okukuwonya. Oyambadde bulawuzi eya bbulu. Bwojja mu maaso, Katonda agenda kukuwonyezaawo!"

**Najja nga amwenya**

Era nayiga okubeera omuvumu singa wabeerawo okubikkulirwa kubanga Katonda aba atandise okukola ekyamagero, sinze. Okulindirira okuli wakati w'okuyita omuntu ku kyowulira Katonda kyakugamba n'omuntu gwoyise okujja kubanga okutagenda kubaawo. Mu ngeri eno, omukyala yatwala obutikitiki asatu bwokka okuyimuka okujja mumassao. Nenzikkakana n'enziramu okukkiriza, n'emuteekako omukono nenjogera nti, "Ndagira obulumi bwomugongo okugenda! Mu linnya elya Yesu Kristo, Amiina!" Nengamba omuvvunuzi, "Mugambe akutame, obulumi bugenze!" Nali simanyi lufalansa, ne mugamba nga nkozesa okumwenya nga bwenkutama mangu emirundi egiwera okusobola okumutegeeza kyengamba. Nakutama nga bwayimuka nakamwenyumwenyu. Nagamba nti obulumi bugenze. Yakikola nga bwakutama nayimuka. Yajja gye twaali mukuwumulamu natwebaza emirundi egiwera. Yali abadde mubulumi obutagambika okumala

ebbanga gwanvu. Netumukuba ekifananyi tulabirengako n'okuwerako obujulizi.

*Okunyonyola ekigambo eky'amagezi*

EKIGAMBO EKY'AMAGEZI kwe kubikkulirwa kw'obwakatonda okulaga entekateka Ye nekyokukola mumbeera ebeerawo. Amagezi gano gawebwa omuntu okuva eri Katonda, okuyita mu Mwoyo Omutukuvu, okulaga engeri yokweyongerayo mu kwagala kwe. Kiteekawo okutuukirizibwa, okuzzibwa obujja, eddembe era oba amaanyi ag'okuwangula mu biseera ebyokubula, mu kugezesebwa, okuyiganyizibwa, oba obulabe bwonna.

## Kijja kulaga ebiseera eby'omumaaso

Ekigambo ky'amagezi n'ekigambo ky'okutegeera bifanagana. Ekigambo kyamagezi kijja kubikkula kiki ebiseera eby'omumaaso kyebilina okubeera, oba mudakiika entono munnaku entono, oba mu myezi. Tulina kugondera ekyo kyetuwulira oba kyetulaba okuva eri Omwoyo Omutukuvu. Amagezi ga katonda amasukulumu galagibwa mungeri yekyo kyayagala okuba nga kikolebwa. Bwetulaba oba okuwulira obulungi ku kiki ekigenda okubaawo, tukola kyetuba tulaba oba kyetuwulira. Ekyo Yesu kyeyakola. Tukola n'Omwoyo w'amazima (Omwoyo Omutukuvu) anatubuulira kiki ekigenda okujja.

> Naye bwalijja oyo Omwoyo ow'amazima, anabalungamyanga mu mazima gonna: kubanga tayogerera kububwe yekka; naye byonna by'anawuliranga byanayogeranga: ye anababuuliranga ebigenda okujja. Oyo anangulumizanga nze: kubanga anatoolanga kubyange nababuulira mmwe.
>
> —YOKAANA 16:13–14

- Mu kusabira abalala, Omwoyo Omutukuvu ajja kutandika okukubikkulira kiki kyolina okukola oba okwogera okuyita mu bifananyi oba ebigambo mu birowoozo byo.
- Abeera abikula ekinatera okutukawo. Bwe tumugondera ne tugenda mu maaso n'okukola ekyo ekitulagiddwa okuyita mu Mwoyo Omutukuvu, tujja kulaba eby'amagero.
- Kitwala okugezesebwa kungi n'esaawa nyingi ez'okugezesbwa okusobola okukwata n'okukolera wamu n'Omwoyo Omutukuvu mungeri eno.

**Ekyo ekirabibwa oba okikolebwa**

Tujja kulaba ebifananyi mu bwongo byaffe abiraga ekirina okubawo. Tujja kuwulira ebiragiro kwekyo kyetulina okukolera abantu abayimiridde mu maaso gaffe. Tuweebwa okwagala kwa Katonda nga tekunakolebwa. Tuba tuwereddwa ekyo Katonda kyayagala kirabisibwe. Tuyinza obutakitegeera mu kaseera ako. Ekiruubirirwa kyaffe kya kugonda mu kukkiriza era netwesiga Katonda amanyi kyakola. Ekigambo eky'amagezi emirundi mingi kijja kulabikira wamu n'ekigambo ky'okumanya. Bitambula byombi. Katonda ajja kulaga obuzibu kwebuva era ajja kutuwa eky'okuddamu, byonna mu kigambo kimu kino, era kinyuma nnyo kino bwe kibeerawo. Omuwereza aba nga ajjiddwawo mu kaseera ako nga yesigamidde ddala ku kwagala kwa Katonda nga bwe kubikkulirwa. Katonda yaba alagira. Ffe tuba tukola kyalagira era netuletera okwagala kwe okuba nga kutuukirizibwa mubuliwo.

**Omukyala eyesibye akatambaala akeru kumutwe**

Nali nsomesa mu tendekero ly'abasomesa e Malawi, mu masekkati ga Africa, nze (John) nafuna ekigambo ky'amagezi. Mu kusaba okusooka ku sande, Omwoyo Omutukuvu yatandika okundaga nti nali nina okusomesa ku kuwonya. Nali ntegese obubaka obulungi, naye Katonda yalina obusingako mu terekero. Nali nsaba, mu birowoozo byange nendaba omukyala nga asibidde enviiri ze waggulu ku mutwe nga azisibyeko akatambala akeru. Nensigala nga mulaba okumala akabanga. Ne mbuuza nti, "Mukama, kiki kyendaba?" Kyenawulira kyali kimu, "Ngenda kumuwonya." Mukama ampa byenjagala okumanya n'ebisingawo. Nagenda mu lukungaana nga noonya omukyala eyesibye akatambaala akeru ku mutwe. Teyaliiyo. Nentandika okubuulira kukuwonyezebwa okutali kw'abulijjo era nali ntuuse wakati nentandika okulowooza, "Kale, Mukama, kirabika nalabye bubi." Awo oluggi neluggulwa abantu abalala nebayingira. Nga mwali! Nembuulira eddakiika endala kkumi nempulira nti, "John, muyite mumaaso."

Nengamba omuvvuunuzi nti, "Waliwo omukyala wano asibye akatambaala akeru ku mutwe, era Katonda ayagala kukuwonya." Buli omu natandika okutunulatunula nga amunoonya. Omukyala eyali yesibye akatambala akeru ku mutwe natandika okukayana nemunne nga bw'anyeenya omutwe nga agamba nti nedda. Nendowooza, hhaa, Mukama, ddala ddala yeye? Awo Omwoyo Omutukuvu nampa ekigambo ekirala ekya magezi. Nayiga okweyongerayo n'ekiba kimpereddwa n'ebwekiba nga kitundu ku kifananyi ekitalagiddwa kyonna. Nagamba, "Yee, yeye. Alina obulumi mu nseke/ndira era atidde. Nja kumuwonya."

**Amagi amalamu**

Kati awo nali manyi eky'okukola. Mubuvumu nemutunuulira, nemusongamu n'enziramu kyempulidde okuva eri Katonda. Nalabika nga

eyewuunyiza, nasikatiramu katono, nayimuka najja mu maaso. Sonja namutekako emikono ku ndira nga bw'ensaba. Engeri gyekiri nti Katonda awonya kyaba alaze, nensabila mubuvumu, "Mu linnya erya Yesu, ndagira amagi amaggya mu mukyala ono. Sitaani, tosobola kumufuna. Nkulagira okumuta, kati! Obulumi vvaawo, kati! Mu linnya erya Yesu, Amiina!" nengamba omuvvuunuzi amugambe nti awonyezeddwa era agende ew'omusawo amukebere. Nangamba obulumi tebukyaliwo nti era ajja kugenda afune obukakafu okuva ewo musawo. Yakomawo ku nkomerero ya wiiki nalangirira eri buli omuntu omusawo kye yamugambye nga bwatakyalina kizibu kyonna ku maggi era yalangiriddwa nti mulamu bulungi.

## Yesu kyeky'okulabirako kyaffe ekituukiridde

Yesu yakoleranga mu bigambo eby'amagezi nga eky'okulabirako gyetuli. Bino yabikola nga omusajja, ajjudde amaanyi g'OMwoyo Omutukuvu. Yali atulaga engeri y'okukolamu ebitali bya bulijjo nga twesigamira ddala ku Mwoyo Omutukuvu. Yagamba tujja kukola ebintu by'ebimu. Mu njiri zonna ennya mulimu eby'okulabirako ebirungi nga Yesu akolera mu kubikkulirwa okuva eri Kitaffe. Wamanga wano tulina eby'okulabirako bibiri ebikwata "kukutunula" mu biseera eby'omumaaso nga twesigama ku bigambo by'amagezi.

> Awo waliwo omuntu eyali omulwadde, Lazaaloow'e Bessaniya, mu mbuga Malyamu ne Maliza mugandawe mwebaali; Malyamu oyo eyasiiga Mukama waffe amafuta namuttanya ebigere nenviri ze ye yalina mwanyina Lazaalo eyali alwadde. Awo banyina abo nebamutumira, nga bagamba nti Mukama waffe, laba gwoyagala alwadde. Naye Yesu bweyawulira, nagamba nti obulwadde buno si bakufa wabula olwekitiibwa kyakatonda, omwana wakatonda abe nekitiibwa olwobwo.
>
> —YOKAANA 11:1–4

> Naye Peetero naddamu namugamba nti, Bonna bwenesittala ku lulwo, nze sesittale nakatono. Yesu namuddamu namugamba nti mazima nkugamba nti mu kiro kino, enkoko eneeba tenakokolima, ononneegana emirundi essatu.
>
> —MATAYO 26:33–34

- Mu by'okulabirako bino byombi Yesu atulaga engeri yokukolaganira awamu ne Kitaffe ku kyabikula okuyita mu Mwoyo Omutukuvu

- Yaddingana ekyo kyeyali awulira era kyeyali alaba okuva eri Kitaffe.

| |
|---|
| • Tulina okukola ky'ekimu Omwoyo Omutuvu bwatandika okutubikkulira ebigambo eby'amagezi n'okumanya. |
| • Tuddamu oba ne tukola kyetuwulira oba kyetulaba kitaffe akola okuyita mu Mwoyo Omutukuvu. |

**Omukyala okuva mu mambuka gekizinga Whidbey.**

Bwenali nakatandika okuwereza mu kubikkulirwa kyali kitiisa. Okwesowolayo n'okola ekintu nga kino kyetagisa obuvumu bungi. Nzijukira ku kyeggulo ekimu mwe nali omwogezi mu lukungana mu 1977. Omwoyo Omutukuvu yangamba okuyitayo omukyala okuwonyezebwa nga njogera. Kino kyali kipya gyendi. Nalowoza nawulira Omwoyo Omutukuvu nga agamba, "Yetaaga okuwonyezebwa. Yogera naye." Neneyongerayo n'okunyumya emboozi yange, nga sagala kweswaaza, naye buli lwenatunulanga gyali nga munda munze eddoboozi lingamba okwogera naye. Kino nali nakiraba ababuulizi abakulu bebakikola n'ababuulizi benjiri mu nkungaana zino ate nga mbiraba ne ku Tivvi. Kati kyali kirabika nga Katonda angezesa oba n'agonda.

**Nyinza okuba omukyamu, naye…**

Mukukkiriza, nanvaayo gyenekwese nemugamba, "Nyinza okuba omukyamu, naye mwanyinaze wetaaga okuwonyezebwa. Sikyekyo?" Kunze, obutikitiki obutaano obwaddako obw'okusirikirira bwali nga emirembe n'emirembe nga buli omu alindirira kyaddamu. Muntunula ey'okwewuunya, yagamba nti, "Yee, netaaga." Mukussa ekikkoowe, okukiriza kwange kwabaguka n'emuteekako emikono, nemugamba nti, "Wonyezebwa mu linnya lya Yesu Kristo!" Kyonna ekyali kikyamye, kyatwala kaseera katono ak'okukutama n'okuyimuka era n'alekaana nti, "Bugenze! Obulumi bugenze!"

**Katonda amanyi buli kintu ku buli muntu**

Katonda nakyuusa olukungaana. Abantu nebajja mu maaso okubasabirwa. Wateekwa okuba nga waliwo abalala abawonyezebwa. Sijjukira, naye siryerabira mukyala oyo ow'okukizinga kya Whidbey. Ekintu ekyo kyandaga ekintu ekipya. Omwoyo Omutukuvu abeera amanyi buli kintu ku buli muntu. Y'alondawo olukungana luno okukozesa ekigambo eky'amagezi n'okumanya okuyita mu kibya ekyaali kitidde okubaako kye kikola kyonna. Nayiga essomo eddene. Buli lwatandika okukubikkulira eyetaaga okuwonyezebwa amuwonya! Bwetukyuusa bye twagala okukola netukola byayagala ne tugonda, ebyamagero bilabisibwa.

**Firipo yafuna ekigambo ekyamagezi**

Omwoyo omutukuvu yayogera ne Firipo mu buliwo namubuulira enteekateeka ya Katonda nga tenabaawo. Yali wakutambula alinye lusozi agende Egaaza. Waliwo weyatuuka, Omwoyo Omutukuvu namuwa ekigambo ky'amagezi ekirala eky'okugenda eri ekigaali ky'omulaawe. Okugonda kwe kwamusasuza mu ngeri y'obwakatonda.

> Naye malayika wa Mukama nagamba Firipo ngayogera nti Golokoka, ogende ebukiika obwa ddyo okutuuka mukkubo eriserengeta okuva eyerusalemi okutuuka e Ggaaza: ekkubo eryo rya ddungu. Nagolokoka nagenda: kale, laba, omuntu omuwesiyopiya, omulaawe omukungu wa kandake kabaka omukazi ow'abayesiyopiya, eyaliu omuwanika webintu bye byonna, yali azze e yerusalemi okusinza, yali addayo natuula mu ggali lye, nasoma nabbi isaaya. Omwoyo nagamba Firipo nti sembera, weegatte neggaali eryo.
>
> —Ebikolwa 8:26–29

| |
|---|
| • Tusobola okusuubira omwoyo Omutukuvu okwogera naffe mungeri yemu gyeyagera ne Firipo. |
| • Eddoboozi ly'Omwoyo Omutukuvu lijja kuba ly'amaanyi ate nga likalativu nga owereza eri abalala. Ekisumuluzo kiri mu kumusuubira okwogera. |
| • Kino tukikola nga tusaba okulungamizibwa n'okubikkulirwa nga tusaba mu nnimi era n'okusaba okulungamizibwa nga tetunaba oba nebwetuba nga tuwereza eri abalala. |
| • Saba nga obuuza nti, "Mukama kiki kyoyagala nkole? Mukama kiki kyoyagaliza omuntu ono? Mukama omuntu ono musabire ntya?" |
| • Kola bukozi Yesu kyeyakola. |

**Pawulo yafuna ekigambo ekyamagezi**

Mubiseera by'obuwereza obuzibu, ekigambo kyamagezi ky'anirizibwa okikubikkulirwa okuva eri Omwoyo wa Katonda. Pawulo yafuna obubaka nti tewali yali agenda kufa olw'omuyaga ogwali gukunta kukyombo kweyali.

> Enjala bweyali enyingi, awo Pawulo nalyoka ayimirira wakati wabwe nagamba nti kyabagwanira, abasajja, okumpulira obutava mu

> kuleete, obutalaba kwononeka kuno nokufiirwa. Era kakano mbabuulira okuguma omwoyo; kubanga tewabe mummwe anafiirwa obulamu nakatono wabula ekyombo. Kubanga wendi wayimiridde ekiro kino malayika wakatonda, nze owuwe, gwe mpeereza, nga agamba nti totya, Pawulo; kikugwanidde okuyimiriraawali kayisaali; era, laba, Katonda akuwadde bonna abagenda nawe. Kale mugume omwoyo, abasajja; kubanga nzikiriza Katonda nga kiriba nga bweyangambye.
>
> —EBIKOLWA 27:21–25

- Tuyinza obutakyalirwa malayika, naye Omwoyo Omutukuvu bulijjo abeera naffe, okutuwa okulungamizibwa wamu n'amawulire ku bikwataganira ddala ku kiki ekigenda okuva mu mbeera gyetulimu.

- Amanyi enkomerero ku ntandikwa era ajja kutulaga kyetwetaaga okumanya okuwonya n'okusasira abo Katonda bateeka mu maaso gaffe.

**Okubikkulirwa tekulina kubeera kukyamukiriza.**

Okufuna kwaffe ekigambo eky'amagezi kuyinza obutaba kwa kyewuunyo nyo nga bwe gwaali ne Yesu, Filipo, oba Pawulo. Naye, tusobola okufuna okumanya okunatulaga ekkubo lyokwagala kwa Katonda. Tuba tulina okusuubira okulabisibwa okujja mu kaseera akatuufu mukukola kw'Omwoyo Omutukuvu. Ekirabo kino kiyamba nnyo bwetuba tuwereza eri abantu ate nga tumanyi kyakukola. Nga tukuumira ebirowoozo byaffe ku ki eggulu kyelyagala, wajja kubeerawo akaseera eggulu welyanukula.

*Mukwano gwange nfanfe, afuna ekirabo ekisuffu!*

MUKWANO GWANGE (Nze Sonja) ye Janie Gibson. Abadde mukwano gwange okuva nga tukyasoma nga tuli bato mu 1952. (egyo emya nga ataano) newankubadde tubadde tetubeera mu kibuga kyekimu okuva lwetwamala okusoma tusigadde tuli bamikwano nnyo. Osobola okufumintiriza nti tugabanye ebirabo byamazalibwa ne sekukulu okumala emyaka ataano! Nina ebirabo bingi okwetolola enyumba ebimunzijukiza. Gyebuvuddekko twasalawo okuba nga twewa birabo nga "byakulya" enaku zino.

**Nalinga ategedde nti ke kaseera akatuufu**

Emyaaka egiyise mu 1970, Janie ne mukyala we baali bakyaddeko mu kibuga kyaffe, nekinkwatako nti bali tebamanyi Katonda. Bombi bali basabira mu Kkanisa nga bakula naye tebategeera lwaki bali betaaga

omulokozi. Nawulira nga baali baggufu bwenali ngabanako nabo ku kaseera akasufu kenafuna Omwoyo Omutukuvu bwe yambatiza. Nali nga ategedde nti ekiseera kituuse.

**Awo ne wabawo okubatizibwa kw'Omwoyo Omutukuvu**

N'abaniriza ewaka mu kaseera k'okuyiga Baibuli kwetubeera nakwo. Janie yali ayagala okujja, naye Glynn yali tayagala. Bwe wayitawo akaseera nga tumulemeddeko, n'amaliriza nga akkiriza okuwerekerako Janie. Sijukirira ddala kiki kyetwayogerako oba kyetwasoma, naye twali tumaliriza olukungaana, netubabuuza oba bagala okwetwalira Yesu nga omulokozi mu mitima gyabwe. Nebakkiriza bombi, era kali kaseera kasufu eri ffena. Nenfuna enkizo okubakulembera mu kubatizibwa n'Omwoyo Omutukuvu. Kyali kisuffu nnyo ffembi okuba nga kati tugabana omusingi gwegumu.

Okuva awo tutambudde ffena netuyita mu bizibu ffenna. Mu bizibu ebingi kyatwalilamu omuzukkulu wabwe, Brittain, eyalwala endwadde yo olukonvuba era nga ali mumbeera enzibu mu ddwaliro ly'abaana mu Seattle okumala emyezi ena. Nzijukira okugenda mu kasenge ke ne bazadde be, Brian ne Kim Gibson, nenjogera obulamu eri omubiri ogwali guzimbye ogutalinalina bulamu. Nasigala nangirira, "Brittain, olunaku lumu nja kukulaba nga ozannya omupiira."

**Eky'oyo ky'okufa**

Mumatumbi budde, nenfuna essimu okuva ewa taata wa Brittain, Brian, mutabani wange. Abasawo baali bagambye nti Brittain tagenda kusimattuka kufa kiro ekyo era Brian yali awulira eky'oyo ky'okufa mu kisenge mwe baali. Nangamba, "Sonja, nkoleki? Siri mwetegefu kumuta!" Nensaba mukyama nemala nemugamba agobemu buli omu mu kisenge okujjako Janie, jjaajja we omukyala ne munnyonyola obuyinza bwalina obw'omwoyo nga yewaayo eri Katonda mu kusaba. Awo yali alina okulumba eky'oyo ky'okufa mu linnya lya Yesu Kristu agulagire okuvaawo. Yajjako essimu nakola kyennyini kyenamulagira okukola. Newankubadde nga Brian teyalina kumanya kungi kukwatagana ku lutalo luno olw'omwoyo, yakolera mu kukiiriza n'obuvumu, era omwoyo gwokufa neguvaawo! Omuto Brittain yali asabilwa abantu bangi era olw'essala yawonyezebwa. W'empandikira bino alina emyaka musanvu, era azannya ensero!

### *Okunyonyola ekigambo kyokumanya*

Ekigambo eky'okumanya kyakubikulirwa kw'omwoyo okuva eri Katonda ekikwata kumbeera ezayita oba eziriwo Katonda zatulaga. Okumanya kuno kulagirwa okuva eri Katonda okudda eri omuntu, okuyita

mu Mwoyo Omutukuvu okukakasa, obulambulukufu n'okuzibwa obujja mu bulamu bwabo abaliwo.

## Ebigambo bijja byoka

Ekigambo eky'okumanya kivira ddala w'Omwoyo Omutukuvu. Ekigambo eky'okumanya kigya mu ngeri ey'ebigambo ebivira ddala eri Katonda ebituwebwa okuyita mu Mwoyo Omutukuvu. Ebigmbo bino bijja byokka mu mwoyo, mu birowozo byaffe. Ebisera ebimu ebigambo bino biba binafu. Emirundi emirara biba by'amaanyi, okusinzira kubwetavu bwe mbera mwetuyita yenyini. Olwokubanga kijja kyokka atenga kikwatagana kumbeera ey'obuwereza, tusobola okulowoza nti kivudde eri Katonda. Tukola okusinzira ku kiki ebigambo kyebitulaga.

## Katonda abikula ebyayita ne biriwo

Katonda alaba byonna era amanyi byonna. Ekigambo ekyokumanya kiraga amazima ag'obuliwo nti getagisa okusobola okumalawo embera ebera ezewo. Tusobola okukozesa ekifananyi ky'ebivuga ebingi. Katonda ya duumira ffe ne tukozesa ebirabo mu bivuga ebingi okufulumya oluyimba. Buli omu kuffe alina ekitundu eky'okuzanya, naye tulindirira akaseera ak'okusumululwa kw'ebirabo bya ffe ne talanta. Akasera akatuufu bwe katuka, atuwa akabonero mungeri yebigambo ebitukira ddala ku luyimba olw'obuwereza. eky'awandikibwa kino wamanga kiraga engeri Peetero gye yakozesamu ebigambo ebyokumanya ebyamuwebwa Omwoyo Omutukuvu.

> Naye Simooni bweyalaba nga olwokussibwaako emikono gyabatume baawebwa omwoyo Omutukuvu, nabaletera efeeza nga agamba nti mumpe nange obuyinza buno buli gwenassangako emikono awebwenga Omwoyo Omutukuvu. Naye Peetero namugamba nti Feeza yo ezikirire nawe, kubanga olowoozezza okufuna ekirabo kya Katonda nebintu. Tolina mugabo newankubadde okugabana mukigambo kino: kubanga omutima gwo simulongoofu mu maaso ga Katonda. Kale wenenye obubi bwo obwo, osabe mukama waffe, mpozzi olisonyiyibwa ekirowoozo ekyomutima gwo. Kubanga nkulaba oli mususa ogukaawa nemunvuba yobubi. Simooni naddamu nagamba nti munsabire mmwe eri Mukama ebigambo bye mwogedde bireme okumbaako nekimu.
>
> —EBIKOLWA 8:18–24

- Nga Peetero, wagya kuberawo ebisera wetugya "okulaba" ebifananyi oba okuwulira Omwoyo Omutukuvu nga agamba, "omuntu oyo alinga omususa ogukaawane mu nvuba y'obubi. Mugambe yenenye ekibi ekyo.

- Mbagirawo twanukula eri okubikurirwa okwo nga tubabulira kiki mukama ky'agambye era netubagamba okukola ky'abeera abagambye.

**Okuteeka munkola**

Obubaka bubeera bukwata ku mazima agetaaga okumanyibwa tusobole okutegeerera ddala ekyetagisa okukolebwa. Okugeza, tuyinza okuba nga tulina gwetusabira okuwonyezebwa naye nga walabika nga awatali kirabisibwa. Awo netuwulira ebigambo, "tanaba kusonyiwa mwanyina." Mangu ago netukwata kububaka obwo n'obuvumu. Tukikola n'amagezi n'okwegegendereza okungi. Tuyinza okugamba, "Mpulira nti tonaba kusonyiwa mwanyoko. Kituufu?" Okuddamu kwe kukakasa oba tuwulidde bulungi oba nedda. Obuwereza bwaffe buba bujja kukyuuka embagirawo.

**Ekyali mu Yelimu**

Olukungana lwange olusinga okuba olukulu lwali mu Yelimu, mu bungereza mu 1980 ku ky'eggulo. Nali ndya enkoko ensiike, eddoboozi lya Mukama nerijja mubirowoozo byange. Nangamba, "Genda wabweru, emanju wekizimbe. Njagala kukubuulira kiki ekinabaawo akawungezi ka leero." Enkoko yali nnungi, naye okuwulira okuva eri Katonda kyali kisingako. Nenva ku kyeggulo nengenda wabweru. Obudde bwali bukutte, nga ate bukuttte nnyo emabega wekizimbe. Nengenda emabega w'ekizimbe naye nenyimirira wensobola okulengerera amataala. Nentandika okusaba mu nnimi okumala akaseera awo nembuuza, "Mukama kiki kyobadde oyagala okungamba?" Nali nkyatunula mukiro, nempulira Mukama nga agamba, "Njagala okukola ebintu bingi akawungeezi ka leero. Singa onangondera awatali kulinda, njakulaga ekitiibwa kyange. Olina okwesigamira ddala ku nze ogondere eddoboozi lyange mubuli kigenda okubaawo." Nengamba, "Nja kugonda!"

**Enkola ya Katonda esobola okutuukira kunsonga?**

Naddayo munda nentuula. Bweneyongerayo okulya kunkoko, nentunulatunula mu kibiina nga ntunuulira buli omu. Bwenatunuuliranga ennyo abamu, eddoboozi lya Mukama nga lingamba ebigambo ebikwaata ku omuntu oyo. Ebintu nga, "Oyo anetaaga. Ajja kuwayo obulamu bwe gyendi leero. Ngenda kuwonya omugongo gw'omusajja oyo bwo namuteekako emikono. Abafumbo abo balina obukuubagano mubufumbo bwabwe. Bajja kuwonyezebwa okuyita mu kigambo ekyobunabbi kyenawa omwami oli. Oyo omukyala alina obuzibu mukulya era ajja kuwonyezebwa okuyita mu kusaba okw'obunabbi. Abafumbo bali tebammanyi. Ojja kubayitayo, nja kubalokola."

### Katonda abikola byonna

Nalinga alina obuzindalo mumatu era nga mpulira Mukama nga ayongerera ddala. Nali nagambye "Yee," eri Katonda, naye kino kyali kisukka ku kyenali nsuubira. Ekirabo ekyokukkiriza nekingwako omukulembeze bwe yatwanjula nze ne Sonja. Nengenda mumaaso. Nentandika okuwa obujulizi bwange. Mba nkyayogera, Mukama nansazamu nangamba, "Tandika okuyita abo benakulaze. Kati!" Mu buvumu nentandika, omu ku omu nga nsonga ku abo beyangambye. Nentandika okubagamba Mukama byeyangambye. Awatali kugaana buli omu nafuna Omwoyo Omutukuvu kyeyagambye kyalina okufuna. Abafumbo nebalokoka, bangi bawonyezebwa, omukyala oli eyalina ekizibu n'okulya nasumululirwa ddala, era bangi babatizibwa n'Omwoyo Omutukuvu. Katonda yeyatandika buli kimu era nankozesa mu byonna.

### Wetegereze ekirabo ky'ekigambo

Tusobola okukebera oba obuwereza bwaffe obw'okusaba bukola okusinzira ku bibala ebikuvaamu. Twewuunya emirundi Omwoyo Omutukuvu gyeyatuwanga ekigambo ky'okumanya. Mu magezi g'obuntu tujja kutya okweyongerayo nebitubikulirwa kuba biba nga ebiva mu bbanga. Naye bwetweyongera okufuna obumanyirivu, tusobola okutunula emabega netumanya nti Katonda yali atukulembera n'okusinga bwetwali tulowooza. Ebiseera ebimu tulina kulinda wiiki oba myezi okuba nga byetwakola birabisbwa ku kigambo ky'okumanya kye twawa kye twali tetwekakasa. Kino kituyamba okugondera kyetulowooza kyetuwulira era netukkiriza Katonda okujja okutuyamba. Kisingako ffe okuvaayo netukkiriza Katonda kulw'ebitasoboka okusinga bwetusirika mbu tuleme kweswaza.

### Yesu yalaba okukkiriza kwabwe

Akaseera ak'okuwonya wamanga kalaga engeri Yesu "gyeyalaba" okukkiriza mukubikkulirwa era nawonya omusajja. "Yesu nalaba mu mutima gwe," ekibiina kyekyali kyogera.

> Nebakungaanya bangi, nokugyawo nebatagyawo nate nemumulyango: nababuulira ekigambonebajja nabaleeta omulwadde akoozimbye nga bamwetisse bana. Naye bwebalema okumusemberera olwekibiina, nebabikkula waggulu ku nyumba weyali: ne bawummulayo ekituli nebamussiza ku kitanda akozimbye kweyali agalamidde. Yesu bweyalaba okukkiriza kwabwe nagamba akoozimbye nti Mwana wange, ebibi byo bikugiddwako. Naye waliwo abawandiisi abamu nga batudde nga balowooza mu mitima gyabwe nti ono kiki ekimwogeza bwatyo? Avvoola: ani ayinza okujjako ebibi wabula omu ye katonda? Amangu ago Yesu bweyategeera mu mwoyo gwe nga balowooza bwebatyo munda yaabwe nabagamaba nti kiki ekibalowoozesa ebyo mumitima gyammwe? Ekyangu kiruwa,

okugamba akoozimbye nti ebibi byo bikujjiddwako; nantiki okugamab nti golokoka, weetikke ekitanda kyo, ogende? Naye mumanye nga omwana womuntu alina obuyinza kunsi okugyako ebibi (nagamba akoozimbye nti) Nkugamba, Golokoka, weetikke ekitanda kyo, oddeyo mu nnyumba yo. Nagolokoka neyetikka amangu ago ekitanda, nafuluma mumaaso gabwe bonna; awo nebeewuunya bonna nebagulumiza Katonda nga bagamba nti tetulabanga ko bwetuti.

—Makko 2:2–12

- Yesu yatuwa eky'okulabirako mu ngeri gye tusoola okwesiga, ma ku Mwoyo Omutukuvu. Yesu yayanukula eri okubikulirwa mu kukiriza ku mugenge eyali ne mikwano gye. Okukiriza tusobola "okukulaba" mu muntu okusinziira ku kigambo ey'amagezi.
- Omwoyo Omutukuvu alina okutubuulira omuntu waberera omwetegefu okuwonyezebwa. Yesu "yalaba" okukkiriza kwabwe nagenda mumaaso nokuwonya omugenge nga akozesa ebigambo ebyobuyinza, "Golokoka, kwata ekitanda kyo ogende!" okuwonyezebwa kwali kwa mbagirawo. Tulina okukola kyekimu.
- Omwoyo Omutukuvu yabikkula ebirowoozo byabanaddiini ebitali birungi ebyali mu mitima gyabwe. Yesu yatulaga engeri y'okwesigama ku Mwoyo Omutukuvu okubikkula ebyali bigenda mumaaso nengeri yokukikwasaganyamu.
- Okusonyiwa nokuwonya byali bitwalibwa nga ebitasoboka eri abafalisaayo.
- Endowooza yabafalisaayo yali nti byombi tebisoboka. Omwoyo Omutukuvu yakulembera Yesu okubikola byombi okukakasa ensonga ye: Katonda asobola okusonyiwa ekibi ate n'awonya abalwadde. Tumukkirize akole kyekimu okuyita muffe.

## Kikole nga Yesu bwe yakikola

Bwosomesa n'obulira nga Yesu bweyakola mu kyawandikibwa waggulu, amaanyi ga Katonda gajja kulabisibwa. Bwegalabisibwa wabeerawo

okuwona n'okusumulurwa. Abatalina kukkiriza nabogezi nebwebabaawo, amaanyi ga Katonda gabaawo okulaga ebyamagero. Yesu teyabafaako. Naffe tukole bwetutyo. Kolera mu mafuta, era okulukute n'Omwoyo kyakulaga. Bwolaba okukkiriza kwabwe, kola nga bo bwebasuubira. Yesu yakiriziganya n'abasajja kyebali basuubira—okuwonya! Werereza mw'abo abalaga okukkiriza. Abatalina kukkiriza bayiteko buyise. Katonda ayagala okutuukiriza emirimu gye okuyita muffe okuleetawo okw'ewuunya nebbanja mu bantu basobole okumusembeza nga Mukama era Omuwonya. Omwoyo Omutukuvu atusongera ddala ku Yesu Kristo. Tulina okubeera abegendereza okugulumiza Katonda kulw'obubonero n'ebyewuunyo byakola.

## Okukola ebitali bya bulijjo

Omugenzi John Wimber yeyatandika engombo "okukola ebitiisa" mu katabo ke mu 1985, *Enjiri Elina Amaanyi.* Nga omukkiriza omupya yabuuza omusumba nga olukungana luwedde nti "mukola ddi ebitiisa?" Yali ategeeza okuwonya n'ebyamagero byeyali asanze mu Baibuli. Teyafuna kyakuddamu kimumatiza.

Gyebuvuddeko nze ne Sonja twasomesa mu lukungaana olumu ku kukola ebintu ebitali byabulijjo mulukungaana lw'abasumba mumasekati ga Califonia. Omu ku basumba yali ayagala kubeerawo naye teyasobola, kati n'atwaniriza mu kibuga kya Nevada okusomesa era bwetutyo twasomesa mu lukungaana mu kkanisa ye. Olungaana lwalimu ebitundu bina byebatera okubuusa amaaso mu Kkanisa. Ekisooka, okukulembera abakkiriza abalala okubatizibwa n'Omwoyo Omutukuvu, Ekyokubiri, engeri yokuwonya abalwadde; ekyokusatu, okuwerereza mu kubikkulirwa okwokumanya; nekyokuna, okusumulula abantu okuva mu kikoligo kya Setaani. Mu kusoma okwokumakya abakulembeze babatizibwa n'Omwoyo Omutukuvu n'abantu bangi basumululwa mu bizibu ebyenjawulo. Okusoma okwemisana kwanyuma n'okusingawo nga Omwoyo Omutukuvu yaleeta okukulukuta kw'ekigambo ky'amagezi n'okumanya mu bantu.

## Tetuli banjawulo

Mu kusomesa kungeri y'okusumululamu ebirabo ebyokubikkulirwa, Mukama yatandika okuwa Sonja nange ebigambo by'amagezi n'okumanya ebikwata kukuwonyezebwa okumu kweyali ayagala okukola. Buli lwekyabangawo, Nze ne Sonja nga tugamba, "Banange tetuli banjawulo!" Mwenna abakulembeze musobola okukola kino. Kyetagisa buvumu okukkiriza nti ojja kukola ensobi ebiseera ebimu nga bwoyiga okutambula n'omwoyo Omutukuvu." Awo nga tubateeka mu bibinja byababakulembeze nga kkumi basobole okwegezamu engeri yokwogera ekigambo kyokumanya n'amagezi eri banabwe.

Bwetwali mu kusoma okw'emisana, Katonda yatandika okukola ebintu ebisuffu. John natandika okulangirira nti waliwo omukyala eyetaaga okuwonyezebwa okugulu. Omwoyo Omutukuvu yalaga kugulu ki ne wa obuzibu we bwali. Omukyala eyali mumaaso yayimirira n'obuvumu nagamba "Yenze! Mbadde n'obulwadde mu kugulu." Nasonga kukugulu kwe okwa ddyo natandika okuwenjula olugoye. Nagamba "Katonda wange, kigenze!" Ekizimba ekyaliwo okumala ebbanga kyali kigenze, Katonda yali akijjewo. Kino kyali kyamagero buli muntu kyeyali asobola okulaba. Twamukuba ekifananyi tukikozese mu mawulire, natulaga nga olususu luzzeewo era nga tewaliwo wadde enkovu.

Tugezaako okuletera ekibiina kyonna okwenyigiramu singa Omwoyo Omutukuvu atandika okubikkula ebintu. Engeri gyetukikolamu kwekuba nti tuyita netukola ekyo Omwoyo Omutukuvu kyayagala tukole. Bwekuba kuwonya, tuyitayo abantu abo abalina ekizibu ekyo mu maaso nebayimirira awo. Olwo netusaba abantu abatasabiranga ku balwadde nebajja nebabasabira. Olw'okubanga ye Mukama awonya abeera atubikkulidde, kyewuunyisa ababa babasabidde okulaba nga Mukama abawonyeza. Eno yemu kungeri eziraga nti Katonda yafuga so si ffe abawereza.

## Emyaka asatu nga ali mubulumi

Embeera bwetyo omwami eyali ayambadde engoye nga abangereza bwe bambala yagiyitamu. Mukama yabikkula nti waliwo abantu abalina obulumi, okutandikira ku mugongo okutuukira ddala ku magulu. Abantu nga bataano, nga mwemuli ne musajja mukulu, bajja. Nze (John) nempita abakkiriza bataano abatalabanga kuwonyezenwa okutali kwa bulijjo nga kulabisibwa okuyita mu mikono gyabwe. Sonja nayimirira n'abakulembera mu kusaba okwokukkiriza, era netubatunulira nga Mukama abawonya. Obulumi nebuvaawo mbagirawo okujjako omwami eyali ayambadde engoye z'abangereza. Buli omu bweyatuula wansi, namubuuza obulumi ebbanga lwebumaze mu mugongo namagulu. Nangamba, "Emyaka asatu!" Nemubuuza emirundi emeka gyebaali bamusabidde. Nagamba, "Nalekerawo nokubala emirundi. Ndowooza emirundi nga kikumi." Okuddamu kwe kwalaga nti talina kukkiriza kumala.

Awo Omwoyo Omutukuvu nangamba nti, "Ogwo mwoyo gwa kugongobala." Sasiba namu nemugamba nti, "Mukama ambikulidde nti ogwo mwoyo gwa kugongobala. Ngenda kukusumulula era ojja kuwonyezebwa." Netuteeka emikono gyaffe kumugongo gwe, nendagira omwoyo gwokugongobala okugenda mu linnya erya Yesu. Nangamba, "Kigenda!" Nengamba, "Amiina. Era kijja kweyongera pakka nga kigenze." Eddakiika nga asatu paka ku ssaawa yagezesanga amagulu n'omugongo nga bwatubuulira obulumi wa webutuuse mu kugenda. Oluvannyuma nangamba,

"Obulumi 99 ku kikumi bugenze. Ndowooza ekisigaddewo kwekukakanyala kwomugongo engeri gyegumaze ebbanga nga tegwefunya." Kwekyo, twawa Mukama amatendo agokwebaza olw'ebyo byakoze mu kibuga.

**Ekyo Katonda kyabikkula akiwonya**

Abakkiriza mu nsi zi naggwa dda bagala nnyo okuteeka essiira ku balwadde nabalumwa abalabika nga abatawonyezebwa. Ebirabo ebyokubikkulirwa, naddala ekigambo ky'okumanya, bikyuusa bino byonna. Ebirabo ebyokubikkulirwa bwebiba nga biri munkola, okuwonyezebwa kuva ku 50 nekutuukira ddala ku 100. Buli ekigambo kyokumanya bwekiyingira mu kuwonya abalwadde, omuntu oyo ebiseera byonna awonyezebwa. Kibeerawo mbagirawo oba mu ssaawa ntono oba ennaku ntono. Kisobola okwogerwa nti buli Katonda lwayogera, awonya. Tulina okwesiga Omwoyo Omutukuvu okukola kyayogera. Bw'atukkako natubikkulira ekigambo kyokumanya ekikwatagana kumbeera y'omubiri gwomuntu okuwonyezebwa tekwewalika. Tugonda era netuva mukkubo lye ye n'awonya. Okuwonyezebwa kujja kulabisibwa.

**Yesu bye yakola byonna byatukirira**

Yesu yemutandisi era omumaliriza wokukiriza kwaffe. Yatandika ekigambo kyokumanya era natulaga engeri entuufu eyokukikolamu. Yesu yagamba tusobola okukola byeyakola. Tukikola tutya? Tukola ekyo kyokka kyetulaba taata akola. Kino kijja kuggya mungeri yebigambo oba ebifananyi mu kigambo kyamagezi n'okumanya nga Yesu bweyabifunanga.

> Awo Yesu naddamu nabagamba nti, ddala ddala mbagamba ntiomwana tayinza yekka kukola kintu, bwatalabira ku kitaawe nagkola: kubanga ye byakola byonna, n'omwana byakola bwatyo. Kubanga kitange ayagala omwana, amulaga byonna byakola yennyini; era alimulaga emirimu eminene egisinga egyo mmwe mwewuunye.
>
> —Yokaana 5:19–20

> Tulina okutuuka mukifo wetusabira, "Mukama, njagala kukola ekyo kyokka kyempulira kitaange angamba okuyita mu Mwoyo Omutukuvu. Nyamba okukola ekyo." Awo tusobola okusaba, "Mukama ndaga ebintu ebisinga kubino. Njaga kukola Yesu byeyakola.

**Mukama amanyi ensibuko y'obulwadde.**

Bwetuba tusabira abalwadde tuba tetumanyi kiki kireeta bulwadde oba obulumi omuntu bwaba alimu. Ebiseera ebimu n'omuntu naye aba tamanyi. Kayinza okuba akawuka akaleeta endwadde, oba obutwa, oba

omoyo. Mukama ye abeera akimanyi, kati tulina okulinda okuwulira okuva gyali. Bwetukikola, okuwonya kujja kulabisibibwa. Wamanga waliwo eby'awandikiibwa by'ebimu ebigattiddwa okuva mu Makko ne Matayo. Tukiraba nga Yesu yesonyiwa okusaba kwabantu okuteeka emikono gye kukiggala. Mu kifo kyokukola ekyo, yagoberera ebiragiro okuva eri Kitaffe nateeka engalo ze mumatu ge, nawanda, nakoma kululimi lw'omusajja.

> Ate nava mu mbibi eze Tuulo, najja nayita mu sidoni ne wakati mu mbibi aze Dekapoli natuuka kunyanja eye Ggaliraaya. Nebamuleetera omuggavu wamatu, atayogera bulungi; nebamwegayirira okumusaako omukono gwe. Namujja mukibiina kyama, namussa engalo mumatu ge nawanda amalusu namukoma kululimi; natunula waggulu muggulu mu ggulu, nasinda, namugamba nti efasa, kwe kugamba nti zibuka. Amatu ge negazibuka n'enkolo y'olulimi lwe n'esumulukuka nayogera bulungi. N'abatuukirira baleme okwubuulirako omuntu; naye nga bweyeyongera okubakuutira, bwebeyongera enyo nnyini okukibunya. Ne bawunikirira nnyo nyini kitalo nga bagamba nti byonna akoze bulungi: aggula abaggavu bamatu, era ayogeza abassiru.
>
> —Makko 7:31–37

> . . . nalinnya kulusozi natuula okwo. Ebibiina bingi ne bijja gyali, nga birina abwenyera, nabazibe bamaaso, na bakasiru, nabalema, nabalala bangi, nebabassa awali ebigere bye; nabawonya: ekibiina nokwewuunya nebewuunya, nabalala bangi bakasiru nga boogera, abalema nga balamu, abawenyera nga batambula, nabazibe bamaaso nga balaba: nebagulumiza Katonda wa Isiraeri.
>
> —Matayo 15:29–31

- Tulina okweyongerayo nga Omwoyo Omutukuvu atukulembera. Omwoyo Omutukuvu bwaba atukulembera, tukola ekyo kyokka kyatulaga.

- Kino kiyinza okutegeeza nti tujja kweyongerayo mu ngeri etali ya bulijjo. Wano, Yesu yagoberera kiki Kitaffe kye yali alaga nga ateeka engalo ze mu matu g'omusajja, okuwanda, wamu n'okukwata ku lulimi lwe. Mu ngeri y'emu, yamugamba nti, "Gukka!" Naffe tulina okukola ekintu kye kimu, Omwoyo Omutukuvu wona wanabeera nga atulungamya mu bulambulukuffu.

- Wetegereze: Yesu yaddayo mu Dekapoli, eri abantu gyebali tebamwagala. Awo, abantu nga tebakyatya—bali betaaga

okuwonyezebwa. Kyali lwakuba nti waliwo eyali asumuluddwa okuva eri emizimu nababuulira enjiri. (Laba Makko 5:18–20).

*Ebyokulabirako ebyobuwereza buno*

**Olukungaana olwokuwonyezebwa mu Chiang Mai.**

Nze (John) nali omwogezi omukulu ku kuluseedi mu Thailand mu ntandikwa y'omwaka 2002. Abatukyaaza Greg ne Karen Fry nabo bagabanako era nebawereza ku kuluseedi eno. Akawungeezi akasooka Katonda yawonya abantu okuva ku abiri mubataano okutuuka ku asatu okuva eri obulumi obwenjawulo, ebirwadde, obuzibe, n'omisujja omungi. Waliwo eby'amagero bingi ebyalabibwa ne tutuuka okusabira abantu mangu mangu abajjanga mumaaso abayitirivu. Waliwo emirundi essatu egy'enjawulo Omwoyo Omutukuvu weyangamba nti emyoyo gye gyali giretera abantu okulumwa emitwe egitawona, oba obulumi mu mibiri gyabwe. Buli lwenatunulanga abantu bano mumaaso, Omwoyo Omutukuvu nga agamba mubuvumu nti, "Omwoyo gw'okugomgobala gwegukireeta ekyo." Bwenalagira emyoyo okugenda, abantu nga bawonyezebwa okuva eri ebirwadde.

**Bakiggala nga bawonyezebwa mbagirawo**

Akawungeezi akokubiri, nalindirira Omwoyo Omutukuvu nambulira ekika kyokuwonyezebwa ekyali kyetaagisa. Abantu abiri mubataano bebawonyezebwa mu saawa nga emu nga Omwoyo Omutukuvu ayogera obulumi nendwadde ezenjawulo. Era, emyoyo gye gyaleetanga ebizibu ebimu ku bantu. Omwoyo Omutuvu mu kisa ekingi yawonyanga abantu bano nga omwoyo gumaze okubikulwa era negulagirwa okubata. Ky'esiryerabira ku akawuungezi ako be basajja ababiri abaali bakiggala emirundi 85 okutuuka ku 90 ku buli 100 mumatu gabwe gombi. Bagondera okuyita kw'Omwoyo Omutukuvu okujja okuwonyeza okuba bakiggala. Omusajja omu najja waggulu, najjayo obizindaalo bwe bwawuliliramu naganba yali mwetegefu okuwonyezebwa. Nze ne Greg netutandika okumusabira nga tewali kikyuuka. Netulekerawo nga twebuuza kyetulina okukola. Omwoyo Omutukuvu nangamba mukasirise nti, "Ogwo mwoyo gwa bwakiggala." Nemwenya eri omusajja, nentunuulira ddala mu maaso ge, nengamba, "Gwe omwoyo gw'obwakiggala, genda!" Okuwulira okwanamaddala nekubeerawo eri omusajja ono.

**Wanda ku ngalo zo**

Oli omusajja omulala yaliwo awo nga alaba ono nga awonyezebwa. Bweyalaba ekyamagero ekyabaawo, nayanguwa okujja mulunyiriri oluddako.

Okukkiriza kwe kwali waggulu era yali mwetegefu. Nempulira omuvvuunuzi nga awogganira mukutu kwe, “Obadde kiggala kumala bbanga ki?” Nagamba “Myaka abiri.” Nentunuulira Greg ne Karen, netukkiriza nti kino kyangu eri Katonda.

Omwoyo Omutukuvu nayogera nange nangamaba, “Wanda amalusu mungalo zo, ziteeke mumatu gomusajja, ogambe nti, weggule!” Awatali kubuusabuusa nenkikola. Nempandula amalusu kungalo zange eziddirira ensajja, nenziteeka mumatu gomusajja, nenjogerera waggulu nti, “Weggule, mu linnya erya Yesu!” kyatwalira omusajja edakiika emu okuzuula nti yali awulira bulungi nga takozesa buzindaalo. Naye yawonyezebwa mbagirawo mu maanyi ga Katonda. Nenkizuula nti kino Yesu kyeyakola mu Mattayo 15:29–31 ne Makko 7:31–37. Greg, Karen, nange netuddayo mu woteeri nga tutendereza Katonda kulwokutambula kw’Omwoyo Omutukuvu okwekitalo ebiro ebyo ebibiri. Twamala netuzuula nti bangi ku abantu abo kati bali mu kkanisa emu era b’alokoka. Twali tumaze okuyiga okuva eri Kitaffe ne tugondera ekyo kyeyali ayagala tukole asobole okuwonya bantu be abangi.

## Omwoyo Omutukuvu ayogera ekyo kyawulidde

Ekigambo ky’okumanya ye kitaffe okwogera naffe okuyita mu Mwoyo Omutukuvu. Tuwulira ebigambo Omwoyo Omutukuvu byawulira okuva eri Kitaffe. Tuwulira ebigambo era netulaba ebintu kitaffe byayagala tuwulire era tulabe.

> Naye bwebalijja oyo omwoyo owamazima alibalinggamya mu mazima gonna: kubanga tayogerera kububwe yekka; naye byonna byanawuliranga byanayogeranga: ye anaababuuliranga ebigenda okujja. Oyo anangulumizanga nze: kubanga anatoolanag kubyange nababuulira mmwe.
>
> —Yokaana 16:13–14

- Yesu atubuulira engeri gyeyagorengamu ne Kitaffe okuyita mu Mwoyo Omutukuvu. Atubikkulira engeri yokukola byeyakola.
- Yalindirira okuwulira ebigambo okuva eri Kitaffe eby’amuweebwa okuyita mu Mwoyo Omutukuvu.
- Yali awulira ebigambo ebyalabisibwa ebyali bigenda okubaawo.
- Yali awulira okwagala kwa Katonda okutukiridde nga tekunalabibwa!

- Tusobola okusuubira ekintu kyekimu bwetusasula omutango okuwereza Katoda n'emitima gyaffe gyonna, ebirowoozo byaffe, nemmeeme. Tusobola okukola Yesu byeyakola.

**Eby'amagero mumambuka ga Seattle**

Emyaka mitono egyayita, Sonja nange twayitibwa okusomesa kungeri yokuwonyamu abalwadde mu kkanisa ennene mumambuka ga Seattle, mu Washington. Tusaba buli lunaku, netusoma, era ne tunoonya Mukama nga tetunaba kwetantala kusomesa by'amagero. Twateeka byonna byetugenda okukola mu maaso ga Mukama netumujjukiza naffe netwejjukiza nti asobola okukola kyonna kyayagala mu buli lukungaana. Netuwulira nga tuzeemu amaanyi we twatandika okuvuga okutuuka lwe twasimba emotoka mu luggya, ne tulyooka twegatta mu kusaba okusookawo n'abakulembeze abatwala abalina entekateeka yonna. Mu kusaba nendaba nga akulembera abatekateeka mulwadde nnyini ddala. Katono aleme nakujja olw'omulumi bweyali awulira mu mubiri gwe n'omutwe ogutasirika. Bali abalala nebakyuuka gyali nebamugamba, "Katumusabire asobole okunyumirwa olukungaana." Ffena netukkiriziganya era netutandika okumusabira. Nali mutuukirira, Omwoyo Omutukuvu nangamaba, "John sikati. Njakumuwonya eddako." Nenewuunya kyeyali ategeeza, nembivaako nensaba mu Mwoyo. Tewali yakimanya nti nze nzekka atamuteekako mikono.

**Omwoyo Omutukuvu nafuga**

Olukungaana lwatandika n'okusinza okulungi. Nenkizuula nti waliwo akaffo nga kakuyimiriramu buyimirizi kyoka olw'abavubuka abangi abali batudde ne kukituuti okuliraana wetwali tubuulirira. Nga bulijjo, Sonja nange tweyongera mu maaso n'okuyimba n'okusaba munnimi paka ku ssaawa eyokusomesa. Waliwo ejjengo ly'amafuta eryamaanyi nga bwetubuulira. Awo Omwoyo Omutukuvu natandika okufuga buli kimu. Nemuwulira nga agamba, "Yita omukyala atwala olukungaana luno ku kituuti." Nengonda. Nangamba, "Buuza omuntu yenna ayagala okukozesebwa okuwonya era oyanirize oyo yenna anasooka okuwanika omukono gwe waggulu ajje amusabire." Nengonda. Omuwala omuto eyali mu maaso ku mukono ogwa ddyo nawanika omukono gwe n'abalala nebawanika naye bawanika buyise. Nengamba, "Gwe asoose. Jjangu wano." Najja waggulu nemugamba ateeke omukono gye kumulwadde nemugamba addemu essaala gyenali njogera. Nakola ekyo kyenyini kyenali mugamba, kigambo ku kigambo. Awo nengamba omukyala eyasaba, "Mubuuze kiki ekigenda mumaaso."

Omusabi gwetwali tulonze namubuuza, "Kiki ekigenda mumaaso?" akubiriza olukungaana namuddamu nti, "Banange! Banange! Kigenze! Obulumi bugenze era nomutwe ogubadde gunnuma guwonye! Katonda

amponyeza!" Ekibiina kyonna nekitandika okusinza n'okutendereza. Nembuuza omukyaala eyasaba nti, "Ani akoze ekyo?" Naddamu nagamba ku muzindaalo nti, "Yesu!" Twazuula gyebwaddako nti yali mu ddiini ya mamoni era eyali yakalokoka ssande emu emabega. Bangi mu Kkanisa ekyo baali bakimanyi era nga batendereza Katonda nga bajaguza olwa Mukama okukozesa omukkiriza omupya okuwonya omulwadde. Kyaletera abalala okuba n'essuubi nti Katonda tasosola mu bantu be bwekituuka mu kusaba n'okukkiriza eby'amagero.

**Tokkiriza bulumi kusigalawo**

Nempulira Omwoyo Omutukuvu nga agamba, "Bagambe besabiragane nja kubawonya." Twali tuteeseza okuba nga tusabira buli eyetaaga okuwonyezebwa, naye Omwoyo Omutukuvu nabikyuusa. Nensaba buli omu alina obulumi obulabikako okuyimirira. Abantu nga nsanvu mu bataano ne bayimirira. Nengamba, ababetolodde nti mubatekeko emikono mubasabire nga muddamu wamu nange ebigambo bino: "Mulinnya elya Yesu, obulumi mbulagira okuva mumubiri guno. Ngana obulumi buno okusigalawo. Ngamba nti kiwedde. Mulinnya lya Yesu Kristo, Amiina!" Awo nengamba buli omu akebere omubiri gwe era buli awonye atuule. Abantu bisatu byakuna nebatuula. Awo ekibiina kyonna ne kisanyuka nate era. Nengamba abantu abali bakyayimiridde nti ababetolodde babasabire nga bwebatasabanga ko. Kino twakikola emirundi ebiri. Kino bwe kyaggwa, basatu nebasigala nga bayimiridde. Abo abaali basigadde nembasaba abalala babasabire paka lwebanawona. Nabo, nebagenda eka nga bawulira bulungi okusinga bwebazze.

*Eby'okulabirako eby'ebigambo eby'okumanya*

**Buli omu yenyigiramu**

Enkungaana nga zino zizimba okukkiriza eri abakkiriza bangi abatafuna kakisa kuteeka munkola basomesa byebabasomesa. Omwoyo Omutukuvu natukulembera nze ne Sonja okufuna abantu bangi mu kibiina nga bwetwasobola basobole okuba nga bafuna ku maanyi ag'okuwonya kwa Katonda. Nga tubazaamu amaanyi okuwereza n'okusabira abo abetaaga okuwonyezebwa mu mbeera Omwoyo Omutukuvu mwalungamiza olukungaana, eby'amagero bingi biba birabisibwa. Mu kifo kyokuba nga omubuulizi yensibuko yamaanyi, abantu batunuulira Yesu Kristo nga ensibuko ya'maanyi n'ebyamagero. Nze ne Sonja bwe twesegulako netukkiriza Omwoyo Omutukuvu okukola muffe mu mirembe, kyali birabika eri buli omu nti Yesu ayagala okukozesa buli muntu yenna era buli omu afuba okulaba nga omulimu gukolebwa. Mungeri eno buli omu aweebwa omukisa era Katonda nafuna ekitiibwa kye kyonna. Bwekityo bwekirina okubeera.

**Peetero yakozesa ekigambo kyokumanya.**

Peetero yafuna ekigambo ky'okumanya okuva eri Omwoyo Omutukuvu nayogera ne Ananiya ne Safira. Kyakakasibwa mbagirawo nga kyali kiva wa Katonda bombi bwebafiira mumaaso ge.

> Naye omuntu erinnya lye Ananiya ne safira mukazi we natunda ebibye, mukazi we naye ngamanyi, n'aleetako kitundu butundu nateeka kubigere byabatume. Naye Peetero nagamba nti Ananiya, setaani akujjuliza ki omutima ogwokulimba omwoyo omutukuvu neweterkerako kumuwenod gwennimiro? Tolimbeye bantu, naye Katonda. Ananiya bwe bwe yawulira ebigambo ebyo, nagwa natondoka. Entiisa ennyingi nekwata bonna abawulira ebyo.
>
> —EBIKOLWA 5:1–4

> Buli muntu alivvoola omwana womuntu alisonyiyibwa; naye buli muntu alivvoola omwoyo omutukuvu talisonyiyibwa, newankubadde mumirembe egigenda okujja.
>
> —MATAYO 12:32

- Yesu yeyatendeka Peetero. Peetero yawulira Yesu agamba nti buli avvoola Omwoyo Omutukuvu tasonyiyibwa.
- Peetero era yayiga okuva eri Yesu okukola buli kimu Omwoyo Omutukuvu kyalaga.
- Mu kino, okusala omusango kwa Katonda kwatekebwa wo eri omukyala n'omwami abalimba kukuwaayo kyonna eri omulimu gwa Mukama nga ate ekyamazima kyali nti bali basigaza ssente.
- Okubeerawo kw'Omwoyo Omutukuvu kwali kw'amaanyi nnyo nti bombi bafiirawo.
- Tulina okwegenderezanga bulijjo tuleme okulimba Omwoyo Omutukuvu.

**Ananiya yafuna ekigambo kyokumanya nakyongerayo**

Pawulo yawonyezebwa obuzibe bwamaaso okuva eri omuyigirizwa owomu Damasiko ayitibwa Ananiya. Omwoyo Omutukuvu yabuulira Ananiya buli kimu kyeyali tamanyi ku Pawulo. Awo Omwoyo namubuulira ekyokukolera ekigambo ky'okumanya—akibuulire Pawulo.

> Yaliyo omuyigirizwa mu Damasiko, erinnya rye Ananiya; Mukama waffe namugamba mukwolesebwa nti Ananiya. Namugamba nti, Nze

> nzuuno, Mukama wange. Mukama waffe namugamba nti golokoka ogende mu kkubo eriyitibwa eggolokofu, obuulize mu nnyumba ya Yuda omuntu erinnya rye Sawulo ow'e Taluso; kubanga laba, asaba; era alabye omuntu, erinnya rye Ananiya, ngayingira, nga amusaako emikono azibule.
>
> —EBIKOLWA 9:10–12

Buli lwe tuwulira Omwoyo Omutukuvu nga atuyita erinya era natuwa ebiragiro eby'enkukunala tubeera tulina okumugondera.

## Pawulo yawonya abalwadde nga akozesa ekigambo eky'amagezi

Pawulo yafuna okubikkulirawa okukwata ku musajja eyagongobala nti yalina okukkiriza okungi okuyimirira okuwonyezebwa. Pawulo yagondera kyeyali awulira okuva eri Omwoyo Omutukuvu, era eky'amagero ekyokuwonya nekirabisibwa.

> Mu Lusitula yaliyo omuntu nag talina maanyi mubugere naberangawo, mulema okuva mulubuto lwa nnyina nga tatambulangako nakatono. Oyo nawulira Pawulu ngayogera: naye namwekaliliza amaaso nalaba ngalina okukkiriza okulokoka, nayogera neddoboozi eddene nti yimirira kubigere byo, weegolole. Nabuuka natambula.
>
> —EBIKOLWA 14:8–10

- Ekyokulabirako ekisingayo okubeera ekirungi ekyekigambo kyokumanya ekyakolebwa eri pawulo ekyaletera omusajja omulema okuva lweyazalibwa okuba nga awonyezebwa.

## Ebyamagero mu Korea

Gyebuvuddeko, nze ne Sonja twayitibwa okusomesa mu lukungana okulirana seoul, mu korea. Abasumba nkaaga n'abakulembeze betaba mu kutendekebwa okwo okwa wiiki. Mu kusoma okumu okw'okuwonya, omukyala omukulembeze najja mumaaso ngagamba nti alina ekirwadde ekitawona, n'enyiike ebyali bimubaddeko okumala emyaka emingi. Bweyantunuulira (John) ekigambo ky'okumanya nekinzijira. Nempulira Omwoyo Omutukuvu, "Alina omwoyo gw'olukonvuba. Gulagire gugende ajja kuwonyezebwa." Nengonda. Nenjogera eri omwoyo nengugamba, "Gwe omwoyo gw'olukonvuba, osibiddwa. Nkulagira okuta omukyala ono mulinya erya Yesu Kristo!"

Nga sinaba nakwogera kintu kilala kyonna nagwa eri, neyevulungula okuva eno nadda eri nga bwakolola obutasirika. Nemulekawo neneyongerayo

okusabira abalala abaali basimbye okusabirwa. Oluvannyuma, nenzirayo omukyala gye yebase, nga alabika nga asumuluddwa okuva eri kyonna ekya kyamusiba. Olunaku olwaddako, n'akomawo nakamwenyumwenyu nga agamaba nti yali asumuluddwa okuva eri ekirwadde n'okwennyika. Yangamba yebaka ekiro kyonna ekintu ekyali kimaze emyaka nga tekibaawo nga takozesezza ddagala lyonna.

**Yayita muganda we eyali omulwadde**

Omukyala yali musanyufu ku Mukama kyeyali akoze nayita ne muganda we asinza budda eyali agenda okulongosebwa omugongo enkeera. Mugandawe yali amaze n'obulumi obugi emyemyezi egiwerako nga mu butuufu ayagayaga okufuna okuwonyezebwa. Bwetwawumulamu mulukungaana katono, omukyala ono natukulembera natwala ewa mugandawe weyali yebase, nga tasobola kutuula nga tawulidde bulumi bungi. Bwenamutunuulira bwenti, Omwoyo Omutukuvu nagamba, “Mugambe mwagala nnyo nti ngenda kuwonya omugongo gwe kyalina okukola kyakkukiriza nti mukama Yesu Kristo yemuwonya.” Kino kyamugambibwa okuyita mu muvvuunuzi. Nanyeenya omutwe gwe okwanukula nti, “Yee.”

Mu kaseera ako nendagira omugongo gwe okuwonyezebwa mu linnya lya Yesu. Nemala nengamba, “Osobola okuyimirira kati. Obulimi bujja kugenda.” Nantunuulira mungeri nga atakkiriza, nayimuka mpola mpola, namala nayimirira, mpola nakyuusa omugongo nga asuubira obulumi. Awo natutunuulira, namwenya nagamba, “Sikyalina bulumi. Mponyezeddwa Katonda!” Awo omukyala omusumba namukulembera musaala eyokulokoka. Nagondera ekigambo kyamagezi nokumanya ekyaletera omukyala ono okuwonyezebwa nalokolebwa kulw'ekisa kya Katonda.

**Yayanira ekisingayo**

Nga abawereza, tulina okunoonya Katonda paka nga tuwerereza ddala mu bigambo by'amagezi n'okumanya. Bino ebirabo webiri eri oyo omukiriza eyewaddeyo. Bisobola okuletawo enjawulo ey'obawanguzi mukifo ky'okuwangulwa. Tulina okwewaayo mu kusaba, okufumintiriza mu kigambo, nokusiiba okutuuka nga tutandise okuwulira okuva eri Katonda. Okwewaayo kuleeta okubikkulirwa. Bwetwewaayo mukuwereza nga tulungamizibwa Omwoyo wa Katonda, obuwereza obwamaanyi butandika. Okuwerereza mu bigambo by'amagezi n'okumaya kijja kuleeta ebibala Yesu byeyafuna.

Jjukira, Yesu n'ekigambo kye bilambikira ddala nti tusobola okuwonya abalwadde. Tulina kulindirira Omwoyo Omutukuvu okutugamba ani era ddi. Okuyiga okukolagana obulungi n'Omwoyo Omutukuvu n'ebirabo bye eby'okuwonya abantu abalumwa bwe buwereza obusinga okuba nga buzza amagoba eri omuntu munno bwetusobola okuba nabwo. Tewaba

kuvuganya. Kituteeka mu ntebe yoyo gwebavuga nga Omwoyo Omutukuvu yavuga. Tuli mu lugendo olusanyusa olututwala mu buwereza.

Essula eddako lyeddaaala erisembayo eriraga okukolagana n'Omwoyo Omutukuvu mukusumulula abantu okuva eri obusibe. Yesu teyasosowaza kuwonyezebwa kwakungulu kubeera nti kyekisinga kukuwonyezebwa okw'omwoyo. Yagezesa byonna mu kisa n'okufaayo. Tulina okuyiga okukola kyekimu nga ye bweyakola.

## *Tuteeka munkola*

- Yakobo 1:22 atugamaba okukola kyetuwulidde (soma).
- Gezaako okukola ekigambibwa okukola mu ssuula eno nga otunuulira "Tuteeka munkola" mu akasembayo B.
- Kola omulimu ogukuwereddwa mu "okuwonya abalwadde mu kukkiriza." Esuula 5

# *6. Okubangulwa mu buwereza okw'omukaaga*

## Okwaŋŋaŋŋa Dayimooni

Essomo eri kwata ku Dayimoni zibu era teritegerekeka. Yesu yagenderera abagoberezi be okuyiga enkwata ya Dayimoni n'okufuula abantu ab'eddembe okuva mu busibe bw'emizimu. Essuula eno egabanyiziddwaamu ebitundu bibiri: Dayimoni mu nsi engwira n'okusumulula abawambe mu Amerika.

**Dayimooni mu nsi engwiira**

Bwe nali nyingira (John) mu mulyango gw'ekifo awasisinkanirwa, abakebezi babiri baali basitudde omukyala aliko Dayimooni nga bamutwala emabega w'ekifo ekikuŋŋaanirwamu. Baali bawaniridde omuwala nga bamunywezeza mu mikono gyombe yali awogana, ng'awanda, nga bwalwana. Okusinza kwali kutandise era nga kirabika Dayimooni zaali tezagala bantu kusinza Yesu Kristo.

**Kyatukawo Mu Afrika**

Twali mu Abidjan, Ivory Coast mu bugwanjuba bw'Afrika, eyo Sonja nange gye twali tusindikidwa mu Kkanisa ez'enjawulo okubulira. Twali twakamala ennaku ttaano ez'okusomesa abasumba abogera olufalansa abasuka mu kikumi ku nonno z'okubeera omuyigirizwa atuukiridde mu bubaka bwaffe obwa "ambassador series." Nga nyingira mu kifo ekyampebwa okusisinkaniramu, nalaba abakebezi nga bakute omukyala aliko dayimooni ne ŋŋaamba "Mukama kino kiteekwa okuba kinyuma." Mukama yali amaze okungamba okubulira ku kuwonya. Neewunya ki ekirala kye yali alina mu birowoozo.

Nabulira enjiri eri Ekkanisa eyali yakasimbibwa eya abantu abasuka kikumi nga nzikatiriza nti Yesu ayagala okuwonya abantu endwadde ezabuli kika n'obulumi. Okuyita mu muvvunuzi, Omwoyo Omutukuvu yatandika okumbikulira ebigambo n'ebifaananyi kuki kye yali ayagala nkole. Naddangamu ebyo Mukama bye yambikulira era nentandika okuyita abantu

mu maaso okubasabira. Eyasooka okujja yali mukyala eyalina obulumi obungi mu lukokola lwe olwa ddyo. Nagondera Mukama nensaba ne ndagira obulumi n'obukakanyavu okumuvaako era n'ebumuvako. Omwoyo Omutukuvu yalondayo abantu munaana abalina emigongo egiruma egy'olukonvuba. Era, bonna bawonyezebwa muddakika budakiika. Nga abakyala abalala basatu bawonyezedwa ebigere, omukyala aliko Dayimoni emabega w'ekannisa yatandiika okuwonganira waggulu awo nentataganyizibwa ddala olw'okulekaana, wabula ekibiina kyalabika nti tekifuddeyo. Nagezaako okusigala nga ndi mukakamu n'okuwa ekifaananyi nti embeera nali ngikwasaganya. Bwenakubayo eriiso, amangu ago ne mpulira okusasira omukyala.

## Omusaayi gwa Yesu kye kisumuluzo

Nayimiriza savisi y'okuwonya ne ntandika essomo erimpimpi ku ngeri Katonda gy'ayagala ennyo abantu abaliko dayimooni nti era yasindika Omwana we abafuule ba ddembe. Nabulira nti abakiriza bonna baweereddwa obuyinza n'amaanyi okugoba dayimoni. Obubaka bwalabika ng'obutuukiridde, nasomesa nti omusaayi gwa Yesu yensibuko y'amaanyi agasumulula ebikoligo by'omwoyo. Bwe nyogera ku musaayi gwa Yesu omukazi ayaliko dayimoni natabukira ddala mu kiseera ekyo. Kyatwalwa abantu basatu okumukakanya.

Nabuuza omusumba oba kyali kilungi okumuleeta mu maaso. Omusumba natemya ku bakebezi abamuleeta mu maaso ne bagezaako okumutuza ku katebe era nagaana okutuula obulungi. Yenna ng akakanyadde ng'olubaawo yagaana okutuula obulungi. Yantunuliranga nga bwakyusa omutwe oluyi ne luyi, ne yeyongera okulekaana, okuwanda n'okusiyiza buli muntu. Mu lungereza, namugamba "ntunulira," bwe yantunulira nendaba dayimoni nga zinjegese amaaso ne ngamba, "Musirike mumuveeko!" Amangu ago nalekera awo okuwogana nabeera mukakamu era afugika ng'omuntu omulala yenna. Safuna biragiro birala byonna okuva eri Omwoyo Omutukuvu era abakebezi ne bamuzayo emabega mu kifo kye. Njjize okulekerawo Omwoyo Omutukuvu bwasirika. Tewaali kwogera kulala oba okutataganya okulala ebyava mu mukazi ono.

## Yagenda

Savisi yakomekerezebwa n'okusinza. Awo natandika okusabira abaali mu lunyiriri oluwanvu abali mu bulumi oba abaali abalwadde Katonda yatandika okuwonya abantu nga bwakola bulijjo. Omukyala eyaliko dayimoni yabulawo kasirise bwe nali nsabira abalwadde. Oluvanyuma nategeera okuva eri omukadde w'ekanisa nti omukyala yali memba wa Kkanisa. Yatandika okwekyanga mu ngeri eyewunyisa omwezi nga gumu emabega natakomaawo wabula neyeyongeranga okuva mu mbeera. Yali tamanyi ngeri mukyala ono

gye yajja okubeera bwati, naye yali atebereza nti omukyala yenyigira mu bikolwa by'awongo ebirimu okwegaddanga.

Navvaawo nengeri endala gyendabamu abantu abaliko dayimooni. Kyali nga nti nakirizibwa okuyita mwebyo Yesu bye yayitamu emirundi mingi egirambikiddwa mu njiri. Eri Ye, abantu abaliko dayimooni yabalabiranga mu kiti kyekimu n'abo abamenyese emitiima, abalwadde, oba abo abali mu bulumi. Bonna baali betanga okuba abeddembe n'okuba obulungi. Mu Lukka 4, omulimu gwa Yesu gulagiddwa bulungi. Ayagala abagoberezi be okwongera yo omulimu ogwo.

> Omwoyo gwa Mukama guli ku nze, Kubanga yanfukako amafuta okubuulira abaavu ebigambo ebirungi: Antumye okutenera abanyage okuteebwa, N'okuzibula abazibe b'amaaso, Okubata ababetentebwa, Okutendera omwaka gwa Mukama ogwakkirizibwa.
>
> - LUKKA 4:18-19

- Omulimu gwaffe omukulu kwe kutuukiriza okilagiro ekikulu nga tukola ebintu bye bimu Yesu bye yakola tuli bakubuulira, kuwonya n'okufuula abanyigirizibwa ab'eddembe n'okuwa Yesu ekitiibwa.

- Tuli bakufuula abo ab'eddembe abanyigirizibwa sitaani nga tubagobamu dayimoni ezi banyigiriza.

## Katwekanye byonna nga bwe byogeddwako mu njiri

Engeri Yesu gye yafulangamu abantu ab'eddembe okuva mu bikoliggo by'omwoyo ettottoddwa bulungi mu njiri. Mu ssula eno tukunganyiza engero zezimu ez'enjiri wamu nga Matayo, Makko, ne Lukka bwe bogera ku lugero lwe luumu, tujja kulanga n'ekyawandikibwa kimu tutekemu essula n'olunyiriri abawandiisi b'enjiri abalala we bayawukanira ku lugero. Era tujja kwongerako ebiteeso ku ngeri gye tuyinza okukola ekintu kyekimu nga Yesu bweyakola.

## Yesu atuwa eky'okulabirako

Eby'awandiikibwa ebiddako biraga ebyatukawo mu buwereza bwa Yesu nga butandiika. Eraga entandikwa y'esaala n'okuwereza ku ngeri Yesu gye yasumululangamu abo abaali mu kikoliggo eky'omwoyo. Tujja kwetegereza nnyo engeri Yesu gyeyafulamu abantu abe ddembe era tuwe ebiteeso ku ngeri gye tuyinza okukozesa engeri ze zimu mu kuwereza abantu olwa leero.

Obudde bwali buwungedde ne bamuletera dayimooni nekigambo nayonya bonna abaali abalwadde 17 ekigambo kitukirire ekya yogerwa Nabbi Isaah nga agamba nti ye yenyini yatwala obunaffu bwaffe neyetikka edwadde zaffe.

- MATAYO 8:16-17

Awo enjuba bweyali ng'egwa, bonna abalina abalwadde abendwade ezitali zimu nebabamuletera, buli omu kwabo namusakko emikono gye, nabawonya. Ne badayimooni nebabavako bangi, ne bakaaba nga bagamba nti Gwe oli Mwana wa Katonda. Na babogerera, natabaganya kwogera, kubanga bamanya nga ye Kristo.

- LUKKA 4:40-41

Bwe tusoma eby'awandikibwa bino tusoboola okutandika okwetegereza engeri ezenjawulo ez'enkukunala Yesu ze yakozesa bwe yali nga naabo abaliko dayimooni. Bwetusoma engeri gye yakikolamu, tusobola okuyiga byakitalo kungeri y'okufuula abantu ab'eddembe mungeri yemmu. Wammanga bye bimu ku byetulina okusaako essira:

- Abo abaali abalwadde oba abaliko dayinooni baaleetebwa eri Yesu. Yesu teyanoonyanga buwereza nga buno. Abantu bamanyanga ati basobola okuwonyezebwa oba okununulibwa okusinzira kwe byo ebyalinga bimwogerwako. Enaku zino, abantu banoonya omuntu yenna amanyi engeri ey'okusumululamu abantu abali mu mbeera ze zimu. Ng'ekkanisa, twetaaga okugolokoka tukole Yesu bye yakola nga tufuula abantu bano ab'eddembe.

- Abantu bajakuleeta abalwadde n'abaliko dayimooni eri buli muntu akoleera mu buyinza obwamuweebwa Yesu Kristo.

- Okukiriza bwekuba nga weekuli, tujja kuwerereza mu buyinza abwatuweebwa mu linnya lya Yesu Kristo.

- Dayimooni zijja nga kutegeera okuberawo kw'Omwoyo Omutukuvu ng'ali kuffe ng'abalala tebanategeera nti amaanyi ga Katonda we gali. Emyoyo giyinza okudamu nga gikaaba era nga giwakanya yenna aba akolera mu buyinza obw'Omwoyo.

- Okwogera ebigambo eby'obuyinza eri emyoyo egituula mu baami n'abakyala bigya bafuula ab'eddembe. Ebigambo Yesu

bye yayogera byali byangu naye nga bituukira ku nsonga. Mu byawandiikibwa ebiddako abigamba “mu muvemu oba mugende.”

- Yesu teyaganya dayimoni kwogera. Mungeri yemu, tuteekeddwa okuboggolera emyoyo n’okugiragira obutayogera.
- Lukka alaga nti okuteeka emikono ku muntu kusobola okukozesebwa mukuwonya abalwadde ne kumusumulula abantu okuva mu bikoligo by’emyoyo.
- Ebyawandiikibwa binno bikulaga lwatu nti Yesu kwekutukirira kw’obunabbi mu Isaaya we yafuula abantu ab’eddembe era n’okuwonya abo abajanga gyali.

**Omusamize asumululwa**

Mu ssuula ey’okusatu twayogera ku mukyala omukulu omuzibe okuva mu ggwanga lya ba Lahu ababeera mu mambuka ga Thailand eyawonyezebwa. Amawulire g’ekyamagero kino gatambula mangu okuyita mu kibira. Ennaku ebbiri ezaddirira waliwo akasirikiriro ak’amanyi mu kyaalo omusamize bwe yajja ng’atunoonya. Abantu b’eggwanga eryo bewuunya bwe bategeera nti yali yetaaga buyambi okuva eri Katonda eyali awonyeza omuzibe.

Abamu ku bannafe, Steve Darroy, okuva mu Amerika n’omumisane okuva mu Australia, batandika okubaako bye babuuza omusajja okuyita mu bavunuzi. Omukono gwe gwali gwasanyalala n’okugongobala nga n’omutima gwe gwaali gukubira kumu kumu. Yabagamba yali awulidde ku Katonda w’abalokole bwe yali akyaali omuvubuka, naye yali amwabulidde mu kumugoberera nanoonya amaanyi g’eddogo mu kifo kye. Wabula, kati ategedde nti dayimooni zaali zimweefuridde era nga zigenda ku mutta. Katonda waffe nga wa byewuunyo okuba twali mu Thailand mu kaseera ako, omusajja ono okusobola okuwulira ku maanyi ga Katonda agakola eby’amagero. Okusasira, ekisa n’obusasiizi bya kitafe tebirina kkomo.

Steve n’omuminsane basooka kutwala buyinza ku dayimooni ne baziragira okuva ku musajja, nazo kyezakola. Kyali kyewuunyisa okulaba omukono gw’omusaja nga gwegolola n’obusanyalavu nga buvudde ku mubirigwe. Olwo nalyooka awanika emikono gye gyombi wagulu w’omutwe gwe mukwewayo n’okutendereza Katonda.

**Banakyalo bewuunya nnyo**

Ekyaddirira, bombi ne bamukulembera mu kwenenya n'okwegaana obulogo bwe yali akoledde emyaka emingi era nasaba Mukama Yesu kristo okujja mubulamu bwe era n'okufuuka Omulokozi era Mukama we. Ekyaddako, yafuna okubatizibwa kw'Omwoyo Omutukuvu natandika okwogera mu nnimi empya. Abekyalo bewuunya nnyo nga balaba byonna ebyali bigenda mu maaso.

Mu kifo abantu b'eggwanga erimu, ekikolwa eky'amaanyi ag'enjawulo kitundu ku bulamu bwabwe obwabulijjo nga tebanaba kukyusibwa kudda mu bukulisittaayo. Wabula, kino kyesigamiziddwa kukutya n'amaanyi. Bulijjo babeera mu kugezaako kusanyusa myoyo emibi gireme kubatuusaako bulabe, abagalwa babwe, oba bannakyalo abalala. Abasamiize bakosesa amaanyi ga dayimooni okufuga abantu bano n'okubakumiira mu kutya. Tekyewunyisa, bwe balaba Omutonzi omu era ow'amazima yekka, Katonda w'Abakulisittayo ng'atwala obuyinza ku musamize n'emyoyo emibi, basanyuka. Katonda waffe takoma bukomi mu kubasuumulula, abawa okwagala, essanyu n'emirembe. Tekyewuunyisa Yesu y'ensonga lwaaki yayita obubaka bwe amawulire amalungi.

## *Okukiriza, Obuyinza N'okebera Emyoyo*

OMWOYO OMUTUKUVU mu kisa ekingi atuwa obusobozi okukebera ebikolwa by'emwoyo ebiba byeyolekera okumpi naffe. Obusobozi buno bweyolekera mu ngeri emu ku bibala by'Omwoyo Omutukuvi eyitibwa okukebera emyoyo enyennyoddwa mu 1 Abakkolinso 12:10.

> Naye buli muntu aweebwa okulagibwa kw'Omwoyo olw'okugasa. Kubanga omulala Omwoyo amuweesa ekigambo eky'amagezi; n'omulala aweebwa ekigambo eky'okutegeeranga, ku bw'Omwoyo oyo: omulala okukkiriza, ku bw'Omwoyo oyo; n'omulala ebirabo eby'okuwonyanga, ku bw'Omwoyo omu; n'omulala okukolanga eby'amagero; n'omulala okubuuliranga; n'omulala okwawulanga emyoyo: omulala engeri z'ennimi; n'omulala okuvvuunuzanga ennimi: naye ebyo byonna Omwoyo oyo omu ye abikola, ng'agabira buli muntu kinnoomu nga ye bw'ayagala.
>
> \- 1 ABAKKOLINSO 12:7-11

- ❖ Ebirabo ebyokukebera emyoyo, okukiriza okutali kwa bulijjo, n'ebigambo eby'okumanya n'amagezi bye by'okulwanyisa bye twetaaga okulwanyisa dayimooni. Webitali obuwereza bwaffe bujja kuziyizibwa nnyo.

- ❖ Okufuula ebirabo bino ebikola twetaaga okusaba Omwoyo Omutukuvu okutubikulira buli bwe tweŋŋanŋŋa ebikolwa byetutebereza okuba eby'emyoyo.

**Okukuba sabbaawa munzikiza**

Twetaaga ekirabo eky'okukebera emyoyo ne/oba ebirabo ebye kigambo ky'amagezi n'okumanya okwaŋŋanga dayimooni. Tunnyonnyola ekirabo ky'okukebera emyoyo ng'entegeera y'amaanyi ag'enjawulo okwawula ensibuko y'ekikolwa ky'omwooyo. Ekirabo kino kikulaga bulungi oba ensibuko y'ekikolwa ya Katonda, muntu oba dayimooni. Ebirabo eby'amaanyi age'njawulo ebye kigambo ky'okumanya n'amagezi nabyo bigya kubikkulira amawulire gegamu. Okugezako okutegeera n'okugoba dayimooni awatali birabo bino kiringa okwegezesa mu kupima sabbawa mu kizikiza ddala. Omanyi nti kyopima gye kiri wabweru eyo, era ogenda mu maaso nga bwokuba ng'osubira nti onobako ky'okuba. Ebirabo bino kye kitaangaza ekikulaga aw'okukuba awatuufu.

**Okukiriza okutali kwa bulijo kujja n'okubikulirwa**

Ekirabo ekitali kya bulijo eky'okukiriza nakyo tukyetaaga bwe tusisinkana dayimooni. Bw'omuliliza okukebera kw'emyoyo emibi Katonda akutekamu okukiriza okutali kwa bulijjo okutuletera obutatya nga twaŋŋanga ekika kyonna eky'ebikolwa bya daimooni. Ekika ky'okukiriza kino kitutekebwamu tusobole mu buvuumu okulagira emyoyo okugenda. Bwe tugezaako okugenda mu maaso mu kutegeera n'okukiriza kwaffe, okutya kubeerawo. Dayinooni bwe zimanya nti tutidde. Zijja kukozesa omuwatwa guno oguli mu kutya n'obuti bye twolesa. Okubeera abawanguzi, twetaaga okukolera ku biragiro ebiva eri Omwoyo Omutukuvu ne mu kukiriza okwenjawulo Katonda kwatuwa.

**Yesu yawa buli mugoberezi amaanyi ag'okugoba dayimooni**

Katutandike n'olugendo lwaffe olw'okuweebwa ebikola okwaŋŋaga zi dayimooni. Ekisooka tujja kwetegereza okuyigiriza kwa Yesu okukwatagana ku buyinza bwe yawa buli mukiriza okugoba dayimooni. Tugya era kwetegereza okusookera ddala ensonga lwaki obuyinza bwatuweebwa oluberyeberye. Tewali asoma ndagano mpya natalaba Yesu we yawera abagoberezi be obuyinza obw'enkukunala era obutawakanyizibwa okuwonya abalwadde n'okugoba dayimooni.

Okwetegereza kwaffe okusooka ku okw'awandiikibwa ebikubiddwa wamanga, mangu ddala tulowooza nti abayigirizwa ekkumi na babiri (12) abamugoberera nga mu kaseera ako bokka be baweebwa obuyinza. Ebiragiro

byaffe ebyasoose oba olyawo byongera amaanyi mu ndowooza eno. Ne tulowooza nti, "Yali tasobola kutegeeza nze. Ng'ogyeko ekyo, ne dayimooni kintu kyadda nnyo. Kino sikyafe leero. Yesu ateekwa okuba annyonyola ekizibu ky'omwoyo ekyenjawulo ku bantu abalina endowooza entono ab'omulembe ogwo."

Sibwekiri bwe kityo, bwe tugata Yokaana 14:11-49 n'ebyawandiikubwa bino wamanga, tulaba amazima g'ebyawandiikibwa nti abakiriza bonna mu Kristo baweereddwa amaanyi n'obuyinza sikuwoonya balwadde bokka wabula n'okulagira emyoyo okugenda.

> N'ayita abayigirizwa be ekkumi n'ababiri, n'abawa obuyinza ku dayimooni omubi, okumugobanga, n'okuwonyanga endwadde zonna n'obunafu bwonna.
>
> - MATAYO 10:1

> N'abayitira wamu abayigirizwa be ekkumi n'ababiri n'abawa amaanyi n'obuyinza ku badayimooni bonna n'okuwonya endwadde.
>
> - LUKKA 9:1

> …era abatumenga okubuulira, n'okuba n'obuyinza okugobanga emizimu.
>
> - MAKKO 3:14-15

> Yesu n'ajja n'ayogera nabo, n'agamba nti Mpeereddwa obuyinza bwonna mu ggulu ne ku nsi. Kale mugende, mufuule amawanga gonna abayigirizwa, nga mubabatiza okuyingira mu linnya lya Kitaffe n'Omwana n'Omwoyo Omutukuvu; nga mubayigiriza okukwata byonna bye nnabalagira mmwe: era, laba, nzi ndi wamu nammwe ennaku zonna, okutuusa emirembe gino lwe giriggwaawo.
>
> - MATAYO 28:18-20

- Yesu yawa abagoberezi be bonna amaanyi n'obuyinza ku myoyo gi dayimooni okugoba era n'okuwoonya endwadde eza buli ngeri. Kino ky'asomesebwa ku mulembe ogwa bayigirizwa ogw'asooka.

- Era alagira abakulembeze ba bakristayo okusomesa buli mulembe oguddako ogwa bagoberezi okukola ebintu byonna Yesu bye yabagamba okukola (nga mw'otalidde n'okugoba dayimooni).

- Yesu mu kuwa abakiriza bonna amaanyi n'obuyinza okuwangula dayimooni "zonna," tewali mutendera mu myoyo gya zidayimooni gwe yalekayo.

- Mu kukiriza amazima gonna n'okukiriza okusomoozebwa, okugenda, tufuuka "abatume."
- Yesu yamaliriza dda okulagira abagoberezi be okugenda munsi yonna. Nga tugenda, tuli bakufuula abantu abayigirizwa, okusomesa, okubatiza, okuwonya abalwadde n'okugoba zi dayimooni.
- Okukomekereza tutuuse ku nzikiriziganya emu yokka. Tuli bakugonda n'okugenda tukole ebintu bino.

**Watya nga tomanyi kukikola?**

Kye twava tuwandiika ekitabo kino. Walabika waliwo okubulwa okumanya n'okutegeera munsi yonna ku bikwatagana n'engeri gye tuyinza okwaŋŋangamu zi dayimooni. Kino ddala kituffu bwolowooza ku bakulisitayo ab'omunsi ezakula. Okuva ku ntandikwa ye kyasa kya 21 wabadewo okutinkiza, mu kussegula abantu nga bagezaako okubasongera "ku kubamanyisa okwawagulu ku by'emwoyo."

Ebikumi by'ebitabo, firimu, ebiragibwa kuntimbe za telefayina awaatali kuswala kwonna basumusiza okubeerayo kwe bintu ebitali bya munsi, okulabika kw'emizimu egizukidde okuva mu baffu era n'emyoyo nga gitulabikidde gitulungamwe okwongera okumanya ebitukwatako ebya waggulu. Wabula byonna bitutwala mu kifo kye kiimu: mu mikono egy'ayaniriza egy'oyo alina ekigendererwa eky'okutta, okubba n'okusiriza obulamu. Omulokole awereddwa amaanyi ly'essuubi ly'ensi eye yagaliza ddala "obulamu obulungi" obw'okukola buli ky'owulira nga kirungi. awatali kuwa mbalirira eri muntu yenna, n'okusingira ddala eri Yesu kristo Mukama waffe, Baibuli etulabula ku bugyemu obulinga buno. Embeera y'obulamu eri bweti oluvanyuma etutwala ku mutego gw'omulyango gw'ekikoliggo ky'emwoyo nga bwe binnyonyodwa mu byawandikibwa wansi.

> Naye ebikolwa by'omubiri bya lwatu, bye bino, obwenzi, empitambi, obukaba, okusinza ebifaananyi, okuloga, obulabe, okuyomba, obuggya, obusungu, empaka, okweyawula, okwesalamu, ettima, obutamiivu, ebinyumu, n'ebiri ng'ebyo: nsooka okubabuulira ku ebyo, nga bye nnasooka okubabuulira, nti bali abakola ebiri ng'ebyo tebalisikira bwakabaka bwa Katonda.
>
> - ABAGGALATIYA 5:19-21

- ❖ Ekimu ku bikolwa ebiwandikiddwa waggulu eby'omubiri, bwekikolebwa ebbanga eddene, kiyinza okusikiriza emyoyo gya dayimooni. Bwe tukiriza Yesu era netwenenyeza ddala ekimu oba ebintu ebyo byonna tufuuka ba ddembe era abalisikira obwakabaka bwa katonda.

- ❖ Singa tuddayo netukola ebintu bino ngatumaze okikiriza Yesu, tusobola okumaliriza nga tusikiriza emyoyo gya zi dayimooni ne tugwa mu kikoligo ky'omwoyo.

- ❖ Buli omuntu lwajja okutegeera Mukama ng'omuntu, ate oluvannyuma nasalawo okumulyaamu olukwe mu lujjude nga amwegaana neyenyigira mu bujeemu obwenkukunala, omulabe alina obuyinza okumuyingira namukozesa.

- ❖ Yuda kyakalabirako kirungi. Yuda bweyali nga akyagoberera Yesu era ng'akola e bimusuubirwamu, yalina obukuumi eri omubi. Akaseera we yegaanira Yesu mulujudde sitaani "n'amuyingira" era yamaliriza nga amuletedde okwetuga.

*Abantu abamu betaaga okusumululwa!*

BULI EMYOYO GI DAYIMOONI lwe giggulirwa oluggi, gisimba amakanda mu bulamu bw'omuntu, omulyango ogugulibwa n'okulimbibwa. Kino kitukaawo okuyita mu kugyemera ebiragiro bya Katonda oba okusalawo okutambulira mu bulamu bwetwayogedeko mu ba Galatiya 5, kino bwe kibaawo, omuntu abeera mwangu wakukubwa zi dayimooni. Kino bwe kiba tekikoleddwako, emyoyo giyinza okuleeta obuzibu bw'obulemu. Ekimu ku kizibu ng'ekyo kyeyolekera mu Baibuli nga "dayimooni w'obunafu." Omuntu yandyetaaze okusumululwa okuva mu mwoyo egireeta obulemu ku mubiri gyabwe. Yadde obujanjabi obusinga oba okubudabudibwa okw'ekikugu ebigabibwa ab'ebyobulamu tebisobola kuwoonya muntu bwatyo, singa embeera ye ebeera eva ku mwoyo. Essaala ey'amaanyi yokka mu linya lya Yesu Kristo y'ebeera ejja okubawonya. Yesu ayogera ku mwoyo gino mu Yokaana 5:5 ne mu kyawandiikibwa kino wansi.

> Era, laba, omukazi eyali yaakalwalira dayimooni ow'obunafu emyaka ekkumi n'omunaana; ng'agongobadde nga tayinza kwegolola n'akatono. Awo yesu bwe yamulaba, n'amuyita n'amugamba nti Omukazi, osumuluddwa obulwadde bwo. N'amussaako emikono, amangu ago n'aba mugolokofu, n'atendereza Katonda. Naye

omukulu w'ekkungaaniro bwe yanyiiga kubanga Yesu awonyezza omuntu ku ssabbiiti, n'addamu n'agamba ekibiina nti Waliwo ennaku omukaaga ezigwana okukolerangako emirimu: kale mujjirenga ku eo okuwonyezebwa, naye si ku lunaku lwa ssabbiiti. Naye Mukama waffe n'amuddamu n'agamba nti Bannanfuusi, buli omu ku mmwe ku lunaku lwa ssabbiiti tayimbula nte ye oba ndogoyi ye mu kisibo, n'agitwala okuginywesa? Era oyo omwana wa Ibulayimu eyasibirwa Setaani, laba, emyaka kkumi na munaana, tagwanidde kusumululwa mu busibe obwo ku lunaku lwa ssabbiiti? Awo bwe yali ng'ayogera ebyo, abalabe be bonna ne baswala: n'ekibiina kyonna ne basanyukira byonna eby'ekitiibwa ebikoleddwa ye.

- LUKKA 13:11-17

- ❖ Genderera bino: Emyoyo gisobola okuleeta ebika ebyenjawulo ebyobulwadde, obugonvu, obulumi oba okugongobala okwabuli kika. Mu nsonga eno sitaani y'eyali asibye omukazi, nga kyeragira mu kweweta omugongo. Baibuli ennyonyola ku myoyo gino nga egirina obusobozi "okusiba" abantu mu mibiri gyaabwe.
- ❖ Kyokka sibuli bugoonvu n'endwadde nti bireetebwa myoyo. Yensonga lwaki tulina okwesigama ku kirabo ky'okubikulirwa kw'Omwoyo Omutukuvu n'okufuna enjawulo wakati w'obuzibu bwokujanjaba n'ebyo ebireetebwa emwoyo.
- ❖ Yesu yalaba omukyala era namulonda okuva mu bantu abangi era nga kirabika abalwadde abalala bayinza okuba nabo baali webali (Jjukira Yesu yakola ng'ebyo byokka ebibikuliddwa Kitaawe).
- ❖ Yesu yayita omukyala waali, ng'ayagala amusemberere asobole okumusako emikono.
- ❖ Yesu nayogera ebigambo by'okukiriza n'okusumulula eri omukazi, nagamba nti, "Omukazi (osumuluddwa) otereddwa okuva mu obulwadde bwo."
- ❖ N'agololwa mbagirawo, natandika okutendereza Katonda.
- ❖ Omulokole aweereddwa obuyinza "okusumulula" abantu okuva mu myoyo egireeta okugongobala.

- ❖ Bwetusanga omuntu ali mumbeera y'obugongobavu tulina okusabira mu mwoyo ate tusigale nga twegendereza entambula y'Omwoyo Omutukuvu.
- ❖ Bwoba olina ekigambo ekituufu okuva eri Omwoyo Omutukuvu kolera wo. Bulijjo tuba n'obuyinza okukola ekyo ekitugambiddwa. Naye amaanyi gasumululwa tutukiriza ebiragiro by'Omwoyo Omutukuvu.
- ❖ Nga Yesu, tulina okuyiga okukolera mu biseera, n'okulungamya kwa kitaffe era n'okwagala kwe nga tetuneyongera mu maaso. Bulijjo tujja kukolera mu buwanguzi obwekitalo nga tugonze ne tukola mu bwangu kiki Omwoyo Omutukuvu kyayagala tukole.
- ❖ Omwoyo Omutukuvu bw'akugamba nti "Sumulula omuntu okuva mu busibe, kino kireteddwa dayimooni wobunafu," KIKOLE BWOTYO, nga Yesu bwe yakola.
- ❖ Mu bateekeko emikono nga Yesu bweyakola.
- ❖ Yogera ebigambo by'okusumululwa eri gye bali nga Yesu bweyakola. Osobola okwogera ebigambo bye bimu Yesu bye yakozesa, "Sumululwa okuva mu bulwadde."
- ❖ Bwoba wali okolera ku biragiro by'Omwoyo Omutukuvu, ogya kulaba ku byamagero.

**Okunyaga enyumba y'omuntu ow'amaanyi**

Baibuli ategeeza "omusajja ow'amaanyi nga emyoyo gi deyimooni. Gilabikaanga agy'amanyi bwe tuba nga tetumaanyi buyinza n'amaanyi gatuweebwa Yesu Kristo. Yesu abafude abagoberezi abe abenjawulo era ab'amaanyi amangi okusinga emyoyo gi dayimoni. Abakulembeze b'abakiriza mu biseera bya Yesu baali tebamanyi buyinza n'amanyi Yesu ge yalina ku dayimooni. Baali tebamanyi nti Yesu yali wa kusigira obuyinza n'amanyi bye bimu eri abagoberezi be bonna. Kino kiri bwekityo ne munaku zino. Abakulembeze abamu balina ky'ebakola nga tebamanyi okugamba Omwoyo Omutukuvu byakola nga asumulula omulembe guno nga babwesigamya ku Beeruzabali mukulu wa dayimooni (laba ebyarandiikibwa bino). Talina okuba

abegendereza ennyo nga ekitiibwa kyonna tukiwa Katonda olw'okusumulula abantu okuva mu buwambe bwa zi dayimooni.

> Yali ng'agoba dayimooni omusiru. Awo dayimooni bwe yamuvaako, kasiru n'ayogera, ebibiina ne byewuunya. Naye abamu ne bagamba nti Agoba dayimooni ku bwa Beeruzebuli omukulu wa dayimooni. N'abalala, ne bamwagaza akabonero akava mu ggulu, nga bamukema. Naye ye, bwe yamanya bye balowooza, n'abagamba nti Buli bwakabaka bwonna bwe bwawukanamu bwo bwokka buzikirira; n'ennyumba bw'eyawukanamu ennyumba eyo egwa. Ne Setaani bw'ayawukanamu ye yekka, obwakabaka bwe buliyimirirawo butya? kubanga mugamba nti ngoba dayimooni ku bwa Beeruzebuli. Era oba nga nze ngoba dayimooni ku bwa Beeruzebuli, abaana bammwe bagigoba ku bw'ani? Kyebaliva baba abalamuzi bammwe. Naye bwe mba ngobesa dayimooni engalo ya Katonda, kale obwakabaka bwa Katonda bubajjidde. Omuntu ow'amaanyi ng'alina ebyokulwanyisa bw'akuuma oluggya lwe, ebintu bye bibeera mirembe: naye amusinga amaanyi bw'amujjira n'amuwangula, amunyagako ebyokulwanyisa bye byonna bye yeesiga, n'agaba ebintu bye. Ataba nange ye mulabe wange; era atakungaanyiza wamu nange asaasaanya.
>
> - LUKKA 11:14-23

> Oba omuntu ayinza atya okuyingira mu nju y'omuntu ow'amaanyi, n'anyaga ebintu bye, wabula ng'asoose kusiba ow'amaanyi oli? n'alyoka anyaga enju ye.
>
> - MATAYO 12:29

- ❖ Yesu yali nga munwevu ate nga takyukakyuka bwe bweyazuulaga ebikolwa bya dayimooni mu bantu. Tulina okukola nga ye. Okulemerako mu kukiriza Omwoyo Omutukuvu nti ajja kulaga ebika by'emyoyo ebyeyoleka bulijjo kigweera mu buwanguzi.

- ❖ Emyoyo egiretera omuntu okuba kasiru girina okwangaangibwa nga "Tulagira omwoyo omusiru" okuva mu muntu era olulimi ne lusumulura mu linya lya Yesu Kristo. Amaanyi g'Owoyo Omutukuvu gegaja ku bantu n'abafula abeddembe.

- ❖ Mweteeketeeke abakulembeze beddini okubavunana okubeera "aba sitaani" bwe mwenyigira mu kusumululwa. Bwe bessigamya emiririmu gy'Omwoyo Omutukuvu eri setaani, baba banateera okuvoola Omwoyo Omutukuvu era babeera

| | |
|---|---|
| | bajja kuwa embalirira kwe kyo. Towakana nabo, naye basabire. Tosaayo mwoyo ku butamanya bwabwe ogende mu maaso ng'osumulula abantu. |
| ❖ | Omusajja owamaanyi "Yesu gweyayogerako yali ategezza omukulu wa zi dayimooni afuga engeri abantu gyebeyisaamu. Bwobeera nga oyambadde ekyambalo kyonna eky'ebyokulwanyisa ekya Katonda ne linnya lya Yesu ku muwa dayimooni tezisobola kukuwangula. |
| ❖ | Manya era okakase obulokozi bw'abantu mu kubatizibwa kw'Omwoyo Omutukuvu. |
| ❖ | Kino kya nkizzo era "enyumba" zaabwe ez'omwoyo zigya kuba zijudde Katonda. Oba sikyo, enyumba eyo "okwerebwa era eyoyotebwe" wabula bwoba tolina kyambalo era nga tolina Mwoyo Mutukuvu akuuma enju. Omuntu aba alekeddwa nga talina bukuumi ekintu ekyanguyira dayimooni okukomawo okumuwangula. |
| ❖ | Bwotajjuza nyumba yonna nga omaze kusumulula okuva mu busibe obwasooka mu bulamu bwabwe, dayimooni zijja kumaliriza ziwambye ebirowoozo byabwe era n'embeera y'omuntu ono ejja kuba mbi dala n'okusinga omulundi ogwasooka (laba Matayo 12: 43–45). |
| ❖ | Okubeera mu "busibe" kikola emirundi ebiri omukulu wa zi dayimooni (Omusajja ow'amaanyi) tasobola kunyaga nyumba yaffe (birowoozo n'omubiri) okujjako ng'asoose kutusibisa obusibe obwenjawulo: Okwewaggula, okuttamira n'obugyemu eri Katonda nebirala. Tetusobola kunyaga musajja muyumba ye okujjako nga tusoose okumusiba mu Linnya lya Yesu. Olwo ne tulyooka tusumulula omuntu okuva mu buli kintu ekyamusiba obwedda nga tubaletera okwewayo era n'okugondera Katonda. Kino kitwaliramu okwewayo eri obulokozi, okubatizibwa mu mazzi, okubatizibwa kw'Omwoyo Omutukuvu n'okukola okwagala kwa Katonda. |

**Emyoyo gisobola okuletera omuntu okufuuka kasiru**

Emyaka mingi netegereza embeera eziwerako abantu okuba bakasiru nga emyoyo y'ensibuko y'abantu abamu obutasobola kwogera. Omuntu abeera yadyagadde ogwogera naye emyoyo gibeera gibasibye era ne bakiriza nti tebasobola kwogera. Bangi bajja eri Yesu n'ebizibu nga bwe biragidwa wansi.

> Awo bwe baali bafuluma ne bamuleetera kasiru, ng'aliko dayimooni. N'agoba dayimooni, kasiru n'ayogera; ebibiina ne byewuunya, ne bigamba nti Edda n'edda tewalabikanga bwe kiti mu Isiraeri.
>
> - MATAYO 9:32-33

> Awo ne bamuleetera omuntu aliko dayimooni, ng'azibwe amaaso n'omumwa: n'amuwonya, oyo eyali azibwe omumwa n'ayogera n'alaba. Ebibiina ne bisamaalirira byonna, ne byogera nti Ono ye mwana wa Dawudi?
>
> - MATAYO 12:22-23

- ❖ Abantu bajjanga eri Yesu nga bamanyi nti agya ku bafuula ab'eddembe. Bakasiru balina okujja mu kukiriza n'okwagala okufulibwa ab'eddembe.

- ❖ Omwoyo gusobola okufuula omuntu kasiru. Era kino kyetagisa ekirabo ky'okukebera emwoyo okusobola okubeera omukakafu ddala.

- ❖ Yesu atusomesa "okugoba mu" dayimooni mu Kasiru n'obuvumu nga tugilagira.

- ❖ Abantu abaali bayimiridde wo bewuunya ng'abantu batandise okwogera. Talina okubera abangu mu kutandika okwebaza Katonda olw'okufuula abantu ab'eddembe.

- ❖ Tofa ku mukulembeze wabakiriza yena akwogerako obubi gwe ne tiimu gy'okola nayo. Bulijjjo yanukulanga mu kwagala. Tusobola okukakanya embeela nga tusaba omuntu oyo eyasumululwa awe obujjulizi kuki ekyabaawo abibuulire abukulembeze b'enzikiriza.

## Omuwala omuto gwe batuma "kasiru"

Ekimu ku bibinja by'abaminsani kye twatwala mu nsozi mu mambuka ga Thailand kyalina ababulizi benjiri babiri, omusumba omukyala akulira kampuni kya High – tech ne muwalawe, Sonja nange. Ekirubirirwa kyaffe kyali kya kusomeseza wiiki emu ku kyaalo okuli eggwanga lya Lahu ne wiiki emu ku kyalo okuli eggwanga kya Karen. Ekigendererwa kyaffe kyaali kutegeeza bakulisitayo okutegeera mu bujjuvu n'okukola mu buyinza ebituweeredwa Yesu Kristo. Twakikola nga Yesu bwe yakola. Twasomesa ekigambo, netubulira enjiri ne tuwonya abalwadde. Akawungeezi akamu, Dawn muwala w'omukulu wa kampuni n'awulira okulumilizibwa eri omuwla omuto kasiru eyali afuuse mukwano gwe nti yali asobola okuwonyezebwa singa bali bamusabidde.

Omuwala omuto ow'emyaka omukaaga yali aweereddwa erinnya "Kasiru" okuva mu bantu b'eggwanga lye Lahu kubanga yali tayogera okuva mu but'obwe. Bazadde be batuwa olukusa okumusabira. Katonda yatukulemberamu okufuna Steve Darrow omukulu wa Kampuni, n'omusumba waba Latia okumusabira. Steve n'omusumba bamusako emikono era Steve nalagira omwoyo agwaali gusibye omuwala okugenda. Steve nagulagira nti, "gwe omwoyo gwa kasiru, nkulagia osumulule omuwala ono mu linnya lya Yesu Kristo. Musumulula okuva mu bikolimo ebyo ebyateekebwa ku muntu ono okuva eri abantu b'eggwanga lino. Genda mu linya lya Yesu!" Ne tumuleka agede azannye n'abaana abalala, naye ne tubagamba bajje batugambe singa baba bamuwulidde ng'aliko kyayogera. Akawungenzi k'olunaku lwe lumu abaana bajja badduka nga balekaana nti, "Ayogera, ayogera!" Akawungezi ako abaana bamuyambako okuyimba enyimba ezitendereza omulundi ogwasookera ddala mu bulamu bwe obutono bwe yali yakamala ku nsi. Dawn na ddamu namutuuma erinnya erya "Ssanyu" okuva ku "Kasiru." Wama tuwereza Katonda omulungi.

## Omusujja gwawona

Bwe twali tuwereza mu ggwanga lye Lahu, omukyala okuva e Burma najja ku kyalo ng'ayagala okuwonyezebwa omusujja. Yali atambudde olugendo lwa mailo nnyingi okuvunuka ensozi olw'okubanga yali awulidde nti waliyo eby'amagero mu kyalo kye Lahu wiiki eyo yenyini. Yali alabika bubi, nga asigadde magumba merere, olususu lwe nga lufuuse lwa kyenvu nga munafu nnyo era nga tasobola kuyimirira. Bwe yatuula bwaati mu dakiika eyo yenyini Omwoyo Omutukuvu nayogera gyendi (John). "Ogwo mwoyo. Omwoyo ogutali mulongoofu y'ensibuko y'obubonero obwo. Gumugobemu." Nga nkozesa abavunuzi babiri. Amangu ago nalagira omwoyo omukyafu okumuvaako. Mu kaseera mpawekaaga olususu lwe ne luterera wo, n'atandika okumwenya, era amaanyi negadda mu mubiri gwe. Yatwebaza era

natumbula negenda. Omu ku bavvunuzi yali musumba we Kkanisa eya Foursquare. Yasanyuka nnyo, amaziga negamuyitamu era neyewuunya. Nayogera nti “Tuwulira okuva mu balokole abalala nti Yesu awonnya abantu. Omulundi guno ndabye ekitiibwa kya Katonda ndabye ekyamagero n’amaaso gange. Omukazi abadde n’omusujja. Ndabye Katonda ng’amuwonya! Mukama yebazibwe!” Ekitundu ekiddako kinyonnyola engeri Yesu gye yawonyamu omulenzi eyaliko omwoyo gwa kasiru ogwali guleeta obubonero obwefaanyirizako obulwadde bwe nsimbu.

> Awo bwe baatuuka eri abayigirizwa be, ne balaba ekibiina kinene nga kibeetoolodde, n’abawandiisi nga babasokaasoka. Amangu ago ekibiina kyonna bwe kyamulaba, ne beewuunya nnyo, ne baddukana gy’ali ne bamulamusa. N’ababuuza nti Mubasokaasoka lwaki? Omu mu kibiina n’amuddamu nti Omuyigiriza, nkuleetedde omwana wange, aliko dayimooni atayogera; buli gy’amutwala, amukuba ebigwo; abimba ejjovu, aluma amannyo, akonvuba: ngambye abayigirizwa bo bamugobe; ne batayinza. N’abaddamu, n’agamba nti Mmwe ab’emirembe egitakkiriza, ndituusa wa okubeera nammwe? Ndituusa wa okubagumiikiriza? Mumundeetere. Ne bamuleeta gy’ali: awo bwe yamulaba, amangu ago dayimooni n’amutaagulataagula nnyo; n’agwa wansi, ne yeekulungula, ng’abimba ejjovu. N’abuuza kitaawe nti Obulwadde buno kasookedde bumukwata bbanga ki? N’agamba nti Bwa mu buto. Emirundi mingi ng’amusuula mu muliro ne mu mazzi okumutta: naye oba ng’oyinza, tusaasire, otubeere. Yesu n’amugamba nti Oba ng’oyinza! Byonna biyinzika eri akkiriza. Amangu ago kitaawe w’omwana n’ayogerera waggulu, n’agamba nti Nzikirizza: saasira obutakkiriza bwange. Awo Yesu bwe yalaba ng’ekibiina kikungaana mbiro, n’abogooloera dayimooni, n’amugamba nti Ggwe dayimooni atayogera, era omuggavu w’amatu, nze nkulugira, muveeko tomuddiranga nate n’akatono. Awo n’akaaba, n’amutaagula nnyo, n’amuvaako; n’afaanana ng’afudde; n’okugamba abalala bangi ne bagamba nti Afudde. Naye Yesu n’amukwata ku mukono, n’amuyimusa; n’ayimirira. Awo bwe yayingira mu nnyumba, abayigirizwa be ne bamubuuza mu kyama nti Ffe tetwayinzizza kumogoba. N’abagamba nti Engeri eno teyinzika kuvaako lwa kigambo wabula olw’okusaba.
>
> - Maako 9:14-29

> …agwa ensimbu, zimubonyaabonya nnyo: kubanga emirundi mingi ng’agwa mu muliro, era emirundi mingi mu mazzi…Olw’okukkiriza kwammwe okuba okutono: kubanga ddala mbagamba nti Singa mulina okukkiriza okwenkana ng’akaweke ka kaladaali, bwe muligamba olusozi luno nti Vaawo wano genda wali; kale luligenda; so singa tewali kigambo kye mutayinza.

- MATAYO 17:15-20

…dayimooni amukwata n'akaaba amangu ago; n'amutaagula n'okubimba n'abimba ejjovu, era amuvaako lwa mpaka, nga amumenyeemenye nnyo…

- LUKKA 9: 39–42

| |
|---|
| ❖ Yesu atusomesa ebintu bingi ebikwata ku kufuula abantu ab'eddembe nga tusinzira ku by'awandiiikibwa bye tulabye okuvamu Matayo, Makko ne Lukka. |
| ❖ Obubonero bwolabirako: Buno obubonero bwe bumu nga obwensimbu. Tulina okubuuza Omwoyo Omutukuvu okutuwa okumanya ku myoyo okumanya oba ddala mwoyo oba nsimbu y'eri mu bwongo bwabwe. Mu mbeera eno, dayimooni yakwata omulenzi okumuletera okulekaana. Zisobola okuwogana okulekaana, n'okuwoggana ennyo. Bayinza okutaagula taagula era ne gibasula wansi bayinza okubimba ejjovu mukamwa, okuwanda amalusu, bayinza okumeketta amannyo n'okukakanyala. Ekisembayo basobola okuba ng'abafudde. |
| ❖ Jjukira, osobola okugobamu dayimooni singa dayimooni ye nsibuko y'ebizibu. |
| ❖ Obutakiriza. Yesu agamba abazade n'abayigirizwa be nti okukiriza okwanamaddala kye kyokka ekyetaagisa okugobamu dayimooni. |
| ❖ Yagamba "Buli kintu kisoboka eri oyo akiriza!" tulina okusaba era tusubire "ekirabo ky'okukiriza" okujja nga tuli mu lutalo lw'okusumulula. |
| ❖ Okusiiba n'okusaba bigya kutwetaagisa okukola n'obuwanguzi bwe tubikulirwa wamu n'ekirabo eky'okukiriza. Kino kirina okukolebwa nga tetunayingira mu kiseera kya kusumulula. Emyoyo egimu tegigenda mangu. Okusaba n'okusiiba bye tagibwa okunafuya, okumanya, nokugoba mu dayimooni ezimu. |

- ❖ Wewale okuwakana n'abakulembeze b'eddini. Abakalokoka batera okwenyigira mu kuwakana n'abakulembeze b'eddiini kino tekibala bibala era temukikola.

- ❖ Yogera n'abazadde: Nonyereza oba nga obujjanjabi busobola okuwonya obubonero buno. Daimooni teziwonyezebwa na ddagala. Nonyereza olabe kiki abazadde kye bakiriza Mukama okubakolera. Tosukanga wo kw'ekyo kyebakukiriza okukola. Mwena mulina okukiriziganya.

- ❖ Wulirirza onoonye okukiriza, mu mbeera nga eno, omusajja yagamba, "Naye bwoba osobola okukola buli kintu!" Wuliriza okukiriza kweyolekere mu famire zekikwatako. Temweyongerayo mu maaso okutuusa lwe musubira okusumulula okutukirira. "Mukama, nzikiriza nnyamba kubutakiriza bwange!"

- ❖ Wenyigire mu kusumulula: tandika ng'oyagera ku mwoyo oguli emabega w'obulwadde. Oba butawulira, yogera eri omwoyo w'obutawulira." Oba butayagera, yogera eri omwoyo w'obutayogera." Lagira omwoyo ave mu muntu, lagira omwoyo obutadamu kujja nakuyingira mu bantu nate.

- ❖ Okuyita emyoyo amannya. Tetutera kubuuza myoyo gitubulire amanya gaazo. Buli kiseera girimba. Tubuuza Omwoyo ow'amazima, Omwoyo Omutukuvu atubuulire omukulu w'emyoyo obeera ali ku omuntu asibiddwa. Bwe tubikulirwa, olwo no netwanggangga emyoyo nga tugiyita mannya.

- ❖ Okweyogera okweyoleka mu kisera kyo'kusumululwa kye kiraga nti emyoyo gigondera obuyinza bwa Yesu Kristo, Tewemalira ku byolesebwa eby'okungulu. Wuliriza ebiragiro by'Omwoyo Omutukuvu.

- ❖ Omwoyo Omutukuvu bw'akugamba nti tumalirirza, tuba tumaliriza. Tuba tumaliriza sikuba nti tewali byeyoleka byakungulu. Tumaliriza nga buli omu kuffe ali ku tiimu awulira nga Omwoyo Omutukuvu ayogera nti "mu maliriza."

- ❖ Saba abantu basubize okusigala nga bawa embalirira eri omuntu omukulu era nga basaba. Basabe basuubize nti tebaja

kudamu kweyisa mu mpisa zebabaddemu, kubanga abantu be bamu, oba embeera ze zimu ezaavako obuzibu mu ntandikwa.

❖ Bayitiremu: Kozesa ebibaddewo ng'akabonero k'okusomesa tiimu yo ku engeri ensukulumu ey'okukwatamu embeera bweti omulundi ogunaddako.

**Omulenzi ayaliko Dayimooni**

Nga tuli mu lukuggaana olw'okuwonya mu Panang ekye Malaysia nze (John) nasisinkana abantu bangi abamu baali baliko dayimooni ate abalala nga bayigganyizibwa zi dayimooni. Enjawulo eriwo lye ddala eriri mu engeri oba kyenkanaki dayimooni gy'esobola okufuga omuntu. Omuntu aliko dayimooni asobola okweyisa nga omuntu mu bikolwa ebya bulijjo. Naye mu ngeri emu oba endala mu mbeera zaabwe ez'obulamu babeera tebasobola kufuga bwekituuka ku bintu ebimu. Abantu abayigganyizibwa dayimooni babeera balina kitono kye basobola okufuga ku bikolwa bye neyisa yabwe.

Omukyala omu yaleeta omulenzi eyali ayigganyizibwa dayimooni mu lukuggana. Omulenzi yali tali mu mbeera nteefu, yalina emyaka nga musanvu. Nyina yali amusitudde ng'amunywezeza nnyo nga bali embabega w'ekifo ebikuggaaniiraamu okutuusa lwe twayita abalwadde. Olwawulira okukowoola nga tuyita abalwadde, omukyala namualeeta nga omulenzi bw'asambagala wamu n'okulekaana okutuukira ddala ku ntebe ez'omumaaso. Omulenzi yali aleekaana n'okuwanda amalusu nga alinga omuyaayu wabula nyina nga atudde mu katebe amunyweeza. Twali twatendese ebibinja amakumi asatu eby'okuwonya, nga buli kimu ky'abantu babiri babiri abetegese okuwereza mu kuwonya n'okusumulula. Baali bajjudde okukiriza era nga betegefu okukola buli kintu.

Ekibinja ekya abakyala ekyali eky'abakozi ababiri nekisemberera omulenzi, ne bakutama we yali ne bamutunula mu maaso ne bagamba, "Osibidwa mu linnya lya Yesu Kristo! Va mu mulenzi ono kati!" Omulenzi n'akalambala, nawogana nnyo era naagwa eri ng'akooye. Mu dakika ntono nnyo okusumululwa kwali kuwede. Omulenzi yayimirira ku bigere bye, neyesigana nnyina n'atunula nga bweyewunya. Kyalinga nti yali alaba ebisenge na buli kintu ekigenda mu maaso kyalaba nga gulinga gwe mulundi gwe ogusookedde ddala. Yasumululwa era natandika okweyisa ng'abantu abalala. Nyina yasiima nnyo okulaba nga omwana we azanya n'abakyala abaali awo era musanyu eringi n'asenza Yesu mu bulamu bwe. Nakuba ebifananyi by'ebintu byonna eby'aali bibaddewo binzijjukizenga amaanyi ag'enjawulo Katonda ge yawa abakiriza okusumulula abantu ku bwerere.

## Amanyi agali mu linnya lya Yesu

Ekiro ekyadako ekifo kyaali kijjudde abantu abasoba mu lukaaga. Nali ntude emabega mu kifo ekikuggaanirwamu nga mpandiika n'okukuba ebiffananyi ebibinja ebiwonya nga biwereza eri abagonvu n'abalwadde. Ebyamagero byalabikanga buli luvanyuma lw'eddakiika ezaddiriranga. Omuntu omu bwe yavanga ku kaggaali kabalema nayimuka n'atambula twabaleetanga ku kituuti ne bawa obujjulizi eri okuwonyezebwa kwabwe. Emikono amagulu amagongobavu n'emigongo egiruma bwe byatereeranga nabo nga bajja ne bawa obujulizi, okukiriza ne sanyu byajjula mu buli muntu.

Nalaba omulenzi atunula nga asobeddwa ng'ansemberera. Yali ayogera olungerza, olwekyo kyenava mubuuza nti, "Ki kyoyagala Katonda akukolere?" Naddamu ng'atabiriko nti "Mbadde sisobola kwebaka. Osobola okunsabira? Ne mubuuza nti, "Omanyi Yesu?" Olwayogera erinnya "Yesu" ekintu n'ekimukoona nnyo mu kifuba natalantuka nadda emabega nagwa wansi era neyebakira eddakiika amakumi ana. Oluvannyuma yagolokoka, nayatula nti abadde asinza lubaale musoke owe nyanja era teyamanya ki ekyali kimutuuseeko. Amangu ago ne mugamba nti Yesu ye ssuubi lyoka. Mu Sanyu eringi nasaba Yesu okufuuka Mukama Katonda we. Bino olyaggwaawo byalaga engeri erinnya Yesu gye liri elyamanyi eri ebigo bya zi dayimoni ebiri mu bulamu bw'abantu.

## Dayimooni wabageasene

Nga bwe twayogedde gye buvuddeko, enjawulo wakati w'omuntu aliko dayimooni n'omuntu ayigganyizibwa dayiimooni eri ku ngeri omuntu ono gy'atawanyizibwaamu. Omuntu bwaba aliko dayimooni, omuntu ono abeera na kitono nnyo kyasobola okwefuga nga omuntu. Munsi ez'ebweeru abeera ayitibwa mululu era nga gy'ebiggweera asibira mu dwaliro ly'abalalu. Ate abo abayigganyizibwa dayimooni basobola okukola emirimu gyaabwe ejjabulijjo kyokka nga basobola okubeera nga bafuna obuzibu mu kintu ekimu oba akirala bwe bagezaako okukikola. Ekintu ekyo mu bulamu bwaabwe bwe kinonyerezebwaako oba ne kibanyiiza, kibaletera okulinyibwaako dayimooni ne b'eyisa engeri. Ebiddirira bye bintu ebiraga omuntu aliko dayimooni.

> Ne batuuka emitala w'ennyanja mu nsi y'Abagerasene. Bwe yava mu lyato, amangu ago omuntu eyaliko dayimooni eyava mu ntaana n'amusisinkana, eyasulanga mu ntaana; nga tewakyali muntu ayinza kumusiba, newakubadde mu lujegere, kubanga emirundi mingi yateekebwako mu masamba, ne mu njegere, enjegere n'azikutula, n'amasamba n'agamenyaamenya: ne wataba muntu wa maanyi okumusobola. Naye bulijjo, ekiro n'emisana, yakaabiranga mu ntaana ne ku nsozi, ne yeesala n'amayinja. Bwe yalengera Yesu ng'akyali wala, n'addukana n'amusinza; n'akaaba n'eddoboozi ddene

ng'agamba nti Onvunaana ki, Yesu Omwana wa Katonda, Ali waggulu ennyo? Nkulayiza Katonda tombonereza. Kubanga yamugamba nti Va ku muntu ono, ggwe dayimooni. N'amubuuza nti Erinnya lyo ggwe ani? N'amugamba nti Erinnya lyange Liigyoni; kubanga tuli bangi. N'amwegayirira nnyo aleme okubagoba mu nsi eyo. Awo ku lusozi waaliwo eggana ly'embizzi ddene nga zirya. N'amwegayirira, ng'amugamba nti Tusindike mu mbizzi tuziyingiremu. N'amukkiriza. Dayimooni n'avaamu, n'ayingira mu mbizzi: eggana ne lifubutuka ne liserengetera ku bbanga mu nnyanja, zaali nga nkumi bbiri, ne zifiira mu nnyanja. Awo abaali bazirunda ne badduka, ne babuulira ab'omu kibuga, n'ab'omu byalo, ne bajja okulaba ebibaddeyo bwe biri. Ne batuuka awali Yesu, ne balaba eyaliko dayimooni ng'atudde, ng'ayambadde nga alina amagezi, oyo eyaliko liigyoni; ne batya. Abaalaba ne babannyonnyola ebimubaddeko oyo eyaliko dayimooni, era n'eby'embizzi. Ne batanula okumwegayirira okuva mu nsalo zaabwe. Awo bwe yali ng'asaabala mu lyato, oyo eyaliko dayimooni n'amwegayirira abeere naye. N'atamuganya, naye yamugamba nti Genda eka mu babo, obabuulire bwe biri ebikulu Katonda by'akukoledde, ne bw'akusaasidde. N'agenda, n'atanula okubuulira mu Dekapoli bwe biri ebikulu Yesu bye yamukolera. Abantu bonna ne beewuunya.

- MAKKO 5:1-20

- ❖ Yesu ayigiriza engeri y'okutukiriramu abantu abaliko dayimooni mu kwagala n'okusaasira. Olwo tulyoke tubasumulule.

- ❖ Emyoyo gimanyi nti tulina obuyinza n'amaanyi okugirwanyisa, era girina obukakafu nti abalokole abamu bagyerarikiriza. Gigya kutusomooza nnyo nga gyagala okulaba oba tumanyi obuyinza bwaffe. Gigya kwogera okuyita mu muntu oba okwolesa amaanyi amasukulumu okugezesa abakulisitayo. Kyokka wadde amaanyi g'abantu tegasobola kugiwangula erinya Yesu ligisiba era ne likukuuma obutatusibwako bulabe.

- ❖ Abantu abenyigira mu kumegana kw'ebuvanjuba nga kungfu, ensambaggere, n'ebilala, bayigirizibwa okujja amaanyi ku "abakulira" nga essiira balisa ku kweyogeza ebigambo ebyedda abisikiriza zi dayimooni okubayamba okulwaana, okuwangula era n'okukomukereza nga basse oyo gwe balwanye naye.

| |
|---|
| ❖ Abantu abaliko dayimooni bawoganira waggulu bekola obusolosolo era tebeyisa ng'abantu balala mu kitundu. Beyambula, besalasala, era bawalirizibwa okubeera bokka. |
| ❖ Dayimooni tezaagala kuva mu muntu mwezibade zibeera. |
| ❖ Dayimooni bwezigezaako okutegeragana naffe, kino bulijjo kiba kiraga nti tulina amaanyi okuziwangula. Kati beera mukambwe nyo nga Yesu, era zigobemu. "Okuyiganyizibwa" kitegeeza kugobebwaamu. |
| ❖ Baliranwa baffe abamanyiira abantu abakubiddwa dayimoni tebajja kutegeera mugaso gw'omuntu asumuluddwa okuva mu dayimooni. Bajja kutya olwebyo ebitusewo. Bajja kutusaba tubaviire, naddala singa okubeerawo kwa Katonda kusa embeera zaabwe ez'obulamu n'ebyenfuna byabwe mu lusuubo. |
| ❖ Lukka 8:29 agamba "Kubanga yalagira dayimooni okuva mu muntu oyo" kino kiraga nti dayimooni te zaava mu muntu oyo amangu ago. Dayimooni tezamuvaako okutuusa bwe zaava mu muntu ne ziyingira mu mbizzi (laba Lukka 8:33). |
| ❖ Waliwo ebiseera bwe tujja okusisinkana omuntu nga aliko dayimooni enyingi. Wuliriza ebiragiro ebyenjawulo okuva eri Omwoyo Omutukuvu akubuulire omwoyo omukulu gwo genda okwanggaanga. Ekitali ekyo kiyinza okutwalira akabanga okugobamu dayimooni. |
| ❖ Omuntu bwamala okusumululwa muzeemu amaanyi okugenda eri baliranwa baabwe babawe obujulizi ku ekyo Katonda kyabakoledde era bababulire enjiri. |

**Abayigirizwa bakola ebyo yesu bye yakola**

Katwongere okukebera tulabe engeri abayigirizwa gye bakola mu ebyo Yesu bye yali abayigiriza. Baali bajulirwa nga Yesu agobamu dayimooni. Baali balina okumaliliza obuwereza nga Yesu bwe y'abalagira. Baali bajjuziddwa Omwoyo Omutukuvu nga naffe bwe tuli. Katulabe biki ebyavamu bwe bagezaako okugoba mu dayimooni nga Yesu bwe yakolera ddala.

**Firipo agobamu dayimooni**

Okuyiganyizibwa bwe kwa balukawo mu Yerusalemu, abayigirizwa basaasaanira mu bibuga n'amawanga agaliraanye wo. Baali basomesedwa engeri y'okukikolamu nga Yesu bwe yakikola era kati baali babulira enjiri mu maanyi n'okujjuzibwa kw'Omwoyo Omutukuvu. Firipo naazuula obuyinza n'amanyi ngabaweebwa Yesu Kristo.

> Awo abo abaasaasaana ne bagenda nga babuulira ekigambo. Firipo n'aserengeta mu kibuga eky'e Samaliya, n'ababuulira Kristo. Ebibiina ne biwulira n'omwoyo gumu ebigambo Firipo by'ayogedde, bwe baawulira ne balaba eby'amagero ge yakolanga. Kubanga bangi ku bo abaaliko dayimooni, ne babavangako nga bakaaba n'eddoboozi ddene; ne bawonanga bangi abaali balwadde okukoozimba n'abalema. Essanyu lingi ne libeera mu kibuga omwo.
>
> - EBIKOLWA 8:4-6

- ❖ Okubulira Ekigambo kusikuula dayimooni. Firipo yali abulira ekya Yesu kye yabagamba ekubulira mu Makko 16:15–20. Era obubonero buno bunagendanga n'abo abakkiriza banaagobanga dayimooni, banaayogerenga mu nnimi empya.
- ❖ Okubulira kwaletera abantu okusaayo omwoyo kwebyo Firipo bye yali ayogera. Guno gwe mulundi agw'asooka abantu okuwulira nti Yesu ayinza okubasumulula okuva mu busibe, okusanyalala n'obulema, waliwo essanyu ely'enjawulo mu kibuga – tewali kuwakanyizibwa, yade okukayana ku njigiriza. Nedda. Balina essanyu kubanga mikwano gyabwe, n'abengganda zabwe baali bawonyezeddwa okuyita mulinya lya Yesu!
- ❖ Abasamaliya baalaba obubonero ku ebyo Firipo bye yali akola.
- ❖ Dayimooni bwe ziva mu muntu zikola akavuyo, ziyinza n'okuwowoganira waggulu. Kino tulina okukisubira nti kigenda kubaawo, naye temuzikirizalo kukozesa kino ku okunafuya okabulira njiri. Tulina okulagira dayimooni okusirika.
- ❖ Dayimooni zisobola okugongobaza, Naye bwe zigobwamu n'obugongobavu bugenda.

- ❖ Ebyamagero eby'annamaddala n'obubonero byabaawo nga Firipo abulira, kubanga tewali kyogerebwa ku kuwakanyizibwa okuva eri abakulu b'eddiini. Abakulu beddini tebaliwo kubanga baali tebagala kwegata n'abantu abakalokoka abantu abatali balongoofu.

- ❖ Bwetuvaamu okubusabusa n'obutakiriza nga okw'amawanga ga bazungu, okuwonya, n'ebyamagero bigya kweyoleka.

**Pawulo agoba dayimooni**

Pawuulo yali abatiziddwa n'Omwoyo Omutukuvu ng'akolera mu buyinza n'amaanyi ebyamuweebwa Yesu Kristo, yakozesa amaanyi gano okugoba dayimooni mu muwala omuddu nga bwogenda okusoma ebyadirira.

> Awo olwatuuka bwe twali tugenda wali awaasabirwanga, omuwala eyaliko dayimooni alagula n'atusanga, eyafuniranga bakama be ebintu ebingi olw'okulagula. Oyo bwe yagoberera Pawulo naffe n'ayogerera waggulu ng'agamba nti Abantu bano baddu ba Katonda Ali waggulu ennyo, abababuulira ekkubo ery'obulokozi. N'akolanga bw'atyo ennaku nnyingi. Naye Pawulo, bwe yanakuwala ennyo, n'akyuka n'agamba dayimooni nti Nkulagira mu linnya lya Yesu Kristo omuveeko. N'amuvaako mu kiseera ekyo. Naye bakama be bwe baalaba ng'essuubi ly'ebintu byabwe liweddewo, ne bakwata Pawulo ne Siira ne babawalula okubatwala mu katale eri abakulu.
>
> - EBIKOLWA 16:16-19

- Pawulo atuwa eky'okulabirako ekirungi ku ngeri y'okugoba mu dayimooni. Kino kye kimu ku byawandiikibwa mu Bikolwa by'Abatume ku ngeri gye tuyinza okukikolamu obulungi.

- Ekisooka, Pawulo yalindako akabanga akawera okukakasa nti yali agenda kwanganga dayimooni. Omwoyo Omutukuvu yakakasa ddala nti baali benganga "mwoyo wo'kweraguza." Kino kitera okutweyolekera mu ngeri y'omwoyo gw'eddiini ogubuzaabuza n'okulimba abantu.

- Eky'okubiri, dayimooni zimanyi ki kyetuli era zijja kulangirira eri buli awuliriza. Dayimooni eno yalina emyoyo egifaanagana n'egyo agyali gyogera ebikwata ku Pawulo n'abalala nga zokka

zezibimanyi. Tulina okubeera abegendereza kubanga abamu ku bantu bwebati bajja kujja mu kkanisa buli lwe tukugganana. Bogera nnyo, babeera n'amalala era bagya okuyimiriza omulimu gwa Katonda nga atambula.

- Eky'okusatu, lindirira ekiseera kya Katonda olyoke agobemu dayimooni. Bulijjo linda Omwooyo Omutukuvu akugambe nti "genda mu maaso." Pawulo yalindira "ennaku nnyingi" ku nkomerero omuwala yali ataataaganya olukuggaana awo Pawulo namwanggaanga.

- Eky'okuna, mu kitundu kino kyeraga lwatu "engeri" mu mbeera ey'okusumulula. Tetusobola kugyongerako. "Nkulagira mu linnya lya Yesu Kristo muveeko!" Dayimooni n'emuvaako "essaawa eyo yennyini." Kikole nga Pawulo bwe yakikola, era tujja kikola nga Yesu bwe yakikola.

- Ekinasembayo, funa olukusa okuva eri abo abavunanyizibwa ku muntu oyo okwewala obuzibu okuva gyebali.

*Tokifuula kizibu*

WALIWO omuze ogw'abakulisitayo abato mu mwoyo ogw'okulekana n'okukozesa bwebawulira bwe baba bakayingira mu buwereza obw'okusuumula. Bwe tuba ab'okukozesa embeera Pawulo gyeyakozesa bwe yengganga dayimoni eyali mu muwala omuddu, tulina eky'okulabirako ekisufu ku ngeri gye kiyinza okukolebwamu.

Tetulina kugezako kwogerako oba okigifuula enzibu. Kola bukozi ekyo Pawulo kye yakola. Gumikiriza era olindirire ekiseera ky'Omwoyo Omutukuvu. Omwoyo Omutukuvu bwakubikulira ebikolwa bya dayimooni era n'akugamba ogigobemu, awo gigobe mu linnya lya Yesu kristo. Beera mugumu obeerewo okutuusa Omwoyo Omutukuvu bwakugamba nti kiwedde. Tetwetaaga kulekaana wadde okulwanagana n'omuntu. Ekyo kiraga dayimooni nti kati otandise ku bukodyo bw'obuntu oba obw'omubiri. Weesigame ku kulemberwa Omwoyo Omutukuvu olwo ojja kufuula omuntu ow'eddembe mu kaseera mpawe kaaga.

### Ennyumba z'emyoyo

Abantu abangi batubuuziza lwaki ebikolwa bya dayimooni birabikira nnyo mu nsi ezikyakula. Ensonga eri nti bakiririza nnyo mu maaanyi agatali

ga bulijjo. Eddiini zaabwe zirina ensibuko mu maanyi g'omulabe. Eby'okulabirako, mu Thailand ekitudutundi kinene eky'eddini ya "Budda" balina enyumba emyoyo ezenjawulo, Zino ojja kuziraba mu bibanda by'emmere ebyaba Thailand n'abachina ebisaangibwa mu America. Amaka n'eby'obusubuuzi mu Thailand birina obuyumba obutoneddwa okusa ekitibwa n'okusanyusa emyoyo. Gy'okoma okukulakulana mu by'okola n'ennyumba y'emyoyo gy'ekoma okuba ennene. Ebiseera ebisinga tusanga abakulisitayo abatamanyi kyakola nga begomba enyumba ye mwoyo, nga tebamanyi nti omulimu gwayo gwa kusanyusa dayimooni.

## Osobola okuwulira amaanyi amabi

Singa abalokole babeera begendereza eri ensi y'omwoyo, basobola okuwulira amaanyi amabi agava mu nyumba z'emyoyo era emirundi mingi tuwulidde okubeerawo kw'emyoyo. Emirundi mingi tuwulidde okwetoloolwa kw'amaanyi amabi nga tenunalaba na ku ssabo.

Nga tuwulira okuziyizibwa kw'emyoyo gino okutunulatunula tuti nga kwe tulaba. Ekigendererwa ekiri emabega w'ennyumba z'emyoyo kwekuba nti omuntu atedayo ebiweebwayo eby'ebimuli emere ne soda owa coca-cola abeera agenderera okusanyusa emwoyo gireme kubatuusako bulabe. Nga benyigira mu kuyita emyoyo (gyebalowoza okubeera ab'oluganda oba emikwano gyaffe abaafa,) babeera mu kulinbibwa era bawa dayimooni obuyinza okutuula mu bo. Pawulo awa abakrisitayo amagezi obutatabagana ne dayimooni."

> Kale njogera ki? ekiweebwa eri ekifaananyi nga kintu, oba ekifaananyi nga kintu? Naye njogera ng'ab'amawanga bye bawaayo bawa eri balubaale, so si eri Katonda: nange ssaagala mmwe kubeeranga abasseekimu ne balubaale. Temuyinza kunywa ku kikompe kya Mukama waffe ne ku kikompe kya balubaale: temuyinza kugabana ku mmeeza ya Mukama waffe ne ku mmeeza ya balubaale.
>
> \- 1 ABAKKOLINSO 10:19-21

- Ebifananyi n'ennumba z'omwoyo byaniriza zi dayimooni. Abantu ebiseera ebimu nga tebamanyi bavayo saddaka eri ziddayimooni.

- Abakulisittayo balina okubeera abegendereza obutawa banga mwoyo nga bakyalira zi yeekalu oba okwegomba amasabo g'emyoyo oba ekika kyekifaannanyi kyonna, ekinene oba ekitono.

- Amaanyi gonna amabi osobola n'okugategeera mu basinza lubaale oba abakiririza mu manyi agatali ga bulijjo ne mu makumiro g'ebitabo byabwe.

Abakulisittayo b'omu Thailand b'alina okukolangana n'abengganda zaabwe abatanalokoka abajjanga n'ebifaananyi byabwe ebyawongo nga bajja mukyalo okuva mu kibunga ekirala. Kino kilina kye kitegeeza mu nsi ey'omwoyo, era abakulisittayo balina okusaba n'okutwala obuyinza ku mwoyo gye baze nagyo nga bajja okukyala mu maka gabwe. Ekitali ekyo okweyoleka kw'amaanyi amala kutandika okweyoleka era n'emirembe negibaddewo awaka gitaataganyazibwa.

## Ebikolwa bya dayimooni byekungganyiriza mu yeekalu

Kino kiwulikika nga eky'okujjubisa eri abamu abasoma bino, naye siga ayogerako n'abamisane n'abalokole ababeera mu nsi zino, ojja kukasa obutuufu bwakino. Ekifo ekirala ekikungganiddawmu emirimu gya dayimooni ge masabo gaabwe. Era asobola okuwulira amanyi amabi nga gava mu bifo bino ebisinzibwaamu. Abasinza emizimu bagawulira amaanyi gano, era bagatya, ne kibawalirizibwa okugezaako okugisanyusa emwoyo gireme kubatuusaako obulabe. Abakulisitayo bandyewaze okukyalira amasabo gano agajjudeemu dayimooni.

## Kyawulirika nge nnyumba ya nabbubi ettobye

Ku lungendo lwange olwasooka (John) e Panang mu gwanga lya Malaysia, natambula ne Dr. A.L. Gill eyawulizanga enyo emirimu gy'emyoyo n'okwetooloola amasabo, bwe twaali tuvuga okuva ku kisaawe ky'ennyoni nga tugenda ku woteeli, nali ntudde mu mutto gw'emabega nga n'ewunya ebintu ebipya byonna ebiri mu kibuga kino ekijjuddemu "amasabo enkumi n'enkumi."

Ng'atudde ku mutto ogw'omumaaso, Dr. Gill yali yetegereza engeri gye nali neyisaamu mu ndabirwamu. Bwe twali tuvuga nga tusemberera yekaalu ya ba Hindu, awatali kulabula natandika okuwulira obubi nga bwe nali netegereza enkumi n'enkumi z'ebiffananyi bya dayimooni eby'ali ku kasolya akesulise ennyo. Nawulira ekintu ekyalinga ekiyumba kya nabbubi ekinyogoga ennyo nga kingwaako. Ebikolwa byange byaletera mukwano gwange okumwenya n'okunsekerera era n'angamba "Kirabika obulongooti bwo obwomwoyo bukola bulungi. Gukuume bulungi ojja kwewala obuzibu." Yali ayogera ku kirabo eky'okukebera emyoyo. Nayongera okwebaza Omwoyo Omutukuvu eyazanga obujja ekirabo kino obugya sabiiti omukaga ze namala mu Malaysia.

## Tulina okukiriza Katonda alage amaanyi ge

Kubanga abantu b'omunsi zino babeera mu bwakabaka obwekizikiza nga bafugibwa okutya dayimooni, engeri emu gye tuyinza okuwereza gye bali kwe kubalaga okwagala n'amaanyi ga Katonda. Ffe bwetwabeera nga tuli mu nkungaana z'enjiri ez'abantu b'omukitundu kya amambuka ga Thailand omuntu omu natandika okulaga obubonero bwa zidayimooni n'agwa wansi natandika okwew'alula ng'omusota, twali tumanyi bulungi obuyinza bwaffe mu Krisitu. Mu mbeera efaanana bweti okunyonyola, n'okuyigiriza obulungi bye twayiga mu matandekero ga baibuli wano tebikola. Tulina okuyimirira mu buyinza obw'atuweebwa Yesu kristo netukiriza Omwoyo Omutukuvu okw'olesa amanyi ge okuyita muffe. Pawulo yali amanyi engeri yokukwatamu embeera nga zino.

> N'ekigambo kyange n'okubuulira kwange tebyabanga mu bigambo eby'amagezi ebisendasenda, wabula mu kutegeeza kw'Omwoyo n'amaanyi: okukkiriza kwammwe kulemenga okubeera mu magezi g'abantu, wabula mu maanyi ga Katonda.
>
> - 1 Abakkolinso 2:4-5

- Kola Pawulo kyeyakola. Tukozesa obuyinza bwaffe nga tugiragira okulekerawo n'okusirika mu linnya lya Yesu Kristo.
- Olwensoga ayo omuntu bwalekerawo era nasirikiriira wansi, ekikolwa kino kyooka kiretera abatanalokoka okussaayo omwoyo!
- Olwo ne tulyoka tubulira enjiri enzijjuvu eya Yesu Kristo ng'omulokozi, muwonya, abatiza abantu n'Omwoyo Omutukuvu era Kabaka anatera okudda amagu.
- Oluvanyuma lw'okubulira ekigambo, Katonda bulijo abeera mwesigwa okuwonya abalwadde n'okusumulula abantu okuva mu ziddimooni.

Abantu banaggwanga bakiriza Yesu nga ye Katonda omu era Ow'amazima, Omutonzi! Bwe baalaba n'okuloza ku amaanyi ga Katonda ne bavumbula nti gasinga omwoyo gwa dayimooni gwonna. Aleluya!

## Okusabira we twali tusula mu woteeri

Obulwadde obwaluma maama omulundi ogw'asembayo nze (Sonja) sagenda na John ku zimu ku ngendo zenjiri e Thailand. Nali nga mbeera mu

wooteeri a Vancouver, Washington okumpi ne maama we yali nga ndowooza ku bulwadde bwa nyabo. Nga eteeka bulijjo tusabira ebisenge bya woteeri era tubitukuza okuyita mu Linnya n'omusaayi gwa Yesu Kristo.

Ekintu kino kyenyini nali mukoovu ne nerabira okusaba. Mu matumbi budde nazukuka nga dayimooni egezaako okumpeweeta. Natya nnyo era kabula kata nemererwe okwatula ebigambo, "Mu Linnya lya Yesu Kristo, nkulagira okugenda!" Kino nakiddamu emirundi mingi, naye nga kidayimooni tekigenda. Kunkomerero nagamba, "Mbikkiddwa n'omusaayi gwa Yesu era olina okugenda!" Olwo ne kigenda. Ekyewunyisa ku kyaliwo nti nekyuusa bwe kyuusa mu buliri nenziramu ne nebaka! Emirembe gya Katonda gyokka gye giyinza okunyonyola ekyo.

## Nze (John) nali ndoowooza ngenda kufa

Bwe twaali mu woteeri Mae Sai okulirana ensaalo ya Myanmar nagayala okutwala obuyinza ku myoyo gyonna egitera okwetoloolera mu bisenge bya woteeri. Ku saawa nga mwenda ogw'ekiro nazukuka mpulira obulumi obw'amanyi mu lubuto. Nentagala okugenda mukinaabiro okugezaako okwetewuluzaako obulumi. Kino tekyanyamba. naggwa ku buliri netandika okuwulira nga ndimunafu nnyo era n'entandika okukankana ebitagambika. Okutya ne kuntomera. Muli ne ndowooza nti "Bino bitabuse, wano tewali Ddwaliro. Nyinza okuffiira wano."

Awo Omwoyo Omutukuvu nandya ekimuli nti "Twaala obuyinza ogobe ekyoyo ekyo!" Amangu ago nenjongerera wagulu nti "Gwe dayimooni embi nkulagira okunta era vva wano! Nkujjako obuyinza era nkugaana okunsigalako. Mu buyinza obuli mu musaayi gwa Yesu kristo genda! Emyoyo gyonna egiri mu kisenge kino gisibiddwa. Temusobola kuberawo mbalagira mwena okufuluma wanno mu Linnya lya Yesu Kristo!" Nali sifaayo oba abantu mu kisange ekiddako bali bawulira bye nali nyogera. Kino ekintu kyali kigezaako okunzita! Mu ddakiika budakiika obulumi bwali bugenze nga n'okutintima kulekedde awo. Nayingira obuliri ne nebaaka ng'omwana omuto okutuuka ku makya.

## Waliyo dayimooni mu Amerika?

Tubadde twogera ku bikoligo bya dayimooni munsi ezikyakula. Kakano katudde ku America. Wabaddewo okweyongera kw'emirimu gya dayimooni mu Amerika. Nga bakulisitayo, tuyina okukiriza amazima nti emwoyo gye giri era girina amaanyi ku bantu abamu. Okutandikira ku myaka egye nkaaga tuze tulaba empisa z'aabantu mu nsi yafe nga zisebengerera era nga tulaba. dayimooni zifungarira mu bintu bino wamanga.

- Enzikiriza eziva mu mawanga ag'ebuvanjuba.
- Okuyiga ebikwatagana ku nsinza y'emyoyo, obusamize ne nzikiriza y'omulembe guno.

- Okweyongera kw'obutabanguko n'obuseegu ku TV ne mu firimu.
- Okulaga ebifaananyi eby'obuseegu ku mutimbagano n'abantu abekikula ekimu okweganza.
- Okukozesa ebiragalalagala n'ettamiiro.

Bwetuba abakukolera ddala ebyo Yesu bye yakola tetusobola butafaayo kumanya biki ebikwaata ku mulimu gwa dayimooni mu bantu. Naye kyetulina okukola kwe kwekeneenya eky'okukola okusobola okusumulula abo abawambiddwa setani. Dayimooni ziri ku mulimu mu nsi yonna. Yesu yatuma abalokole okugoba dayimooni buli wetusanga abaatu abali mu busibe bwa dayimooni. Ebisiggaddeyo mu suula eno bijja kukomyaawo ensonga ewaka, wano mu Amerika.

*Okufuula abawambe abeddembe mu amerika*

## Essomo erikwata ku dayimooni 101

Emboozi eno ekwaata ku bintu bye nayitamu (John) ebyanzibula amaaso ku nsi ye mwoyo Byatandikira mu Everett, Washington, wakati we myaaka gye nsaavu (1970's). Mukwano gwange nfirabulago Ken Miracle ye ya nyanjula eri omusajja eyali mu myaka nga nsanvu eyali amanyikiddwa mukuwonya abalwadde, okuwa obunnabbi, ng'akozesa ekirabo ky'Omwoyo Omutukuvu eky'okubikulirwa erinya lye ye yali Levirandi Jesse Raymond. Yali mwogezi kayingo mu Kkanisa ya full gospel, mu nkunggana z'okuwonya abantu ne mu kibiina omwegatira abaami bomu Kkanisa za Full Gospel ekyayitibwanga Full Gospel Business Men's Fellowship Internatiomnal (FGBMFI). Twasisinkanira ku kyamisana mu lukiiko lwa FGBMFI mu Everett, Washington. Yabudabuda nga abalokole mu w'ofiisi ye eri emabega w'ekumiro lye bitabo eby'abakulisitayo erya "lighthouse" mu mambuuka ge kibuga. Yansaba nkyalire ko ekkumiro lye ery'ebitabo. Mu kukyala kwange okunadako nga ngenze okubaako byentunda mu kitundu ekyo.

Natuuka lw'okutaano akawungeezi era nakwatibwako nnyo emboozi z'ebyamagero bye yali ayiseemu ng'abulira enjiri. Ssilyelabira kiki ekyaddirira.

## Mufulume!

Akawungeezi ako omuntu gwe yalagana naye okukansolinga nayingira mu kkumiro ly'ebitabo. Jesse yansaba nsigale ndabirire ekumiro ly'ebitabo nga bwayogera n'omwami oli. Nali musanyufu okumuyambako. Omwami yajja ne Baibuli ye erabika nga nkadde, yali omukiriza eyali ajjuuziddwa Omwoyo mbu era yali azze okufuna obuyambi "obukwata ku bulalu bwe." Woffiisi ya Jesse yali yandabirwaamu yonna era nga eri mabega w'ekkumiro ly'ebitabo. Nali nsobola okulaba buli kimu ekyali kigenda mu

maaso naye kyali kizibu okuwulira ebyali byogerwa okutuusa lwe nawulira nga Jesse ayogera nti, “Olina okumuvamu kati!”

Amangu ago ne ntunula mu w’ofiisii ya Jesse, Jesse eyalabika nga mukakamu nnyo yali yesigamye mu ntebe ye ennene mu w’ofiisi. Ku luda olulala w’emmeza ye waliyo omusajja ng’atudde, nga yesigamye era ng’enkokola z’omusajja ziri ku maviivi, na maaso gamumyuse, nga awuluguma, ameketa amannyo n’okukola. Enviiri ne zinva ku mutwe, nga kizibu okukiriza kye nali ndaaba. Natya era nenjagala nfulume amangu ago, nziruke!

Awo essimu bwe yavuga. Nadduka nsobole okugiddamu. Baali bagala kwogera ne Jesse. Mu bwangu. Namutemyako okuyita mu ndabirwamu nti yali yetagibwa mangu ddala. Jesse yayimuka nagula olugi najja era nangamba nti “Genda eri munda onyambeko. Nja kutwala edddakiika nga emu. Ndabika natunula ng’omwana owe myaka ena alaba Frankenstein omulundi gwe ogwasooka. Jesse namweenya naggamba “ genda totya. Yogera bwogezi eri omwoyo mu linya lya Yesu Kristo! Ngenda kudda mangu.” Nansindika mu ofiisi ye nze netuula mu ntebbe ye mukutya okutenkanika.

## Yatunulira ekaliliza

Olw’okuba nti emmeeza yeyali etwawula wakati wange ne dayimooni emirembe gyambula. Omusajja ono eyali amyuuse amaaso yantunulira enkalliliza, ng’ate assa nnyo. Nali sisobola ku baako kyenjogera. Nanyogoga. Oluvanyuma mu bunafu nasobola kulagira nti, “Mulinya lya Yesu sigala awo wooli nkulagira okusigala nga otudde!” naye ye yantunulira butunulizi. Ekyamazima nali ntandise okutya. Mu kasirise ne nsaba, “Ayi katonda nsaba Jesse akomewo wano, Mwanguyeeko Mukama!” Awo omusajja nawuggula era nawulugumamu katono ekintu ekyantiisa ennyo. Oluvanyumaa Jesse nayingiira nakasero ka kasasiro akatono, nakawa omusajja namugamba nti, “Muveemu gwe dayimooni omubi, mufulume kati!” Mu linnya lya Yesu Kristo!”

Nentemya ku Jesse atule mu ntebe ye nga bweneyongera yo ku kisenge. Netegereza omusajja nga yegoga, natintima era nakololera mu kasero omusulwa ebisasiro. Kino yakikola emirundi essatu oba ena. Oluvanyuma nada mu ntebe n’assa ekikkowe, neyelongoosa akalevu, n’agamba nti, “Kigenze! Kigenze! Kyonna kigenge!” “Natunulira Jesse, namubuuza nti, wakitegedde otya? Jesse namugamba “Mukama yambuliridewo bwe wayingidde wano leero.” Yangambye nti obadde nnyo mu bintu by’okulaba ebiffananyi eby’obuseegu okumala emyaaka mingi n’oggulira omwoyo gw’obulimba n’okweyisa mungeri etekirizika.

Newuunya, kuba ono yali mukulisittayo mukukutivu, ayogereranga mu nniini, yagendanga mu kkanisa, nali ndowooza nti abakulisittayo tebabeera na dayimooni. Ekyo kye nali nsikiriza. Nabuuzibwabuzibwa nnyo. Ng'omwami agenze, Jesse nandagirira ebimu ku bitabo ebikwata ku ssomo lya dayimooni nansaba nkomewo tukubaganye ebirowoozo ku bye nzudde. Navaawo newuunya. Eky'okulowoozako kyambula. Mwattu, nali nina bingi eby'okuyiga ebiri mu nsi y'emyoyo. Ekintu ekyaali ekituufu. Omukulisitayo oba atali mukulisittayo, nalaba obujulizi obwenkukunala ku omwami eyali asibiddwa omwoyo. Era nalaba amaanyi agali mu linya lya Yesu Kristo mu kusumulula omusajja okuva mu maanyi ga dayimooni.

## *Omukulisitayo asobola okuba ne dayimooni?*

ESSOMO ERIKWATA KU DAYIMOONI, bwe lireetebwa kirabika n'abakulisitayo bebuuza ekibuuzo kye kimu "Omukulisittayo asobola okubako dayimooni?" oluvanuma lw'emyaka asatu nga netegereza ensonga eno, ekyokuddwamu kyaffe kye kino. Omukulisittayo aweereddwa eddembe okwesalirawo. Bw'asalawo okwetaba n'abantu abakola ebikolwa ebya setani oba okugyemera Katonda era ne beyongera okutambulira mu bulamu bwe kibi n'okwagala amasanyu, babeera bagulawo oluggi dayimooni mweziyita ne zi bayingira. Kisobola okutwala ebbanga, naye ku nkomerero dayimooni zibakuba. Abakulisitayo, temusobola kubeera mu bulamu bwa mirundi ebiri. Tulina okutambulira mu bulamu ne Katonda oba ne tusalawo okutambula kulwaffe. Ffe tusalawo.

### **Kino kitiisa!**

Bangi kino kiyinza okuba eky'entiisa okukizuula nti abakulisittayo bakubibwa dayimooni. Waliyo abantu abawakana nti abakulisittayo tebasobola kubeera nga balina Omwoyo Omutukuvu ate ne babeeera ne dayimooni mu kiseera kye kimu. Ekibelama okutegeera nti dayimooni zibeera mu meeme (bw'olooza, bwo'osalawo, ne bw'owulira) ne mu mubiri, naye si mu mwoyo gw'omuntu. Buli lwe tufuna Yesu Kristo, omuntu waffe ow'omunda addizibwa buggya, era nafuuka mulamu ku bw'Omwoyo Omutukuvu. Naye endooza zaffe teziddizibwa bugya. Naye emeeme yaffe yetaaga okuddizibwa obuggya buli lunaku. Abantu abegamba nti bakiririza mu katonda naye nga tebalina kumanya kwa Baibuli banguwa okutwalibwa / okugwa mu bilimbo bya sitani. Bwetuba tetumanyi Baibuli kyegamba, tusigala nga tuli bangu ab'okulumbibwa "emwoyo emirala." Pawulo alabula abakulisitayo okubeera abegendereza baleme okubuzabuzibwa emyoyo egye njawulo.

Naye ntidde, ng'omusota bwe gwalimbalimba Kaawa mu bukuusa bwagwo, mpozzi ebirowoozo byammwe okwonoonebwanga mu kulaba wamu ne mu bulongoofu ebiri eri Kristo. Kuba oyo ajja bw'abuulira Yesu omulala gwe tutaabuulira, oba bwe muweebwa omwoyo omulala gwe mutaaweebwa, oba njiri ndala, gye mutakkiriza, mukola bulungi okumugumiikiriza.

- 2 Abakkolinso 11:3-4

- Abo abanoonyereza okuwulira eby'omwoyo mu bifo ebikyamu bagulawo endowooza zaabwe eri okuvunda mu mwoyo.

- Ebidini diini bigenze mu maaso anga bisikiriza abantu okubyegattako nga bibuulira "Yesu omulala" wamu n'enjiri endala. Abajjulizi ba yakuwa n'abamamoni z'ezimu ku bidiini eby'obulimba ku lukalala lw'eddiini ennyingi eziva mu "mwoyo omulala."

- Bwe tusigala mu kuyigiriza okutuufu okw'ekilokole okuviira ddala mu byaasa ebingi eby'okuyigiriza okutuufu abasomi ba baibuli abasibwaamu ekitibwa kwe bakoze awo tubeera n'obukuumi.

- "Omwoyo omulala" kitegeeza okuyigiriza okuwulikika nga okulungi oba okunyumira emeeeme, naye nga kwambaziddwa obulimba era nga gye binaggweera nga osibiddwa endowooza ekujja ku njiri ey'ekisa n'ekutuusa mu kusibibwa mu mwoyo.

Naye Omwoyo ayogera lwatu nti mu nnaku ez'oluvannyuma walibaawo abaliva mu kukkiriza, nga bawulira emyoyo egikyamya n'okuyigiriza kwa basetaani, olw'obunnanfuusi bw'abalimba, nga bookebwa emyoyo gyabwe nga n'ekyuma ekyokya, nga bawera okufumbiriganwanga era nga balagira okulekanga ebiriibwa, Katonda bye yatonda biriirwenga mu kwebaza abakkiriza ne bategeerera ddala amazima.

- 1 Timoseewo 4:1-3

- Abakiriza abamanyi ekituufu ky'ekigambo kya Katonda tebajja kubuzaabuzibwa mu mwoyo ekiva mu mateeka, obulimba oba okuyigiriza kwa dayimooni.

- Abo abatamanyi kiki Baibuli kyegamba babeera bangu okusendasendebwa abaffere aberaga nga abatume, abaagala okukola obukozi sente.
- Ebidiini diini bitandika n'ebigendererwa ebirungi, naye nga abakulembeze babwe tebalina musingi gwa Baibuli, ekiretera emyoyo egirimba wamu n'okuyigiriza kwa setani okubeera abasomesa babwe.
- Ebirabo eby'okwawula emyoyo, ekigambo eky'amagezi wamu n'okutegeera, era n'okutegeera obulungi Baibuli ky'egamba kwe kwerinda okusingayo obukulu eri omulokole asobola okwewala okulimbibwa ebidiini bino.

### *Okutyobolebwa mubirowoozo*

TWAYIGIRIZIBWA mu ssomo ly'engeri abantu gye balowoozamu 101 nti singa endowooza y'omuntu ebeera esembezeddwa mu mbeera etali ntuufu ayinza okufuna okutabuka omutwe. Tukiriza nti bwe wabeerawo okutya okwekibwatukira nga kuva kukunyizibwa kw'omubiri oba obwongo kuyinza okutondawo endowooza ey'obulimba. Ebintu nga okulaba nga omuntu atemuddwa, okuyisibwa obubi bw'okutulugunyizibwa nga oky'ali muto, oba okutusibwaako ogw'obulisa maanyi, oba okusiyagibwa bisobola okusanyalaza, okulumya, okuleeta obuvune n'okukyusa endowooza y'omuntu ekiyinza okumukyaamya endowooza nakiriza n'obulimba. Singa ziba zirekeddwa okunywera zijja kulemera ku mutu obulamu bwe bwonna. Okukiriza Yesu n'okulokoka bijjawo obulimba buno obutali bwa bulijjo okubujja mu ndowooza. Wabula singa obeera wafuna okuyiggaanyizibwa ennyo mu buto oba obuvubuka wasobola okusigalawo eddobo eliba mu ndowoza yo. Singa biba tebikwantiddwa n'amaanyi agawamu okuza obujja endowooza, obulimba n'okutya okw'ebuziba bigya kusika zi dayimooni.

Abalokole abategeera engeri omulabe gy'akolamu mu bifo bino abantu mwe bayigganyizibwa mu bwongo n'ebiwundu eby'ebuziba mu kikula ky'emwoyo gyaffe balina okuba abetegefu okutukirira abo abasisibiddwa oba nabo abawakanya enjigiriza enungi mu kwagala. Tufuba okukola kino okusinzira ku kyawandiikibwa kino wammanga:

> Naye omuddu wa Mukama waffe tekimugwanira kulwananga, wabula okubeeranga omukkakkamu eri bonna, omuyigiriza, omugumiikiriza, abuulirira n'obuwombeefu abawakanyi, mpozzi oba

nga Katonda alibawa okwenenya olw'okutegeerera ddala amazima, era balitamiirukuka okuva mu mutego gwa Setaani, oyo ng'amaze okubakwasa okukolanga okwagala kw'oli.

- 2 TIMOSEEWO 2:24-26

- Abakulisitayo abafugibwa omubiri abeyongera okuwakanya enjigiriza ennungi okuva mu kigambo kya Katonda bajja kumaliza bagudde mu mutego gw'omulabe era abawambe abakozese okwagala kwe.

- Okwenennya okwanamaddala kwetagisa okuzaawo omuntu eyali agudde era ng'asibiddwa mu mutego gwa sitaani.

## Okusonyiwa n'okwenenya byanika omulabe

Omuntu bwakiriza obulimba bw'omulabe natasonyiwa afuuka omulimba. Bwe basonyiwa abo ababesitaza wabeerawo okusumululwa mu birowoozo ne bafuna eddembe mu mwoyo erikulukuta okutuuka mu meeme. Mu ngeri yemu, omuntu bwe yeneeyeza ddala olw'ekibi kye yakola nga tanaba oba ng'amaze okujja eri Yesu afuna okusumululwa mu ndowooza ye. Mu mbeera zino zombi asumululwa okuva mu kutulugunyizibwa dayimooni. Bwe bagana okweneenya, omulabe abakumira mu mutego. Enkomerero kwe kusereba mpoola mpola okukakana nga asibiddwa dayimooni.

## Okunoonya kwa John okupya

Awamu n'okuyiga okuwonya abalwadde, nali maliridde okuyiga byonna byensobola okuyiga ku nsi etalabika ey'emyoyo. Nga bwe kinyonyoddwa mu ssuula eky'okusatu okuwonya abalwadde kiyita mu mitendera miwanvu. Kati no okuyiga ku myoyo kyakwatagana n'omutendera gw'okuyiga okuwonya abalwadde. Gye nakoma okuyiga ku kuwonya n'essomo lye myoyo gye lyakoma okutegerekeka. Okuwonya okw'obwakatonda kukolera wamu era n'okuyita mu Mwoyo Omutukuvu. Byombi bye bipimo by'ebibala eby'emirimu gy'obwakatonda egya Katonda ajjude okwagala ayagala abantu be okubeera ab'eddembe. Ayagala ffena mu bujjuvu (omwoyo, emmeeme n'omubiri) okubeera ab'eddembe okumusinza nga tewali kituziyiza.

Bwetubeega mu buweereza bw'okuwonya, buteerevu tujja kusinsikana dayimooni. Kibeerawo bubeezi. Ekigendererwa kyaffe wano kwe kubetenta kw'okutya essomo ely'okusumulula era tuwe abakiriza eby'okulwanyisa okusobola okwanganga dayimooni bwe bazisinsikana.

## Okwesonyiwa dayimooni kyabulabe

Eky'okulwanyisa ekisinga amaanyi omulabe kyakozesa bwe bulimba. Singa sitaani asobola okulimba abakulisitayo okwewala esonga ne balemererwa okumanya ekyo ebyawandiikibwa bye bitugamba ku kubeerawo kwe myoyo egy'omulabe nti wegiri. Awo sitaani aba awagudde. Tuwulidde abakulembeza ba bakrisitayo abamu abagezaako okutyoboola n'okusa wansi abo abenyigira mu buwereza bw'okusumulula. Mu ngeri yemu tusobola okujulira abo abantu abatono abayiseewo mu buweereza bw'okusumulula ne baletera obuwereza buno erinnya ebi. Abasumba n'abakulembeeze balina okutegeeza ebibiina byabwe ku kuberawo kwa dayimooni ne kye zisobola okukola ku bakulisitayo. Okw'esonyiwa essomo lino kubeera kukiriza dayimooni zitege abakristayo abatalina kye mabamanyi baggwe mu mitego olwo akavuyo kajjule Ekkanisa.

Ekkanisa kye kitera okuba ekifo abantu abatawanyizibwa mwe badukira okufuna obuyambi. Tufuna amasimu okuva eri abantu abetaaga obuyambi abalemereddwa kufuna obuwereza obw'okusumululwa obw'esigamye ku Bayibuuli mu kibuga mwe babeera. Kitukwasa ennaku kubanga tetusobola kusemba buwereza n'obumu mu kibuga mwetuli. Kino tekirina kuba bwe kityo! Eyo yesonga lwaki twewaddeyo okutandika amatendekero agayigiriza obuwereza buno mu Kkanisa ez'omukitundu ng'eyo abantu abalina ebisaanyizo gye baaweebwa ebikozesabwa okusobola okukola obuwereza obwekika kino. Abawereza abamanyirivu abatasasulwa basobola okukola omulimu nebakendeeza ku mugugu abawereza ab'omusaala gwe balina. Ekkanisa nyingi bakozesa abayizi bangi abavubuka abavudde mu matendekero gaffe ag'obuwereza bw'okusaba n'okukyalira amalwaliro. Abasumba bamanyi nti basobola okwesiga abantu mu Kkanisa zaabwe abafunye okutendekebwa mu Baibuli n'obumanyirivu obw'obuliwo okuyita mu matendekero gaffe.

## Tetumanyi bwebakikola!

Tukiriza nti emitima gy'abukulembeze ba bakulisitatoyo gigamba, tetimanyi ngeri yakukikolamu! Tulage enkola ennugamu eyesigamye ku njigiriza ya Baibuli, oba olyawo tujja kulowooza ku by'okwenyigiramu! Baibuli ejjudde eby'okulabirako nga Yesu ngawa obuyiza n'amaanyi okusumulula abo abawambiddwa dayimooni. Ebisuubizo tebivangawo. Tukubiriza abakulembeze b'abakulisitayo okukola okunoonyereza ku ssomo n'okusomesa obubaka obutekubidde ku bikwatagana ku kubeeerawo kwa dayimooni na kye zisobola okutuusa ku bakulisitayo. Obutasomesa bakristayo kintu kino mu masomo aga bulijjo ku ngeri y'okubeera omuyigirizwa, buterevu bajja kukumira ebibiina byabwe mu butamanya mazima ku dayimooni olwo

ebibala bya kino bija kuleeta okutya okw'essomo lyonna n'okuleeta emboozi essudde obulimba ku nsonga lwaki twewala ebikwata ku dayimooni.

Nga tuyingira ebintu by'omwoyo ebitategerekeka eby'ekyaasa ekya abiri mu ekimu, tuteekeddwa okutendeka abatukuvu okumannya n'okutegeera ku bikwatagana ku nkwe z'omulabe oyo agenda mu maaso n'okuwamba abakulisitayo abatetegese nga abakubya obulimba n'okwaka n'obulamau obw'ekikaba.

## Okunyigirizibwa dayimooni

Tetusobola kubala bakrisitayo bameka – abakulisitayo abajjude Omwoyo abaja gye tuli nga banyigirizibwa dayimooni. Emirundi egisinga tusobola okugoberera ensibuko yaakyo nga yava ku bikolwa eby'okutulugunyizibwa ebyabatuukako nga bato oba okunyigirizibwa omu ku benganda oba emikwano.

## Okutambula kw'omwoyo okuva ku muntu omu okudda kumulala

Mu kukabasanyizibwa, watera okubawo okuwanyisigannya kwe myoyo okuva ku akabasanyiza atera okubeera n'omwoyo omubi. Yadde omwana oba omuvubuka abeera muto era nga talina ky'amanyi okuwanyisiganya kugenda mu maaso. Mu mbeera eyo eyatulugunyizibwa ow'omuwendo bwajja eri Yesu era nafuna obulokozi mazima ddala asonyiyibwa ebibi bye byonna ebyenenyezeddwa. Wabula okutuusa ng'Omwoyo omubi gukwatiddwaako era ne gulagilwa okuvaawo n'amaanyi ga Yesu Kristo, gusigala gukyakola mu bulamu bw'omuntu. Bwe kituuka ku mukazi kiba kyanjawulo, kiyinza obutabeera kibi nnyo, ne kibeera ng'okwambala mu ngeri esomooza. Abasajja besanga basikirizibwa okugenda gye bali naye nga tebamanyi lwaki.

Singa omusajja abeera yatulugunyizibwa ayinza okufuuka omusiyazi oba okuwambibwa kagenderere ebifaananyi eby'obuseegu. Mwekyo, tutegeeza nti ekyoyo kino ekitamatira kigenda kimuvuga okuva ku ddala erimu okumutuusa ku dala mu kukyaama okutuusa nga kimutusiza ku kulaba ebiffananyi by'obuseegu eby'abana abato—ekimu ku bintu ekisembayo obukyaamu mu engeri z'obuseegu e z'ekibi. Twekenenyeeza nti omusanjja n'omukazi abayise mu ngeri gye tunyonyodde wagulu bwe basisinkana waliwo amaanyi ag'enjawulo agabakwataganya. Tebasobola kukinnyonnyola kubanga kiri ku ddaala lya mwoyo- dayimooni zombi zimbeera zikwataganye.

## Lwaki nze?

Omukazi bwafuuka omukulisitayo naye natafuna kusumululwa kuva mu bikolwa by'omwoyo nga bino ebiseera ebisinga abeera atera okw'ogera bwaati:

- "Mpulira bubi nga abasajja banetegereza n'okunkwaana kyokka n'abo abakulisitayo abasanyufu mu bufumbo nga mw'obatwalidde."
- "Lwaki nze?" Lwaki abasajja b'omu offisi mwenkola tebakwana bawala bato era abalungi benkola nabo?"

Mugeri yemu omusajja afuuse omukulisitayo naye natafulibwa wa ddembe okuva mu ndoowooza etali nungamu ku ngeri gy'alowoozamu ku bakyala ne eby'okwegaddanga okutwaliza awamu. Singa tebikolebwaako basobola okwanguyirwa okwenyigira mu bikolwa eby'okwegaddanga ebitali bya bulijjo okugeza ebiyinza okuletera omusajja akwagala abasajja n'abakazi, oba okwagala basajja bane. Okufuna obufumbo obulamu, nga mulimu okumatizibwa mu by'okwegata kifuuka lufumo.

Abantu bano ab'omuwendo betaaga okusumululwa kwamaanyi ag'omusaayi gwa Yesu Krisito n'obuyinza bweyatuwa ku buli kibi, okuyigganyizibwa ne ku dayimooni.

## Enjigiriza enkyamu ekuumira abantu mu busibe

Waliwo abakulisitayo abalungi bangi abakiriza nti dayimooni tezisobola kutawanya balokole. Naye ekigambo n'ebyetuyisemu mu buweereza bikakasa nti kino kyamutawaana nnyo. Bw'okiriza ekyo newesanga ng'otawanyizibwa dayimooni nga ne byogezaako okulekerawo ekibi kikusindikiriza, n'emmizze egikuzikiriza, oyinza kola otya? Tulowooza nti kino kye kyatuuka ku mubulizi w'enjiri omu mu Amerika n'omusumba w'ekkanisa emu ennene mu kitundu kye Seatle. Ensomesa yaffe bweba egaana abakulisitayo okununulibwa okuva mu dayimooni, olwo abo abawambiddwa basigala tebalina ssuubi. Tetukiriza nti abo abakrisitayo be twogeddeko nti "batuddeko dayimooni." Wabula awatali kuwananya banyigirizibwa setaani era betaaga kufulibwa ba dembe.

## Omusesolodooti asumululwa

Olunaku lumu twali tusomesa ekiwayi ekye Ekeleeziya abayitibwa aba "Charismatic" ku Omwoyo Omutukuvu. Buli lunaku olw'okutaano ekiro omusesolodooti omukadde yajjanga nayimirira emabega we kisenge ng'awuliriza ffe netulowooza nti yali alondoola bye twali tusomesa. Akawungeezi akamu yajja gyendi (Sonja) oluvannyuma lw'okusomesa. Twali tusomesa ku dayimooni, natandika emboozi ku mulamwa ogwo. Nanyumya ku kimutukako buli kiro bwe yagendanga okwebaka. Amangu ddala nga agyeko ettaala, yawuliranga ekizikiza nga kimugwaako, okubula okumwaabya ekifuba. Yambuuza kye endowooza ekyali ensibuka yekyo. Amangu ddala namuddamu nti kimpulikikidde nga dayimooni ne mubuuza oba yali yetaaga okusabirwa. Omusajja ono omukakamu n'addamu nti "Wewawo," John nange mu bwegendereza ne tugenda naye mu kisenge ekirala ne tutegeera omwoyo ne tumusabira essaala ey'okusumululwa n'afuuka ow'eddembe. Wiiki

eyaddako yakomawo mu lukungaana nakamwenyumwenyu n'amawulire amalungi. Dayimooni teyaddamu kulabika okuva lwe twasaba! Katonda waffe nga wakisa!

## Obuseeggu bw'oku mutimbagano

Okugya kw'obuseegu ku mutimbagano, kwaletera abasajja bangi nga mulimu abakulisitayo (abasumba, bakabona n'abakulembeze) okubutamiira eyo gye bakolera emirimu gyaabwe. Okusebengerera kutandika bwe kuti: mukwagala okumanya olubikula omutimbagano, amataba ge mpitambi nga gamuyiika mu maaso. Amangu ago Omwoyo Omutukuvu nga amulumiriza oba oli awo nga abigyako. Naye ebifaananyi bino ebisikiriza bisigala byetooloola mu ndowooza ye. Tewayita bbanga ddene ng'addayo ku mutimbagano nga asendebwa sendebiwa okumutuusa mu kinnya kya kabuyonjo. Ekiseera kino Omwoyo Omutukuvu ng'oyogera naye, nga amulabula, nge era anakuwala olw'empisa ze. Kiteberezebwa omusajja kyasobola mu kiseera kino kwe kukakaabira Katonda. Ajja kwetaaga okwenenenyeza ddala (kyuka okuvaamu), agambe mukyala we oba abeeko omusajja omulala gwayogera naye gwanasobola okuwa embalira era mangu ddala ateeke akasengeja ku kompyuuta ye. Tulaba mu 1 Yokaana nti tulina okwatula ebibi byafe okufuna okusonyibwa okuva mu mpisa ngeno etali ya butukirivu.

> Bwe twogera nga tetulina kibi, twekyamya fekka so nga n'amazima tegali mu ffe. Bwe twatula ebibi byaffe, ye wa mazima era omutuukirivu okutusonyiwa ebibi byaffe, n'okutunaazaako byonna ebitali bya butuukirivu. Bwe twogera nga tetwonoonanga, tumufuula mulimba, so nga n'ekigambo kye tekiri mu ffe.
>
> \- 1 Yokaana 1:8-10

> Okwenenya kwetagisa okukyusa okudda eri Kristo. Okweneenya era kwetagisa okusigala ng'oli waddembe. Okuremererwa okutambulira mu kweneenya okuva mu kibi kuwa zi dayimooni olukusa okulimba endowooza yaffe.

## Ki ekiberawo omuntu bwatafayo ku kiki Omwoyo Omutukuvu kyamugamba?

Omuntu bwatawuliriza kulumirizabwa kw'Omwoyo Omutukuvu ne yeyongera mu mpisa y'ekibi, ekiseera kijja kutuuka omwoyo omubi gwesibe ku muntu oyo mukiffo ekyo eky'obulamu bwe. Guba gufuuse muzze era nga tasobola kulekeraawo! Olwo abeera affugibwa omwoyo omubi era ebiseera ebisiga obungi gufuuka munywanyi we, era n'omwoyo oyo ow'obulimba

azinda n'engeri gye yeyisaamu. Olwo abeera asibidwa mu kibi nga yetaaga amaanyi ga dayimooni okukutulwa kubulamu bwe. Ekitali ekyo, enkomerero ye kwe kuzikiriza.

**Obutumwa bw'omukulisitayo bwe buluwa?**

Abakulisitayo betaaga okusomesebwa ku mizimu n'engeri gye gikolamu. Yesu asuubira abagobererezi be okusisinkana okusomozebwa kwe yabateeka mu maaso. Ekintu ekisookera ddala abakulisitayo kye betaaga okuyiga, gwe omulimu Kristo gwe yabawa. Bwe tutegeera wa gye tulagirwa okugenda naki ekitulagibwa okukola tusobola okuyiga okutukiriza ebyetaago ebyetagisibwa okubeera abawereza abatuukiridde. Twetegereze ebiragiro bya Yesu mu suula 1. Mu bikolwa by'Abatume, esuula esooka, Yesu alagira abagoberezi be obutagenda kubulira oba okugenda mu nsi yonna okutuusa nga babatiziddwa mu Mwoyo Omutukuvu. Mu suula ey'okusatu (3) twakomekereza nti omugoberezi wa Kristo gwe babatiza mu Mwoyo Omutukuvu ali mu kifo ekimusobozesa okukolela mu maanyi ga Katonda ag'ejawulo. Bwetuba bakuwoonya balwadde n'okubagobamu dayimooni, awo no tulina okujuzibwa Omwoyo Omutukuvu.

### *Ekisakaate ky'abayigirizwa*

MU BIRO EBY'ASOOKA ebya abayigirizwa enkungaana ezamalanga emyaka esatu ez'okuyiga ebintu bino, bagendanga besize ebiragiro n'obuyinza bwa Yesu. Kyabakolera nga, newankubadde ng'olunaku olwa pentekote lwali lukyali wala. Omwoyo Omutukuvu yali tanajja mu bujjuvu. Nze nawe tuyiza kubatizibwa mirundi emeka mu Mwoyo Omutukuvu, okusobola okukola ebyamagero mu linnya lya Yesu? Kino kiragidwa mu kitundu kyaffe ekidako nga Yesu atuma abayigirizaabe beyali yakalonda bagende mu bantu era nga abalagira okukola ebyo bye batakolangako.

> Yesu n'abatuma abo ekkumi n'ababiri n'ababuulirira, ng'agamba nti Temugendanga mu makubo g'ab'amawanga, so temuyingiranga mu bibuga by'Abasamaliya; naye waakiri mugende eri endiga ezaabula ez'omu nnyumba ya Isiraeri. Bwe mubanga mutambula mubuulirenga nga mugamba nti Obwakabaka obw'omu ggulu bunaatera okutuuka. Muwonyenga abalwadde, muzuukizenga abafu, mulongoosenga abagenge, mugobenga dayimooni: mwaweebwa buwa, nammwe muwenga buwa.
>
> \- MATAYO 10:5-8

…nabawa obuyinza ku dayimooni…ne bagenda ne babuulira okwenenya. Ne bagoba dayimooni mungi, ne basiiga amafuta ku balwadde bangi ne babawonya.

- MAKKO 6:7-13

- Omwoyo Omutukuvu bwatutuma okugenda ebweru okubulira engeri, tusobola okwesiga okulungamizibwakwe n'obuyinza bwe okumaliriza ebyo byayagala tumalirize, ka kubeere kuwonya oba kugoba dayimooni.

- Bwe tubulira enjiri mu bujjuvu, egya kuleetawo omukisa ogw'okuwonya abalwadde n'okugoba dayimooni.

- Abo abali mu buwambe bwa sitaani bayinza okwetaaga okugobwamu dayimooni. Tulina okuba abetegefu okukola kino n'okubafuula ab'eddembe.

- Tulina okuba n'akacuupa "k'amafuta" nga tuwereza. Kano kabonero ka myoyo mu byawandiikibwa okulaga okubeerawo kw'Omwoyo Omutukuvu. Dayimooni zisobola okuziyiza mu lwatu okukozesa amafuta ku muntu. Kozesa "amafuta" bwobeera ng'olagiddwa Omwoyo Omutukuvu gakozesebwe.

**John ayigira mu kisakaate ky'abavubuka**

Mu myaaka agyasooka nga tugenda ku bijjulo bya FGBMFI waliyo emikisa mingi egy'okusabira abalwadde ab'ebika ebyenjawulo n'endawadde. Ebiseera ebimu waberangayo abantu abalinderidde okusabirwa okusinga abo ababerangawo okusaba. Twalina okweyawulamu ne tukola buli omu kululwe. Simanyi magezi ga Yesu mu ngeri y'okuwereza n'omuntu "babiri-babiri." Omukyala munansi wa Amerika yaleeta mutabani we owa fuuti mukaaga ne inki (3) satu ng'aweza kilo 133 we nali nsabira nga alina enviri ensibe nga zirugavu ng'ayambadde engoye ez'eggwanga lyabwe. Yalabika nga mumalirivu okulaba nga mutabani we afuna okusabirwa okw'amaanyi. Yangamba nti "Omulenzi wange yetaaga buyambi yeyisa mu ngeri etategerekeka. Alowooza nti alaba ebintu nga bigezaako okumuwamba." Namusaako emikono ne ntandika okusaba mu nnimi. Nga nkyazibiriza amaaso nalaba ekintu ekiringa nabubi nga kimukwata mu kiwato. Bwe nazibula amaaso gange sakiraba, naye nga bwe nzibiriza nga nkiraba. Olwo no n'empulira Omwoyo Omutukuvu nga angamba nti "Asibiddwa omuzimu."

**Yawologgoma era nakutammirira**

Wano wona, nali sigezangako kugoba muzimu, naye nali mumbeera era nga mpulira Omwoyo Omutukuvu anyamba. Olwo no, n'obuyinza bwonna bwe nali nsobola okukungaanya ne njogerera waggulu nnyo nti, "Mulinnya lya Yesu, nkusiba gwe Omwoyo omubi!" Kasangwawo wa Amerika ono omuwaguufu naleekaana mu ntiisa era nakutama wansi, katono akwate ku maviivi ge. Nategererawo nti kino kisuse. Amangu ago nentunula tunula nga netaaga obuyambi. Omuntu ananyamba nga amaanyi ekiddako. omulenzi ono yasigala yeweese ngasida ate nga bwawologgoma.

Awo ne nengera Phil, naye nandaba ne muwenya okujja we nali mperereza. Phil Isreason yali alinye ku nnyonyi okugenda mu masekati ga Amerika, ne nzijukira nganambulira ebikwata ku bye yaayaitamu ku bya dayimooni. Namanya nti amanyi ki eky'okukola. Nali nkolera mu maanyi n'obuyinza, kyoka nga silina bumanyirivu kumaliriza buwereza buno.

**Yagolokoka amwenya**

Phil naja wendi n'ambuuza nti, "Buzibuki?" ne ngamba nti "Aliko dayimooni era yetaaga buyambi bwo." Phil namwenyeza, nakyuka natunulira omusaja namusako emikono ku mugongo, nafuga embeera. Yasaba, "Mulinnya lya Yesu Kristo," Nkulagira mwoyo gwe ow'obulimba muveemu kino yakikola emirundu esaatu. Mbagirawo omulenzi ono omuwaguufu nawoloma n'amaliriza n'ekikkoowe naagwa wansi nga ekitereke. Naasigala awo akumala eddakiika nga ttaano oluvannyuma n'ayimuka ng'amwenya. Ye ne maama ne bebaza Phil era ne bogera ku kiki kye yali yetaaga okusobola okusigala nga wa ddembe Phil yamukulembera mu kusaba okukakasa obulokoozi bwe oluvannyuma n'amukulembera mu kubatizibwa kw'Omwoyo Omutukuvu.

Nga bagenze nebaza Phil olw'okunyamba. Nali nzijude ebibuuzo, era nampa ennyingo ez'omuwendo singa nziramu nenesaanga mu mirimu gya dayimooni omulundi omulala. Nga wayise emyezi egiwera era nalumbibwa omuntu eyaliko daimooni. Omunlundi guno nali manyi eky'okukola. Omuntu ono yafuulibwa wa ddembe. kyakolera ddala nga Phil bwe yali ansomeseza. Katonda yebazibwe olwa bawereza abatuyamba okukola ebintu ebituufu.

**Essanyu lija bwetufuna obuwanguzi**

Waliwo okumatizibwa singa obeera ekitundu ku mitendera gy'okusumulula abantu mu busibe bw'omwoyo naddala abakrisitayo. Tunyeenya bunyeenya mitwe gyaffe nga tusaasira abakiriza abatalina kyebamanyi oba abato betulaba nga bakwatiddwa mbeera z'obulamu ezizikiriza. Tulaba effujjo, okuyigganyizibwa n'enaku gye balaba. Tebasola kwekunkumulako ekyo ekibeera kibasibye. Babeera mubwetaavu. Babeera

bagezezaako buli kimu, naye nga buterere. Basaba era ne basaba nga tewali buwerero. Newankubadde abantu abayiggaanyizibwa dayimooni basobola okweyisa obulungi eka oba ne ku mulimu, obusibe tebubakiliza kwegazanyiza mu bifo ebimu ey'obulamu bwabwe obwabulijjo. Kya nkizo nnyo okumanya n'okutegeera nti mu Kristo, dayimooni ziri wansi w'ebigere byaffe era zirina okugondera ebiraggiro byaffe eby'okusumulula abantu mu linya lya Yesu Kristo.

### Ensanvu bayita ekigezo

Ensanvu baali ne yesu akaseera akawerako. Baalabanga engeri yesu gye yawonyangamu abalwadde n'okugoba dayimooni. Baali bamaliriza ekisakaate ky'abayigirizwa era awo ne basindikibwa okugenda okugezesa obuyinza n'amaanyi ebigya. kyali kikola!

> Awo abo ensanvu ne bakomawo n'essanyu nga bagamba nti Mukama waffe, ne badayimooni batuwulira mu linnya lyo. N'abagamba nti Nnalaba Setaani ng'avudde mu ggulu okugwa ng'okumyansa. Laba, mbawadde obuyinza obw'okulinnyanga ku misota n'enjaba ez'obusagwa, n'amaanyi gonna ag'omulabe: so tewali kintu ekinaabakolanga obubi n'akatono. Naye ekyo temukisanyukira, kubanga badayimooni babawulira; naye musanyuke kubanga amannya gammwe gawandiikiddwa mu ggulu.
>
> - LUKKA 10:17-20

- Ensanvu bayiga nga bwe bakola. Bakola ekyo Yesu kye yali abasomeseza. bazuula obulungi bw'obuyiza bwe balina mu linnya lya Yesu.
- Naffe tusobola okukola ebyo Yesu byeyagamba nti tusobola. Tulina okuba obavumu netuvaayo ne tugezesa obuyinza bwaffe mu Yesu. Wadde nga tusobola okusoma ku buyinza bwaffe, okujjako nga tutadde obuyinza bwaffe mu nkola tetulimanya kye kitegeeza.
- Dayimooni zitugondera! Dayimooni zivunamira erinnya Yesu ng'alyogeddwa okuva mu kamwa kaffe.
- Tewali kyetulina kutya. Yesu yagamba tulina obuyinza ku maanyi g'omulabe gonna.
- Tulina okukiriza obutumwa bwaffe okugoba mu dayimooni nga tetukijjagulizanamu. Tulina okukola omulimu mu kukiriza

olwo no twenjumirize mu kubeera nti amannya gaffe okuwandiikibwa mu ggulu. Tusobola okusanyuka ennyo abantu be tusuumuludde bwe batambula ne Yesu era nga balitwegatako mu ggulu.

**Twetaaga okubikulirwa kw'obuntu ku kino.**

Lukka 10:17-20 kyekimu ku byetunokolayo nga "nantameggwa" mu byawandikibwa. Bwe tufuna okubikulirwa tuzibwamu amaanyi okufuula ekyawandiikibwa kino ekyaffe nti "Nina obuyinza." Kikyusa endowooza yaffe engeri gye twanggaangamu emizimu mu nsi. Mu kifo kyokutya essomo, tulina okukiriza obuvunanyizibwa bwaffe mu buyinza obutuukiridde obw'atuweebwa Yesu Kristo era tubeere betegefu okusumulula abantu. Abawandiisi abamu bavunnula nti "Emisota nenjaba" nti bitegeeza ebika bye myoyo gya zi dayimooni. Kizaamu amaanyi okumanya nti ffe ng'abakiriza tulina obuyiza bwonna ku misota n'enjaba wamu n'amaanyi g'omulabe waffe, sitaani. Emyoyo gya zi dayimooni zonna giri wansi waffe. Kino kitegeeza nti zilina okugondera ebiragiro eby'ogeddwa mu linnya lya Yesu. Tetulina kusanyukira bino byonna. Tulina okukikiriza, okukikolako, era tukozese obuyinza n'amaanyi buli dayimooni bwe zilabikira mu bantu.

**Tulina okusigala nga tuli bakakamu nga tujaganya**

Kisobola okuba ekyangu nnyo okutamiira essomo lyonna elya dayimooni. Enkomerero yaffe tesinzira ku kuwamba kwo'mulabe akaseera akatono n'okumugoba mu bantu. Yesu atugamba enkomerero y'obulokoozi obutagwawo wamu naye. Enkomerero yaffe kwe kuba mu kitiibwa ne Mukam w'abaami. Ensonga yaffe ey'okusumulula abantu okuva mu kikoligo ky'omwoyo kwe ku baterawo ekubo nabo eribatwala mu ggulu. Awo ffena tusanyukire wamu.

**Byonna mu linnya**

Sinsonga oba olina ekiwayi mw'ogwa oba tolina, obuyinza obwo n'amaanyi g'okugoba mu dayimooni gonna gazingiddwa mu linnya lya Yesu nga bwe tulaba mu byawandikibwa bino:

> Awo Yokaana n'amugamba nti Omuyigiriza, twalaba omuntu ng'agoba dayimooni mu linnya lyo; ne tumugaana, kubanga teyayita naffe. Naye Yesu n'agamba nti Temumugaananga: kubanga tewali muntu anaakolanga eky'amagero mu linnya lyange ate amangu ago n'anvuma. Kubanga atali mulabe waffe ng'ali ku lwaffe. Kubanga buli muntu anaabanywesanga mmwe ekikompe ky'amazzi kubanga muli ba Kristo, mazima mbagamba nti talibulwa mpeera ye n'akatono.

- MAKKO 9:38-41

| |
|---|
| • Yesu akatiriza nti erinnya lye bwe buyinza obwenkomeredde ku kukola ebyamagero. Mu mbeera eno, Yesu agaffa okugoba mu dayomooni wamu n'okuwereza abalala mu ngeri ez'enjawulo ng'ekimu ku "mirimu" gye tulina akukola. |
| • Bw'olaba abawereza abalala okuva mu kkanisa oba ekiwayi ekilala nga bagoba dayimooni mu linnya lya Yesu, tobakolokotanga |
| • Tetulina kufuuka bamalala wade okukuza embeera y'okweyawulamu mu ngeri gye tusumululamu abantu. Stayilo n'engeri gye tukolamu obuwereza si kye kikulu wabula ekirubirilwa kwe kusumulula abantu okubajja mu kusibibwa mu mwoyo. |
| • Bulijjo keberanga ebibala. Abantu basumululwa okuva mu bikoligo by'okukozesa ebiragalaraga n'emizze gy'ekibi? Tiimu ez'okusumulula abantu zitukiriza kyezirina okukola? Abantu basigala ba ddembe? Obulamu bw'abantu bukyuusibwa? Ekitiibwa kyonna Yesu akifuna? |

**Okutendeka kutandikira mu kuky'oyitamu**

Ku nkomerero y'olukujjaana nga wiiki ng'egwaako olwa FGBMFI mu myaka gye 1970's. Nze (John) nalaba abasajja nga bagezako okumusumulula omusajja eyaliko dayimooni. Nali mpita mu kifo awalindirwa we nalabira ekyali kiffanana nga awabaluseewo enkayana wakati w'abasaja basatu. Abasajja ababiri bali bajuliza eby'awandikibwa eri omusajja ow'okusatu eyali takiriza bye baali bamugamba. Kirabika nga ekyava kubutakanya ku bikwata ku Mwoyo Omutukuvu. Ng'omuntu eyakalokoka, natuula wansi mpulirize era ndabe kiki kye nali nyinza okuyiga. Amangu ddala omusajja ow'okusatu (gwe nja okuyita Joe) nakyukira bali ababiri nalekaana mu ntiisa nti "Temujja kunkakasa. N'okuntama muntamye mwena!" Olwayogera ebyo bali ababiri ne bamuddiza omuliro, "Tukusiba gwe dayimooni w'obulimba. Tukulagira ote omusajja ono era muveemu!" Amangu ago nenzira embega w'abasajja ababiri abali balagira olwo ne ndaba ekyadirira.

Joe yaggwa wansi era nasomooza abasajja bali ababiri, Joe n'agamba "Mulimba Nina amaanyi okubasinga! Temusemberera," mu kisera kino,

abasajja abalala baali bakugaadde awali akavuyo kano Abasajja abaali ku ludda lwange nebamubogelara nti “Sitaani, oli mulimba, mu linnya lya Yesu!” Abasajja bamujja wansi nga bamuttuze emikono okwagala okumusinza amaanyi n’okugezaako okumutuuza mu ntebe. N’amanyi mangi, mangu ago Joe yabawuuba okukakana nga bali ku ddimwa. Kino kyaali ky’ewunyisa kubanga Joe alabika yalina kilo nga 75. Abasajja bali abalala bali banene.

## Joe yali yeswanta

Joe yatutunulira fenna abali basigadde wo nga mwetegefu okwaganga omuntu yenna on’amwambalira. Fenna tweyogera emabega nga tetumanyi kyakola. Bali abasajja ababiri abayimuka nga bali nga abasobeddwa, nga bali nga abagala okuddamu okumwaganga, naye nebalabika nga abatali betegeffu kudda mu nsitaano. Amangu ago Joe nakyuukira omulyango, nafuluma ekizimbe na simbula emotoka ye nava mu lusirika. Fena twasigala tunyeenya mitwe, nga tukubaganya ebirowoozo olw’ekyo ekibaddewo era lwaki Joe dayimooni temuvuddeko.

Twakizuula oluvannyuma nti Joe yaja mu lusirika nga teyeyagalidde wabula lwakuba mukozi munne omukulisitayo yamulemerako, Yali yagenda nnyo mu by’awongo n’omuzannyo gwe nsambaggere ng’ayagala nnyo amaanyi sitaani ge yali yamuwa. Yali tayagala bintu bya “Kumusumulula.” Nga ayagala nnyo amaanyi ga dayimooni aga musobozesanga okufuga abalala. Kino kyayongera okukakasa nti ensi ya dayimooni ya ddala era nali netaaga okutendekebwa okulungi okusobola okwagganga emyoyo singa naddamu okusisinkana embeera eyo.

### *Onayita ani?*

BWE NALI (JOHN) nkyali dayirekita w’ekibiina kya 700 club ekibudabuda abantu abali bu buzibu mu kitundu kye Seattle natendeka abudabuda b’okusimu abasuba mu kikumi okusobola okukwasaganya ebintu byonna okuva ku bulokoozi okutuuka ku kwetta. Akaseera kaali kawavu ate nga kamugaso mu kutendeka n’okuwereza. Ku ntandikwa kyeragira wo nti nali netaaga okutendeka abo abudabuda engeri y’okutegeera n’okwangganga emirimu gya dayimooni. Abasinga obungi kw’abo abudabuda balina abengganda zaabwe ne mikwano gyabwe be baali betebereza okuberako zi dayimooni naye nga tebalina kifo kya buwereza awo’kubatwala. Amakanisa ag’omukitundu kyaffe gali si metegevu bulungi kuyamba bantu abalina ebikkoligo by’emizimu eby’amaanyi. Oluvannyuma lw’okunoonyereza ku mulamwa guno, nasalawo okukosesa akatambi k’omugenzi Dr. Lester Sumrall “Essomo lya dayimooni n’okusumulula.” Nga maze okutegeka obulungi abantu abawerako nabategeka mu bibinja bisantu. Nentandika emitendera gy’okubuuza ebibuuzo abo abaali betaaga okusumululwa kyankolela bulungi.

Bino bye bimu ku bintu bye twayiga:

- Nga ekitundu kimu ky'akubiri ku bantu ababuuzibwa baali betaaga okusumululwa, abasinga baali betaaga kweneenya bibi byabwe ebyali by'afuuka emizze egyali gyabawamba.
- Ekintundu ekyali kyetaagira ddala okusumululwa bafuna obuwereza obutalekayo muntu yenna, kumpi ko bonna basumululwa. Okujjako omu yeka ku balala ye mwami omuyigirize eya teebwa okuva mu mizimu emingi naye naagaana okusumululwa ddala ng'asonyiwa mukyala we n'okuddingana naye. Embeera ye ey'omwoyo ennaku zino mbi nnyo oba n'okusingawo nga bwe yali okusooka.
- Embera ezisinga ez'omwoyo zaali zava ku butenenya bibi, obutasonyiwa, n'obutamanya nnonno za Baibuli.
- Embeera z'omubiri zisobola okuzaala empisa ezifananira ddala n'obubonero bwa dayimooni. Kikulu nnyo abawereza b'okusumululwa okukolera mukirabo ekyenjawulo eky'okukebera emyoyo ne/oba ebigambo by'amagezi n'okutegeera. Awatali ekyo bajja kuba mukabi ak'okugoba dayimooni ezitabangawo. Nebigendererwa ebirungi kyoka nga bali mu butamanya abawereza bakoseza abantu ab'omuwendo nga bagezaako okugoba dayimooni we zitali.
- Tugezaako okukendeeza ku busoboozi nti embeera omuntu gyalimu eyinza okuba nga ya mubiri. Tuwa amagezi nti waberewo okukeberebwa mu ddwaliro nga tetunaba kunoonya oba ekizibu kya mwoyo.
- Twala obudde okuteekateeke akifo ekirungi okusisinkana awatali bantu balala bawulira. Newakubadde tuwa amagezi butaleka mizimu kulekaana, gisobola okutwewuunyisa ebisera ebirala.
- Bulijjo okusumulula kukolere mu tiimu n'abalokole bewesiga nti bakulu era bakolere mu birabo eby'okubikulibwa.

## Abazadde abali mu bwetaavu betaaga buyambi

Abavubuka ba leero beguddewo eri emizimu egisagibwa mu biragalagala, omwenge, obusamize, obukaba, n'obugyemu eri ab'obuyinza. Omukyala okuva e kanani yalina omuwala eyali atawanyizibwa emyoyo nga gino. Yesu atulaga ki ekyokola mu kyawandiikibwa kino:

> Yesu n'avaayo, n'agenda ku njuyi n'e Ttuulo n'e Sidoni. Kale, laba, omukazi Omukanani n'ava ku mbibi eyo, n'ayogerera waggulu ng'agamba nti Onsaasire, Mukama wange, omwana wa Dawudi; muwala wange alwadde nnyo dayimooni. Naye n'atamuddamu kigambo. Abayigirizwa be ne bajja ne bamwegayirira, nga bagamba nti Musiibule; kubanga atuleekaanira emabega. Naye n'addamu

n'agamba nti Saatumibwa wabula eri endiga ezaabula ez'omu nnyumba ya Isiraeri. Naye n'ajja, n'amusinza, ng'agamba nti Mukama wange, mbeera. N'addamu n'agamba nti Si kirungi okuddira emmere y'abaana n'okugisuulira obubwa. Naye n'agamba nti weewaawo, Mukama wange: kubanga n'obubwa bulya obukunkumuka obugwa okuva ku mmeeza ya bakama baabwo. Yesu n'alyoka addamu n'amugamba nti Ggwe omukazi, okukkiriza kwo kunene: kibeere gy'oli nga bw'oyagala. Muwala we n'awona okuva mu kiseera ekyo.

- MATAYO 15:21-28

- Abantu okuva mu Kkanisa endala bwe bazuula ekibinja ky'abakurisitayo abalina erinnya eddungi; abo abalina abuwaguzi mu kusumulula bajja kukola ekisoboka okubutuukako.

- Abantu bwe baba bagaala okwewayo eri Yesu Kristo, eri kigambo kye, n'okulemberwa Omwoyo Omutukuvu, babeera basaanidde okusumululwa n'okufuna omukisa gwa Katonda.

- Obukwakulizo bwonna obw'Omwoyo Omutukuvu bwe butukirizibwa n'obuwereza ne butuuka ku nkomerero yabwo, tulangirira ebigambo bye bimu Yesu bye yakozesa "genda mu makubo go; dayimooni agenze" (Makko7:29). Dayimooni zigenda olw'obuyinza n'amaanyi Yesu Kristo g'agaba.

**Bajja ku lunaku Lwakuna**

Oluvannyuma lw'okutendeka ebibinja bisatu eby'okukola okusumululwa ku "700 club," twategeka ensisinkano y'abemikwano n'abantu abamanyiddwa bamemba b'obubinja buno. Ku offiisi wona olunaku olw'okuna luno lwaali lumanyiddwa nga "Olunaku lwa dayimooni." Nga tusisinkana omuntu omu ku makya n'omulala omu olw'eggulo. Twesibirangayo ne tutandika emitendera gya yintavuyu. Abo ababeera bawuliriza essomo ku katambi ka Sumrall bakirizibwanga okwegatta ku kukozesa yintaviyu ng'ekitundu ku kutendekebwa kwa bwe. Twatwalanga essaawa nga bbiri okunnyonnyola awantu wonna awayinza okuba nga we wali "awayingirirwa" oba nga we wali omulyango gw'omwoyo okunyigira mu muntu.

Ebibuuzo eby'abuzibwanga nga bituukira ku nsonga naye ate nga byetagisa okuddamu, olwo omuntu bwe yabanga ayigganyizibwa dayimooni,

ku mutendera gw'okubuuzibwa ebibuuzo bino dayimoooni yeraganga. Bwe kyakakasibwanga ddala nti omuntu alina dayimooni, twabaanga n'ensinsikano endala okutuusa lwe yasumululwanga ddala. Kyatwalanga akatikitiki nga kamu okutuuka ku ssawa nga bbiri okugoba dayimooni Omwoyo Omutukuvu gwe yabanga atulaze. Okusumululwa kwakolebwanga mu ngeri ya kikugu nnyo era ey'obwegendereza. Abo abali mu bibinja be twakolanga nabo kati bagenda mu maaso okubeera n'obuwereeza ku bwaabwe abubala ebibala.

## Omukazi eyatambuliranga mu kaggaali k'abalema

Omuzimu gw'atwewuunyisa ku zimu ku nkuggaana z'okusumulilwa z'olw'okuna. Twali tuwereza eri omukyala omukulisitayo eyali asibiddwa mu kaggaali olw'obulemu ku nkizzi bwe yazaalibwa nabawo. Yali alabika nga ali bulungi okujjako nti yali tayogera bulungi, yalina okuyambibwa abantu abalala ku mbeera zonna ez'obulamu bwe. Mu mutendera gw'okubuzibwa, twakizuula nti yalina omwoyo ogutali mulongoofu okuva mu biseera bye eby'ekivubuka. Yatandika okukaaba ennyo bwe yali agezaako okunyonyola akabinja k'abasabi eby'amutuukako eby'okukabasanyizibwa olutatade okuva eri omuvubuka omu okuva mubuto. Omwoyo Omutukuvu natulaga nti twali tusisinkanye omwoyo ogutali mulongoofu ogw'okwaaka ogwali gusimbye amakanda mu birowoozo bye n'obulamu bwe. Bwe twalagira omwoyo guno okumuvaamu, omuzimu gwawoggana nnyo nti abaali waggulu ne waansi baali batuwulira. Amangu ago twatwala obuyinza ku muzimu nga bwe tuwereza gy'ali. Kyatwala ensisikano endala okumusumululira ddala. Essomo lyetwayiga amangu ago mu mbeera kwe kola Yesu kye yakola, yagamba "Sirika omuveemu!" (Makko 1:25) Tumanyi lwaki yayogera bwatyo.

## Obuwanguzi bwatuukibwako

Mu mwaka agwo agumu n'ekitundu nafuna okutegeera kw'omunda ku bikwatagana ku ngeri emizimu bwe gyesiba ku bantu abangu eri obulimba bwa sitani. Bino byafuuka byankukunala mu kulabirira kwange okwenkuggaana ez'okusumulula ez'olwokuna. Byetuyiseemu nze ne Sonja bya muwendo era bye tusomesa ku mulamwa guno leero. Dayimooni tetuzitya n'akatono. Omwoyo Omutukuvu abade nga wakisa okutukulembera mu buwanguzi buli lwetwesanga nga maaso ku maaso n'amaanyi ga zi dayimooni amangi ennyo. Wamanga ge gamu ku masomo ago ag'omuwendo ge tuyize.

- Essira liteeke ku bakulisitayo abalina ebizibu eby'omwoyo eby'amanyi.
- Abatanalokoka betaaga okw'eneenya n'okukiriza Yesu Kristo nga tewanabaawo kintu kyonna kibakolebwa.
- Omuntu ayagala okusumululwa yalina okusaba obuyambi. Bwebaba nga tebagala kujja kubuuzibwa temweyongera yo.

- Tokirizanga mikwano gya muntu kupapya kubaako ky'okola. Twaala obudde obumala okubuuza n'okunoonyereza embeera y'omuntu.
- Funa byona ebikwata ku muntu nga tonaba kusalawo kunsisikano yakusumulula.
- Kozesa ebigambo nga "okusabira omuntu" mu kifo kyo okusuumululwa eri ab'emikwano ne gganda z'omuntu oyo asabirwa.
- Kakasiza ddala nti omuntu ono talina buzibu bulala ku mubiri gwe okugeza obulwadde bw'obwongo ng'okakasiza ddala nti omuntu ono akebeddwa mu ddwaliro nga tonabaako kyozzaako.
- Okusumululwa tekulabibwanga nga "eky'okutereza ekyamangu" oky'obutabanguko mu bulamu bw'omuntu obw'omwoyo. Okusumululwa kulina okulabibwa ng'eddala erisooka, okukiriza omuntu okwesigamira ddala ku mulokozi Yesu Kristo.
- Okusumululwa okwanamaddala kwetaaga okugoberera ebbanga ddene, omuntu okuwa embalilira kigya kwetagisa omuntu oyo okusigala ng'attereddwa. Betaaga okusalawo obutaddamu kukyalira bantu be bamu oba embeera ezaaleeta ekizibu.
- Tuteesa nti omuntu ajjudde Omwoyo era omukulu okusisinkananga n'omuntu oyo ne basaba naye okumal a ebbanga lya mwaka nga gumu oba okusingawo.

## Kyetwayitamu ku yekaalu yenkima

Wano mu Amerika tulaba okweyongera kw'abantu abasinza dayimooni, nga nekivaamu mwekyo bwe bunkenke. Nze (Sonja) nanyumyamu n'omukulisitayo eyajula Omwoyo akunggaanira mu kkanisa yaffe wano mu bend Oregon yali mukazi eyewaayo eri enzikiriza empya nga tanajja eri Kristo. Yanyumya engeri gye yakyalira yekaalu y'ekima mu bukiika ddyo bwe bugwanjuba bwa Amerika. Esonga eyamutwalayo kwali okwongera okubagulwa ku nsi ettali ya buljjo. Muwala we omuto yatandikirangawo okukaaba olw'ayigira nga mu yekaalu. Ku nkomerero, maama ono yazuula lwaki muwala we yatiisibwa nga. Yangamba "Maama tosobola kulaba bintu ebyo ebibi ebibuuka okwetooloola enkima. Tebitwagala era byagala ku tutta." Okusinzira nga bwendaba omwano ono yafuuna okubikulirwa mu nsi y'omwoyo, era mukama nakozesa kino okukomya omukyaala ono okukyala mu yekaalu zino ezijudde mu dayimooni.

## Temuyingira mu yeekaalu ezo!

Okwagala okulingiriza, kuleetera abakurisitayo abatalina kumanya okugenda okukyalira yeekaalu za sitaani, Buda, Abahindu, n'abasilamu. Nga bwe twayogede mu kusooka, tetusobola ku kattiriza kimala ku bulabe bw'okukyalira ebifo ng'ebyo eby'ekugganyirizaamu ebikolwa bya dayimooni. Nalongo omuto mu myaaka yajja gyendi nze (Sonja), nanyinnyonnyola nti

yalina okutulugunyizibwa n'okutiisibwa kw'ebikola by'omwoyo ebyali bigenda mu maaso mu bulamu bwe. Namubuuza oba yali ajjukira ddi lwe byatandika. Amangu ago yanziramu n'agamba nti kyatandika ekiro ekyo kye nyini, oluvannyuma lw'okukyalira ekkanisa ya sitaani. Bwe yali akyasoma mu tendekero ekkulu mu San Francisco Amerika, ye ne bane basalawo okugenda okulaba ekiberayo, naye nga tebali ku by'anoonya myoyo. Bakikola olwokwagala okuzuula ekipya n'olwe bbula bikolwa. Eno yali nsobi nene mu kulaba okwange dayimooni ezimu za mwekwatako. Olutatade yatulugunyizibwanga n'ebirooto eby'entiisa.

## Nkumanyi gwe, era wantama!

Nategeera nga waliwo emizimu ne mubuuza oba nga ddala yali ayagala okuteebwa. Yanziramu bwati "Ye, nkwetaaga okusinga ekintu kyonna! Konze ddi?" Namulagaanya okumusisinkana wiiki eyali eddako. Waliwo abasumba basatu, omu ku bakyala baabwe nange kenyini ng'abawereza twagenda mu kisenge ekisabilwamu ne tutuula nga twetooloode ne tutandika okusaba. Omukyala ono amangu ago yalekera awo okuteegeera era mpola mpola nakakana wansi. Yazikira ng'ekitangala. Twatandika okwogera eri emizimu, eddoboozi ly'omusajja ebbi lyatandika okuva mu mukyala newankubadde yali takyategeera. "Nkumanyi gwe, era wantama!" Dayimooni neyesooza. Twagiragira okusirika, era netandika okukasuka, omukyala wansi mu bukambwe. Kyatwala abasumba bonna basatu abali abasajja abanene okumukomako.

Oluvannyuma lw'eddakika nga kkumi emizimu gyali gigenze. awo ne tumuyita erinnya lye era natandika okudda engulu yali tajjukira kintu nakimu naye yamanya nti waliwo ekintu ekirungi ekyali kibadde wo. Enviri ze zaali zitankuusetankuuse era nga akooye nnyo. Twamukulembera mu kutegeerera dala okwenenya, n'okufuna obulokozi mu Mukama waffe Yesu n'okumanya amaanyi agali mu musaayi gwe agw'ayiika ku musalaba. Yasumululwa ddala olunaku olwo. Mukama yebazibwe olw'amaanyi getulina ku bagobeerezi ba sitaani.

## Omugobi w'emizimu

John bwe yali nga yakulembera '700 club' ekifo awabuddabudibwa abantu abali obubi mu bullevue Washington ekya Amerika yalina omwami omuto eyali obulungi mu by'ensibi nga asobola okuwaayo essawa amakumi ana buli wiiki nga ayambako ku kunggaaniro. Yali yasoma bulungi, omuvuzi w'ennyonyi era Omwesigwa, eyajuzibwa Omwoyo Omutukuvu. Ab'enyumba ye basabiranga ku Eastside Foursquare Church awamu naffe. Bwe twagenda tubategera obulungi yatunyumiza emboozi eyatw'ewuunyisa.

Bwe yali akyali muto, yayagalanga nyo okulaba sinema oba okugenda mu firimu ezitiisa. Yayagalanyo ebikangakanga era gye

by'akomanga okutiisa nga anyumirwa. Wabula waliwo ekyabaawo ekyakyusiza ddala obulamu bwe bwe yalaba firimu eyitibwa 'The Exorcist" nga firimu egenda mu maaso yawulira ekintu ekyamutisisaza ddala. Yali awulira ekintu nga kimunyiga mu kifuba. Yagezaako okukyekunkumuluko naye nga tekisoboka. Entiisa ey'amaanyi eyamwabala yamuleka nga atiridde ddala! Yali akakasa nti kyaku muvako amangu ddala nga afulumye gye balagira firimu, naye tekyagenda.

## Okutya kyenkana kwamuletera ng'okuziyira

Ekiro bweyajjangako amatala okugenzaako okwebaka dayimoni zajanga ne zimuletera kinsimbye ekintu kyenkana eky'amuleteranga okuziyira era nga alekaanira waggulu n'okuzaako amataala. Yalowooza nti agudde ddalu era natandika okukaaba afune okutegeera. Katonda yamw'ebikulira okuyita mu mbeera ez'enjawulo, yakiriza Mukama waffe era kunkomerero nasumululwa okuva mu mwoyo gw'okutya. Tugabana emboozi eyo eri abo abatamanyi naye nga balaba firimu nga exorcists.

## Firimu ya 'psycho' yangwikiriza.

(Sonja) Nzijukira okugenda mu firimu eyitibwa 'psycho' ezanyibwa Anthony Perkins bwe nali nga nkyali mu bibina bya sekendule eby'awaggulu. Nalisimanyi bigikwatako, ddala yangwikiriza era mu birowoozo byange nali nga setegekeddeko ddala ku biragibwa naddala awo Jane leigh we yafumitibwa nga ali mu kinaabiro gye yaffiira. Kino kyansanyalaza endowooza okumala emyaka mingi. Sasobola nga nakunaaba bwe naabeeranga eka nzeka ekiro. Kino kiwulikika nga ekyo'obwewussa naye kiraga engeri gye kuyiza okukosebwa mu ndowooza yaffe oba obulamu bwaffe bwonna. Nfaayo nnyo ku ebyo ebiragibwa ku TV. ne mu bibanda bya firimu abaana bye balaba n'engeri gye bibakosa ennyo. Banange tubeere bagezigezi eri enkwe z'omulabe!

## *Emizimu gikyalira Ekkanisa zaffe*

ABANTU AB'OMUWENDO abajja mu Kkanisa zaffe bayinza okujja n'ekisikirize ky'ebintu byabwe ebikyabaloondoola. Babeera b'ayiga okuggumira ebigo bino kubanga balowooza tewali ngeri yakubiwonamu. Bwe bayiga okuguma, bamanyiira embeera z'ebireeta. Kati nga abakulembeze, tulina okukitegeera nti abantu bano ab'omuwendo betaaga obuyanbi kyokka nga tebamaanyi wakubujja. Bajja mu Kkanisa nga basubira nti oba olyawo Katonda aja kubayamba. Okubeera wo kw'Omwoyo Omutukuvu bwe kulabisibwa mu kusinza oba mu kubulira okujudde amafuta, emizimu egitude ebuziba giyinza okuvaayo. Tulina okubeera n'enteekateeka awo okwangaanga embeera yonna et'ewalika.

**Gyelaga mu kiseera w'otagisuubira**

Dayimoni zitera okweraga mu biseera ebitali birungi. Ekigendererwa kyajjo kwe kuleeta akavuyo n'okutataaganya Omwoyo Omutukuvu by'aba akola. Gisobola okweyolekera mu bibiina, mu nkungaana z'awaka ne mu kkanisa. Zeragira mu Amerika n'ensi yonna gye tuwereza. Abantu baali balowooza nti "Dayimoni zonna ziri mu Afrika," naye tumanyi nti zisobola okusangibwa awantu wona awali abantu! Emboozi eno wamanga etuwa okubikulirwa ku ngeri y'okwangaanga mu dayimoni bwe ziba zeeragidde mu mu Kkanisa.

> Amangu ago mu kungaaniro lyabwe mwalimu omuntu aliko dayimooni omubi; n'akaaba nga agamba nti Otuvunaana ki, Yesu ow'e Nazaaleesi? ozze kutuzikiriza? Nkumanyi ggwe, ggwe oli Mutukuvu wa Katonda. Yesu n'amuboggolera ng'agamba nti Bunira, muveeko. Dayimooni n'amutaagula n'akaaba eddoboozi ddene n'amuvaako. Ne beewuunya bonna, ne beebuuzaganya nga bagamba nti kiki kino? Okuyigiriza kuggya! Alagira n'obuyinza dayimooni ne bamuwulira.
>
> - MAKKO 1:23-27

Kyewunyisa nti omuntu alina omwoyo agutali mulongoofu yali mu Kkanisa. Newankubadde nga tekitera kusangika mu bukika kkono bwa Amerika tuyinza okwesanga nga tulina abagenyi abalina dayimoni abayinza okutukyalira mu Kkanisa zaffe. Yesu atuyigiriza engeri y'okwangaanga omwoyo ogugezaako okutataagaanya okusinza kwaffe. Nga Yesu, omuntu akulembeddemu okusinza atekeddwa okukola bino wammanga.

- ❖ Mu bwangu era mu maanyi boggolera omuzimu ogwogerera ku muntu, ng'ogamba, "Ssebo/nnyabo nkugaana okwogera" kino kya kuziyiza omuntu obutagenda mu maaso no kutataagaanya.
- ❖ Mugeri yonna tobako na by'onyumya na muntu.
- ❖ Lagira abakebeezi bakozese obwegendereza era bawerekera omuntu oyo okumujja awasinzibwa bamutwale mu kiffo ekigaddwa.
- ❖ Tandika okusumulula n'omuntu alina obumanyirivu wano ojja kuba ogamba nti, "Muvemu."

- ❖ Beera ng'omanyi nti dayimoni zagaala kutataagaanya abasiza ebirowoozo babigye ku Yesu babiteeke ku zo. Ziyinza okweyoleka mu kusomooza kw'okukkayana okwa waggulu akaseera konna okweyoleka kw'Omwoyo Omutukuvu lwe kweyoleka.
- ❖ Sigala ng'oli mukakamu ng'okolera mu buvumu no buyinza bwa Yesu Kristo.
- ❖ Kolagana n'omuntu ng'omugamba okusirika okusinga lwokiriza akayogano ng'abakebezi bagenda bawalula omuntu nga bwalekaana okuva awasinzibwa. Kyewetaaga okukola mu buvumu kwe kumugamba nti, "Sirika mu linnya lya Yesu."

**Kyatutukako nga tuli mu kibiina**

Lumu John yali asomesa ekibiina mu tendekero lyaffe ery'abawereza ku Eastside Foursquare Church mu Bethel, Washington. Essomo lino lyali kubiyigirizibwa mu kibiina ky'abasumuseemu era nga likwata ku kukutula ebikkoligo eby'omwoyo. Omwoyo Omutukuvu yaawa ekigambo eky'okutegeera ku muntu omu mu kibiina eyali ayiganyizibwa omwoyo w'okutya. Yali ekigambo yakakigya mukama bwati omukayala naatandika okukankana n'okukaaba Dayimoni ne yeragira ddala. John amango ago nagenda eri omukyala nga akyali mumbeera yokusomesa, natwala obuyinza ku mwoyo nagugoba mu mukazi. Kyasukuluma engeri abakyala abaali batudde okumpi n'omukyala ono gye bawerezaamu gyali ng'amaze okusumulula. Kino kyatukawo mu kiseera nga amasomo gaffe tugakwata ku katambi, n'olwekyo byonna eby'aliwo byakwatibwa ku katambi.

**Yali mukulisitayo**

Mukama abadde wa kisa emyaka gyonna okulambulula bye tusomesa nga tukozesa eby'okulabirako bye tulabye mu bulamu obwa bulijjo. Tukkakkanyizibwa olw'ekisa kye eri abayizi baffe wamu n'eri ffe mu bwesigwa nga ayoleka amaanyi ge mu bubonero n'ebyewuunyisa oluvannyuma lw'okusomesa ekigambo. Kyetwogeddeko waggulu kiragira ddala engeri Abakirisitayo gye bayinza okunyigirizibwa omulabe nga betaaga kusumululwa. Omukyala ono yali mu kibiina kyaffe ebbanga ely'asuka emyezi omukaaga. Yali mulokole era nga yajjuzibwa Omwoyo Omutukuvu. Tumanyi nti yalina ebiwundu okuva mu bulamu bwe yali ayisemu, naye twalinga tetukebeeranga omwoyo w'okutya eyali afuga ekitundu ekinene mu bulamu bwe. Okuyita mu kirabo ky'ekigambo ky'okutegeera, Mukama yalunggamya

okusumulula kwe okuva mu mwoyo ogutulugunya ogwali mu bulamu bwe okumala emyaka.

## Emyoyo gyagala okudda

Omuntu bwasumululwa, tulina okubayamba basigale nga ba ddembe. Yesu atukubiriza okujjuliza ddala ennyumba (omubiri emeeme n'omwoyo n'Omwoyo wa Katonda. Buli lunaku balina okuza obugya endowooza yaabwe n'ekigambo kya katonda n'okusaba mu nnimi zaabwe ez'omwoyo buli lwe bafunye omukisa. Beetaaga okunggaana buli sabiti n'abakurisitayo abajjuzibwa Omwoyo Omutukuvu. Yesu akinnyinnyola mu kyawandiikibwa kino:

> Naye dayimooni omubi bw'ava mu muntu, atambula mu nsenyi enkalu, nga anoonya aw'okuwummulira, naye n'abulwa. Kale agamba nti Naddayo mu nnyumba yange mwe nnava; bw'atuukamu, agiraba nga njereere, enyiridde, ng'erongoosebbwa. Awo agenda, n'aleeterako dayimooni abalala musanvu abamusinga obubi, nabo bwe bayingira babeera omwo: n'eby'oluvannyuma eby'omuntu oyo birisinga obubi eby'olubereberye. Bwe kiriba bwe kityo eri ab'emirembe gino emibi.
>
> - MATAYO 12:43-45

- Ebifo ebikalu, omutali mazzi bizibu byakunyonnyola. Abayivu batubagulizako katono ku ki "ebifo ebikalu" kye bitegeeza. Kirabika waliwo okukaanya nti kitegeeza ekifo ekifaanaana ng'eddungu ekitabeerekamu ekirekeddwawo omutali kisolo yadde abantu ababeera mu kyo. Okunnyonnyola okwo kuweebwa ekibuga ekyaagwa ekya Babilooni ekyaagwa ng'ekifo omubeera zidayimooni mu Kubikulirwa 18:2.

- Okukakasa obulokozi bw'omuntu n'okubakulembera eri okubatizibwa kw'Omwoyo Omuutukuvu kye kikakasa anti bajjuzibwa Omwoyo Omutukuvu.

- Singa kino kitulema okukola, omuntu ajja kwanguyirwa ebintu byebimu eby'abakwatiranga mu buwambe. Dayimooni zigezaako okudda ne zireeta n'emyoyo emirala.

## Yatandika okuwuluguma

Lumu ku lw'okubiri akawungenzi mu lukunggaana lwaffe olw'awaka twali tusomesa ku kubatizibwa kw'Omwoyo Omutukuvu. Bangi ku

balwetabamu baali balaze okwagala, sabiiti eyayita nga batusabye tubakulembere mu kubatizibwa Omwoyo Omutukuvu. Nga tumaze okusomeseza ddala essomo, twasaba abo abali bagala okufuna ekirabo ky'Omwoyo Omutukuvu ne nnimi zaabwe ez'omwoyo okujja mu kifo awalirwa emmere. Abakyala bana n'omwami omu be baavayo. Bwe twatandika okubasaako emikono n'okusaba omusajja n'atandika okuwuluguma mu ddoboozi ebbi. Yayongera okulekaana dayimoni nga zeyolese. Nze (Sonja) nali muyimiride kumpi, n'olwekyo nze nasooka okulaba ekyali kigenda mu maaso.

**Eeh eh, dayimoni weri wano**

John yali ku ludda luli olw'ekisenge era mangu ago nagenda gyali ne mukuba akaama, "Tulina dayimon eyeyolese wali." Yagenda awali omusajja era amangu ago nalaba nti gwali mwoyo gwa bulimba ogwali gumugamba nti tagwanidde kufuna kirabo kino, mukugezaako okukola ebyali bisomesebwa, omwoyo gwe nnyini ne gwe yoleka. John yalumba omwoyo mu linnya lya Yesu Kristo ery'amaanyi, ne gugenda. Kaali kaseera kasuffu mu kusomesa abantu b'ekibinja kyaffe, bangi kubo nga baali tebalabanga mwoyo nga gukolera mu bulamu bw'omuntu.

**"Ebintu ebikwatagana ne dayimooni" mbitya**

Ekintu ekisesa eky'aliwo akawungeezi ako, kyali nti omukazi yagamba bba nga bajja nti "Mukwano ndowooza sijja kuberawo nga ebintu ebyo bikolebwa kubanga biyiza okuntiisa nempitirayo," wabula oluvannyuma yayogera engeri gye yali omusanyufu olw'okubeera wo nasabola okulaba byonna ebyagenda mu maaso kubanga kino kyamusumulula okuva mu kutya. Yagamba nti kino kye kintu ekya bulijjo kye yali ayinza okulowoozako. Dayimooni yeyoleka mu ngeri embi, naye amaanyi agali mu linnya Yesu gatwala obuyinza ku yo era negenda. Kyali kyangu bwe butyo! Kale yewuunya.

**A bafumbo nga bakulembeze banoonya okusumululwa**

Nga tuwereza eri abakulembeze mu Kkanisa emu mu masekati ga Califonia, twagulawo okukubagannya ebirowoozo ku ngeri ki emyoyo emibi gye giyinza okusimbamu amakanda mu bulamu bw'omuntu. Twabanyonyola nti girina obudde bwoona okuzanya jangu okwekule okutuusa nga gisimbye amakanda, gireetere abantu okulimba. kyatwewuunyisa abafumbo nga bali bakulembeze okujja eri John ng'okusaba kuwedde. Yagamba John nti yali asisinkanye embeera yenyini gy'abadde annyonyola ko, era nga yali atandise okulimbalimba mukyala we ku mizze gy'ekibi. Mukyala we omwagalwa yali atuuse wakoma. John yafuna omu ku basumba akole obuwereza naye, ne basumulula omulenzi ono omuto okuva ku mwoyo gw'obusegu n'obulimba

mu linnya lya Yesu. Ne bakakasa nga omwami ono omuto anawa embalirira eri abakulembeze; wetwasemba omukebereko yali ali bulungi.

Nga bwe kitera okubeera John yategeera nti taata we omuto yali yakabasanya omwami ono, era yalina akakwate ku bifaananyi eby'obusegu. Obuwambe bwennyini bwaja olwokusigala nga akebera ku mutimbagano okuli ebyosusegu. Olunaku lumu yezuula nga yali takyasobola kulekera wo, ne bweyategeera akatyabaga akali mu kutambulira mu kibi ng'ogenderedde n'okuba nti yali asemberedde okunoba kwa mukyala we.

## Ekibi ekigenderere kya bulabe

Emboozi y'obulamu eno eraga ki ekiberawo ng'owambiddwa dayimooni. Kiyinza okubeera omwenge, ebiragalalagala, okubba, obulimba, olugambo, n'empiisa endala ezifaanana bwe zityo ezireeta okuzikirira. Kyabulabe nnyo omukulisitayo okusigala mu kibi ekigenderere. Ekibi kyogerwaako nti kikuyisa we wali ayagla okukoma, kikukumira awantu ebbanga okusinga lye wali ayagala okubeerawo, kikusasuza okusinga ze wali oyagala okusasula n'ekikwonona n'okusinga bwoyinza okulowooza nebikivaamu biyinza okubeera eby'oluberera.

Asoma bino singa owulira nga bye twogedeko bikubaddeko, mangu nnyo noonya omusumba ategeera eby'omwoyo n'enkozesa y'obuyinza Katonda byagaba osobole okusumululwa omuwereza ateekeddwa okuba nebirabo eby'okubikulirwa eby'Omwoyo Omutukuvu nga, bikolera mu bulamu bwe okusobola okutukiriza obulungi ekika kyobuwereza nga buno.

## *Ebigambo eby'ogerwa kussimu eby'omuwemu wamu namalwaliiro ga balwadde b'omutwe*

OLUNAKU LUMU mukwano gwange omwagalwa yankubira essimu (nze Sonja) n'anyumiza emboozi emenya omutima. Taata we yali agobeddwa ku mulimu gweyali ayagala nekyava mwenkyo yali afiriddwa ekitundu ekyensako ekuweebwa ng'owumudde. Mukwano gwange yali abeera mu kifo kirala era nambuuza oba nali nsobola okukyalira bazadabe abali batawanyizibwa kubanga baali babeera mu kibuga mwe nali mbeera. Kyali kintu kizibu nnyo okukola. Abafumbo bano nali mbamanyi okuva nga nkyali mu somero era nali mbawa ekitiibwa.

Nga maze okulamusa abafumbo banno n'okubagwa mu bufuba, banyumiza emboozi ekaabya amaziga. Kyatuluma ffena ng'adamu ebibuuuzo byange mu kitiibwa naye ate nga byetaaga kuddamu. Okumala emyaaka egiwerako yali yenyigira mu bifaananyi eby'obusegu okumala ebanga. Naye waliwo ekyabaawo omwaka oguwedde ekyakyusiza ddala obulamu bwe. Yali atandise okukubira abakazi essimu ngayogera ebigambo ebivundu. Tewayita

bbanga ddene polisi negoberera essimu webagikubira nga eva mu kifo we yali akolera. Tewali yayagala ku mugulako musango kubanga yali ayagalwa nnyo n'okuweebwa ekitiibwa mu kifo weeyali akolera bwatyo n'okulabulwa kwali kwa mumwa.

Nga wayise ennaku ntono yaddamu okukuba amasimu amalala, ne bamukwata lubona era ne bamuwa okulabula okwali mu buwandiike ne bamugamba nti bwekinaddamu okubaawo bakumugoba ku mulimu. Bamunnyonnyola ekiyinza okuva mu ekyo nti ajja kufiirwa ensako eweebwa abanyuse emirimu gyabwe. Bamugamba bamutwale alabe omusawo ajanjaba emitwe. Baamugamba nti essimu ye baali bagirondoola naye ekyanewuunyisa, yangamba nti yagenda mu maaso okuba essimu zino ez'obuwemu endala, mu kaseera kano mukyala we yali akaaba ebitalogyeka, era nalina obuzibu okukiriza byeyali annyumya.

Yeyongera maaso n'okunyumya. Polisi yajja wakolera ne bamukwata nga ne bakoze banne balaba. Amangu ago bamusala ku mulimu n'ekyavaamu kufirwa sente. Olupapula olw'omukitundu, lwa muwandiika ko wama ne baswaala ne baswaluka.

## Yangamba nti "yali yakolimirwa"

Bwe namubuuza lwaki yagenda mu maaso nga akuba essimu n'oluvannyuma lwokutegeera nti essimu ye yali elondoolwa kye yaddamu kyali kyewuunyisa.

> Namanya mu birowoozo byange nti kino kyali kigenda kwonoona obulamu bwange, amaka gange, obufumbo bwange n'okuwumula kwange Era nakitegeera nti kya kuleeta obuswavu ku baana bange naye nali sisobola kw'eziyiza kukuba massimu. Walinga awaliwo ekintu ekyajanga kunze mu biseera ebyo era naliko ekikkolimo nga sirina maanyi galekera awo.

Ekyo kikunyonyola embeera omuntu aliko dayimooni bw'abeera. Omwami ono baaba yali teyetegese kuwulira amawulire amalungi ag'obulokozi wamu n'okusumululwa mu Yesu Kristo, naye bambi ye omukyala yali yetegese, bwatyo naddamu okumwetwalira ekiro ekyo kyenyini. Eky'enaku nti yawangala emyaka mingi nga ayigganyizibwa omwoyo ogwo era nga teyeneyeza dala mu bujjuvu wadde okukiriza Mukama okutuusa nga ali ku ndiri! Kwali kwononeka kwenyini! Okutambulira mu bulamu obw'okunyigirizibwa amaanyi ga sitani emyaaka egyo gyonna. Kyokka nga okwagala kwa mukama okutalojjeka wamu n'ekisa kye byaali byanjuluziddwa "eri omunaku nga nze."

## Emyoyo gy'ensikirano

Ffena twali tuwuliddeko nga bogera nti "Omwana oyo alina obusungu nga kitaawe bweyali." Famire zonna zirina emize, en'eyisa, n'empisa zaazo, wabula nga n'emizimu gya famire gisobola okuva ku mulembe ogumu okutuuka ku mulembe omulala singa gibeera tegitegereddwa.

Mu ngeri eno gyenva okunyonyola, omwoyo guno omubi gwandiba nga gwakwata ne mutabani we, ono nga mukwano gwaffe. Kubanga newankubadde nga yali yajjuzibwa Omwoyo Omutukuvu, yali takolanga ku kintu kino eky'okwagala ennyo okulaba ebiffananyi by'obuseegu, naddala mu butabo wamu ne ku butambi. Naye olw'okuba yeyongeranga mu maaso n'okujjemera Katonda ekintu ky'ekimu naye kyamutuukako! Naye polisi yamukwata olw'okukubira abantu amassimu namokola agagambo era gye byaggweera nga agobeddwa ne ku mulimu. Kizibu okukikiriza, kubanga ono yali amanyi ekyaali kituuse ku kitaawe, kyokka neyeyongera mu maaso nga naye akola ekintu kye kimu. Kino kye kyamala eggobe mu kibya bwatyo nawambibwa okulaba ebiffananyi eby'okumitimbagan eby'obuseegu.

## Nabagamba bajje mangu ewaffe

Bwamala okukwatibwa era n'okuteebwa poliisi, mukyala we yankubira (nze Sonja) essimu era nembagamba bajje mangu nnyo ewaffe awaka (tubeera mu kibuga kirala). Bawuliriza era mu saawa ntono nnyo nga bakamala okukuba essimu baali bagguse awaka. Omwami yali aweebwa nnyo ekitibwa gy'abeera era kino kyamukuba wala ng'omuntu, ne mukyala we, amaka gabwe, bakola nabo wamu nab'emikwano. Yalabika nga weyatukira ebirowoozo byali binatera okumutta. Mukyala we yalabikanga naye ensisi emukutte era nga alabika nga yali alowooza ku kunoba n'okuwoza emisango gya kooti nga bawukanye.

Twayita muwereza munaffe era nga tumaze okukizuula nga okwenenya kwa munaffe kwali kwa mazima ddala era nga kuva buziba, John wamu ne muwereza munaffe – awo wenyini mu diiro lyaffe – bamukulembera mu kusumululwa okwanamaddala. Kwali kukyusibwa okw'ewunyisa kwe twalabako n'amaaso gaffe.

## Twasabira dala tuwebwe amagezi okuva waggulu

Awo wonna, nze (Sonja) nali ne mukyala we, nga mukakanya mu bulumi obungi bwe yali ayitamu. Yanyumiza engeri gye yatyoobola mu nazzalawe olw'obutalekaawo ssezaala bwe bamukwaata olw'emize gye emibi. Kyokka nga naye kakati ayita mu mbeera y'emu! Twayogeraku ngeri okusumululwa bwe kwaali kusoboka era nga n'okuzzibwa obujja kwali kusoboka. Yali ayagala okukiriza, naye nga kizibu okutebereza engeri

olukonko oluzibu lutyo bwe lunawonyezebwa. Twasabira dala amagezi gatuwebwe okuva waggulu.

**Waddembe ddala**

Okusumululwa kwali kujjuvu ate nga kwa muntu yenna. Bakola buli kimu kye twabagamba, nga mw'ozingidde n'okwegatta ku Kkanisa enungi ejjuzibwa Omwoyo. Kakati, emyaaka nga giyise, basumululirilwa ddala era ba dembe era bawonyezebwa. Obufumbo bwabwe businga we bwali bubadde obulungi. Bawereza Katonda nabuli kintu kyonna kye balina. Obuwanguzi bw'akika bw'ekityo! Nga kya sanyu! Katonda weffe yekka yayinza okukola eky'amagero bwekityo!

**Mukwano gwaffe yamaliriza ali mu waadi y'abalalu**

Mukwano gwaffe omu yalina obuzibu by'okukyuukakyuuka mu mbeera ye, era nga bwatamira daggala lye, agwaamu akazoole. Olumu ku mulundi bweguti yakomekereza ali mu waadi y'abalalu mu dwaliro. Femire ye yatukubira essimu n'etusaba tugende tumukyalire. Batugamba engeri gyeyali alogotanamu mbu polisi yali emugoberera, mbu nga emulinya kagere, nga yetegeka okumukwata. Yatya nnyo n'okutuuka okutya okugenda ku mulimu okukola.

Yasanyuka okutulaba, naye nga aky'alogotana. Twatandika okw'ogera naye ku kiki kye yali ayitamu. Twamutunula mu munye era netumugamba nti bino ebintu twali tubimanyi nti bya ddala gy'ali, era nga ayinza n'okuyita ekigezo ky'okulimba singa aba akikoze, wabula nga wadde kiri bwekityo ebintu byali sibwebiri. Tetwazuulayo myoyo ku ye, wabula ne tuwulira nga kino kyali kirwadde kyenyini ekyaali kimuletedde okw'eyisa bwati.

**Tewaliyo bambega ba FBI abaali bamugoba**

Ono omwami yali atwagala era nga atwesiga nnyo, naye kyali kimuzibuwalira okukiriza nti embeera mwe yali ayita teyali yabuliwo. Twakatiriza ekyo famire ye wamu n'abasawo kye bali bamugamba, era nga eddagala lyaali lijja kumuza mu mbeera fenna mwe tutambulira − tewaliyo bambega ba FBI bali bamugoba. Nga wayise wiiki ntono nga ali ku ddagala, yaterera. Musajja mugezi nnyo lwakuba tayagala ddagala kubanga likendeeza ku ngeri gy'alowozaamu. Tulowooza eyo y'ensonga lwaaki abantu abalina obulwadde obwo balekera awo okumira eddagala. Okwanukula okutuufu eri embeera eno kwe kubasabira bawonyezebwe ddala, ekintu kye tukyakolera mukwano gwaffe. Kirabika emyoyo tegijjanjabwa ddagala naye nga obulwadde bwo n'okuwona buwonera ddala.

Firimu, *A Beautiful Mind*, eyafuluma mu 2002, lugero lulungi olukwata ku John Nash, omugezi mu kubala. Eraga engeri gye yagumiramu

ekirwadde kino era nawebwa ekirabo kya Nobel prize. Tusaba nti firimu eno enaletera eggwanga lyaffe okutegeera obulungi abantu ababonabonera mu mbeera bwe ziti.

## *Omuwala Omubaptisiti Ayiga Ku Dayimooni*

BWE MALIRIZA (SONJA) okubatizibwa mu Mwoyo Omutukuvu ku myaaka abiri mu musanvu, mangu nnyo nafukirawo omuyizi wa Baibuli. Kifuuse kiramu era nga ky'etagisa. Erimu ku ssomo nze omuwala eyali takiririza mu kubatizibwa mu Mwoyo lye nalina okusoma lyaali likwaata ku dayimooni, era nga ebintu ebiri mu ndagaano empya ebikwata ku nkola y'obwakatonda byaali binewunyisa. Nasoma buli kintu ekyaali kikwata ku ludda luno olulala. Ebisinga byaali bigambo by'abamisani abaali mu mawanga agatanakula.

### Bangamba nti ebintu ebyo eby'ekyejo mbyesonyiwe

Omu ku basumba bange yajja nankyalira mu bwangu, era nalengera entuumu enene ey'ebitabo bye nali nsoma. Nga amaze okutunulira amanya g'ebitabo, bangamba nti ebintu ebyo eby'ekyejo mbyesonyiwe. Tewali kirungi kijja kubivaamu. Okwanukula kwabwe kuno ku bikwatagana ku by'obwakatonda kwanewunyisa nnyo,n'olwekyo nensalawo okubawuliriza. Ebitabo nabiteeka ebali okumala wiiki entonotono era wano nensaba Mukama anungamye ku nsonga eno.

### Omwoyo Omutukuvu nga "Omuyigiriza" yali anungamya

Nasigala sagala bwagazi kubimanya kyokka, wabula neyongera okubyagala. Bwentunula gyenvudde, nali nunggamizibwa Omwoyo Omutukuvu nga "Omuyigiriza." Kyali kirungi okuba nti nali mpuliriza okulabulwa kwa abasumba bange kubanga natandika okusengejja buli kintu kye nali nsoma. Nasanga okulungamizibwa okutuufu mu baibuli? Bwekiba si bwekityo, nga mbeera nekengera nnyo ebyogerwa. Ebiseera ebyo nali maze okusoma baibuli nga ngimalako emirundi egyawera, era nga njize okukozesa obulungi ebyo ebinyamba okugisoma, naddala endagaano empya eya Baibuli eri mu luzungu wamu n'oluyonani. Bwewabawo ekintu kyonna nali nkyali bulungi ku ngigiriza, era awo nga mpulirirawo emirembe.

### Nali ntedekebwa olw'okukola omulimu ogw'enjawulo

Nali simanyi nti ntedekebwa olw'okukola omulimu ogw'enjawulo – omulimu gwe sirotanganako wadde! Jjajja nge omwagalwa Hatcher yasanyukira nnyo okukula kwange mu Mwoyo okuva lwe nabatizibwa n'Omwoyo Omutukuvu. Ye yali omuwagizi wange namba emu era yewunyanga nnyo engeri gye nayanguyirwanga okukulembera abantu mu kubatizibwa n'Omwoyo Omutukuvu.

Lumu, Jjajjange yampita nambuuza oba nga nandyagadde okusisinkana mutabani wa mukwano gwe nfanfe eyali yakakomawo mu Richland, Washington, oluvanyuma lw'okukozesa ebiragalalagala okumala ebanga eddene mu kibuga Seattle. Nali sisobola kutebereza kiki kye nyinza kugamba muvubuka omuyaga – byanzigwaako!

Namubuuza lwaaki yali alowooza nze nina okukola kino, nangamba nti omuvubuka ono yali atambulira ku njegoyego y'ekibuga Seattle naagwa wansi ku mabali g'ekubo nga omuntu gwe basindise era nalemera awo. Yagamba nti yamanya nti Katonda yali amugamba nti anatera okufa singa tetereza nsonga ze ne Katonda. Mangu nnyo yadda ewaka ewa nnyina eyali amusabiranga bulijjo eyakola entekateeka okumusisinkanya omusumba w'abalokole. Wabula mbu bonna embeera yabaddugalira, era nga nnyina yali ali mu bwetaavu bw'omuntu ayinza okuyamba mutabani we. Bwatyo jjajja kwe yava ankubire essimu.

## Tatu zeyali yekuba ku mikono zansikiriza!

Namala gakiriza okusisinkana omuvubuka ono ku lw'omukaga olweggulo. Jjajjange, nyina w'omuvubuka wamu nakabinja ke nasabanga nako ku lw'omukaaga olw'eggulo twaali tuli mu kwegayirira olwensisinkano eno etali ya bulijjo. Esaawa ey'okusisinkana nga etuuse, akade k'okulugi kavuga, bwentyo ne ndubandula, amaaso ne ngakuba ku kyesirabangako. Omulangatira gw'omuvubuka ayali mu maaso gange nga alinga mu myaaka abiri, fuuti mukaaga, enviiri myukirivu, n'amaaso agabululu eg'ensonyi gesirabangako. Ebiffanayi ebyamuli ku mubiri ebyaali byakayakana kale byansikiriza okuby'ekeneenya! Nkakasa naye yali ampima piima nga yebuuza akakazi kano ekesimbye obusimbalala kagenda kungamba ki ekinagasa obulamu bwamge.

## Omwoyo omutukuvu yanzikakako mu ngeri etali ya bulijjo

Namusaba atuule era ambulire kiki ekigenda mu maaso mu bulamu bwe. Kyali kya lwaatu nti yali atidde wabula yatandika okutotola eky'amutukako ku mabali g'oluguudo we yasisinkanira Katonda. Bwe yali nga akyayogera, Omwoyo Omutukuvu nangwaako mu ngeri etali y'abuijjo. Nawulira nga nyinyikiddwa mu kwagala kwa Katonda okwaseruganda eri omuvubuka ono. Omutima gwange negukowoola Katonda nti "Ayi Mukama, abantu bameka abafanana nga ono abaabula abali ebweru eyo? Bali mu kubo lya geyeena era nga tebalina suubi munsi eno ey'okuteganiramu. Yensonga lwaaki bekuba ebiragalalagala, baseegu, era tebereza n'ebirala bye bakola!"

Mungeri emu oba endala, okuyita mu kisa kya Katonda ekingi, twakwatagana. Nawulira okutya kwe wamu n'okutabulwatabulwa, era naye yawulira okwagala kwa Katonda nga kuva munda munze. Amangu ago yabuuka nayimuka, nankanga, era nangamba nti "Nnyabo, onkubisiza

entunuunsi z'esiwuliragako! Onzikiriza nkomewo wano nemikwano gyange emirala?" Nemuddamu nga nanagira nti, "Yee kale."

## Nakizuula luvanyuma nti bali batunzi ba njaga abakukuutivu

Yamaliriza akomyeewo n'emikwano gye babiri be nazuula oluvanyuma nti baali batunzi banjaga abakukuutivu mu kitundu kyaffe. Mu wiiki ntono nnyo ddala ekibinja kyali kikuze nga kisuka mu bantu amakumi asatu, era nga bwokiraba wewuunya. Bali basisinkanira dala Yesu Kristo omulamu nga benenyeza dala, nga bavudde ku njaga, era nga banoonya okusanyusa Mukama wabwe ono omujja. Lumu ekiro, natunula mu ddiiro lyange ne wetuliira emere nendaba nga wajjudde abaana abayaaye nga batudde ku buli kiffo ekyali ekikalu ku mukeeka. Bonna balina Baibuli zaabwe era nga bakubaganya ebirowoozo ku kiki Yesu kye yali ategeeza mu kimu ku by'awandikibwa. Nalina okuseka kubanga ennyumba yali ejjude omukka. Mikwano gyange bensaba nabo bandibadde bawanise emikono mu busungu singa bayingira mu kiseera ekyo. Kye batanditegede kyalibadde abaana bano wa gye bavudde mu wiiki entono nnyo emabega. Okufuweeta sigala kyali kitono nnyo mu kiseera kino.

## Amaka gange baali bagalinya akagere!

Wiiki ntono nnyo nga zakayitawo, omu ku bali abayaga yajja gyendi mu zimu ku nkungaana zaffe ezirimu omuka nambuuza oba nga nali nkimanyi nti polisi amaka gange yali egalinnya kagere. "E kiki! Lwaaki ekyo bakikola?" Nembuuza. Nangamba nsooke nkirowozeeko okumala akaseera. Mbagirawo abantu abaali ba nakinku mu kutunda enjaga wamu nabagigula n'okuginywa okubeera nga kati bakwaata Baibuli enzirugavu bwaguga nga bakungaanira mu maka agamu ennaku eziwera buli wiiki. Singa oli wa polisi ekyo tekyandikwewunyisiza? Nenekuba oluyi mu kyeenyi n'ekibatu kyange, nenewuunya engeri gyembadde sikiraba bwentyo. Nali nsuliddwa mu neyisa ya bantu empya.

## Nasindika da abayaga mu kibinja kyo

Nakubira abamu ku bazadde b'abaana bano nembabuuza oba banasobola okumperekerako nga ngeenze okusisikana omukulu wa polisi. Nebandaga nti bajja kujja, era nange nenkuba essimu okutegeka ensisiknkano. Ekyewunyisa nti bakiriza okutusisisnkana olw'eggulo olw'adirira. Omukulu wa polisi nze nali simusisinkanangako. Kye nali mumanyiiko kyokka kyali nti yali ayogerwaako bulungi mu kibuga kyaffe. Omuwandiisi we nga atulaga ofiisi ye weyali, twewuunya bwe yayimirira, nava ku meeeza ye najja nagolola omukono gwe okutubuuzaako. "Nga tonabaako ky'oyogera," bweyatandika, "Njagala omanye nti nange ndi mulokole, era nzikiriza nti ekyo ekigenda mu

maaso mu makago lye suubi ly'abavubuka baffe lyokka mu kibuga kino! Kino nkimanyi kubanga nasindika dda abenjaga (abanonyereza ku njaga) okujja mu kibinja kyo, era babogerako birungi. Bangamba mbu ebintu bye diini bino tebabitegeera bulungi naye mbu bigumivu." Nayimirira buyimirizi nga njasamiridde awo nga nkute mu ngalo z'omwami anewunyisiza. Ekibinja kyaffe bwe kyagejja ennyo nga tetukyaja mu maka gaffe, ekitongole kya polisi ne kituwa doola enkumi nnya okupangisa ekisenge we twasokera okukunganira. Kino kyaali kyewunyisa!

## Okutumibwa kwange okw'ejawulo

Nali ndi ku mulimu ogwantumibwa gwe nali ntendekebwa okukola nga n'okukimanya sikimanyi. Abaana abasinga ku bano baali bava mu maka agali obulungi ko. Baali bagendako mu Kkanisa, naye nga tebaginwyereramu. Obulamu bwe bwabatabula, baali bangu nnyo okuwambibwa okugezesa n'ebiragalalagala wamu n'okusiwuuka empisa. Babbanga okusobola okugula enjaga. Abo abaali bakozesa ebilagala ebitabula emutwe baali bali mu mbeera eyenyamiza.

Bwe beyongera okunesiga, batandika okunyumiza ebintu ebitiisa ebyabatukako nga "banyooka." Abasinga baali bafuna ebiffananyi ebyabajukizanga, ete nga bijjira w'otabisubira. Ekyanewunyisa kwe kuba nti batotolanga ensisinkano ne daimooni nga ezo ezayogerwangako abaminsani. Nagabananga nabo ebyo bye nali njize mu myeezi egiyise. Bwe basomanga endagaano empya nga Yesu atwala obuyinza ku mizimu, bakirizanga nti nabo basobola, era basobola okusumululwa, era bwebatyo basumululwa. Kyaali kyewunyisa. Abo abasooka okusumululwa mu wiiki ntono nnyo ezadirira be baali benyigira mu kusumulula abalala. Bakozesanga bukozesa butabo obulaga engeri dayimooni bwe zikolamu olwo ne babalaga n'ebiri mu Baibuli nga Yesu asumulula abantu. Ekintu eky'ewunyisa!

## Yogera ku nsisinkano erimu amaanyi!

Nkimanyi nti okusumululwa kw'obwakatonda kuno kwe kwaletera obulokole b'endagaano empya okubeera nga bubakomako ne babutegeera. Baali babaddeko mu diini enfu era nga bagikyaawa. Yogera ku nsisinkano ejjude amaanyi! Baali bazetaaga era baziraba! Ddala Omwoyo Omutukuvu yali amanyi kyakola bwe yanungamya okusoma nerage nga nsanira (laba 2 Timoseewo 2:15).

Mu kiseera kino kye nyini abafumbo ababulizi benjiri okuva mu Canada bajja ewaffe. Bangi ku bavubuka bagenda okubawuliriza. Bakomawo bakyamukiridde kubanga baali banganga dayimooini era nga n'abantu bawonyezebwa. Kakati abazadde bange abagalwa baali wamu nange wakati mu kino, bwentyo nembawalawala okubatuusa mu weema awaali

olukungaana. Mazima dala, baali babulira enjiri enzijuvu nga obubonero n'ebyewunyisa bigoberera.

**Abamu baali tebambadde ngatto**

Twabasisinkana nga obuwereza buwedde ne tubanyonyola kiki ekyaali kitutuseeko mu masekati gaffe. Nababuuza oba nga kyaali kisoboka okututendeka. Mu kiseera kino nali mpulira mga nzitowereddwa. Mu kiseera kino tewali Kkanisa neemu mu kitundu kyaffe eyali eyagala abayaye bano abakoledde okutukirira abavubuka baabwe. Nsuubira nsobola okugezaako okutegeera bwe baali bawulira. Nga omulundi we natwalira abayaye bange okukyalira Ekkanisa yaffe. Abamu baali mu bigere byerere. Omu yali ayambadde ovulo, nga talina saati, tayambadde ngatto, nga atadeko ogukoffiira ogwakitaka gwatajjako okumala savisi yonna. Kakati nze ebyaali bibatuseeko byonna mu bulamu bwaabwe byaali binsanyusa, endabika yaabwe nga tekikyaali kikulu gyendi. Ekyenaku abantu b'omu Kkanisa yange abayonjo ennyo bo baali ekisa ekyo tebakirina. Yee baali basanyu nti baali balokoka, naye nga babagala babeere mu kifo kilala eyo.

**Abantu ba Yesu**

Abafumbo abali abakanada baali balina emirimu egy'okukola mu bukiika ddyo bw'obugwanjuba olwo nebakiriza okudda. Nga kwaali kwanukulwa okuva eri Katonda! Twafuuka Ekkanisa y'abantu nga enkumi nnya (Jjajjange wamu ne bakadde bange nga bali wakanti mu kino kyonna). Okusinza kwaffe kwali kusuffu, era n'abakulembeze baffe abajja baleeta era bayanirizanga mikwano gyabwe abasumba – abayigiriza abalungi okuwereza eri abantu ba Yesu erinnya ely'abawebwa. Ebyaffayo biraga nti twaali kitundu ku kutambula kwa Katonda omuyinza w'ebintu byonna okwatandikira mu buvanjjuba bwa America mu bayaga abayaye. Okomebwaako kuno kw'owulira kwali ku abamu ku baali mu kibija kyaffe mu ntandikwa kati emyaaka asatu egiyise. Kakati basumba, babulizi ba njiri era baminsane. Yee dala kyalina kubeera era nga bakola ebyo Yesu bye yakola emyaaka gino gyonna.

**Yesu ye muzira waffe era eky'okulabirako kyaffe ekikulu**

Wewawo, okusumululа abantu okuva mu busibe obw'omwoyo sikyangu. Busobola okubeera obuwereza obutabuletabule era obubuzabuuza. Mazima tetubunyoonya; naye bwe bulabika nga tubwanganga bwe kiba kyetagisa okumaliriza omulimu ogutuwereddwa Mukama waffe. Ebiseeera ebisinga mu buwereza obwa Yesu, yabeeranga atambula mu kifo ekimu eyo eky'etaago gye yakisanganga, nakimaliriza, era neyeyongerayo. Oyo ye muzira waffe era eky'okulabirako kyaffe ekikulu!

**Abalokole bokka be basobola okukikola**

Kyewunisa okuba nti mu nzikiriza y'abalokole mwokka mwe muli amaanyi n'obuyinza ebiretera emwoyo okugondera ebiragiro ebyogeddwa. Enjikiriza endala zonna zigisinza era n'okugisanyusa oba bagamba mbu teri mizimu. Bwe basisinkana emizimu, bwe bagezaako okukola ku mbeera bakomekereza bali mu buvuyo, mu kutya wamu n'okutabulwatabulwa. eky'okulabirako kye kyawandikibwa kino wamanga:

> Naye era abantu Abayudaaya abataliiko waabwe, abagoba dayimooni, ne beetulinkirira okwogera erinnya lya Mukama waffe Yesu ku abo abalina dayimooni, nga bagamba nti Mbalayiza Yesu Pawulo gw'abuulira. Awo waaliwo abaana musanvu aba Sukewa Omuyudaaya kabona omukulu, abaakola bwe batyo. Dayimooni n'addamu n'abagamba nti Yesu mmutegeera ne Pawulo mmumanyi; naye mmwe be ani? Omuntu eyaliko dayimooni n'ababuukira n'abasinga bonna n'abayinza, n'okudduka ne badduka okuva mu nnyumba eri nga bali bwereere nga balina ebiwundu.
>
> - EBIKOLWA 19:13-16

- Abalokole bokka abajjuzibwa Omwoyo bebawereddwa obuyinza okuva eri Yesu Kristo okugoba dayimooni mu buwanguzi. Dayimooni zimanyi ani alina obuyinza wamu n'oyo atabulina. Zijja kutusomooza okuzuula oba nga tumanyi kyetukola.
- Dayimooni ziwa abo beziberaako amaanyi agatali ga bulijjo. Tetulina kubaako kye tutya nga tuzangaanga mu linnya lya Yesu Kristo era nga tulungamizibwa Omwoyo Omutukuvu.
- Amaanyi agatali gabulijjo gafulibwa ekitagasa omulokole bw'ayimirira mu maanyi agali mu musaayi gwa Kristo era alagira omuzimu okumugondera mu linnya lya Yesu Kristo.

**Abegayirizi betagisa**

Bwobeera nga okola obuwereza nga buno oba nga oyagala okubukola, tukukubiriza osabe Katonda akuwe abakiriza abo nga bebanakubikako mu kukusabira. Tulina abegayirizi abasuka mu kikumi ab'esiggwa buli mweezi abafuna "ebyokusabira" era nebegayirira ku lwaffe. Esaala zaabwe z'amaanyi nnyo nti tusobola n'okuwulira ebizivaamu – nadala bwe tubeera mu nsi ez'ebweeru entalo gye ziberera ez'amaanyi. Yesu Kristo

ayagala tukolere mu mubiri nga buli omu aleeta ebibye okusinziira ku birabo by'alina. Mukama tukwebaza olw'abegayirira ku lwaffe!

### *Buvunanyizibwa bwaffe*

ABALOKOLE BANGI ebyo ebiri wagulu babiyita "batabani ba sekewa" nga akatundu akalabula mu buntu omuntu obutanganga dayimooni wadde okusumulula abalala. Bamweenya bumweenya, era ne bakuba ebibegabega, nebajjuliza bino nti bye biyinza okubabaako singa babyenyigiramu. Naye tekiri bwekityo! Kino eky'awandikibwa kyabo abatanalokoka. Bo abalokole abamanyi obuyinza bwaabwe wamu n'amaanyi, kibaniriza okukozesa obuyinza bwaabwe wamu n'okusumulula abantu.

Abantu abatalina nkolagana ne Yesu Kristo balina obuzibu obugenda bweyongera. Dayimooni z'eyongera okubamegga n'okubasendasenda nga n'okumanya tebakimanyi. Dayimooni zibawalampa, ne zibamegga nga n'abamu zibaletedde n'okuduka mu mayumba gaabwe nga bali bukunya. Ebirowoozo byabwe bijjuziddwaamu nnyo obutwa era binyoledwanyoleddwa ebiragalalagala, obulimba, wamu n'okuggwaamu esuubi nga dayimooni zibaletedde n'okwetuga. Amawulire ag'olweggulo gasoma ebibaddewo nga abaana bawambibwa, batulugunyizibwa ne basobezebwaako era ne batibwa. Tulumbiddwa mu birowoozo n'okuwulira ebigambo by'etemu, okukwaata abakazi, wamu n'ekibi ky'okuyiwa omusaayi. Buli kitundu na buli kikula ky'abantu kirumbiddwa ebifananyi by'abavubuka ebitiisa nga amaanyi ga dayimooni gabamira ekigenze ewala.

## **Esuubi lyabwe ye Kristo muffe, e suubi ely'ekitiibwa**

Mulokole, ffe suubi lyokka eri ensi eno eyabula era ezikilira. Bwetutaanukula kuyitibwa kwa Mukama waffe okugenda mu kitundu kyaffe eky'ensi era tusumulule abantu n'okukola ekyo kyeyagamba kyetusobola okuola, olwo ani alikikola? Tulina eky'okuddamu! Ye Kristo muffe, esuubi ely'ekitiibwa. Yesu atuwadde erinnya lye, Obuyinza bwe, wamu n'Amaanyige okutandikira weyakoma. Okwanukula kwaffe kulina kubeera nga Isaaya bweyagamba, "Nze nzuuno, ntuma" (Isaaya 6:8).

### *Leka tuteeke mu nkola*

- Yakobo 1:22 tukole ebyo byetuyize (bye tusomye).
- Laba nga okola ebyo ebikugambiddwa mu suula eno nga okebera mu "leeka tuteeke mu nkola" katundu Akasembayo B
- Kola okubangulwa mu buwereza okuli omutwe ogugamba, "okwanganga dayimooni."

# *7. Bwetuva wano tuddawa?*

## Bwetuva wano tuddawa?

Bwetumala okutegeera byonna Yesu Kristo byatukoledde, tulagibwa okugenda okugamba abalala okukola byonna byeyalagira.

> Mpereddwa obuyinza bwonna muggulu nekunsi. Kale mugende, mufuule amawanga gonna abayigirizwa, nga mubabatiza okuyingira mulinnya lya kitaffe n'omwana n'mwoyo omutukuvu; nga bubayigiriza okukwata byonna byenabalagira mmwe: era, laba, nze ndi wamu nammwe ennaku zonna, okutuusa emirembe gino lwe giriggwawo. Amiina
>
> —MATAYO 28:18–20

> Yabatuma okubuulira obwakabaka bwakatonda era nokuwonya abalwadde.
>
> —LUKKA 9:2

> Bwe mubanga mutambula mubuulirenga nga mugamba nti obwakabaka obwomu ggulu bunaatera okutuuka. Muwonyenga abalwadde, muzuukizenga abafu, mulongoose nag abagenge, mugobenga Daimoni: mwawebwa buwa, nammwe nga buwa.
>
> —MATAYO 10:7–8

Mugende!

**Tukisobola**

Bwetukyuusa engeri gyetulowoozamu n'etutendekebwa tusobola okukola Yesu byeyakola. Yesu atuwawdde amaanyi n'obuyinza natulagira okugenda okukola byeyakola. Kisuka ku kugenga ku kkanisa. Kisuka ku kugenda mutendekero lya Baibuli oba olukungaana lwokusaba. Kitegeeza okugenda mu buli kitundu kyensi netukoma ku bantu n'enjiri ey'obulokozi, okujjuza abantu n'amaanyi g'Omwoyo Omutukuvu, okuwonyezebwa, n'okubasumulula okuva mu bikoligo bya sitaani.

**Ebyamagero ebyanamaddala byetagisa.**

Tukitegerera ddala lwaki abakrisitaayo babadde banafu okwanukula ekiragiro kya mukama waffe ekya "Mugende." Batono abakimanyi nti balina okukikola, era ate batonno ddala abayigiriziddwa okukikola. Kitwala

kukyuusa mundowooza nokukomebwaako okwawaggulu, netussa essira kukutendeka abantu okusobola okukyuusa obulamu bw'abantu. Omulamwa gwaffe guguno:

> Bangi abali munsi abatajja kusembezebwa Yesu Kristu okujjako nga bafunye okukkibwako kwekitiibwa kya Katonda.

> Munzikirize nga nze ndi mu kitange, nekitange munze: oba munzikirize olwemirimu gyokka.
>
> —YOKAANA 14:11

- Ebyamagero biyinza okwetagisa okukakasa obubaka bwaffe nti buva eri Katonda.

Omubaka abulira enjiri ya Mukama waffe Yesu Kristo, nga akiriza era nasubira eby'amagero n'obubonero, neby'ewunyisa okumugoberera, alaga nti obubaka buva eri Katonda akyuusa obulamu era omulamu.

## *Tutandikirawa?*

MUSUULA ZETUVA OKULABA, tulabye engeri gyetwatuuka okuba nga tetukkiririza mu byamagero kyokka naye nti tusuubira Katonda okubikola okuyita muffe. Kyatwala emyaka asatu okutuuka wa wetuli olwaleero, naye tekirina kutwalira balala bbanga eryo lyonna okutuukayo. Tukkiriza kisobola okutwala mwaka, oba nga ebiri ekinene ennyo. Kisinziira ku kufaayo kw'omukkiriza mu kunoonya Katonda.

Tukkiriza nti ekkubo ely'okukola yesu Byeyakola lilambulukufu ate nga liwewuka. Eri abamu liba lyangu. Eri abalala kyetagisa okukyuusa mundowooza. Kirabika nti gyetukoma okubeera ab'asoma, n'olugendo okuzibuwala. Wabula nga tekirina kubeera bwekityo. Yesu atugamba okubeera ng'omwana omuto mungeri gyetukkirizamu n'okuteeka enjiri mubulamu bwaffe obw'obuntu.

Okutandika okukola Yesu byeyakola kiyinza okwetagisa okuteeka ebirowoozo byaffe ebibi kumabbali ebitugyeeko okwolesebwa kwaffe okwa Yesu kweyatutondera okubeera. Tekikwata ku bbanga ki omuntu lyamazze mu bulokozi. Ekyokusomooza kiri nti kyetagisa bbanga ki okubeera nga olina ebisanyizo byonna okusosbola okusumulula abalala mu linnya lya Yesu. Kiyinza okulabika nga ekizibu, naye kisoboka okukolebwa.

## Okutendekebwa kulina kuva mu Kkanisa ey'omulitundu

Kifo ki ekikulu abakkiriza kyebalina okukozesa okutendekebwa okukola Yesu byeyakoal? Tukkiriza kirina kubeera mu Kkanisa zaabwe ez'omukitundu, sikudduka kugenda mu buli lukungaana olw'okuzibwa obuggya lyebawulidde! Kiva mu kuba nga omuntu ayayanira ddala okubeera mu bitali bya bulijjo ebiretera abantu okuba nga banoonya "ekintu" kyebatalina.

Okutendeka n'okussa essiira ku bumanyirivu mu kibiina yengeri esingayo okukutuusa ku kugonjoola ekyetaago kino. Tukimanyi okusinzira ku bumanyirivu nti kino kikolera ddala. Ebiwandikiddwa mu katundu akasembayo A biraga engeri abasumba gyebakozesa okusomesa kwa ababakikirira n'abawereza okubaberera ebikukozesabwa mu matendekero g'omu Kkanisa zabwe ez'omukitundu.

## Okutendekebwa kwonna kulina okuba nga waliwo kyoteekako essiira abantu kye balina okukola

Tulowooza, okutendeka kwonna kwosalawo okukozesa, kulina okubeera nga essiira oliteeka kukukola ebirabibwako ebiretera abayizi okubeera nga balaba ebitali bwabulijjo eby'obwakatonda mu kifo ekirungi.

Nga tutekawo omusingi ogw'omwoyo nga gukwatagana ku ebyokukola ebirabibwako twewala ebintu ebitali ku musingi gwa Baibuli. Kino tukikola nga twe sigamya buli kintu ku Baibuli. Abakkiriza abayala bwe bagenda munkungaana mu bitundu ebirala, basobola okwesanga nga bakwatiddwa munjigiriza ez'ebintu ebirala mukifo kyenjigiriza ezijjudde Omwoyo Omutukuvu.

## Amaanyi ga Katonda

Tukkaatiriza amaanyi gebikorwa by'Omwoyo Omutukuvu nga bwe bwakolebwa Yesu Kristo. Nga bwetugambye, waliwo eby'awandikibwa byetusobola okugoberera mubintu bino byonna. Ebiseera ebimu tulaba amaanyi ga Katonda nga gasse ku bantu mumaanyi amangi nebatasobola nakuyimirira kulw'obuzito bwago. Kino kyanama ddala. Naye okutuuka mumbeera ey'ekikwangala buli omu wasimba mulunyiriri buli omu nagwa eri buba bukumpanya bwenyini era kikyamu. Tetulowooza nti Omwoyo Omutukuvu yetaaga obuyambi bwaffe. Kyannaku nnyo abakkiriza bwe bafuna endowooza nti tewali kintu kyonna kyamugaso kisobola kubeerawo nga tebagudde kuttaka. Ekyo tetukilabamu mu byawandikibwa.

### *Kiyinza kukolebwa bwekiti*

TETUGAMBA NTI ekika ky'okutendekebwa mu buwereza kijja kudda mukifo ky'enkungaana za Sande. Naye, kijja kubaamu ekintu nga kino wammanga:

- Omusumba omukulu asalawo nti okutendeka ekibiina kye okukola Yesu bye yakola ky'ekintu kyawulira nga Mukama amulungamya okukola
- Ebibiina ebyokutendeka nga tubiteekateeka bibeerewo buli wiiki.
- Abo abamalilizza ebibiina bafuuka ekibiina ky'abasabi abali awamu mu kkanisa (okusaba kwolukungaana nga luwedde, okukyala mu malwaliro, okuwabulwa mu bigwa tebiraze, nebilala).
- Abayizi abo abalina ebirabo eby'okwawula emyoyo, ebigambo by'amagezi n'okumanya, okukkiriza kusobola okutendekebwa nokukolebwaamu obubinja okusumulula abantu okuva eri obusibe bw'omulabe. Kino, kibeera kirabirilwa musumba yennyini. Okuyita mu kukugezesebwa, buno busobola okubeera obuweereza obulungi ennyo eri abakkiriza mu kkanisa. Era kino,kirina kukolebwa mu kkanisa ez'omukitundu ewali okulabilirwa n'okuwondera.
- Abayizi abamaliriza okutendekebwa baba bafuuse bawereza abalungi eri abantu. Bajja kuba nga bakola ebyo Yesu byeyakola, era bajja kuba basanyufu!

## Enkungaana z'olwomukaaga ne sande zisobola okussa essiira ku "kuffa ku bagenyi."

Ebiragiro by'ekibiina bibeera ku kkanisa, era abakkiriza abatendekeddwa basobola okuyamba abasumba mu kusaba nobuwereza bw'omuntu sekinoomu, naye munkungaana za sande n'olwomukaaga zikwasaganyizibwa kitono. Tuwulira nga "zandibadde ziffa" ku bagenyi mungeri nti bamemba nabo abajja obuzzi okusaba bawulira eddembe okwaniriza mikwano gyabwe' balirwana babwe, abenganda, nebakozi banabwe. Mu "kuwulira eddembe" tutegeeza nti ba memba tebajja kutya nti wayinza okubaawo ekintu kyona kyebatasobola kunnyonnyola banaabwe. Abantu tebasobola kwewaayo kulabika nga abasiru. Naye, abasabi bano abatendekeddwa balina okuba nga webali buli kaseera okusabira abantu nga olukungaana luwedde, n'okusabira abo abetaga okuwonyezebwa, nebirala.

## Olungaana lwabakkiririza mumakati ga wiiki

Olukungaana lwa wakati mu wiiki luyinza okukolebwa nga olukungana lwabakkiriza mwebaweebwa ebirabo by'Omwoyo Omutukuvu. Abakulembeze balina okugamba abantu nti essiira balitadde ku bakkiriza. Enkungaana zino zisobola okubeera ez'amaanyi ennyo era ezikyuusa obulamu. Okusinza okulwawo kuletera abantu okuyingira mu kubeerawo kwa Mukama. Okuyimba munnimi okwawamu kuletera okuyimusibwa mu mwoyo. Ekisumuluzo eri abakkiriza abalungi mu nkungaana kwe kuba n'omusingi omulungi eri abakulembeze okuwuliriliza Omwoyo Omutukuvu awatali kukkiriza byabutaliimu wadde okubibalatiramu. Omwoyo

Omuktukuvu bwaba alungamya, buli kimu kikolebwa mu bulungi ate mu mitendera nga waliwo okuyimusiganya, okuzimbagana n'okufaayo eri abasinza. Munkomerero twagala Yesu abeere nga agulumizibwa.

## Okukula mu bubinja obutono

Abakulembeze b'obubiina obutono abatendekeddwa mubuwereza basobola okuyamba kukusumulula ebirabo eby'omwoyo n'obuwereza eri abo abajja mu nkungana zabwe. Mumyaaka gyetumaze n'obumanyirivu, tukimanyi kigattako enkyuukakyuka eretewo okukula n'obujjumbize mu bulamu bwabo ababa benyigiddemu.

## Enkola ey'amakungula agasembayo

Okuyayana kwaffe kwekulaba abakkiriza abatendekeddwa okubeera nga bakola nga Yesu bweyakola. Ayagala tukulembere abantu okulokoka, okubatizibwa mu Mwoyo Omutukuvu, nokuwonyezebwa. Ayagala okubeera nga basumululwa okuva mu busibe bw'omulabe. Awo ayagala tubaleete ku kkanisa tubafuule abayigirizwa basobole okukola ekintu kyekimu kyeyakola. Ensi ejja kuwangulwa bwetyo. Eno yenkola esingayo ey'ebiseera eby'oluvannyuma. Bwoba nga tonnaba kweyunga ku kikolwa kino ekirungi, bambi twegatteko!

Nolwekyo, awo okirina! Kyangu nnyo—tendeka abakkiriza bulungi obalage okukola Yesu byeyakola, bajja kubikola!

# *Akatundu akasembayo A*

## Engeri y'okutandikamu ekifo awatendekerwa abawereza

*Buli Kkanisa kifo awatendekebwa*

EKKANISA EY'OMUKITUNDU kyekifo awalina okutendekebwa abantu bafuuke "abakozi gyebakolera." Kino kitegeeza abantu abamanyi obulungi okuwa obujjulirwa bwabwe, okukulembera abalala okubatuusa ku kulokoka, babasabire okubatizibwa okujjuzibwa Omwoyo Omutukuvu, wamu n'okusabira abalwadde. Okweyongerayo mu kubangulwa kwandibadde kubayigiriza engeri y'okuwuliramu eddoboozi lya Katonda, okwawula emyoyo, wamu n'okusumulula abantu okubajja mu busibe bw'emizimu. Emyaaka egiyise amakumi abiri, tukizudde nti kino kisoboka okukolebwa kyokka nga ate abakiriza tabalabise nga abantu abengerigeri. Ebifo awatendekebwa abawereza (MTC) bitandise okufulumya abawereza abasobola okuweeza ku bakozi b'oku kkanisa nga babeera abegayirizi mu buwereza bw'okwegayirira, okuyalira amalwaliro, n'ebifo ebilara eby'etagisa obuwereza.

### **Mu nkyaamu mwe muva engolokofu**

Kusalawo kwa maanyi eri abasumba okutandikawo okutendeka abawereza okutambula nga abalokole. Abasumba bangi bagala okwewala "ebisukiridde" ebyaliwo mu likungaana lwa basoddokisi mu Cane Ridge, Kentuncky in 1801. Vinson Synan eyawandiika akatabo *The Holiness Pentecostal Tradition*, agamba nti "Ebyalaga eddalu lyobulokole byalimu ebintu nga, okugwa wansi, okwesunda, okuboggola nga embwa, omwoyo wabwe okuwanyisibwa, 'essanyu ely'obutukuvu' okwo kwogatta amazina nga aga Daudi ge yazinira mu maaso ge sanduuke y'endagaano." Okuyitawo ennyo kusobola okwewalirwa singa abantu batendekebwa bulungi mu baibuli, okubirowoozaako obulungi, okwongerako omutindo, nga bikoleka ate nga buli omu asobola okubiyigiriza omulala. Okukola obulungi, okutendekebwa kulina okubaamu engiririza entuufu eya Baibuli ate nga kuwa buli muyizi omukisa okutendekebwa mu buliwo. Buli kintu kyonna kirina okukolebwa nga waliwo kalabalaba akukuze mu buwereza, asobola okwawula wakati webigwaawo eby'amazima ebivudde eri Omwoyo Omutukuvu nga abyawula ku byabantu abekoza obwekoza. Nga bakozesa ebitabo nga okukola Yesu bye yakola,

emisomo gy'ababaka abatendesi babeera na buli kimu kye betaaga okufuula abalala nga abayigirizwa ba Yesu Kristo.

### *Emisomo gy'abawereza*

BW'OKOZESA EKITABO KY'OMUWANDIISI ono eky'emiko omukaaga n'ogattako n'ekitabo kino, ekkanisa ey'omukitundu esobolera ddala okutandika ettendekero mu kitundu kyonna webabeera bakyagadde mu nsi yonna. Kyewunyisa okubeera nga ebitabo bino bisobola okukola mu makunganiro agali munsi ezikyakula ate era abitabo by'ebimu ne bikola ne mu Kkanisa ennene mu America ate era ne munsi eziri wakati awo. Bino byonna biri bwe bityo olwokubanga Omwoyo Omutukuvu n'amafuta ge atambulira mu kuyigiriza wamu n'okwegezaamu nga abantu batendekebwa.

### **Okusokeera ddala, londa yo omuntu anatendeka abalala**

Tuwa amagezi nti omusumba omukulu si yeyandibadde addukanya e tendekero lino, naddala mu Kkanisa enene. Kubanga abeera mutawaamu. N'olwekyo tuwa gabuwa nti ye abeere ekitundu ku tiimu etendeka. Omuntu abikulira byonna alina okubeera n'okwolesebwa okuyigiriza abantu okukola Yesu bye yakola. Kyeraga lwaatu nti abayigiriza balina okubeera nga bye bayigiriza byebakola bwebabeera nga banalaba obuwanguzi mu bebayigiriza. Tosobola kulaga muntu ngeri gyayinza okukolerera awamu n'Omwoyo Omutukuvu okujjako nga nawe wali okikozeeko.

Abasomesa abalina obumanyirivu era naga balina enjala eyokutambulira mu maanyi ga Katonda kyeraga lwaatu nti bebasinga okuyigiriza obulungi. Newankubadde nga bazibu bakuzuula, gyebali mu mubiri gwa Kristo. Abaminsani abawumula oba abo abazeeyo ku butaka bayinza okubeera abayambi abasuffu. Okutendekebwa kw'abakulembeze be Kkanisa ey'omukitundu abatambulira mu maanyi ga Katonda y'engeri enyangu era esinga obulungi okukulukusa amafuta okuva kubbo okutuuka kwabo abatendekebwa. Eno yengeri gye tutendekamu abatendesi mu matendekero g'abawereza. Abayizi batandikira mu kukola ababayigiriza bye babadde bakola.

Yesu bwati bwe yatendekamu abayigiriza be. Era bwekiti bwekirina okukolebwa ne leero. Okusokeera ddala balabanga engeri Yesu bwakikola, olwo ne balyooka bayambako Yesu mu kukikola ate oluvanyuma, Yesu naye nabatunulira okulaba nga bakikola. Enkomerero ne balyooka bakikola nga Yesu takali nabo. Ennaku zino kino kyetukiyita okulera.

**Eky'okubiri, tendeka abatendesi**

Abakulembeze abaliko okuyitibwa kw'okufuula abalala abayigirizwa bakubirizibwa okwenyigira mu kutendekebwa okw'ennaku ebiri mu kuyigiriza era n'okukola yesu bye yakola. Essomo lino ely'okutendeka abayigiriza lyatondebwaawo okuyigiriza abasumba, abasomesa, wamu n'abakulembeze. Ku lw'okutaano ekiro wamu ne ku lw'omukaaga, abakulembeze balagibwa engeri y'okuyigirizaamu amasomo g'ababaka, era nokuyigiriza okubangulwa okw'emirundi omukaaga okuli mu kukola Yesu bye yakola.

Abasomesa olwonno ne baweebwa olukusa okutumya wamu n'okusomesa ebintu bino. Obutaambi bwa CD busoka okulabibwa nga tonaba kusomesa massomo gano era buno bujjuddeko obukodyo ku ngeri gy'osobola okufuula amasomo gano agajjuddemu ebugumu. Ebikwanaganya wamu n'ebyokwegezaamu kwebiri eri abakulembeze bibasobozese okwetegekera obulungi essomero eritendeka abawereza. Omukulembeze yenna, omusumba, oba omusomesa attendekeddwa mu kuyigiriza kwa basomesa wamu ne mu kukola Yesu bye yakola abeera awereddwa byonna bye yetaaga okulabirira oba okusomesa mu buwereza bw'okutendeka abawereza.

**Eky'okusatu, tekatekera essomero lya myeezi nga mwenda**

Tukuwa amagezi nti okutekateeka amassomo ga myeezi nga mwenda, mu America, amasomo gano galina okubeerayo mu kiseera abaana nga bali ku ssomero (wakati w'omweezi ogw'omwenda okutuuka mu gw'omukaaga) era nga n'okutikirwa kukolebwa mangu nnyo nga okusoma kuwedde. Essomo ely'esaawa esatu buli wiiki litekebwaayo lwaggulo. Abakulembeze batera okwewuunya oba nga abantu banakola obweyamo okumala ekiseera ekiwanvu kityo. Kino twakisarira amagezi nga tusaba abantu okwewaayo wiiki kumi na biri olwo ne bawuulamu. We bamalirako wiiki ezisooka ekumi n'ebiri obeera tokyasobola kubayimiriza! Abalemererwa babeera batono nnyo olw'amasomo gano aganyuma ate nga omuntu atendekebwa ku kintu kyalabako. Amatikira gabeera ga kaseera ka njawulo nnyo webafunira diploma mu buwereza obulabika nga bukolebwa era nebatekebwaako emikono era ne batumibwa nga ababaka ba Kristo.

**Okutendeka abatendesi kwagezesebwa**

Amasomero agatendeka abantu okwetolola ensi yonna bakola Yesu bye yakola. Amassomo gategekebwa okulaba nga gagasiza ddala abagasomye. Amatendekero gano gayigiriza abalala okuyigiriza abalala. Okuyigiriza okukola kulina okusinga ku kuyigiriza omusomesa wabasomeseza n'aayizi ne bawandiika by'asomeseza. Okuyigiriza okutuufu kwe kukoleera awamu nayigirizibwa okutuuka nga omuyigirizwa amanyi omuyigiriza ky'amanyi

wamu n'okukikola. Bwati Yesu bwe yakikola. Amatendekero ga batendesi nago bwegakola.

*Essomo bwe lifanana*

**Okusinza n'okuyigiriza**

Okusokeera ddala, okusinza okw'amaanyi kuyamba okuteeka abantu mu mbeera entuufu. Eky'okubiri, abatendesi basomesa amasomo abiri ku ngeri enyingi ez'obulamu obugi Kristo bweyatuwa tutambuliremu, okugondera ekigambo kya Katonda, era n'okukola obuwereza gye tukolera. Buli muyizi afuna ekitabo ekijjuvu wasobola n'okuwandiika ebisomeseddwa nabo basobole okubisomesa gyebujja mu maaso.

**Bawulweemu obubinjja mwe begezeseza**

Amasomo gano nga gamaze okusomesebwa, ekibiina kyonna kigabanyizibwaamu abubinja obutunonoto nga kumi, mu bwo nga buli muyizi ajjakufuna omukisa okuteeka mu nkola essomo eriri mu kukola Yesu bye yakola. Buli muyizi etegekerwa ekiseera walagira okubangulwa kwe era nasomesa amasomo g'abababaka. Kino kikolebwa okutuusa nga buli muyizi afunye obuvumu okukikolera ero gya'akolera. Mu mweezi gino omwenda, amasomo gonna bagegezaamu okutuuka nga bayigidde ddala: okukulembera abantu okutuuka ku Kristo, okubatizibwa mu Mwoyo Omutukuvu, Okuwonya abalwadde, okuwulira Eddoboozi lwa Katonda, okuwonya abalwadde ng aokibikuliddwa, era n'okwanganga daimooni. Amasomo amalala ag'okubulira gategekebwa eri abo abetegekera obuwereza obw'olukale.

**Buli muntu awerezebwa.**

Entiko y'olukungaana olwabuli wiiki luno eri nti buli muyizi amanya nti ajja kufuna era asabire ne bane - muntu ku muntu buli eky'etaago we kinalabikira. Ekiseera bwe kituuka nga omuyizi ali okukola ekyamulagiddwa mu kubangulwa kw'abawereza, kino kikolebwa mu kibinja ky'abantu nga kumi oba abatono ko era nga waliwo n'omukulembeze omutendeke. Bwe bamaliriza basobola okusaba okuwerezebwa ku lwabwe wonna ekyetaago w'ekirabikira. Abalala bakubiriibwa okwanukula era ne basabira omuntu oyo. Omwoyo Omutukuvu atera okweraga mungeri ezewunyisa, okuyita mu muyizi omulala gwakozesa okubikulira oba okuwonya. Buli muntu awereza era nawerezebwa. Buli omu addayo eka nga atendereza Katonda olw'ekyo kyayiseemu mu wiiki eyo. Okwagalana wamu n'okukwatagana ebiva mu bibiina bino byewunyisa. Biretera okusa ekimu kwenyini okwa Baibuli.

**Otikirwa omaze okubikolera ddala.**

Okusobola okutikirwa era n'okufuna diploma mu buwereza obulabika, buli muyizi alina okuwereza era nalaga nti asobola okukola obulungi okubangulwa okw'emirundi omukaaga. "Ekibuuzo" ekisembayo kyetagisa buli muyizi okuwereza kiki kyayize era "nakikolera" ddala nga bamulaba eyo gy'akolera. Balina okugezaako okukulembera abantu wakiri babiri okulokoka, babiri okubatizibwa mu Myoyo Omutukuvu, babiri okuwonyezebwa. Era nga bino byonna bikolebwa bweeru wa kibiina, eyo gyebakolera emirimu gyaabwe.

**Obuvumu bweyongera**

Mu mwezi ogusembayo ogw'okutendekebwa, obujjulizi butandika okuwulirwa 'ebintu ebyaddala' nga bibaddewo. Muyizi ku muyizi batandika okuwa obujjulizi ku bantu abawonyezeddwa, okusumululwa, wamu n'ebyamagero ebitali bimu nga "bagezaako" okutukiriza ebigezo ebyabawereddwa okukolebwa eyo mu bantu ebweeru. Bulijjo bino bireeta akaseko ku matama g'abatendesi bwe bawulira obujjulirwa obusanyusa ku ngeri Omwoyo Omutukuvu "bweyayingiddewo" okugezaako nakufuula obujjulizi bw'okukolera ddala Yesu bye yakola.

Emweezi mitono nnyo emabega abantu bano "ababulijjo" baali tebalina kyebamanyi kukola era nga batya okukamala okutukirira abalala mu Linnya lya Kristo. Kyokka nga mu kiseera kino bagenda eyo gye babeera nga bakolera Katonda emirimu egisingawo gye batalotanga nako nti gisoboka.

## *Otandika bwoti*

ABATENDESI BALINA OKUYITA mu bugumu ly'okutendekebwa kw'abawereza. Okugezesebwa gw'emutima kw'okutendekebwa kuno ekintu ky'otasobola kuyiga nga osoma kitabo. Tugasegase amasomo g'okukola Yesu bye yakola amangungu olwo abasumba n'abakulembeze bayige engeri yokusomesaamu okubangulwa kuno. Ebiyamba abasomesa nabyo webiri eri abasomesa abagala okutandika okuyigiriza mu Kkanisa gyebali.

**Okutendeka abasomesa**

Tetusobola kukola nongosereza ku nkola ya Yesu ey'okutendeka abakiriza. Obulamu bwe yabuwaayo okutendeka akabinja akatono "aka' bayigiriza" abavunika ensi. Kikolebwa bwekiti:

- Amatendekero "gajja kutendeka abatendesi" mu kuyigiriza abasomesa mu bitundu eby'enjawulo era nga kino kyaniriza buli mukulembeze eyenyigidde mu kusumba, okuyigiriza, okubulira enjiri, oba obuminsani.

- Omusumba omukulu owe Kkanisa esimbiddwa y'alina okusaba okukyaaza okutendekebwa kw'abasomesa bano.
- Ennaku z'omweezi ezisubirwa, awanatendekerwa, wamu n'ebisale ebinetagisa bikubaganyizibwaako ebirowoozo era ne batuuka ku nzikirizigabya ne Kkanisa eyogerwaako ey'okukitundu.
- Abasumba abalala abali mu kitundu ekyo nabo nga balina okw'olesebwa okw'okuteendekebwa mu buwereza banirizibwa okulwegattamu.
- Kasita abanalwetabamu wamu ne Kkanisa ez'omukitundu zitegerebwa, olunaku olutuufu, era n'ekifo bikakasibwa.
- Ebirala byonna webiri ku mutimbagano ku kibanja kyaffe ki www.ministrytraining.org.

## Ebiri mu kutendekebwa kwa basomesa

Okutendekebwa kukolebwa ku lwakutaano olw'eggulo okutuuka ku lw'omukaaga, abakulembeze bayiga okukola:

- Okuyigiriza emisomo gy'ababaka era ne bazyiga okuwereza wamu n'okubangula abalala nga bakozesa ekitabo kino Okukola Yesu Bye Yakola.
- Okwetegekera era nokukola etendekero ly'omukkanisa ery'emyeezi omwenda.
- Okuteeka mu nkola n'okukwanaganya ebitu nga okusaba ebitabo, era nokutikira abo abamaliriza okusoma.

## Amawulire gasasanye mangu ddala

Bwe twamala okutandika ettendekero ly'abawereza mu Kkanisa yaffe ku nkomerero ya 1996, e myaaka mukaaga we gireredde nga tulina amatendekero agasuka mu kikumi okwetolola ensi mukaaga agatendeka abawereza. Ebwetaavu butusukiriddeko obunene! Abakulembeze babalokole okwetoloola ensi yonna banoonya engeri gye bayinza okwanjula amaanyi g'obwakatonda mu Kkanisa zaabwe mungeri enambulukufu era eya Baibuli. Abasumba abatalina buvumu mu kukola obuwereza nga bunno kakati bajjaguza. Bakulembera abantu babwe okubatizibwa n'Omwoyo Omutukuvu mu buvumu obutagambika, nga bakola okusinziira ku kigambo eky'amagezi okuwonya, era n'okuyigiriza abalala okukola ekintu ky'ekimu. Essanyu elyanamadala likomyeewo mu Kkanisa olwokubanga abantu bakola Yesu bye yakola.

### *Ebisomesebwa: okukola Yesu bye yakola*

OKUTE EKISUMULUZO eky'etendekero ly'abawereza erikulakulana. Okusoma ekitabo kino kirina okuba nga kisomebwa buli omu eyewandisiza okusoma mu

tendekero ly'abawereza. Buli suula eweredwaayo okulaga engeri gye tuyinza okuwerereza mu kubikulirwa wamu n'amaanyi ag'Omwoyo Omutukuvu. Kijja kubeera ekikozesebwa mu kukola ebintu Yesu bye Yakola.

## *Essomo ly'Ababaka*

ESSOMO LY'ABABAKA lilimu emitendera esatu, omuli amasomo nsanvu mu abiri agawandikibwa John ne Sonja Decker gano nga gakozesebwa mu Kkanisa okwetoloora ensi yonna. Amasomo gano by'ebitundu tundu by'ebisomesebwa ebikosezebwa mu matendekero ga bakulembeze. Gawerera ddala mukaaga.

Amassomo g'ababaka gano galimu abayigirizwa abasoooka, ab'okubiri era n'abokusatu, nga buli omu akozesa amassomo abiri-abiri. Buli mutendera gulimu amassomo abiri mu ana agagabanyizidwaamu ebitundu bibiri, nga bisomesebwa okumala wiiki kumi n'abiri. Wiiki mukaaga ziwebwaayo okubangulwamu buli ssomo. Ebiri mu buli ssomo osobola okubiraba singa obeera okyalidde ekibanja kyaffe eky'omutimbagano ekiri ku www.ministrytraining.org.

### Obuyigirizwa obusooka

*Emisimgi gy'okuzuula wamu n'empisa y'omuyigirizwa.* Okubangulwa mu: okukulembera abantu okutuuka ku Kristo wamu n'okubakulembera okubatizibwa mu Mwoyo Omutukuvu.

### Obuyigirizwa obw'okubiri

*Obulamu bw'omulokole n'ebisokerwaako mu Baibuli.* Obangulwa mu:okuyiga okuwonya abalwadde wamu n'okuwulira eddoboozi lya Katonda.

### Obuyigirizwa obw'okusatu

*Okutendekebwa mu bukulembeze n'okutambulira mu bwakabaka.*

Okubangulwa mu: okuwonya abalwadde okuyita mu kubikulirwa, okwangaanga daimooni, wamu n'okubulira enjiri enzijjuvu (gwe osalawo).

## *Etendekoro ly'abawereza*

OBUYIGIRIZWA obusooka, obw'okubiri, n'obwokusatu byonna osobola okubikolera mu sabiikti mwenda, nga oweebwa esaawa satu buli wiiki okukola okutendekebwa mu buwereza. Amasomo agatwawaala eddakiika ana mu taano buli limu okwo kwogata okuteeka mu nkola okumalawo eddakiika endala ana mu taano gegakolebwa buli wiiki.

### Amatikira

Amasomo g'ababaka wamu n'okubangulwa okwemurundi omukaaga gategekebwa okubeera nga gatendeka abakiriza bamaririze nga bagenze mu

kitundu kyensi gyebava bafuule abalala abayiggirizwa nga bakola ebyo Yesu bye yakola. Okutendekebwa kuno kuzingiramu enjigiriza ekirizibwa wamu nebisomesebwa ebitekebwa mu nkola nga mulimu n'ekitundu kimu ky'akusatu ekiweredwaayo okubangulwa mu masomo omukaaga. Okubakulwa kuno kutendeka abayigirizwa ne kubawa ebikozesebwa ebyetagisa mu kubuulira enjiri enungamu. Yesu yayigiriza, yasomesa, era yawonya abalwadde. Abatikiddwa mu tendekero ly'abakulembeze babeera basobola okukola bye yakola.

## *Oyanirizibwa mu buntu*

BWOBEERA OSOMYE OKUTUUKA WANO, mazima dala omanyi nti obujjumbize bwaffe (John ne Sonja) kwe kulaba nga omubiri gwa Kristo gutendekebwa okukola Yesu bye yakola. Tuyambyeeko ku basumba okutandika amatendekero g'abawereza mu Kkanisa ez'omukitundu okwetoloola ensi yonna. Bambi tukirira ofiisi zaffe bwobeera nga oyagala okutandikawo etendekero ly'abawereza nga wetaba mu kutendekebwa kw'abasomesa abanayigiriza abalala okukola Yesu bye yakola. Tugategeka abasumba abakulu batusabye gategekebwe. Bw'obeera nga oli musumba era nga osomye ekitabo kino nga oyagala okweyongerayo okutendekebwa mu buwereza, oyanirizibwa okutukirira offiisi zaffe. Okuteekateeka olwo kujja kutandikira mu kutendekera mu kitundu gy'obeera. Tujja ku kitwaala nga kya mukisa ddala era nga kya kitiibwa okuwereza abasumba b'omu Kkanisa ez'omukitundu okwetoloola enzi zonna!

Okutukirira John ne Sonja Decker:
E-mail: mtc@ministrytraining.org
Regula mail: 2622 NW Pilot View Ct. Bend, OR 97701, USA

Okumanya ebisingawo ku bino:
Okutegeka okubangula kw'abasomesa wamu nemu Okukola Yesu Bye Yakola:
www.ministrytraiing.org

Okusaba okwongerwa ebitabo bino eby'Okukola Yesu Bye Yakola:
Essimu etali yakusasulirwa: 1-877-866-9406
Ku mutimbagano: www.ministrytraining.org

# Akasembayo B

## Tuteeke mu nkola Yesu bye yakola

TUKUBIRIZA abo bonna abagoberezi ba Kristo okuteeka mu nkola ebyo bye yagamba nti bali bikola. Ekigendererwa ky'ekitabo kino kwe kutendeka abakiriza ba Yesu Kristo okukola ebyo bye yakola. Buli suula ekikirira okubangulwa mu buwereza okwenjawulo okutwaala akabanga okukugukamu. Okubangulwa kuno okw'emirundi omukaaga bw'okukugukamu, ofukira ddala omulokole amanyi okuwerereza eyo gyakolera emirimu gye. Tukukubiriza okumaliriza ebikuweredwa mu bikolebwa bino ebisembayo mu kukola Yesu bye yakola.

> Naye mubeerenga bakozi ba kigamba, so si bawulizi buwulizi nga mwerimba.
>
> -YAKOBO 1:22

Edaala erisooka: wesalirewo okuyiga amasomo gano ku lulwo, nga okola n'omulokole omulala oba nga muli mu kibinja.

Eky'okubiri: teeka mu nkola!

**Okukola Yesu bye yakola okw'abantu sekinoomu**

- Funayo omuntu omulala musome era mukubaganye ebirowoozo ku kitabo kino. Mukiriziganye okusisinkana bulijjo n'ekigendererwa eky'okwegezaamu ebiri mu buli suula.
- Mugezeeko okukola ebibalagiddwa mu kugezesebwa kw'abawereza okuli mu buli suula.
- Okugezesebwa bwe kuba kukulagidde okukolere mu kibinja olwo mukikole mwe ababiri nga bwe muli.
- Bwe wabaawo akatundu mu suula kosanze nga kazibu, beera mwesigwa okirize ky'owulira. Soma eby'awandikibwa ebikawerekedde olabe obanga osobolera daala okukiriza ekyo kye bikugamba okukola.
- Sigala nga osoma, nga osaba Mukama akuyambe, era ogezeeko okukola ekyo ekikulagiddwa.
- N'ekisembayo, gezaako okwegezaamu nga okolera eyo gyokolera.

**Okukola Yesu bye yakola nga muli mu kibinja**

- Musabire agenda okubakulemberamu atwaale obuvunanyizibwa obwa buli wiiki nga muyiga.
- Muteketeeke okumala emyeezi nga ebiri oba n'okusingawo nga mukubaganya ebirowoozo ku kitabo kino, nga buli suula mugimalako wakiri wiiki emu oba n'okusingawo.
- Buli muntu alina okufuna akatabo ke kano era yetegekere okukola ebimulagiddwa buli wiiki mu katundu Akasembayo B.
- Omuntu omu oba ababiri balina okwetegekera okumaliriza okugezesebwa okubaweebwa buli wiiki.
- Abalala olwo bebalina okumugolola okulaba oba akoze bulungi oba engeri gyayoleseza obukugu mu kubangulwa nga bamuwa amagezi wamu nokumuwabula.
- Mutekeewo ekiseera eky'okusaba ku nkomerero yolukungaana eri abo abalina eby'etaago eby'okusabira. Kino kikulu ddala mu suula 4, 5, ne 6.
- Bulijjo mumalirizenga olukungaana nga mwebaza era nga mutendereza Katonda olwebyo ebibaddewo.
- N'ekisembayo, buli muntu alina okugezaako okusa munkola ebimuyigiriziddwa nga abikolera eyo gyakolera emirimu gye era awenga n'embalirira ku kiki ekibadewo.

# *Abawereza bye balina okukola ko*

## Ennyanjula

*Yogera ku kiki ky'okiriza ku by'amagero*

EKIGENDERERWA kye kigezo kino kwe kutegeka abakiriza okubulira enjiri ku kiki kye bakiriza Baibuli kyeyogera ku byamagero. Ekigezo kino kijja kuwa enkizo abakiriza abatabulirangako okugenda babulire enjiri eno. Waberawo esanyu lingi erijja singa obeera obulidde abalala kiki kyokiriza ku Kristo na kiki ky'akukoledde. Newankubadde okwogera ku byamagero kirabikanga ekizibu mu ntandikwa, kijja ku tuberera kyangu bwe tumala okwegezaamu nga tuli mu bakiriza. Omwoyo Omutukuvu bulijjo abeerawo okutuyamba okugabana byetwakiriza. Ennyanjula eno eyekigezo ekisoose ejja kuyamba nnyo abakiriza okusobola okukola ebigezo ebisigaddeyo.

**Engeri y'okugabanamu kiki ky'okiriza ku byamagero.**

- Soma ennyanjuliro y'akatabo kano.
- Twala akaseera nga owandiika biki by'okiriza ku by'amagero okuviira ddala ku ntandikwa y'ekitabo kino. Naddala esiira liteeke ku kiki eby'awandikibwa kye bitegeeza ku lulwo.
- Weteketeeke ogabanire wakati we ddakiina satu okutuuka mu taano ku kiki kyokiriza ku byamagero ne ku kiki Baibuli kyeyogera ku byamagero enaku zino.
- Yogera ku byamagero byolabyeeko oba ebituseewo. Bulira bano engeri gye byakyusaamu obulamu bwo.
- Buuza bakubulire era okuwabulwa kujja kukuyamba nnyo okusinziira ku kiki kyoyogedde era n'engeri gyojja okukikolamu gye bujja.

**Okwetekateeka**

- Wandiika olukalala lw'ebyo byoyagala okugamba bano.
- Biteketeeke okusinziira ku nyingo eziri mu nyanjula y'ekitabo kino
- Wegezeemu nga oyogera era wewe obudde.
- Wewale okwogera ennyo wamu nokukatiriza ekisuse. Eddakiika etaano zigwaako mangu, n'olwekyo eliiso likuumire ku saawa.
- Jjukira, nabalala balina okukola ekigezo kino.
- Kozesa ebisesa bwe kiba kyetagisa.
- Sanyuka.
- Kakana!

# 1. Okubangulwa mu buwereza

## Okukulembera abantu okubatuusa ku Kristo

### Okuwa obujjuilwa ku ngeri gye walokokamu

Soma esuula 1 era otegeke obubaka bwa dakiiika taano obukwaata ku ngeri gye wajjamu okumanya Kristo. Kozesa emagezi agakuwereddwa mu suula eno okukuyamba okutekateeka ennyingo etaano zino. Wegezeemu okubuliira ebikukwatako bino nga oli ewaka nga tonaba kubulira kibinja. Jjukiranga okukifuula nga kitegerekeka abantu nga obabuliira ekyo ekyaliwo nga olukalala luno bwe lugamba wamanga:

- Yogera ku mbeera gye walimu nga tonaba kulokoka kujja eri Kristo.
- Kiki ekyakuletera okutunulira Katonda?
- Bwe wawanika kiki ekyakutukako?
- Ate kati oli otya?
- Maliriza byoyogera n'okwaniriza (eky'okulabirako) abo abakuwuliriza kukiriza Yesu nga omulokozi wabwe. Osobola okubagamba katugeze, "Bino byonna yabinkolera, era nawe asobola okubikukolera. Kakati wandiyagadde okusaba Yesu okubeera Omulokozi wo? Njakuyamba okukikola."

Omuntu yenna bwayanukula, olwo no musabe busabi asabe esaala eno eddako:

*Yesu Kristo, tuula mu mutima gwange. Nenenya ebibi byange. Nsonyiwa olwebyo byenkoze ne byenjogedde ebibadde ebibi. Nkusembeza nga Omulokozi wange era Mukama wange. Webale kunsonyiwa. Amiina.*

Nga omaze okufuna obuvumu nga wegezaamu okubulilira mu bakiriza, saba oweebwe emikisa w'onabulira abatanaba kulokoka. Mukama ajjakukuwa emikisa gino.

# 2. Okubangulwa mu buwereza

## Okukulembera abantu mu kubatizibwa n'Omwoyo Omutukuvu

**Okugabana kiki kyewayitamu kye bitegeeza**

Ekigendererwa kye kigezo kino kwe kutendeka abakiriza okubulira abalala engeri Katonda gyabakozesezaamu okuva lwe bajjuzibwa Omwoyo Omutukuvu. Ekigezo kino kijja kugulawo emikutu omuntu wasobolera okukulembera abalala okubatizibwa mu Mwoyo Omuttukuvu. Bwomaliriza okugabana ne bano, yaniriza (okugeza) eri abo abakuwuliriza okukukiriza okusaba nabo okubatizibwa bajjuzibwe Omwoyo Omutukuvu.

Sooma esuula 2 era wetegekere okugabana nabalala byoyiseemu n'Omwoyo Omutukuvu.

- Tekateeka olukalala lw'ebyo byogenda okwogerako okumala edakiika nga taano ku ngeri Katonda gyakukozesezaamu okuva lwe wajjuzibwa Omwoyo Omutukuvu.
- Tandikira ku kwogea biki ebyaliwo nga tonaba kujjuzibwa Omwoyo Omutukuvu era nengeri bwewajjuzibwa Katonda bwakozeewo enjawulo mu kuwereza Mukama wamu n'abantu abalala. Kyakuyamba mu bulamu bwo obw'okusaba? Ate okubulira enjiri?
- Weyongeryo nga mu mboozi yo nga owa eby'okulabirako ku ngeri Mukama gyakukozesezaamu okulaga amaanyi ge ye n'engeri gy'oyambyeemu abalala okubatizibwa mu Mwoyo Omutukuvu.
- Maliriza obujjulizi bwo nga okubiriza abakiriza bonna abakuwuliriza okwaniriza ekirabo eky'Omwoyo Omutukuvu. Osobola okwogera bwooti:

*Omwoyo Omutukuvu ayayana okutuwa amaanyi feena tubeera abajjulirwa abalungi. Njagala okusaba nabuli muntu yenna eyandyagadde okubatizibwa mu Omwoyo Omutukuvu. Bwoba oyagala ekirabeo kino kati,nandyagadde okusaba nawe.*

- Saba nabo abayanukudde:

*Yesu mbatiza n'Omwoyo Omutukuvu. Nzijjuza amaanyi go nsobole okubeera omuwi w'obujjulirwa omulungi ku lulwo. Webale nnyo Mukama, Muffunye. Kakano nyamba okusumulula olulimi lwange olw'omwoyo. Amiina.*

- Genda mumaaso n'okuwereza okutuusa nga buli omu afunye era asumuludde olulimi lwe olw'omwoyo. (mwegezeemu).
- Bulira bano kiki ekyakutukaako lwe wategerera nga Mukama akubatiza n'Omwoyo Omutukuvu. Gabana ne bano ddi lwe

watandika okw'ogera mu nnimi. Babulire biki ebibaddewo okuva lwe waweebwa amaanyi ag'Omwoyo Omutukuvu.

- Wegezeemu era wekwasise obudde. Obudde bukugwaako mangu nnyo, n'olwekyo eriiso likumire ku saawa.
- Sanyuka! Jjukira, abalala mu kibinja kyo nabo balina ebyokukolako, kakana!

# 3. Okubangulwa mu buwereza

## Okuyiga okuwonya abalawadde

### Okubulira abalala biki by'okiriza ku kuwonyezebwa okw'obwakatonda wamu n'okusabira abalwadde

Soma esuula 3 era wetegekere okuwa obubaka bwa dakiika nga taano okwanukula ebibuizo bino:

- Baibuli eyogera ki ku kuwonyezebwa Katonda?
- Kiki kyenzikiriza ku kuwoyezebwa kuno?
- Olwaleeo, nsobola okusabira omuntu eyetaaga okuwonyezebwa?

Weteketeeke okugabana eri ebibuuzo bino n'abantu abali mu kibinja kyo nga okozesa obuyambi buno:

- Noonya mu by'awandikibwa olondeyo wakiri eby'awandikibwa nga bitaano ebisuubiza okuwonyezebwa nabyo obisse ku lukalala lwo.
- Teka mu lukalala lwo enyingo z'okiriza ku kuwonyezebwa omwo nga mwogasse obujjulirwa bwoyina ku kuwonyezebwa mu bulamu bwo.
- Maliriza obubaka bwo nga oyaniriza abakuwuliriza abagala okuwonyezebwa bajje obasabire ku nkomerero, nga wakamala obubaka. Abo ababadde abogezi be baba basabira abantu abalwadde.

Okusabira abalwadde: okubirizibwa okusabira abalwadde kukolebwe eri buli muntu atawulira bulungi ku nkomerero y'olukungaana, nga mwakamala okuyigiriza era abo abayigiriza be baba basabira abalwadde.

Ensonga lwaki ekibuuzo kino wekiri eri nti: Yesu yagaba abamukiriza balisobola okukola emirimu gy'egimu gye yakola, omwo nga mwozingidde n'okuwonya abalwadde. Ekigezo kino kiwa abakiriza abato omukisa okwogera ku kiki kye bakiriza ku kuwonyezebwa, ate n'okusabira abo abetaaga okuwonyezebwa. Makko 16:20 wagamba nti, "Mukama waffe nga'akolera wamu nabo era ng'anyweza ekigambo mu bubonero obwakiddiriranga." Mukama tumuwe omukisa okukola bwatyo.

# *4. Okubangulwa mu buwereza*

## Okuwulira eddoboozi lya Katonda

### Kola kyagubamga okukola

Soma esuula 4 nga bw'osaba oteketeeke ebirowoozo byo n'omutima gwo nga temunaba kusisinkana. Olunaku oluddilira olukungaana olwabuli wiiki, buli muntu alina okusoma era nafumitiriza ku suula satu okutuuka ku taano eziri mu ndagaano empya nga yetegese ne kalamu n'olupapula. Gamba Omwoyo Omutukuvu nti, "Bambi ndetera okulaba, okutegeera, era n'okuwandiika okubikulirwa okujja okuva mu Kigambo kyo leero."

Buli muntu asaba mu lulimi lwe olw'omwoyo nga bwe bafumitiriza ku Baibuli. Buli muntu alina okuwandiika buli kintu kye balungamiziddwa okuwandiika mu kiseera kino nga bali ne Mukama. Okubirizibwa okumala wakiri wakati wedakiika asatu okutuuka ku saawa emu buli lunaku nga wewaayo. Buli omu aleeta bye yawandiise mu lutuula lw'olukungaana oluddako.

Okusisinkana. Mugulewo n'okusaba, nga muwaayo olukungaana eri Omwoyo Omutukuvu. Mumale ekiseera ekisooka nga nga mugabana kiki Omwoyo Omutukuvu kyababikulidde bwe mubadde nga muli mu kiseera kyamwe eky'okwewaayo wiiki eyise. Buli omu alina okwogera ku kiki ky'ayiseemu. Mwawulidde okuva eri Omwoyo Omutukuvu?

Muddeko mu kitundu eky'okubiri nga musabira abantu abalina eby'etaago eby'amaanyi mu bulamu bwaabwe:

- Mufune omuntu atuule mu katebe wakati mu kibinja kyamwe nga mukungaanye.
- Ali mu katebe ababulire eky'etaago kye ekinene mu bufunze. Temumukiriza kubabulira byonna ebimukwatako.
- Mutandike okusabira omuntu oyo nga mumusaako emikono ku bibegabega era nga mwogera mu nnimi okumala edakiika entonotono.
- Buli muntu mumukubirize okwenyigiramu kye mukola, nga mukiriza Omwoyo Omutukuvu okubawa eky'okuddamu eri ekyetaago nga musaba.
- Abantu abalina eby'okusabira babeere wakiri babiri buli wiiki. Ekiseera kino kiteera okutwaala obudde obuwerako.
- Mumalirize nga mwebaza wamu n'okutendereza Katonda olw'ebyo byakoze.
- Mumalirize mu budde.

# *5. Okubangulwa mu buwereza*

## Okuwonya abalwadde nga bw'okibikuliddwa

SOMA ESUULA 5 era wetekeretekere okusisinkana kwamwe. Weyongereyo nga wefunira akaseera ak'okusirikirira ke watandikira mu suula ey'okuna nga osaba, okusoma era n'okufumitiriza ku suula eziwerako okuva mu Ndagaano Empya era nga balina ekalamu n'olupapula. Gamba Omwoyo omutukuvu nti, "Bambi ndetera okulaba, okutegeera, era n'okuwandiika okumulisibwa okujja kwoyagala ntegere okuva mu Kigambo kyo leero."

Buli muntu asaba mu nnimi nga bwe bafumitiriza ku Baibuli, nga bawandiika buli kintu nabuli kimu kye balungamizibwa okuwandiika mu kiseera kino. Buli omu alina okugezaako okwongera ku biseera okumala wakiri esaawa emu buli lunaku okusobola okukola okugezesebwa kuno. Buli omu olwo najja ne byeyawandiise nga ajja mu lukungaana lwe muddako. Buli omu alina okusaba Omwoyo Omutukuvu okubakulembera okulaba mukwano gwo ali mu bulumi, era babanirize okujja mu lukungaana oludako.

Musisinkane. Mutandikire mu kusaba, nga muwayo byonna okufugibwa Omwoyo Omutukuvu. Akatundu akasooka mukamale nga buli omu agabana kiki Omwoyo Omutukuvu kyamubikulidde bwe baali mu kiseera kyabye eky'okusirika wiiki ewedde. Buli omu olwo alina okubaako kyayogera ku kiki ky'ayiseemu ye n'Omwoyo Omutukuvu.

Ekiseera ekiddako mukimale nga musabira abo abatawulira bulungi oba abali mu bulumi, nga mukiriza Omwoyo Omutukuvu okubikula engeri ye gyayagala okubawonya.

- Alumizibwa mu mutuuze mu katebe wakati mu lukungaana. Abalala bamwetoloole bamutekeko emikono. Buli omu atandikire mu kusaba mu kimpowooze mu nnimi, nga asaba Omwoyo Omutukuvu okumulaga engeri ennungamu gyayinza okusaba mu.
- Buli omu musabe agezeeko okuwulira kiki Omwoyo Omutukuvu kyagamba era asabe nga bwe kyetagisa.
- Okusaba nga kuwedde, gwebasabidde musabe ababulire engeri gyawulira. Omuntu mumukirize abeere wamazima era awe obujjulirwa ku kiki ekibaddewo.
- Musabe omulala eyetaaga okuwonyezebwa "ajje mu ddiiro" era mweyongereyo nga bulijjo.
- Kubiriza abo bonna abawulidde okuva eri Omwoyo Omutukuvu babaweyo ku bujjulizi obumpimpi ku ngeri gyekibasobozeseza okuwereza.

- Oluukungaana mulumaririze mu kusaba, nga mwebaze era nga mutendereza Katonda olw'ebyo ebibaddewo.

# 6. Okubangulwa mu buwereza

## Okwangaanga daimooni

SOOMA ESUULA 6 wetekeretekere olukungaana lwame olwa buli wiiki. Omukulembeze w'olukungaana luno alina okutegeeza omusumba omukulu ekigendererwa ky'enkungaana zino. Mweyongeryo mu kusirikirira okwa buli wiiki n'ebigezo byakwo ebiri mu suula 4 ne 5.

Buli muntu asoma era nafumitiriza ku suura eziwerako mu Ndagaano Empya nga bali mu kiseera kyabe eky'okusirikirira nga betegese okuwandiika nga bwe basaba mu nnimi. Buli omu asaba era nasaba Mukama okubabikulira okuyita mu Kigambo kye era nawandiika ebyo byonna byawulidde. Buli omu olwo naleeta bye yawandiise ku lukungaana oluddako. Buli omu alina okusaba Mukama amulungamye okumutwaala eri mukwano gwe omulokole asibiddwa omulabe, atabuddwa mu mwoyo, oba alumbiddwa omulabe.

Mukwano gwo ono yogera naye okukakasa nga benenya ebibi byaabwe byonna ebiyinza okuba nga bye bivuddeko obuzibu (wano tusubira nti bagala okuteebwa babeere ba ddembe). Yita abakulira mu lukungaana era osabe mukwano gwo ono abeerewo mu lukungaana lwamwe olunaddako. Temususa Bantu babiri be musabira buli lukungaana.

Omukulembeze wamwe alina okutegeeza ofiisi y'omusumba omukulu ow'ekkanisa mukwano gwo ono gyasabira nga annyonyola nti bagenda kumusabira era nga ebinavaayo bajja kubibulira obuwereza. Era omukulembeze alina okubeera nga omusumba we omukulu amubulira biki ebigenda mu maaso mu lukungaana lwamwe.

Musisinkane. Muggulewo n'okusaba, nga olukungaana muluwaayo eri Omwoyo Omutukuvu. Ekiseera ekisooka mukimale nga mugabana kiki Omwoyo Omutukuvu kyababikulidde buli omu mu kiseera kye eky'okusaba wiiki ewedde.

Ekiseera ekiddako eky'olukungaana mukimale nga muwereza eri omugenyi, oba abagenyi bamwe abilina obuzibu bw'omwoyo, nga muleka Omwoyo Omutukuvu okubikula emyoyo egibirese.

- Agenda okusabirwa mumutuuze mu katebe wakati mu lukungaana, abalala bamuseeko emikono. Buli omu alina okutandika nga asaba mu kasirise mu nnimi, nga asaba Omwoyo Omutukuvu okumulaga ensibuko y'ekizibu kino.
- Banyonyole nti ekigendererwa kwe kwawula oba waliwo emyoyo egiriwo. Bwewaba tewali kukakasa nti waliwo okuberawo kw'emyoyo

emibi nga y'ensibuko y'ekizibu, omukulembeze w'olukungaana talina kukiriza kintu kyonna ekigunjewo ekitalagiddwa Omwoyo Omutukuvu.

- Werereza okusinziira ku magezi agakuwereddwa mu suula 6 emyoyo emibi bwegiba nga y'ensibuko y'obuzibu.
- Okusaba kwonna nga kuwedde buuza gwe mubadde musabira nti, "Mukama akukoledde ki leero?" Omuntu mumuleke abeere w'amazima era awe n'obujjulirwa ku kiki ekimutuseeko.
- Musabe omulala eyetaaga okuwonyezebwa "ajje mu ddiiro" era mweyongereyo nga bulijjo.
- Kubiriza abo ababadde basaba era ne bawulira ensibuko y'ekizibu okuwa obujjulizi obumpimpi ku ngeri okubikulirwa bwe bakufunye n'engeri gye kibayambyeemu okuwereza.
- Oluukungaana mulumaririze mu kusaba, nga mwebaze era nga mutendereza Katonda olw'ebyo ebibaddewo.
- Ofiisi y'omusumba omukulu ey'omugenyi mukakase nga mubabulira ekibaddewo.

# *Ebiwandiiko*

*Esuula 2*

*Okukulembera abantu mu kubatizibwa n'Omwoyo Omutukuvu*

1. Vinson Synan, The Holiness Pentecostal Tradition (Grand Rapids, MI: Wm. B. Eardmans publishing Co., 1967)

*Akasembayo A*

*Engeri y'okutandikamu etendekero ly'abakulembeze*

1. ibid, 12.

"NAYE MUBEERENGA BAKOZI BA KIGAMBO, SO SI BAWULIZI BUWULIZI, NGA MWERIMBALIMBA."

- YAKOBO 1:22

Okukola Yesu byeyakola kikwaniriza okuyingira mu bwakatonda Yesu bweyayogerako mu Yokaana 14:12-15 nti tulina, era tusobola. Abawandiisi Omwaami n'omukyaala John ne Sonja Decker bajja kukubangula okuwerereza mu ngeri Yesu gye yatwaniriza okukoleramu , Okwo kwogatta eby'amagero, nga bakuyigiriza engeri mukaaga enkulu mu kufuula abalala abayigirizwa :

1. Okukulembera abantu okutuuka ku Kristo
2. Okukulembera abalokole mu kubatizibwa mu Mwoyo Omutukuvu
3. Okuyiga okuwonya abalwadde
4. Okuwulira eddoboozi lya Katonda
5. Okuwonya abalwadde nga bw'okibikkuliddwa
6. Okwaŋŋaŋŋa Dayimooni

Kisukuluma ku kitabo obutabo ekirimu ennono ez'endagaano empya kubanga Okukola Yesu byeyakola kijja kukuseesaamu ogende ebuziba mu kwagala Yesu, nga owereza obulamu bwe, okwagalakwe, n'amaanyi ge mungeri y'obusukulumu.



John ne Sonja Decker basomesa era babulizi ba njiri abayawulwa ekkanisa ya International Church of the Foursquare Gospel. Ekitabo kyabwe *Doing What Jesus Did* wamu n'amasomo ga ambassador bikozesebwa munsi yonna okuyigiriza abawereza okukola omulimu gw'obuwereza. Wetwogerera nga basomeseza wamu n'okuyigiririza mu mawanga agasukka mu makumi ana. Bawangalira mu Bend Oregon.

The Foursquare Church
Jesus Christ is the same yesterday and today and forever. Hebrews 13:8

Ministry Training Institute